Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

EQUIPPING CHURCH LEADERS
• EAST AFRICA •

**OKUTENDEKA ABAKULEMBEZE BA'MAKANISA MU BUVANJUBA BWA'FRICA**

# ENZIVVUUNULA YA BAYIBULI

**Kyawandiikibwa**

**Jonathan M. Menn**

**B.A., University of Wisconsin-Madison, 1974**
**J.D., Cornell Law School, 1977**
**M.Div., Trinity Evangelical Divinity School, 2007**

**Equipping Church Leaders East Africa, Inc.**
**714 S. Summit St., Appleton, WI 54914**
**+1-920-2846841 (mobile and WhatsApp)**
**jonathanmenn@yahoo.com**
**www.eclea.net**

Omwezi ogusooka ogwa 2008, kyalongoosebwa mu mwezi ogw'okutaano 2013; kyatereezebwa mu gw'omusanvu 2014; kyalongoosebwa mu mwezi ogw'okusatu 2015; kyatereezebwa mu gw'omwenda 2015; kyatereezebwa mu gw'omwenda 2016; kyalongoosebwa mu mwezi ogw'okusatu 2017

Enyinyonnyola n'amakulu g'ennono z'okutegeera n'okuvvuunula obulungi Bayibuli mu mazima. Mu kitabo kino ojja kusangamu kiki Bayibuli ky'eri, ennono z'okuvvuunula Bayibuli, enyinyonnyola z'ebika by'ebiwandiiko ebikulu mu Bayibuli, ennono z'okuvvuunula n'okwekenneenya awamu n'okunyonnyola ebiwandiiko, n'okutunuulira engeri y'okuteekesa ebiwandiiko bya Bayibuli mu nkola olwaleero. Eby'okulabirako eby'ennono z'okuvvuunula ebiwandiiko n'okubiteekesa mu nkola biweereddwa mu kutwaliza awamu.

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

## EBIRIMU

**I. Bayibuli n'Obwetaavu obw'Okuvvuunula**.........................................................3
**A.** ***Bayibuli entukuvu kwe kubikkulirwa kwa Katonda okw'enjawulo eri omuntu***..........3
**B.** ***Endowooza y'omuntu ku Bayibuli eraga endowooza ye ku Kristo***...........3
**C.** ***Ebintu bingi byetaaga ennono okusobola okutegeera obulungi Bayibuli n'okugivvuunula***..........3

**II. Amakulu, Ebyetaago, n'Ebigendererwa eby'Okuvvuunula Bayibuli**..........4
**A.** ***Ekikula n'Amakulu***..........4
**B.** ***Enkolagana wakati w'ekikula n'amakulu mu kuvvuunula Bayibuli***..........4
**C.** ***Enzivvuunula ya Bayibuli eya "obukulu mu ngeri y'ebigambo" n'okusinzira ku "y'ebigambo ebikola amakulu ge gamu"***..........5
**D.** ***Ensengeka y'ebigambo awamu n'enzivuunula n'okwekenneenya Bayibuli***..........5
**E.** ***Ekigendererwa eky'okutegeera Bayibuli kwe kugondera obuyinza bwayo n'okukola ky'egamba***..........6

**III. Ennono z'Okuvvuunula Ez'awamu ku lw'Okutegeera Bayibuli**..........6
**A.** ***Bayibuli yennyini bwe buyinza obusembayo eri okukkiriza n'obulamu***..........6
**B.** ***Bayibuli yeetaputa yokka***..........6
**C.** ***Omulamwa gw'ekitundu ky'ekisumuluzo mu kuvvuunula n'okutegeera ekitundu kyonna ekya Bayibuli***..........8
**D.** ***Okunyonnyola kwolekana n'okulagirira***..........12
**E.** ***Ennono eziri waggulu ziraga obukulu bw'okumanya obulungi Ebyawandiikibwa***..........14

**IV. Ebika by'Ebiwandiiko ebiri mu Bayibuli**..........14
**A.** ***Ebyafaayo***..........15
**B.** ***Ebitontome***..........17
**C.** ***Ebiwandiiko eby'amagezi***..........18
**D.** ***Obunabbi n'obulaguzi***..........18
**E.** ***Engero n'enjogera ey'ebifaananyi***..........27
**F.** ***Ebbaluwa***..........30

**V. Ennono z'Okwekenneenya Ebyawandikibwa Bya Bayibuli**..........30
**A.** ***Eby'okulowoozaako ebisookerwako mu kutandika okunyonnyola n'okuvvuunula***..........30
**B.** ***Okwekenneenya n'okutegeera awamu n'okunyonnyola ekitundu okutuufu mu Bayibuli byesigamizibwa ku bintu bisatu—okwetegereza; okunyonnyola; n'okuteekesa mu nkola***..........31
**C.** ***Tegeera omulamwa gw'ekitundu***..........31
**D.** ***Lambika ekitabo oba ekitundu***..........34
**E.** ***Soma nga bwe weebuuza***..........34
**F.** ***Saayo omwoyo ku byafaayo n'obuwangwa***..........35
**G.** ***Saayo omwoyo ku nsonga z'ebiwandiiko ez'ekitundu ekyo***..........35
**H.** ***Saayo omwoyo ku bikwata ku mateeka g'olulimi***..........38

**VI. Amakulu g'Ebigambo n'Ebifaananyi eby'Enjogera**..........41
**A.** ***Vvuunula ebigambo okusinziira ku kiseera kyabyo n'omulamwa gw'ekitundu ky'okutte***..........41
**B.** ***Vvuunula ebigambo okusinziira ku nkozesa yaabyo ey'ebiseera biri oba enjogera ey'ekifaananyi***..........42

**VII. Okukozesa ekiwandiiko**..........47
**A.** ***Okukozesa Bayibuli ku bwakwo kukwatagana n'okutegeera Bayibuli***..........47
**B.** ***Okukozesa eky'ekomeredde kisibuka mu kiruubirirwa eky'okufaanagana ne Kristo***..........47
**C.** ***Okukozesa obulungi kukwataganan'ennono z'okwekenneenya n'okuvvuunula okulungi***..........47
**D.** ***Okukozesa okubi kukwatagana n'ennono z'okwekenneenya n'okuvvuunula embi***..........48
**E.** ***Endowooza za Bayibuli, enjigiriza n'ebyokulabirako***..........49
**F.** ***Amateeka n'ebiragiro ebiri mu Bayibuli***..........50
**G.** ***Waliwo "olukonko lw'ekyo kyennyini ekyogerwako n'ensonga eriwo" wakati w'ensonga Bayibuli zeekolako n'ensonga gye tuba tulimu, kubanga Bayibuli tekola butereevu naddala ku buli nsonga eriwo***..........53

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

**H.** ***Waliwo "olukonko" wakati w'obuwangwa bwa Bayibuli—omuli amateeka n'ebiragiro, ebisinziira ku buwangwa obwo—n'obuwangwa obw'enjawulo n'embeera ze tulimu olwaleero*****………………...54**
**I.** ***Ensonga ezituyamba okuzuula ebiwansiiko bya Bayibuli ki ebisibiddwa mu buwangwa, oba ebikoma mu ngeri endala, era ebikwatagana n'obuwangwa*** **…………………………………………….….56**
**J.** ***Emitendera etaano mu kutinda enkonko eziri wakati w'ensonga n'obuwangwa amateeka n'ebiragiro bya Bayibuli bwe biba nga BIYINZA okuteekesebwa mu nkola mu ngeri y'okufaanaganya embeera mu mbeera za leero*****……………………………………………………………………....61**
**K.** ***Okukozesa omugendo g'okununula/omwoyo ogw'okununula ennono z'okuvvuunula ng'amateeka ga Bayibuli ebiragiro n'amateeka TEBISOBOLA kukozesebwa mu ngeri y'emu kubanga tebyali biragiro bya Katonda bya komeredde oba ebisembayo oba ebisinga obulungi eri abantu bonna n'obuwangwa.*****..........................................................................................................................64**

**<u>EBITABO EBYEYAMBISIBBWA</u>..……………………………………………………………………..68**

**<u>OMUWANDIISI</u>…………………………………………………………………………………...71**

**<u>EBY'OKWONGERAKO A:</u> Gregory Koukl, "Tosomanga Lunyiriri lwa Bayibuli Lumu Lwokka"…….71**

**<u>EBY'OKWONGERAKO B:</u> Okuyiga Bayibuli Nga Obuuza Ebibuuzo ku Lw'okubuulira Bayibuli…………..75**

**<u>EBY'OKWONGERAKO C:</u> J. Daniel Hays, "Okussa mu Nkola Amateeka g'Endagaano Enkadde Olwaleero"…...…………………… ……………………………………………………...77**

**<u>EBY'OKWONGERAKO D:</u> T. Wayne, Dye, "Obuwangwa n'omuntu ow'omunda: Ebitukiridde mu Bayibuli n'enjawulo mu Buwangwa"……………………………………………………….......85**

**<u>EBY'OKWONGERAKO E:</u> Sima era ozuule emisingi gya Ennono z'Okuvvuunula Ez'awamu ku lw'Okutegeera: Emisingi Emikulu……………………………………………………………...……..96**

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

# ENZIVVUUNULA YA BAYIBULI

## I. Bayibuli n'Obwetaavu obw'Okuvvuunula

**A.** ***Bayibuli entukuvu kwe kubikkulirwa kwa Katonda okw'enjawulo eri omuntu***

1. Abawandiisi b'Ebyawandiikibwa bajulira nti Bayibuli kwe kubikkulirwa kwa Katonda okw'enjawulo kwe boogedde era kwe bawandiise (laba **Kuv 17:14; 20:1; 24:4, 7; 34:27; Nek 9:13-14; Yer 1:4, 9; Luk 3:2-4; 1 Kol 7:10; 11:23; 1 Bas 2:2-9; 2 Tim 3:16-17; 2 Peet 1:20-21; 3:14-16**).

2. Olukiiko olw'ensi yonna olwayogera ku kya Bayibuli obutabaamu ensobi (ICBI) mu "Bigambo Byalwo Ebyayogerwa e Chicago" (1978) luteeka mu bufunze ekikula kya Bayibuli bwe luti:

"1. Katonda, ye Kennyini Amazima era ayogera amazima gokka, yalung'amya Ebyawandiikibwa Ebitukuvu okusobola okwebikkula eri omuntu eyabula okuyita mu Yesu Kristo ng'Omutonzi era Mukama, Omununuzi era Omulamuzi. Ebyawandiikibwa Ebitukuvu bwe bujulizi bwa Katonda ku ye Kennyini. . . .

2. Ebyawandiikibwa Ebitukuvu, Ekigambo kya Katonda kyennyini, ekyawandiikibwa abantu abaateekebwateekebwa ne balabirirwa Omwoyo We, kirina obuyinza bwa Katonda obutalemererwa mu nsonga zonna ze kikwatako: kirina okukkirizibwa, ng'ekiragiro kya Katonda, mu byonna bye kiteekako essira: okugonderwa, ng'ekiragiro kya Katonda, mu byonna bye kitwetaagisa; okwanirizibwa, ng'okweyama kwa Katonda, mu byonna bye kisuubiza. . . .

4. Kubanga mu bulamba bwabyo ne mu bigambo byabyo byatuweebwa Katonda, Ebyawandiikibwa tebiriimu nsobi oba ekikyamu mu njigiriza zaabyo, newakubadde mu ebyo bye byogera ku bikolwa bya Katonda mu kutonda, ku byafaayo by'ensi, ne ku nsibuko yaabyo mu Katonda, ne mu kujulira ekisa kya Katonda ekirokola mu bulamu bwa buli sekinn'omu."

**B.** ***Endowooza y'omuntu ku Bayibuli eraga endowooza ye ku Kristo***

Obutakkiriza Bayibuli bwe butakkiriza Kristo. Okulemwa okutegeera obulungi Bayibuli kwe kulemwa okutegeera obulungi Kristo.

1. Kristo yennyini yakkiriza Ebyawandiikibwa byonna (**Yok 10:35**). Yakkiririza nti ebyafaayo mu Ndagaano Enkadde n'abantu aboogerwako mu ndagaano eyo ddala byaliwo era si ngero njiiye (**Mat 12:39-41; 19:4-5; 24:37; 24:37-39; Luk 10:12; Yok 3:14**). Yakkiririza mu by'amagero by'Endagaao Enkadde (**Mat 12:39-40; Luk 4:25-27; Yok 6:49).** Yayigiriza nti obulaguzi obuli mu Ndagaano Enkadde ddala bwava wa Katonda (**Mat 24:15; Luk 24:25-27, 44-45; Yok 5: 39**).

2. Yesu yayogera ku Bayibuli nga ekitabo ekirina obuyinza (**Mat 4:1-11; Luk 4:1-13; Yok 17:17**). Yakakasa nti Bayibuli yalung'amizibwa okutuukira ddala ku buli kigambo n'ebiseera ebigambo ebyo bye byayogerwamu (**Mat 5:17-19; 22:31-32, 43- 45; Luk 16:17**). Yakakasa nti Katonda ye yayogera okuyita mu bantu (**Mat 22:43; 24:15**); mu kiseera kye kimu yayawula Bayibuli okuva ku bulombolombo bw'abantu (**Mat 15:6; Yok 5:46-47**).

3. Yagamba nti buli kigambo ye kennyini kye yayogera kyali kigambo kya Katonda (**Yok 8:28-29; 12:44-50**). Yagamba nti Bayibuli eteekwa okutuukirizibwa mu ye yennyini (**Mat 5:17; 26:56; Luk 4:21; 22:37**).

4. Yavumirira okulemwa kw'abantu okutegeera Bayibuli (**Mat 22:29; Luk 24:25; Yok 3:10**).

**C.** ***Ebintu bingi byetaaga ennono okusobola okutegeera obulungi Bayibuli n'okugivvuunula***

Bayibuli kwe kubikkulirwa kwa Katonda eri omuntu, era yagendererwa okutegeerwa ffe. Naye, waliwo ensonga nyingi lwaki twetaaga ennono entuufu okutuyamba okutegeera obulungi n'okuvvuunula ekyo Bayibuli ky'etugamba. Ensonga ezo zirimu bino wammanga:

1. Bayibuli erimu amazima ga Katonda eri ebirowoozo by'abantu. Katonda ataliiko ekkomo ayogera eri abantu abaliko ekkomo. Yasalawo okukozesa kumpi abawandiisi 40 abaawandiikira mu bbanga lya myaka kumpi 1300-1500 (okuva kumpi mu 1400-1200 nga Kristo tannazaalibwa okutuuka mu myaka gya 70 oba 95 oluvannyuma lwa Kristo okuzaalibwa). Mu kwebikkula eri omuntu, Katonda yakozesa ennimi z'abantu. N'olw'ekyo, twetaaga okutegeera enkozesa y'ennimi ezo.

2. Ekibi ky'omuntu, omuli amaanyi g'ekibi ekibeera mu bakkiriza, kyazikiriza ne kyonoona ebirowoozo by'abantu n'okutegeera kwabwe (laba **Lub 5:1-3; Zab 51:5; Yok 8:31-34; Bar 3:9-18; 6:6, 20-21; 7:14-25; Bef 2:1-3; Tito 3:3; 2 Peet 2:18-19**).

3. Waliwo olukonko lw'obuwangwa wakati w'abantu n'ebintu ebyawandiikibwa mu Bayibuli n'obuwangwa obungi obuli mu nsi olwaleero. Obulombolombo bungi, empisa, ennono z'abantu, ebikolwa eby'eddiini, ebiwummulo, n'emikolo emirala byali ebifo eby'okukung'anirwamu era

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

byategeerwanga bulungi abantu abaawandiikirwa Bayibuli. Naye, ebintu ebyo byawufu nnyo okuva ku by'abantu aba leero era tebitegeerekeka.

4. Waliwo olukonko lw'ebyafaayo wakati w'abantu be tusanga mu Bayibuli n'ebintu ebyaliwo mu biseera byabwe n'abantu abaliwo olwaleero. Ebyawandiikibwa ebikwata ku byafaayo, enteekateeka z'abantu, abantu bennyini, entalo, eby'obufuzi, eby'enfuna, n'ebirala byategeerwanga bulungi abantu abaawandiikirwa Bayibuli. Naye, byawufu nnyo okuva ku by'abantu aba leero era tebitegeerekeka.

5. Waliwo olukonko lw'ekikula ky'ensi wakati w'ebifo bye tusomako mu Bayibuli n'ebyaliwo mu biseera ebyo n'abantu abasinga abasoma Bayibuli olwaleero. Okukyalira ebifo bye tusomako mu Bayibuli kuyinza okuyamba okutegeera kwaffe. Naye, ebibuga bingi n'ebifo ebirala bingi bye tusomako mu Bayibuli tebikyaliwo oba tebikyali nga bwe byali mu biseera by'okuwandiika Bayibuli.

6. Waliwo olukonko lw'ennimi wakati w'ennimi Bayibuli ze yawandiikibwamu n'ezaffe aba leero. Endagaano Enkadde yasooka okuwandiikibwa mu Luebbulaniya (ebitundu ebimu mu Luramaiki); Endagaano Empya yasooka kuwandiikibwa mu Luyonaani (ebitundu ebimu mu Luramaiki). Ennimi ezo zigenze zikyuka okusinziira ng'emirembe bwe gizze gikyuka. Zirimu ebigambo, enjogera, enjatula y'ebigambo, n'ebirala ebitategeeza kye bitegeeza mu Luganda oba ennimi endala eza leero.

7. Waliwo olukonko wakati w'obuwandiike obwa Bayibuli n'obuwandiike obwa leero. Abawandiisi ba Bayibuli baakozesanga ebika, n'ebifaananyi eby'enjogera, enjogera, n'engeri ey'okuwandiika eyali emanyiddwa obulungi mu buwangwa bwabwe. Ebimu ku bintu ebyo ebikwata ku kuwandiika tebifaanana enjogera n'engeri eyaffe ey'okuwandiika.

## II. Amakulu, Ebyetaago, n'Ebigendererwa eby'Okuvvuunula Bayibuli

### A. *Ekikula n'Amakulu*

1. Eddaala ly'ekikula ky'olulimi (erimanyiddwa nga "ekikula eky'okungulu") likwata ku nkozesa y'ebigambo (enzimba y'ebigambo, ebigambo, n'obuwayiro) n'enteekateeka y'ebigambo mu boozi.

2. Eddaala ery'amakulu mu lulimi (erimanyiddwa nga "enzimba ey'omunda") bwe bubaka obukulu ekikula ekyo eky'obuwandiike bwe kiwa. Enzivvuunula ya Bayibuli oluvannyuma lwa byonna ekwata ku kutegeera amakulu g'ekyo Bayibuli ky'egamba. Naye amakulu ago gasinziira ku kikula ky'obuwandiike.

### B. *Enkolagana wakati w'ekikula n'amakulu mu kuvvuunula Bayibuli*

Mu kusalawo ku makulu g'ekyawandiikibwa ekiri Bayibuli, tulina okulowooza ku bintu bisatu:

1. Omuwandiisi. Okutegeera obulungi Bayibuli—oba ekiwandiiko kyonna eky'omugaso oba omulimu gwonna ogukwata ku kuwandiika—ekibuuzo ekisooka kye tuteekwa okwebuuza kiri nti: "Kiki *omuwandiisi* kye yategeeza bwe yawandiika ekitundu kino?" Kino Geisler akyanukula bwati: "Ekyo ekitundu kye kitegeeza kisalwawo omuwandiisi era tekyalekerwa abasomi okwesalirawo. Kino tekitegeeza nti okubikkulirwa okulala ku mulamwa oguba guliwo tekuyinza kuyamba omuntu okutuuka ku kutegeera okujjuvu, naye nti amakulu g'ekiwandiiko tegalina kukyusibwa olw'amazima agabikkuliddwa oluvannyuma. Amakulu tegalina kukyusibwa kubanga waliwo ekkomo eryateekebwawo okusinziira ku makulu omuwandiisi ge yalaga mu kikula ky'olulimi lwe n'obuwangwa bwe. Amakulu gaweebwa omuwandiisi; gazuulibwa abasomi." (ICBI 1982: Art. VII)

2. Abaasooka okusoma ebigambo ebyo. "Katonda yayogera eri abantu abaaliwo ddala abaalina embeera gye baalimu. Okwogera okwo kwajja mu lulimi lwabwe, nga omuwandiisi akozesa ebigambo bye baali bamanyi, era nga biwandiikibwa mu ngeri ey'okuwandiika gye baali bamanyidde" (Wolvaardt 2005: 19). Kubanga ebitabo bya Bayibuli byasooka kuweebwa abantu abaali bamanyiddwa era abaali mu mbeera eyali emanyiddwa, tuteekwa okwebuuza: "Ekiwandiiko kino kyategeeza ki eri abantu abaasooka okukifuna?"

3. Ekiwandiiko kyennyini. Okusukka ku muwandiisi n'abasomi, waliwo "obuvunanyizibwa obusinga okusalawo ekiwandiiko kye butuukiriza nga omukakasa w'amakulu" (Ryken 2002: 116). Ensonga eri nti, "Abawandiisi ba Bayibuli tetubalina wano naffe okutunyonnyola kiki ddala kye baategeeza mu buli kitundu ky'ebyawandiikibwa. N'abasomi abaasooka okufuna ebintu ebyo tebaliiwo okutunyonnyola kiki ddala kye baategeera mu buli kitundu. N'olw'ekyo, tukakibwa okukkiriza ekiwandiiko ekiriwo nga ekyo kyennyini omuwandiisi kye yagenderera okutegeeza era nga omusomi eyasooka okukifuna kye yategeera." (Wolvaardt 2005: 47) Kale, "abakolokosi b'ebiwandiiko batulabudde mu ngeri ey'amagezi ku bulimba obugenderere, ensobi ey'okulowooza nti omuwandiisi yategeeza kintu kirala ekitali ekyo kye yawandiika" (Caird 1980: 61).

4. Obufunze.

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

a. Amakulu agaategeezebwa mu buli kiwandiiko kya Bayibuli gali gamu, galiko ekkomo, era gaakakasibwa ne ganywezebwa.
b. Obuyinza bwokka obutuufu obufuga amakulu mu kiwandiiko ge makulu g'ekiwandiiko ekyo mu mwaliro gwakyo ogwasooka.
c. *Amakulu* g'ekitundu kya Bayibuli kyonna geesigamizibwa ku *kikula* kyakyo.

**C. *Enzivvuunula ya Bayibuli eya "obukulu mu ngeri y'ebigambo" n'okusinzira ku "y'ebigambo ebikola amakulu ge gamu"***

Kubanga ekiwandiiko kye tusookerako mu kunoonya amakulu, ekika ky'enzivvuunula ya Bayibuli gye tukozesa kirina enjawulo nnene nnyo gye kikola. Waliwo ebirowoozo bibiri ebikulu ku nzivvuunula ya Bayibuli: (1) enzivvuunula ezikozesa "ebigambo nga bwe biri" katugambe nga ekozesebwa mu Bayibuli ez'Olungereza nga NASB, ESV, NKJV, ne RSV; n'enzivvuunula (2) ezikozesa "ebigambo ebirina amakulu ge gamu" katugambe nga ezikozesebwa mu Bayibuli ez'Olungereza eza NIV, NRSV, Good News Bible, New Living Translation, ne Contemporary English Version.

1. <u>Ebirowoozo ebiri emabega w'enzivvuunula za Bayibuli (Ryken 2002: 85-91).</u>
   a. *Enzivvuunula ezikozesa "amakulu aga bulijjo" zitunuulira eddaala ly'ekikula ky'ekiwandiiko kya Bayibuli.* Okusookera ddala zikola *enzivvuunula y'olulimi* (kwe kugamba, zisalawo ku bigambo ki [eby'Olungereza] ebisinga okutegeeza eby'Oluebbulaniya n'eby'Oluyonaani ebiri mu biwandiiko bya Bayibuli ebyasooka).
   b. *Enzivvuunula ezikozesa "ebigambo ebirina amakulu ge gamu" nazo zikola ku kikula naye nga zitunuulira eddaala erya "ekirowoozo" oba amakulu.* Zeetaba mu *nzivvuunula y'omulamwa* gw'ekiwandiiko (kwe kugamba, enzivvuunula z'amakulu g'ebigambo ebyasooka okukozesebwa *ezikwatagana ne Katonda*). Ekivaamu y'enkozesa n'entegeka y'ebigambo ebitafaanana eby'Oluebbulaniya n'eby'Oluyonaani ebyakozesebwa, newakubadde omuntu tayinza kumanya wa okuzibira we kwakolebwa. Ekivaamu, abakola ku kutereeza ebiwandiiko ab'*ebigambo ebirina amakulu ge gamu* bakoledde omusomi enzivvuunula za Bayibuli, newakubadde omusomi tajja kumanya wa ekyo we kiri. Enzivvuunula eya NIV ne NRSV zisinga "okukuuma ebigambo awatali kukyusaamu" (kwe kugamba, ziri kumpi n'enzivvuunula etwala amakulu g'ebigambo aga bulijjo) okusinga Bayibuli eya Yerusaalemi oba ey'Amawulire Amalungi.
   c. *Enzivvuunula ekozesa ebigambo ebirala.* Ku nkomerero y'enzivvuunula ey'*ebigambo ebirina amakulu ge gamu* (kwe kugamba, ewala okuva ku ntegeera y'ebigambo eya bulijjo) waliyo enzivvuunula ekozesa ebigambo ebirala, katugambe nga Bayibuli Ennamu. Enzivvuunula ekozesa ebigambo ebirala "evvuunula ng'ekozesa *ebigambo ebirina amakulu ge gamu* naye oluusi egenda mu maaso ne mu kukola olutindo wakati w'obuwangwa bwaffe n'obw'abantu be tusanga mu Bayibuli" (Wolvaardt 2005: 54). Kale, "omusomi afunamu enzivvuunula *ezikwatagana ne Katonda* okuva eri omuvvuunuzi (era bwe kirina okulabibwa)" (Ibid.). Enzivvuunula ng'ezo ziyinza okutuyamba okutegeera amakulu g'ekiwandiiko kya Bayibuli, naye tuteekwa okwegendereza, era ziteekwa okugeraageranyizibwa n'enzivvuunula ezitwala amakulu g'ebigambo aga bulijjo omuntu bw'aba asobola okuzifuna.
2. <u>Ebizibu ebiyinza okubeera mu nzivvuunula ezikozesa ebigambo ebirina amakulu ge gamu.</u> Enzivvuunula ezikozesa "ebigambo ebirina amakulu ge gamu" zonna zikkaatiriza eky'okubeera "ennyangu okusoma" okusinga ebigambo omuwandiisi bye yakozesa byennyini. N'olw'ekyo, bakyusa ebiwandiiko ebyasooka okukozesebwa mu ngeri omuntu n'omu gy'ataaliyinzizza kugumiikiriza singa kyali kikoleddwa mu kitabo ekirimu ebintu ebiyiiye oba omuzannyo. Batera okwewala ebigambo bingi eby'omugaso ebikwata ku Katonda omuwandiisi bye yakozesa. Kale, enzivvuunula ya Bayibuli entuufu eyinza okubeera enzibu—naddala mu kutegeera enjawulo mu makulu g'ebigambo enzibu okulaba n'obutategeerekeka bw'ebigambo ebyo, okulaba emiramwa emikulu egyesigamizibwa ku bigambo ebimu, ebigambo ebitalina makulu majjuvu awamu n'endowooza ezimanyiddwa, n'okugeraageranya ebitundu eby'enjawulo—omuntu bw'akozesa enzivvuunula ekozesa "ebigambo ebirina amakulu ge gamu" mu kifo ky'etwala amakulu g'ebigambo aga bulijjo. Enzivvuunula ennungi eya Bayibuli eyinza okusinziira ku ekyo omuwandiisi eyasooka mu butuufu kye yayogera ("amakulu mu lulimi olwo"), mu kifo ky'ekyo abawandiisi ab'omulembe guno kye balowooza bali abaasooka kye baategeeza("amakulu okusinziira ku mulamwa") (Ryken 2002: 117, 147).

**D. *Ensengeka y'ebigambo awamu n'enzivuunula n'okwekenneeya Bayibuli***

1. <u>Ensengeka y'ebigambo</u> y'ennono abantu ze bakozesa okutegeera kiki ekiwandiiko kye kitegeeza ne

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

kiki kye kiraga eri obulamu bwaffe.

2. Okwekenneenya n'okuvunuula ekiwandiiko kukozesa ennono ezo n'obwegendereza, okusoma ebiwandiiko mu ngeri enteeketeeke okuvumbula amakulu gaabyo agaagendererwa mu kusooka.

3. Ensengeka y'ebigambo awamu n'Okwekenneenya enzivuunula y'Ebiwandiiko n'okubinyonnyola bikolagana mu ngeri eno: "[Ennono z'okuvvuunula ebiwandiiko] zikolagana n'okwekenneenya awamu n'okunyonnyola ebiwandiiko nga ekitabo ekirimu amateeka g'omuzannyo bwe kikolagana n'omuzannyo. . . . Amateeka ago si gwe muzannyo, n'omuzannyo tegubaamu makulu awatali mateeka ago. Ennono z'okuvvuunula ebiwandiiko ku bwazo si kwe kwekenneenya awamu n'okunyonnyola ebiwandiiko ebyo, so nga okwekenneenya awamu n'okunyonnyola ebiwandiiko z'ennono z'okuvvuunula ebiwandiiko nga ziteekeddwa mu nkola" (Ramm 1970: 11).

4. Ensengeka y'ebigambo awamu n'enzivuunula n'okwekenneeya "kuzza kyennyumannyuma" ekintu omuwandiisi kye yakola. "Mu kuvvuunula ebiwandiiko tutandika n'ebigambo ebituli mu maaso ne tukomekkereza n'okutegeera kiki kye bitegeeza. Mu butuufu tuba tutambula nga twolekaganye ekkubo omuwandiisi lye yakwata mu kuwandiika ekitundu ekyo. Omuwandiisi yatandika n'ekyo kye yayagala okutuusa (amakulu) eri abantu n'alyoka akiteeka mu bigambo, emboozi, ebigambo ebiri ku nsonga emu, n'omugatte gw'ebyo" (Wolvaardt 2005: 46).

**E. *Ekigendererwa ky'okutegeera Bayibuli kugondera buyinza bwayo n'okukola ekyo ky'egamba***

1. *Ekigendererwa* ekituufu eky'okutegeera n'okuvvuunula Bayibuli *kuteeka* ekyo ky'egamba *mu nkola*. Okugondera obuyinza bwa Bayibuli n'okukola obuwulize eri enjigiriza zaayo byombi by'ebigendererwa by'okutegeera era by'ebyetaago omuntu by'asaana okubeera nabyo olw'okutegeera okutuufu (laba **Zab 111:10; 119:98-100; Mat 7:24-27; Luk 6:46-49; Yok 7:16-17; Bar 2:13; 1 Kol 13:2; 1 Tim 1:5; Beb 4:12-13; Yak 1:22-25).**

2. Newakubadde mu kusooka Bayibuli yawandiikirwa abantu abaali bamanyiddwa abaali mu mbeera ezimanyiddwa, yagendererwa okuweereza nga obubaka eri abantu bonna ebiseera byonna (laba **Ma 31:9-13; Nek 8:1-8; Yok 17:20; Bar 15:4**). N'olw'ekyo, Osborne anyonnyola enzivvuunula ya Bayibuli nga "sepulingi eva ku biwandiiko n'edda ku mwaliro, eva ku makulu gaabyo agaasooka n'edda ku makulu gaabyo mu mwaliro ogwa leero oba amakulu gaabyo eri ekkanisa ya leero" (Osborne 1991: 6). Newakubadde buli kitundu ky'ebyawandiikibwa kirina *amakulu* oba *enzivvuunula* emu, kiyinza obutaba na *nkozesa* esukka ku emu (laba ICBI 1982: Art. VII). Bwe tumala okuvvuunula ekitundu ky'ebyawandiikibwa ne tutegeera amakulu gaakyo, kitwetaagisa okubuuza, "Ebyawandiikibwa bino binkwatako bitya?" Oba, ekisinga okuba eky'omugaso, tuyinza okubuuza, "Ebyawandiikibwa bino *binjogerako* ki?"

## III. Ennono z'Okuvvuunula Ez'awamu ku lw'Okutegeera Bayibuli

Ennono z'okuvvuunula n'okuteekesa ebyawandiikibwa mu nkola zino wammanga bulijjo zikola omuntu bw'aba asoma n'okuvvuunula ekitundu ky'ebyawandiikibwa kyonna.

**A. *Bayibuli yennyini bwe buyinza obusembayo eri okukkiriza n'obulamu***

Kubanga Bayibuli ky'Ekigambo kya Katonda, bwe buyinza obusembayo. Ekkanisa kye kintu ekiriwo, ate obulombolombo bw'ekkanisa, ebyafaayo by'ekkanisa, abayizi ba Bayibuli ab'ebitiibwa, obumanyirivu bw'omuntu, n'ensonga byonna bya mugaso era byetaaga okuwulirizibwa n'okuweebwa ekitiibwa. Naye ate, Bayibuli y'erina obuyinza ku ebyo byonna. Ssinga omuntu, ensonga z'awa, obumanyirivu bwe, ebibiina, oba obulombolombo, oba kimu ku ebyo kiba n'obuyinza ku Bayibuli, kiba kitegeeza nti omuntu yeetutte okubeera waggulu wa Katonda. Eyo y'ensonga lwaki amateeka amalungi ag'okuvvuunula n'okuteekesa ebyawandiikibwa mu nkola n'okubyekenneenya kwa mugaso nnyo—mu kuvvuunula obulungi Ekigambo kya Katonda mwe tuyinza okutegeera kiki Katonda ky'atugamba.

**B. *Bayibuli yeetaputa yokka***

Bayibuli ky'ekintu ekirina obumu era ekitubikkulira ebyafaayo by'okununulibwa okuyita mu kukkiriza Kristo (laba **Luk 24:27, 44-47; Yok 5:39**). Naye ate, okubikkulirwa kwa Katonda *kugenda kuvaayo mpola mpola—kugenda* kwezingulula mpola mpola mu Bayibuli yonna. Ennono ez'omugaso eziwerako ziva mu mazima ago.

1. Ebyawandiikibwa tebiyinza kukontana byokka na byokka.

a. *Bayibuli mu bulamba bwayo yeekutte wamu.* N'olw'ekyo, ebitundu by'ebyawandiikibwa bibiri ebirabika okukontana bijja kuzuulibwa obutakontana ssinga byekenneenyezebwa bulungi. Ekitundu ekimu kiyinza okutangaaza oba okunyonyola ekirala, naye nga tebikontanye.

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

b. *Oluusi amazima abiri oba okusingawo gayinza okuyigirizibwa obulungi mu Bayibuli, naye ne galabika okukoonagana.* Eky'okulabirako, obwakabaka bwa Katonda n'obuvunaanyizibwa bw'omuntu bizibu okukwanaganya, naye ate nga byombi Bayibuli ebiyigiriza. Mu ngeri ng'eyo, jjukira nti Bayibuli erimu amazima agava eri Katonda nga gaweebwa omuntu alina okutegeera okuliko ekkomo. "Amazima abiri oba okusingawo agayigirizibwa obulungi mu Bayibuli bwe galabika ng'agakoonagana, jjukira nti olina okutegeera okuliko ekkomo. Totwala wala nnyo enjigiriza, ekintu Katonda ky'ataakola, mu kugezaako okugiyingiza bulungi mu kutegeera kwo! Leka Katonda ayogere ky'ayogedde era togezaako kumutereeza oba okumunyonyola. Jjukira, ye Katonda—ggwe oli muntu buntu. Wewoombeeke mu kukkiriza kwo okkirize ekyo Katonda ky'ayogedde, ne bw'oba nga tokitegeera tokikwanaganyizza n'okutegeera kwo mu kaseera ako." (Arthur 1994: 62)

2. <u>*Ebyafaayo by'obununuzi n"okuteesa kwa Katonda kwonna"* (**Bik 20:27**) byombi biteekwa okulowoozebwako okusobola okutegeera obulungi ekitundu ky'ebyawandiikibwa kyonna ekiba kiriwo.</u> Bayibuli kye kitundu ekyekutte wamu ekibuulira ekyafaayo kimu ekyekutte wamu. Wabula, amazima ga Bayibuli gonna tegavaayo mulundi gumu, naye gatwala ekiseera nga geebikkula. Endagaano Enkadde y'enteekateeka y'engiri; Ebiwandiiko by'**Engiri** kwe kulabisibwa kw'engiri; **Ebikolwa** kwe kugaziyizibwa kw'engiri; **Ebbaluwa** y'enyinyonnyola y'engiri; n'**Okubikkulirwa** kwe kutuukirizibwa kw'engiri. Amakulu amajjuvu ag'ekitundu ky'ebyawandiikibwa kyonna gayinza obutavaayo bulungi okujjako nga Bayibuli yonna n'ebyafaayo by'obununuzi birowoozeddwaako."Okusoma Bayibuli okusinziira ku mbeera *nga ekigambo kya Katonda* kulina okusaako n'ebimaliriziddwa canon nga ekyenkomeredde okusinziira ku nsonga y'ekitundu eky'enjawulo" (Johnson 2007: 156)

3. <u>Endagaano Empya Evvuunula Endagaano Enkadde.</u> Kigambibwa nti "Empya mu Nkadde ekwekeddwa; Enkadde mu Mpya ebikkuliddwa. "Okujja kwa Mukama waffe kwa kyuusa nnyo." entegera y'Endagaano Enkadde. Abayigirizzwa bategeera obusukuluma obwali mu musana ogw'enjigiriza ya Yesu, obubaka ne okugulumizibwa okwali mu wereza bwe. Okutegeera kw'ennono y'ebigambo bya Musa ne Bannabbi yalina okuyita mu nkyuukakyuuka ey'amaanyi mu ndowooza okyuita mu kujja kwa Mukama waffe." (VanGemeren 1990: 83) Yesu n'abawandiisi b'Endagaano Empya bonna baalaba Endagaano Enkadde mu ngeri emu oba endala nga ekitabo ekikwata ku Yesu (laba **Luk 24:25-27, 44-45; Yok 5:39-40**). Y'entabiro era omulamwa ogugatta (**Luk 24:25-27, 44-45; Yok 5:39-40, 46; Bik 3:18, 24; 10:43; 26:22-23; 2 Kol 1:20; Beb 1:1-3; 1 Peet 1:10-12**). Okutegeera Endagaano Enkadde kutuyamba okutegeera ekyo Yesu kye yeeyogerako. Yisiraeri ey'Endagaano Enkadde n'amateeka gaayo, emikolo, n'ebikolwa ebirala byonna byali "bika," "bisiikirize," oba "eby'okulabirako" eby'amazima agali mu Ndagaano Empya (**1 Kol 10:1-6; Bak 2:16-17; Beb 8:1-10:22**). Amateeka g'Endagaano Enkadde, emikolo, n'ebikolwa ebirala byatuukirizibwa mu Kristo (**Mat 5:17; 2 Kol 3:12-16; Bag 3:23-4:7**). Waliwo okugenda mu maaso n'obutagenda mu maaso wakati w'Endagaano Enkadde n'Empya. Endagaano Empya yazimbibwa ku ndowooza eziri mu Ndagaano Enkadde, ebiseera bingi mu ngeri eyeewuunyisa. N'olw'ekyo, "bulijjo soma Endagaano Enkadde ng'okozesa galubindi y'Endagaano Empya" (Lehrer 2006: 177). Eby'okulabirako by'ekyo birimu bino wammanga:

a. *Amateeka g'Emmere mu* **Leev 11:1-23** gagaana Abaisiraeri okulya ebika by'ebisolo bingi. Mu **Mak 7:19, Bik 10:9-15, Kol 2:16-17,** ne **1 Tim 4:1-5** okugaanibwa okwo tekukyakola (Ebisaanyizo ebikwata ku mmeere eweereddwa ebifaananyi ebisinzibwa biweereddwa mu 1 **Kol 8**).

b. *Amakulu g'Endagaano, obunabbi, n'ensonga endala amawanvu oba amatuufu gavaayo mu kitangaala ky'enjigiriza y'Endagaano Empya.* Yeremiya ayogera ku "Ndagaano Empya" mu **Yer 31:31-34,** erabika okukola ku bwakabaka bwa Yisiraeri ne Yuda bwokka, mu butuufu bufuna okutuukirizibwa kwabwo okw'amazima mu Kristo n'abagoberezi be (laba **Luk 22:20; 1 Kol 11:25; 2 Kol 3:6; Beb 8:6-9:15**). Mu ngeri y'emu, ku Lunaku lwa Pentekoote, mu **Bik 2:29-36**, Peetero yakitangaaza bulungi nti okuzuukira kwa Yesu Kristo kye kyategeezebwa mu **2 Sam 7** ("Endagaano ya Dawudi") Katonda lwe yalayira okutuuza ezzadde lye ku nnamulondo ye.

4. <u>Ebyawandiikibwa ebitegeerekeka obulungi birina okuvvuunula ebitategeerekeka.</u>

a. *Ebiwandiiko ebimu biyinza obutategeerekeka bulungi era byetaaga ebiwandiiko ebirala okunyonnyola.* Mu **Isa 7:14** ekigambo ky'Oluebbulaniya ekitegeeza "embeerera" kiyinza era okutegeeza "omukazi omuto." Naye, Matayo bw'ajjayo olunyiriri olwo n'alukozesa mu Luyonaani mu kwogera ku kuzaalibwa kwa Yesu (**Mat 1:23**), ekigambo eky'Oluyonaani kirina amakulu gamu gokka, "embeerera."

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

b. *Ebiwandiiko ebimu birabika nga ebitangaavu, naye nga ate si biramba; ebiwandiiko ebirala byetaagibwa okusobola okutegeera obulungi omulamwa gwabyo.* Eky'okulabirako, **Mat 21:22** egamba *"buli kintu kye musaba, nga mukkiriza, munaakiweebwanga."* Abantu abamu bakozesa olunyiriri luno okuwakanira enjigiriza eya "kiyite erinnya era kitwale"—bagamba nti abakkiriza bayinza okuweebwa eky'obugagga kyonna kye baba basabye, era ensonga lwaki tebakiweebwa eri nti tebalina kukkiriza. Naye ate, ebyawandiikibwa ebirala byongera ku kutegeera kwaffe ku kusaba. Yakobo agamba, *"Musaba ne mutaweebwa, kubanga musaba bubi mulyoke mubikoze okwegomba kwammwe"* (**Yak 4:3**). **1 Yok 5:14-15** etutegeeza nti essaala ekola eriko akakwakkulizo ak'okusaba *"nga bw'ayagala"* (so si nga bwe twagala). Ekirala, Katonda yagaana okuwa Omutume Pawulo (**2 Kol 12:7-9**) ne Mukama Waffe Yesu Kristo yennyini (**Luk 22:41-42**) bye baali basabye—ate nga tewali n'omu ku abo "eyali talina kukkiriza."

c. *Olunyiriri olutategeerekeka lwe lunyiriri olulina amakulu agatali matangaavu oba agatategeerekeka bulungi.* Ebyawandiikibwa ebitategeerekeka by'ebyo ebyeyawudde ku birala—biyinza okulabika omulundi gumu gwokka, era waliwo okunyonnyola kutono nnyo omuwandiisi kwe yakola ku ekyo kye yategeereza ddala. Kubanga amakulu gaabyo tegategeerekeka, tetulina kuleeta enjigiriza ezeesigamizibwa ku byawandiikibwa ng'ebyo.

(1) <u>Mu biseera ng'ebyo, twetaaga okulowooza ku bintu bibiri:</u>

(A) *Noonya ebyawandiikibwa ebitangaavu ebiri ku mulamwa gwe gumu mu "mwaliro omugazi" ogw'ekitundu ky'ekitabo ekyo ekisigadde, ekigambo ekyo, oba Bayibuli yonna.* Gezaako okukwanaganya ekyawandiikibwa ekitategeerekeka bulungi n'ebitegeerekeka. Ebyawandiikibwa ebitegeerekeka biyinza waakiri okutubuulira kiki ekyawandiikibwa ekitategeerekeka kye *kitategeeza*.

(B) *Lowooza ku "ntambula etegeerekeka" n'ekigendererwa ekikulu ekya "omwaliro ogw'amangu ago."* Omwaliro ebigambo ebitategeerekeka mwe biri guyinza okutuwa ekkomo ku kiki ebigambo ebyo kye biyinza okutegeeza oba obutategeeza.

(2) <u>Ebyawandiikibwa ebitategeerekeka biyinza okusigala nga tebitegeerekese.</u> Mu kulowooza ku bitundu *ebitegeerekeka obulungi* ebisigadde n'eky'Ebyawandikibwa, obutakoonagana, tuyinza waakiri okwogera ekyo ekyawandiikibwa ekitategeerekeka kye kitategeeza. Tuyinza n'okwogera ekyo ekyawandiikibwa ekitategeerekeka osanga kye kitegeeza.

(3) <u>Eky'okulabirako, waliwo ekyawandiikibwa ekitategeerekeka mu **1 Kol 15:29** ekyogera ku bantu *"ababatizibwa ku lw'abafu."*</u> Tewali biwandiiko birala ebyogera ku "kubatizibwa ku lw'abafu" oba ekikolwa ng'ekyo. Ekintu ekisinga okutegeerekeka obulungi ekiyinza okuyamba okutangaaza ebigambo ebyo gwe *mwaliro* ogulimu ebigambo ebyo. Ebigambo bya Pawulo kirabika bulungi nti *si kiragiro* (talagira bantu kubatizibwa ku lw'ab'emikwano oba ab'eng'anda abafu). Omwaliro gwa **1 Kol 15** gulaga nti Pawulo awakanya abagamba nti teri kuzuukira (**1 Kol 15:12**). Newakubadde ekikula n'amakulu ga "okubatizibwa ku lw'abafu" tebitegeerekeka bulungi, omulamwa gw'okuwakana kwa Pawulo gutegeerekeka: "Oba teri kuzuukira, oba abafu tebalizuukira, ekigendererwa ky'omukolo abantu mwe babatizibwa ku lwabwe kiki? Abo abeetaba mu mukolo ogwo baba si basiru oba nga ddala teri kuzuukira? . . . Omutima gw'okuwakana okwo awatali kubuusabuusa kwe kukoonagana wakati w'ekyo kye bakkiriza n'ekikolwa kyabwe. Bakkiriza nti teri kuzuukira; naye ate ekikolwa kyabwe kiwakanya enzikiriza eyo." (Kaiser, et al. 1996: 617)

**C. *Omulamwa gw'ekitundu ky'ekisumuluzo mu kuvvuunula n'okutegeera ekitundu kyonna ekya Bayibuli***

*Omulamwe kye kintu ekisinga obukulu mu kutegeera n'okunyonnyola ekitundu kya Bayibuli kyonna.* Omulamwa kitegeeza "ebiri mu biwandiiko ebyo." Waliwo, mu butuufu, *ebika by'emiramwa ebiri* egifuga ebyawandiikibwa: *omulamwe gw'obuwandiike n'omulamwa gw'ebyafaayo (obuwangwa).* Omulamwe gw'obuwandiike guyinza okumanyibwa okuva mu Bayibuli yokka. Omulamwe gw'ebyafaayo gwetaagisa omuntu okumanya ebintu ebiri ebweru wa Bayibuli.

1<u>. Omulamwe gw'Obuwandiike.</u>

a. *Omulamwe gw'obuwandiike bye "bigambo, emboozi, ebitundu by'essuula ebikola ku nsonga emu, oba essuula ezeetoolodde ezikolagana n'ebyawandiikibwa ebyo" (Doriani 1996: 31).* Omulamwe gw'obuwandiike gutulaga engeri ekitundu ky'essuula ku nsonga emu oba ekitundu

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

ekirala kyonna gye kigyaamu mu kitundu ekinene eky'Ebyawandiikibwa. Gutuyamba okutegeera amakulu g'ebyawandiikibwa, ne bwe tuba nga tetulina kye tumanyi ku muwandiisi oba abaasooka okufuna ebyawandiikibwa ebyo.

b. *Ennamba eziraga essuula n'ennyiriri mu Bayibuli tezaalimu mu kusooka.* Engabanya y'essuula gye tulina olwaleero mu Bayibuli teyaliiwo okutuusa mu myaka gya 1200; ennamba eziraga ennyiriri mu Ndagaano Enkadde tezaalimu okutuusa mu myaka gya 1400; engabanya y'ennyiriri mu Ndagaano Empya yakolebwa mu mwaka gwa 1551 (Metzger and Coogan 1993: 105-07). Kubanga ennamba eziraga essuula n'ennyiriri zaateekebwamu okuyamba omuntu okuzuula ekitundu ekyogerwako kyokka, *"tezitera kukwatagana bulijjo n'enzimba y'ekirowoozo ekiri mu kitundu ekyo"* (Ibid.: 105). Ennamba eziraga ennyiriri ziyinza okulowoozesa omuntu nti buli lunyiriri "luyimiridde lwokka" mu makulu ga lwo, naye ate nga si bwe kiri.

c. *"Ebitundu by'ebirowoozo ebyemalirira" mu Bayibuli bye bitundu by'essuula ebikola ku nsonga emu, so si nnyiriri.* "Ekisumuluzo ekituyamba okumanya amakulu g'olunyiriri lwonna kiva mu kitundu ky'essuula ekikola ku nsonga emu, so si ku bigambo byokka" (Koukl 2001: n.p.). Ensonga ereeta ekyo eri nti "omulamwa gwe guwa olunyiriri ekifo kyalwo ne guluwa n'amakulu galwo amatuufu. . . . Kino kikola olw'etteeka ekkulu ery'empuliziganya: Bulijjo amakulu gakulukuta okuva waggulu okudda wansi, okuva ku bitundu ebinene okudda ku bitundu ebitono, so si okuva ku bitundu ebitono okudda ku binene" (Ibid.). Ekirala, "ekitundu ky'essuula ekikola ku nsonga emu kyesigamizibwa ku mulamwa gumu. Newakubadde omulamwa ogwo guyinza okukolebwa ebitundu bingi, ebyo bijja kukwatagana wamu okukola ku mulamwa ogwo" (Wolvaardt 2005: 99). Ebigambo by'ebintu omuwandiisi by'akozesa okunyonnyola ekirowoozo ekigazi n'omulamwa gw'alina mu kirowoozo kye. Ekigambo "tekikozesebwa kyokka nga bwe kiri naye kikozesebwa wamu n'ebirala okukola emboozi (okuggyako mu mboozi ezikolebwa ekigambo ekimu mwe kyesigamira ku mboozi ezikyetoolodde okuwa amakulu gakyo)" (Ibid.: 48)

d. *Newakubadde ebigambo bya mugaso nnyo ku bwabyo nga bwe biri, okusobola okunyonnyola obulungi Bayibuli amakulu galina kufunibwa okuva ku bitundu ebinene okudda ku bitono.* Ebigambo byetaaga okunyonnyolwa okusinziira ku nyiriri mwe biri, ennyiriri zeetaaga okunyonnyolwa okusinziira ku kitundu ky'essuula ekikola ku nsonga emu mwe ziri, ebitundu by'essuula ebiri ku nsonga emu byetaaga okunyonnyolwa okusinziira ku bitundu by'essuula ebikola ku nsonga emu ebyetoolodde; era ebyo byonna byetaaga okutegeerwa okusinziira ku miramwa gy'essuula, ebitundu, n'ekitabo ekyo kyonna. Olw'omugaso gwa kino, Koukl agamba bw'ati: "etteeka ekkulu liri nti", "*Tosomanga lunyiriri lwa Bayibuli lumu lwokka.* Wakiri, soma ekitundu ky'essuula ekikola ku nsonga emu. Bulijjo weetegereze omulamwa. Weetegereze entambula y'ekirowoozo ky'omuwandiisi. Olyoke otunuulire olunyiriri. . . . Ky'eky'okuyiga ekisinga okuba eky'omugaso kye nnali njize. . . . era ekintu ekimu ekisinga okuba eky'omugaso kye nyinza okukuyigiriza" (Koukl 2001: n.p.; ekiwandiiko kino kigattibwako nga **EBY'OKWONGERAKO A**).

e. *Omulamwa gw'obuwandiike gulinga amadaala g'ebirowoozo.* "Ebiwandiiko bya Bayibuli bitambula eddaala limu okutuwa enjigiriza emu, mu ngeri enteeketeeke, buli kirowoozo nga kitutwala eri ekirala. Nga bwe kyalibadde eky'obusiru okugezaako okulinnya amadaala ng'obuuka okuva ku lisooka ogwe ku ly'omusanvu, ate ku ly'okusatu, ate ku ly'omunaana, kale kiba kya busiru okubuukabuuka eno n'eri mu Bayibuli, nga tofa ku 'madaala' gaayo ag'ebirowoozo n'emikolo" (Doriani 1996: 32).

f. *Omulamwa gw'obuwandiike gulinga ekidiba.* Omuntu alina okulowooza ku mwaliro gw'obuwandiike "omugazi" (ekitundu ky'ekitabo, ekitabo, n'endagaano ekitundu mwe kiri, n'omulamwa gw'obuwandiike "omufunda" oba "ogw'okumpi" (emboozi n'ebitundu by'essuula ebikola ku nsonga emu ebiriraanye ekitundu ekikwatibwako) mu kwagala okumanya ekigendererwa ky'ebyawandiikibwa n'amakulu gaabyo. "Omuntu bw'asuula ejjinja mu kidiba ky'amazzi, amayengo agagenda gagobereragana galabika okwetooloola akafo awasuuliddwa ejjinja. Akafo ako kalinga ekitundu ky'ebyawandiikibwa ky'osoma, n'amayengo agatambula galinga ebitundu ebisigadde eby'ekitabo. Enkulungo lwe yeeyongera okuba okumpi n'amakkati (ebiwandiiko ebyo), lwe yeeyongera n'okukwatagana n'ekitundu ky'ebyawandiikibwa ekyo" (Doriani 1996: 33).

g. *Kiba kirungi nnyo okusoma ekitabo kyonna nga tonnaba kutandika kwekenneenya ekitundu kyakyo.* "Kubanga omuwandiisi yayisa obubaka bwe bwonna okuyita mu kitabo kimu,

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

okunyonnyola kwaffe okw'ekitundu ky'ebyawandiikibwa kuteekwa okubeera mu mwaliro gw'ekitabo ekitundu ekyo mwe kiri." (Wolvaardt 2005: 90). Mu kusoma ekitabo kyonna, ofuna "ekifaananyi ekinene." Goberera entambula y'ebirowoozo by'omuwandiisi nga bw'ekula okuva ku ntandikwa okutuuka ku nkomerero y'ekitabo. Gezaako okwerabira engabanya y'essuula n'ennyiriri. Naddala mu bitabo ebimpi, soma ekitabo kyonna, mu lutuula lumu. Mazima, okusoma ekitabo kyonna emirundi egisukka ku gumu kya mugaso nnyo. Otandika okulaba emiramwa n'ensonga omuwandiisi z'ayogerako. Otandika okulaba engeri ebitundu by'essuula ebikola ku nsonga emu gye bikwataganamu. Mu bumpi, otandika okulaba omulamwa gw'obuwandiike ogw'ekitundu ky'osoma ogw'okumpi n'ogw'ewala.

h. *Kumpi, buli lunyiriri lulaga omugaso gw'okunyonnyola mu kitangaala ky'omulamwa gw'obuwandiike ogwetoolodde.* Oluusi amakulu g'olunyiriri galabikirawo, naye ate oluusi omulamwa gutuwa ekifaananyi ekirungi era eky'amakulu amatuufu. Wano wammanga waliwo eby'okulabirako bibiri:

(1) <u>Ebiseera bingi mu kuwa omukisa, ow'omukwano Omukristaayo, oba omusumba ayinza okukozesa **Lub 31:49** ku munne ng'ebigambo eby'okufaayo—*"Mukama atunulenga wakati wange naawe; bwe tuliba nga tetukyalabagana."*</u> Naye ate, omulamwa gulaga nti ebigambo ebyo byayogerwa Labani eri Yakobo. Omulamwa omugazi ogwa **Lub 29-31** gubikkula obukumpanya bwa Labani eri Yakobo, n'obuteesigang'ana wakati waabwe. Omulamwa ogw'okumpi ogwa **31:22-55** gulaga nti ebigambo ebyo byayogerwa oluvannyuma lw'embeera y'obulabe n'obuteesigang'ana wakati w'ababiri abo. Mu butuufu, Labani ky'agamba kiri nti, "Mukama ateeke amaaso ge ku ggwe era akukube omuggo singa osala olunyiriri luno oba singa olumya bawala bange." Kale, omulamwa gulaga nti ebigambo bya Labani birina amakulu *agoolekaganye* n'engeri gye bikozesebwamu mu ngeri eya bulijjo (bwe biba nga biggyiddwa mu mwaliro gwabyo) amakulu gaabyo aga bulijjo.

(2) <u>Mu **Luk 17:5** abayigirizwa bagamba Mukama, *"Otwongereko okukkiriza!"*</u> Mu kulabika kwabyo ebigambo ebyo biraga okusaba okulungi ennyo. Naye ate, omulamwa guwa kifaananyi kya njawulo. Mu **17:3-4** (omulamwa ogukulembera) Yesu yali yaakabagamba okusonyiwagana emirundi musanvu olunaku. Mu mwaliro ogwo, "Yongera okukkiriza kwaffe" kuyinza okutegeeza, "Twagala era tugezaako okukugondera, n'olw'ekyo tuyambe ng'otwongera okukkiriza," oba "Tetuyinza era tetujja kukugondera okuggyako ng'otwongedde okukkiriza." Eky'okuddamu kya Yesu mu **17:6-10** (omulamwa oguddako) gulaga nti baali balabika okubeera n'endowooza eyo ey'okubiri. Ebigambo bye yayogera ku kaweke ka kaladaali (**17:6**) biraga nti baali balina okukkiriza okumala. Olugero lwe ku muddu (**17:7-10**) lulaga nti ekikolwa eky'okusonyiwa ow'oluganda kikolwa kya bulijjo—si ky'ekikolwa eky'okukkiriza eky'amaanyi, naye ky'ekintu ekirina okukolebwa omuddu. Kale, *mu mwaliro ogwo*, "ebigambo, 'Yongera okukkiriza kwaffe,' si by'ebigambo ebirungi ebyalibadde byogerwa, wabula bigambo bya kwetaasa olw'obujeemu. . . . Newakubadde ebyawandiikibwa ebimu bitukubiriza okusabira okukkiriza, Lukka 17:5 si kimu ku byo. Wabula, etulabula obutakweka obujeemu bwaffe emabega w'ebigambo ebyalibadde ebirungi ng'ebyo." (Doriani 1996: 34)

i. *Ebigambo bye tunokolayo oba bye tukozesa okuva mu Ndagaano Empya.* "Waliwo ebigambo eby'Endagaano Enkadde ebitakka wansi wa 257 n'ebirala ebisukka ku 1,100 (okusinziira ku biwandiiko by'Oluyonaani ebya Nestle-Aland) ebyanokolwa ne bikozesebwa mu Ndagaano Empya" (Osborne 1991: 277). Ebigambo ebyo ebyakozesebwa [butereevu oba mu butali butereevu] "biyinza okubanga byalina amaanyi mangi kubanga omuwandiisi yali asuubira nti omusomi yali alina ky'amanyi" (Ibid.: 135). Okunokola okw'ekika ekyo n'ebigambo ebyakozesebwa mu ngeri eyo birina okunoonyezebwa n'omugaso gwabyo okuzuulibwa. *Ebiseera bingi, naye si bulijjo, bisuubira nti waliyo omulamwa ogw'ebigambo ebyo ebinokoddwa oba ebikozeseddwa ogwasooka mu Ndagaano Enkadde.* Omulamwa gw'Endagaano Enkadde guyinza okwongera okutegeera kungi okw'Endagaano Empya. Mu kunoonya engeri ebigambo by'Endagaano Enkadde ebinokoddwa oba ebikozeseddwa gye bigasaamu mu Ndagaano Empya, era oba omulamwa gw'Endagaano Enkadde oguli emabega w'ebigambo ebinokoddwa biyinza okukozesebwa, tulina okunoonya okulaga (okusinziira ku nkolagana wakati w'emyaliro gy'Endagaano Enkadde n'Empya) ensonga ey'amakulu eragiddwa mu mwaliro gw'Endagaano Empya n'engeri omuwandiisi w'Endagaano Empya gye

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

yategeeramu ekyawandiikibwa eky'Endagaano Enkadde" (Ibid.: 136).

2. Omulamwa gw'Ebyafaayo (ogw'Obuwangwa).

a. *Omulamwa gw'Ebyafaayo (ogw'Obuwangwa)* bwe *"buwangwa, obulombolombo, ennimi, enzikiriza, n'ebyafaayo by'omuwandiisi n'abasomi be abaasooka" (Doriani 1996: 31).* Omulamwa gw'Ebyafaayo gutuyamba okutegeera engeri ekitundu mu Bayibuli gye kikwataganamu n'ebitundu ebirala byonna. Gutuwa okumanya ebyaliwo ebiyinza okunyonnyola omugaso gw'ebigambo, ebitundu by'emboozi, obulombolombo, abantu, ebifo, n'emikolo omuwandiisi wa Bayibuli gyayogerako.

b. *Buli lwe tweyongera okumanya ku nsi y'ebiseera bya Bayibuli, lwe tweyongera n'okutegeera obulungi Bayibuli.* Obulamu bw'abantu ab'ebiseera by'okuwandiikibwa kwa Bayibuli n'ebiseera byabwe n'obuwangwa bwabwe biyinza okutuwa ag'omugaso agayinza okutuyamba okumanya amakulu g'ebigambo ebiri mu Bayibuli. Omulamwa gw'ebyafaayo tegutera kwogerwako butereevu mu Bayibuli, kubanga ennono z'obuwangwa n'ebyafaayo mu biseera ebyo byali bimanyiddwa bulungi abawandiisi ba Bayibuli n'abasomi baabwe abaasooka. Eyo y'ensonga lwaki ebitabo ebirala, ng'oggyeko Bayibuli, katugambe nga ebinyonnyola Bayibuli, enkuluze z'ebigambo bya Bayibuli, ebitabo bya maapu, n'ebirala ebinyonnyola birina okukozesebwa awamu ne Bayibuli.

c. *Noonya mu Bayibuli yennyini ebigambo by'oyinza okutandikirako okuzuula omulamwa gw'ebyafaayo.* Bwe tusoma nga bwe twebuuza, ebigambo ebituyamba okuzuula omulamwa mu Bayibuli biyinza okutwewuunyisa olw'okuzuula ebyafaayo oba embeera z'obuwangwa ezaaliwo mu biseera biri. Ekyo kiyinza okutusindika okweyongera okunoonyereza oba okusoma. Ekirala, Bayibuli eyinza okutuwa ekitangaala ku mazima ag'edda.

d. *Omulamwa gw'ebyafaayo guyinza okutwala ewala, oba n'okukyusa, okutegeera kwaffe ey'ekitundu ky'ebyawandiikibwa.* Eby'okulabirako bino wammanga biraga engeri okumanya kwffe okw'omulamwa gye kuyambamu okutegeera kwaffe:

(1) Okumanya ku *nyambala* y'Ekipalastiina n'*obulombolombo* bwabwe kutwala okumanya kwaffe okw'ebitundu by'ebyawandiikibwa ebimu e buziba. Okwambala kwalinga kwa muwendo, era abantu abasinga baalinanga ngoye ntono. Kale, Yesu bwe yagamba nti, *"Omuntu bw'ayagalanga okuwoza naawe okutwala ekkanzu yo, omulekeranga n'ekizibawo kyo"* (**Mat 5:40**), yali yeetaazisa abawulizi be saddaaka ey'akasirise era ey'obulumi. N'ebyambalo ebikozeeko byalinga bya mugaso. Abaakolanga omulimu gw'okutta abantu baatwalanga engoye z'omufu nga "omuganyulo" gw'omulimu gwe bakoze (laba **Mat 27:35**; olunyiriri olwo n'amagezi amalala agava ebweru wa Bayibuli era bitubuulira nti Yesu yakomererwa bukunya, so si n'olugoye mu kiwato nga bw'atera okulagibwa). Ekirala, mu lugero lw'omwana eyabula (**Luk 15:11-32**), "mu kwesiba engoye ze adduke, kitaawe ayinza n'okubanga yayanika ebimu ku byambalo bye eby'omunda. Naye kitaawe yafaayo ku mwana we okusinga okukuuma empisa. Kitaawe bwe yamuwa ekyambalo, empeta, n'engatto, abasomi abaasooka baakimanya nti yali akomyewo eka." (Doriani 1996: 46)

(2) Okumanya ebyafaayo bya Isiraeri ne Ruumi kutwala okutegeera kwaffe okw'ebitundu by'ebyawandiikibwa ebimu e buziba. Mu kuyingira kwa Yesu okw'obuwanguzi mu Yerusaalemi (**Yok 12:13-15**), abantu baawuuba ensansa, nga Yesu bw'avuga endogoyi, so si mbalaasi. Ensansa zaakolanga ng'akabonero k'eggwanga lya Isiraeri. Zaateekebwanga ne ku bikomo by'ensimbi enkalu ezaakolebwanga abayeekera mu ntalo Abayudaaya ze baalwananga ne Ruumi mu myaka gya 66-70 ne 132-35 nga Yesu azaaliddwa. Kale, Yesu bwe yayingira mu Yerusaalemi, eky'abantu okuwuuba ensansa "kiyinza okubanga kyalaga bulungi essuubi ly'eggwanga lyonna nti omununuzi omumasiya yali atuuka ku kitebe" (Carson 1991: 432). Wabula, Yesu "tayingira mu Yerusaalemi nga ali ku mbalaasi ennwanyi . . . ekyalibadde kitabangula ebirowoozo by'abantu ebyali bijjudde eby'obufuzi ne bakola akatabanguko, naye yasalawo okweraga nga kabaka ajjira mu mirembe, 'omuteefu era avuga endogoyi'" (Ibid.: 433). Amawulire gano ag'ebyafaayo galaga n'enjawulo wakati w'okujja kwa Yesu okwasooka n'okujja kwe okw'okubiri. Bayibuli ekozesa olulimi olw'obubonero okugamba nti Yesu bw'akomawo alijja, so si ku ndogoyi naye ku *"mbalaasi enjeru"* awamu n'eggye lye *"ku mbalaasi enjeru,"* oku *"sala omusango n'okuggulawo olutalo"* (**Kub 19:11-14**). Mu Ruumi ey'edda, abakulu b'amaggye abaawangulanga entalo enkulu oluusi baalinanga "essanyu ery'obuwanguzi"

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

eryalagibwanga abantu bonna mwe baayingiranga mu kibuga Ruumi mu kigaali ekyasikibwanga embalaasi ennya enjeru, eggye lyabwe eryali liwangudde nga libagoberera (Ramsay 1875: 1163-67).

(3) Okumanya *enfaanana y'ensi* kuyamba okutereeza entegeera enkyamu gye tulina ku bitundu by'ebyawandiikibwa ebimu. Mu **Kub 3:15-16** Yesu ayogera ku kkanisa y'e Lawodikiya nga *"etenyogoga era etebuguma,"* era agamba nti *"kubanga . . . ndikusesema mu kamwa kange."* "Ekifaananyi ky'Ab'e Lawodikiya obutanyogoga oba obutabuguma naye okubeera kisuususu mu mpisa zaabwe eza bulijjo kitegeererwa nga obutatumbuka bwabwe mu by'omwoyo n'okwewaayo kwabwe okw'ekitundu eri Kristo. Ekizibu kimu ku ekyo kiri nti ekya Kristo okwagala 'bannyogoge' oba 'babugume' kiraga nti enjuyi zombi ziriko obukakafu. Entegeera eya bulijjo elengera 'okunnyogoga' ng'embeera embi, ekirowoozo emabega wakyo kiri nti Yesu ayagala abasomi b'ebiwandiiko ebyo okumuyaayaanira ('okwokya') oba obuteewaayo n'akamu ('okunnyogoga'), naye si kubeera wakati w'oluguudo. Naye tekirabika nti Kristo yaalisembye omuntu atali mwesigwa n'akatono (newakubadde waliwo cf. 2 Pet. 2:21). Enyinyonnyola eyaakajja ennaku zino etunuulira ekifaananyi kino mu ngeri ey'enjawulo. Ekifaananyi ky'amazzi agookya, agannyogoga, n'aga kisuususu galabibwa ng'ekikula kya Lawodikiya n'ebitundu ebigiriraanye eky'enjawulo mu mulembe ogwasooka. Amazzi agookya aga Hierapolis gaakolanga ng'eddagala n'amazzi agannyogoga aga Kolosaayi gaali malongoofu, nga ganyweka, era nga gawa obulamu. Naye, waliwo obujulizi nti ab'e Lawodikiya baafunanga amazzi agabuguma gokka, agaali tegawooma okunywa era agaaleeteranga omuntu okwagala okusesema. Mazima, Lawodikiya yali ekuze n'efuuka ekibuga kubanga ekifo kye yalimu kyali kirungi okukoleramu obusuubuzi, naye yali wala okuva ku mazzi amalungi. Ekibuga ekyo bwe kyagezaako okusika amazzi, kyasobolanga okufuna amazzi ag'ekisuususu, agasinduukiriza emmeeme. 'Ekyavanga mu mpisa zaabwe kyakolanga Kristo nga amazzi ago kye gaabakolanga'—n'olw'ekyo Kristo yayagala okubawanda okuva mu kamwa ke.'" (Beale 1999: 303)

### D. *Okunyonnyola kwolekana n'okulagirira*

*Okunyonnyola* kuba *kuwa* kyakulabirako oba kigambo ekyogera ku muntu, ekintu, oba ekintu ekyayita. *Okulagira kuba kuwa* kiragiro ("ekiragiro") ekitubuulira ekyo kye tuteekeddwa okukola oba nga bwe tuteekeddwa okubeera. Eby'okulabirako eby'omu Bayibuli *tebitera* kukola ng'ebiragiro okuggyako nga biriko ekiragiro. Okwawula wakati w'okunyonnyola n'okulagira enkozesa y'ekintu kwa mugaso bwe kituuka ku nsonga y'*okuteekesa mu nkola*.

1. Ebika by'Enjogera. Obuwandiike bwonna buli mu kika ky'enjogera eya bulijjo oba obutontome. Omuwandiisi bw'amala okusalawo ku kika ky'obuwandiike, ateekateeka ebiwandiiko bye okusinziira ku kigendererwa kye. Ekyo kitutwala eri ebika by'enjogera ebikulu bina (enjogera ebeera ngeri ya nkubaganya y'ebirowoozo ewanvuyiddwa nga erina omulamwa): okwogera ku kintu ekyaliwo; enkola y'ekintu; okwanjuluza; n'okukubiriza (watera kubaawo okukwatagana wakati w'ebika eby'enjawulo mu Bayibuli, n'olw'ekyo ebika ebyo bitera kubeera nga "bitabuddwaamu"). Ebika by'enjogera ebyo bisinziira ku bintu bibiri *okugobereragana kw'ebintu* nga bwe byaliwo (ebintu bigenda bigobereragana) n'*okulagira* (enjogera eyo elagira butereevu ekyo ekirina okukolebwa) (laba Wolvaardt 2005: 87-88):

| | **Enjogera etelagira** | **Enjogera elagira** |
|---|---|---|
| **Enzimba egobereragana:** | *Okubuulira Ebyaliwo* | *Enkola y'ekintu* |
| **Enzimba etegobereragana:** | *Okwanjuluza* | *Okukubiriza* |

2. Eby'okulabirako by'ebika by'enjogera ebina bye bino wammanga:

a. *Okubuulira ebyaliwo*—Ekitabo kya **Luusi** kirimu ebintu ebyagenda bigobereragana (kinyonnyola ebintu ebyajjanga nga buli kimu kigoberera ekirala mu bulamu bwa Nawomi ne Luusi), naye nga tekirina kye kilagira (newakubadde kirina obubaka gye tuli, tekiwa omusomi biragiro butereevu. Okubuulira ebyaliwo kukolagana butereevu n'ebiseera ebyayita, era kulina abantu be kutunuulira, ebikolwa byabwe, ebifo bye baalimu, n'ebintu.

b. *Enkola y'ekintu*—**Okubala 8:5-14.** Katonda yawa Musa ebiragiro ku ngeri y'okwawula Abaleevi ku bantu abalala. Kino kilagira bulagizi (kubanga Katonda yali alagira Musa butereevu ku kye yalina okukola), era kirimu ebintu ebyajja bigobereragana (kubanga ekintu kimu kyalina okukolebwa oluvannyuma lw'ekirala). Enkola zitera kubeera biragiro ku bintu ebirina okukolebwa buli kimu oluvannyuma lw'ekirala okusobola okutuuka awantu.

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

c. *Okwanjuluza*—**Bak 1:1-2:5.** Newakubadde waliwo *enteekateeka etegeerekeka* ey'enzimba y'ekyo Pawulo ky'agamba (kwe kugamba, azimba enjigiriza emu ku ndala), okwogera kwe ku byaliwo tekugoberera bintu ebyo nga bwe byajjanga bibaawo (okugobereragana kw'obudde) (n'olw'ekyo, si y'enzimba egobereragana). Ekirala, mu kitundu ekyo eky'ekitabo, Pawulo tawa biragiro butereevu ku kiki ekirina okukolebwa oba ngeri ki gye tulina okutambuzaamu obulamu bwaffe (n'olw'ekyo, tekilagira). Okwanjuluza kutera okukola ku kunyonnyola ekirowoozo, bigambo, oba ensonga ekubaganyizibwako ebirowoozo.

d. *Okukubiriza*—**Bak 2:6-4:6.** Mu kitundu ekyo eky'ekitabo Pawulo awa endagiriro butereevu ku ngeri Abakristaayo b'e Kkolosaayi gye balina okweyisaamu (n'olw'ekyo, kilagira), naye si y'enzimba egoberera ebintu nga bwe byajjanga bibaawo, kwe kugamba, endagiriro ze tezirina kugobererwa mu nteekateeka yonna. Okukubiriza kutera kuba njogera ku nkozesa y'ennono ezikwata ku mpisa n'omwoyo.

3. <u>Ensobi emu etera okukolebwa bulijjo kwe kukyusa okunyonnyola okuli mu Bayibuli okukufuula ekiragiro oba okutwala eky'okulabirako ekiri mu Bayibuli nga ennono y'ekkanisa eya leero.</u> Ensobi eyo etera kukolebwa omuntu mu kuddira eky'okulabirako ekiri mu Bayibuli, n'akola kimu ku bino wammanga:

a. *Bw'alemwa okutegeera "ekika ky'enjogera" ekiri mu kitundu ekyo* (laba waggulu).

b. *Bw'alemwa okulaba omulamwa gw'ekitundu omuli eky'okulabirako ekyo, oba bw'akozesa eky'okulabirako ekyo nga teyeetegerezza omulamwa gw'ekitundu.* Eky'okulabirako, abantu bangi bateeka ku Katonda ekintu ekiyitibwa "okujjako ebyoya"—kwe kugezaako okutegeera okwagala kwa Katonda. Bakola ekyo nga basinziira ku **Balam 6:36-40.** Wabula, Bayibuli tetukubiriza okuggyako ebyoya oba okuteekawo embeera oba amateeka agaffe, ebintu Katonda byateekwa okutuukiriza okutusobozesa okumanya okwagala kwe. Ekirala, omulamwa oba ensonga eri mu **Balam 6** *teyali* "ngeri gye tuyinza okumanyamu okwagala kwa Katonda." Mu butuufu, mu **Balam 6:1-24** Katonda yali yalabikira Gidyoni, yamubuulira kye yali alina okukola, n'amugamba, *"mazima nja kubeera naawe."* Kale, ebyoya bya Gidyoni mu butuufu byalaga *obutaba na kukkiriza n'obuwulize*.

c. *Alondamu eby'okulabirako ebimu, oba ebitundu by'eky'okulabirako ebimu, n'atafa ku bitundu ebirala ebitawagira ky'atwala okuba "amazima agakwata ku bonna" oba ennono.*

(1) <u>Mu kuyiga okuva ku by'okulabirako ebiri mu ngero eziri mu Bayibuli, tuteekwa okunoonya ebintu ebilambikiddwa obulungi, so si eby'okulabirako ebyesuddesudde wano na wali.</u> Eky'okulabirako, abantu abamu bagamba nti "okujjuzibwa omwoyo" kitegeeza nti oteekwa okwogera ennimi. Abantu ng'abo batera okwekwasa ekyo ekyakolebwa mu **Bik 2:3-11.** Naye ate ng'abantu abo balondamu kabonero kamu kokka ak'Omwoyo (ennimi), nga tebafa ku bubonero obulala obwaliwo. *Tebalemera* ku ky'okugamba nti *obubonero obulala* obwaliwo—okuwuuma okwava mu ggulu *"ng'empewo ewuuma n'amaanyi"*; *"ennimi ez'omuliro"* ezaatuula ku buli muntu; amazima agaliwo nti "ennimi" zaali nnimi z'abantu ezitegeerekeka—nabwo buteekwa okubaawo olwaleero. Ekirala, abantu ng'abo *tebafa ku by'okulabirako ebirala* eby'abantu abajjuzibwa Omwoyo awatali kigambibwa nti okwogera ennimi kwava mu kujjuzibwa Omwoyo (laba **Bik 4:31; 8:17; 9:17-19**).

(2) <u>Era tuteekwa okugeraageranya eby'okulabirako ebyo n'enjigiriza endala ku mulamwa ogwo</u>. Mu kufuula eky'okulabirako eky"ennimi" ekintu ekya bonna oba eky'etteeka, bangi tebafa ku *njigiriza ya Pawulo* ku birabo eby'Omwoyo n'okujjuzibwa Omwoyo. Abakkiriza bonna balina okulagibwa kw'Omwoyo (**1 Kol 12:7—***"Naye buli muntu aweebwa okulagibwa kw'Omwoyo olw'okugasa").* Okusinziira ku **1 Kol 12:7-11, 28-30,** *Omwoyo* y'asalawo ku kirabo ky'anaawa omuntu. Tewali n'omu alina ebirabo *byonna* oba ebika by'okulagibwa byonna. Tewali n'omu alina *ekirabo ekikye* oba okulagibwa okukwe. Mazima, **1 Kol 12:30** etulaga butereevu nti si buli omu y'ayogera ennimi. Ekirala, mu **Bef 5:18-21** Pawulo alagira abakkiriza *"okujjulanga Omwoyo."* Era wano alaga okulagibwa kwo'okujjula Omwoyo kwa mirundi ena, naye ku bika byonna tewali kirimu okwogera ennimi.

d. *Alemwa okwawula wakati w'ekikolwa ekyali eky'obuwangwa n'eky'abantu bonna ebiseera byonna.* Ekigendererwa kyaffe ng'abakkiriza *kufaananyizibwa n'engeri ya [Yesu]"* (**Bar 8:29**). Naye, n'eky'okulabirako kya Yesu tekitegeeza nti buli kintu ekikwata ku bulamu bwe kya "nnono" (kwe kugamba, omutindo ogwetaagibwa ogw'obutuufu) olw'empisa zaffe zonna.

(1) <u>Ebintu ebimu mu bulamu bwa Yesu byali bya buwangwa.</u> Yesu yabeeranga mu

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

Palastiina, yatambuzanga ku ndogoyi, yayambalanga ekyambalo nga kya kitundu kimu era tekyalina kirala kye kyafaanana, era yayogeranga Oluramaika; wabula tetuli wansi w'ekiragiro kyonna ekya Bayibuli ekitulagira okukola ebintu ebyo. Ate ku ludda olulala, Yesu teyavuga ku mmotoka, teyaleka buwandiike bwonna ku bye yali anoonyerezza, teyalya ku bimu ku bye tulya ennaku zino, oba teyakozesa ku byuma bikalimagezi; naye tetugaanibwa kukozesa bintu ebyo. Ebintu ebyo byonna bya buwangwa.

(2) <u>Ebintu ebimu mu bulamu bwa Yesu tebyali bya buwangwa.</u> Yesu teyawasa, newakubadde abantu abaali basinga mu buwangwa bwe baawasa. N'olw'ekyo, abantu abamu olwaleero bagamba nti abakkiriza abaagala okugoberera Yesu n'obumalirivu tebateekwa kuwasa. Wabula, okufuula *okunyonnyola* kw'obulamu bwa Yesu okwo *ekiragiro* eri abantu bonna olwaleero si kya Bayibuli. Tewali kiragiro ky a Bayibuli kigaana bufumbo. Yesu yakkiriza obufumbo (**Mat 19:1-9**). **1 Bakkolinso 7** ekkiriza era ekubiriza obufumbo. **1 Tim 4:3** nayo egamba nti okugaana obufumbo njigiriza ya bulimba, *"njigiriza ya mizimu."*

**E. *Ennono eziri waggulu ziraga obukulu bw'okumanya obulungi Ebyawandiikibwa***

Tuyinza okukola ebintu ebiwerako okugaziya n'okuwanvuya okumanya kwaffe okwa Bayibuli, omuli:

1. Okusoma Bayibuli n'okugirowoozaako bulijjo, n'okubaako ne bye tuwandiika ku bye tusomye.
2. Okusoma Endagaano Enkadde n'Empya zombi tusobole okufuna entambula y'ebyafaayo bya Bayibuli n'okubikkulirwa kwayo.
3. Okutegeera abantu abakulu mu Bayibuli, enteekateeka zaabwe ne bye baakola mu nteekateeka ya Katonda ey'obununuzi.
4. Okutegeera ebiseera ebintu ebikulu ebyaliwo mu Bayibuli we byabeererawo n'okunyweza enkolagana wakati waabyo egenda evaayo mpolampola.
5. Okutegeera ebiseera by'okuwandiika ebitabo bya Bayibuli eby'enjawulo—kiki ekyawandiikibwa ne ddi era kyawandiikibwa ani.
6. Okukola maapu, n'ebifaananyi ebiraga ebifunze, ennyiriri ezikolagana, n'enzivvuunula y'ebyawandiikibwa.
7. Okukola etterekero ly'ebitabo, omuli ebitabo eby'omugaso nga ekiraga wa ebigambo bya Bayibuli ebikulu we bisangibwa, enkuluze ya Bayibuli, ebinyonnyola Bayibuli, n'ebirala.

## IV. <u>Ebika by'Ebiwandiiko ebiri mu Bayibuli</u>

"Ekika" kitegeeza ekika ky'ebiwandiiko ekiyinza okumanyibwa okusinziira ku nkola eyakkirizibwa ey'okuwandiika oba ekika ky'obuwandiike ekitegeerekeka olw'ebisaanyizo ebimanyiddwa (enkola, eddoboozi, enkozesa y'ebigambo, ebiri mu biwandiiko ebyo, n'ebirala.). Ebitabo bya Bayibuli biraga, okusinga, ebika bino wammanga: **Olubereberye-Esiteri,** n'**Ebikolwa by'Abatume** bituwa ebyafaayo; **Oluyimba** lulimu bitontome; **Yobu**, **Engero**, n'**Omubuulizi** biwandiiko bya magezi ebyawandiikibwa mu ngeri y'okutontoma; **Isaaya-Malaki** bya bunabbi; **Engiri** zituwa ebyafaayo by'abantu; **Abaruumi-Yuda** ezo bbaluwa; **Okubikkulirwa** kulimu ebika ebitabule, bbaluwa, obunabbi, n'obulaguzi. Newakubadde ekitabo kiyinza okusinga okubaamu ekika kimu, ebitabo ebisinga birimu ebika ebisukka ku kimu (oba "engeri") mu byo, eky'okulabirako, ebyafaayo birimu eby'amagero, enjogera eri abantu, okunyumya, engero, amateeka, eby'obuzaale, enkalala ezikwata ku mpisa, n'ebisoko. Okumanya ekika ky'ebiwandiiko kya mugaso kubanga kileetera omusomi okubaako ne by'asuubira. Ekika ky'ebiwandiiko kiraga n'omulimu. Ekyo kituufu kubanga enkola ezimu zitera okwagala okufuga oba okulaga amakulu g'ebika eby'enjawulo. N'olw'ekyo, amateeka agakola ku kika ekimu gayinza obutakola ku kika ekirala.

Ekirala, abawandiisi b'engero ezitali njiiye, katemba, ebitontome, kumpi ne buli kika ekirala okuggyako eby'oku mukono ebikozesebwa mu kuyigiriza bonna, bakozesa ebintu ebyeyambisibwa mu kuwandiika (ekkubo abawandiisi lye bayitamu okutonda amakulu, obusimu, endowooza, n'ebirala, okuyita mu nkozesa y'olulimi). Ebintu ng'ebyo ebyeyambisibwa mu kuwandiika birimu okutunulako emabega, "obwenkanya mu kutontoma," okuddiŋŋana, obutayogera butereevu ku kintu, okulengera mu maaso, n'enkola endala ng'ezo nyingi. Okumanya ebintu ebyeyambisibwa mu kuwandiika kuyinza okuyamba okutegeera kw'omuntu n'okusiima Bayibuli. Okwongera ko, ng'abawandiisi b'ebitabo ebitali bya biwandiiko, misanyo, ebitotome era kumpi buli kika kirala okuggyako mpozi ebitabo eby'enjawulo eby'ekikugu,kozesa ebyuma ebikozesebwa mu biwandiko ( i.e., ekitegeeza abawandiisi bye bakozesa okutondawo amakulu, enneewulira, enneeyisa, etc okuyita mu lulimi). Ebyuma ebikozesebwa bizingiramu ebintu nga, "obwenkanya mu bitontome," okukyusakyusa, okuteebereza, okufumitiriza, ne ngeri endala ez'ekikugu. Ikubeera nga omanyi ebyuma ebikizesebwa mu

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

biwandiiko kisobola okusumusa ennyo mu kutegeera n'okusiima Bayibuli. Buli kika kyiyina enkuŋŋaanya zaayo. Okutaputa ebitontome nga amateeka kuyinza okuvaako ensobi ry'amaanyi mu njigiriza. Abawandiisi ba bayibuli bakozesa nnyo ebigambo ebiraga ebifaananyi. N'olweekyo omuntu yetaga okumanya engeri ez'enjawuulo n'emisono gy'empandiika ya bayibuli era n'okata enkola ey'amagezi aga bulijjo mu kusoma n'okutaputa ebiwandiiko. ICBI ekiteeka bw'eti mu kitabo ekiyitibwa "Chicago Statement on Biblical Hermeneutics" (1982: n.p.):

1. "*TUKKIRIZA* nti okumanya ettuluba, erikwata ku ngeri oba enkola, ebitundu by'Ebyawandiikibwa eby'enjawulo lye bigwamu, kwetaagibwa nnyo mu kuvvuunula Ebyawandiikibwa ebyo, n'olw'ekyo tutwala okwekkaanya kw'ekika ky'obuwandiike nga ekimu ku bintu ebingi ebirina okukolebwa mu kuyiga Bayibuli" (Akawayiro XIII). Geisler ayogera ku kawayiro ako bw'ati: "Okubeera ng'omanyi ekika ky'ebiwandiiko by'ovvuunula kwa mugaso nnyo mu kutegeera ebiwandiiko. Okusalawo okutuufu ku kika ky'ebiwandiiko kulina kukolebwa olw'okutegeera okutuufu. Olugero, katugambe, telulina kuyisibwa ng'ekyafaaayo, oba ekitontome okuyisibwa ng'olugero. Buli kiwandiiko kirina ettuluba lye kigwamu, era omuvvuunuzi waakyo alina okumanya ekika ky'ekiwandiiko ekyo mu kugezaako okukivvuunula. Awatali kwetegereza ekika ky'ebiwandiiko omuvvuunuzi ayinza okuwaba mu kutegeera ekyawandiikibwa ekyo. Eky'okulabirako, nabbi bw'ayogera ku "emiti okukuba mu ngalo" (**Isa 55:12**) omuntu ayinza okulowooza ku miti okweyisa ng'ekintu ekitegeera okuggyako ng'akimanyi nti kino kitontome so si njogera ya bulijjo."

2. "*TUKKAATIRIZA* obwetaavu obw'okuvvuunula Bayibuli okusinziira ku ntegeera yaayo eya bulijjo, esuubirwa. Entegeera eya bulijjo y'entegeera efa ku mateeka g'olulimi n'ebyafaayo, kwe kugamba, amakulu omuwandiisi ge yagenderera. Okuvvuunula ekiwandiiko okusinziira ku ntegeera eya bulijjo kutwaliramu ebifaananyi by'enjogera byonna n'ebika by'ebiwandiike ebisangibwa mu biwandiiko ebyo." (Akawayiro XV). Geisler agamba bw'ati ku kino: "Entegeera y'Ebyawandiikibwa eya bulijjo wano ekkaatirizibwa na maanyi. Mu butuufu okutwala ebigambo nga bwe biri kuleeta obuzibu mu kutegeera. Kale ebigambo "eya bulijjo" ne "etwaliramu amateeka g'olulimi n'ebyafaayo" bikozesebwa mu kunyonnyola ekyo omuwandiisi kyategeeza. Entegeera eya bulijjo nayo elagibwa entegeera etwaliramu amateeka g'olulimi n'ebyafaayo awamu n'omutwe gw'ekitundu. Kitegeeza nti okuvvuunula okutuufu kwekwo okuvumbula amakulu g'ebiwandiiko mu bika byabyo okusinziira ku mateeka g'olulimi n'obuwangwa n'ebyafaayo ebiwandiiko ebyo mwe biri. . . . Ekyo tekirina kutegeerwa ng'ekiggyawo ebika ebirala eby'enjogera ey'ebifaananyi."

Ebika ebikulu n'ebitali bikulu mulimu bino wammanga:

**A**. ***Ebyafaayo***

Ekyafaayo lugero: lwogera ku bantu n'emikolo egiba gyatwala obudde n'ebbanga. Luba lugero olubuuliddwa nga lulina entandikwa n'enkomerero. Lulimu ebintu omuwandiisi by'alaba nti bya mugaso mu bubaka bw'atuusa eri abawulizi. Olugero lubuulira ekintu Katonda kye yakola mu kiseera ekyaliwo. Lufuula ekintu ekitayinza kukwasika (ebirowoozo ebikwata ku Katonda, enjigiriza, n'ebiteeso) okubeera ekya ddala era eky'obuntu—lutuyamba "okulaba" amazima nga gakozesebwa mu ngeri ekigambo obugambo gye kitayinza kututegeeza. Engero zaateekebwa mu Bayibuli olw'ekigendererwa eky'okutuusa obubaka, newakubadde tezituwa biragiro lwatu.

1. Mu Bayibuli, ebitundu by'engero byonna byasimbibwa mu ndowooza etunuulira ebyafaayo ebyesigamizibwa ku butonde n'obugabirizi bwa Katonda. Tewali kintu "kimala gabeerawo" mu Bayibuli. Buli lw'osoma olugero mu Bayibuli, oteekwa okubeera ng'olowooza ku Katonda (kubanga enkomerero y'engero eziri mu Bayibuli kwogera ku Katonda). Amazima gali nti, ebyafaayo ebiri mu Ndagaano Enkadde (ne mu **Ngiri** n'**Ebikolwa**) biyinza n'okuyitibwa "okuyiga ku Katonda okukolebwa okuyita mu lugero oba ebyafaayo." Ensonga eri nti, Bayibuli ereeta amazima agali ku Katonda nga agaasibibwa mu bintu ebyaliwo ddala. Kale, Katonda yennyini ali wakati mu ngero za Bayibuli zonna. Engero ziyamba "okuggyayo ennyama" eri mu njigiriza n'ebiragiro ebiri mu Bayibuli.

2. Ebintu Bayibuli byewandiika byaliwo ddala, naye ebyafaayo bya Bayibuli byagenda bilondebwamu olw'ensonga ezikwata ku kuyiga ku Katonda. Eky'okulabirako, emyaka 335 wakati w'okufa kwa Yakobo n'okuzaalibwa kwa Musa gyalekebwa ebweru, so nga emyaka 40 mu ddungu gisangibwa mu bitabo bya **Okuva-Eky'Amateeka Olw'okubiri** byonna (essuula 125). Ekintu ekiyinza okuba eky'omugaso eri ababuulira ebyafaayo ebitakwata ku Katonda kiyinza obutaba eky'omugaso eri abawandiisi ba Bayibuli, n'eky'omugaso eri abawandiisi ba Bayibuli kiyinza obutaba eky'omugaso eri ababuulira ebyafaayo ebitakwata ku Katonda.

3. Eby'obuzaale mu Buvanjuba obw'Okumpi obw'Edda, omuli ebyo ebiri mu Bayibuli, byakolanga ku kwettanira ebifo, obuyinza, n'amaanyi; era byakolanga n'omulimu ogw'okuyigiriza. Eby'obuzaale

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

eby'edda biraga ebintu bibiri: obuwanvu (bitera okukoma ku mirembe etaano oba kkumi); okukyukakyuka (bisobola okukyukamu mu ngeri y'okuteekamu amannya—bitera obutabaamu amannya agali mu makkati g'ebyafaayo by'obuzaale). Katugambe nga olugero mu **Luusi 4:18-22** lukoma ku mirembe kkumi. Lukola omulimu gw'okuyigiriza ogukwata naddala ku ky'okuteeka Bowaazi mu kifo ekyagalwa eky'omusanvu, n'ogw'okukakasa obutuufu bw'ekyo Daudi ky'agamba ku nnamulondo ya Isiraeri.

4. Ebika by'engero ebikulu mu Bayibuli bye bino:

a. *Ebibuulira Ebyaliwo* (biwandiiko bimpimpi);

b. *Engero ez'Okwogera* (eziwa alipoota naddala ku bintu omuntu bye yayogera; ekikulu mu lugero olwo kwe kwogera kw'omuntu oyo); ne

c. *Katemba* (Engero ezisinga okuba empanvu era enzibu). Katemba atera kubaamu: (1) abantu; (2) enteekateeka y'abantu ey'ekiseera ekitono; (3) okulwanagana; (4) ekiseera eky'akabi n'entikko; (5) eky'okukikolera; ne (6) ekikolwa ekiddirira oba okugera. Weegendereze bino mu katemba ali mu Bayibuli:

(1) Okwogera mu bujjuvu mu ngero z'omu Bayibuli kutera kuba kutono nnyo. N'olw'ekyo, ebyo ebiba byogeddwa mu bujjuvu bitera kuba bya mugaso (empisa zisinga kumanyika mu kwogera ne mu bikolwa).

(2) Abantu abali mu katemba ow'omu Bayibuli be batuwa ebisumuluzo. Waliwo ebika by'abantu bisatu ebikulu: *abakulu* (abantu ensonga be zeetooloolerako mu katemba era abatayinza kwerabirwa); *abawakanyi* (abalabe oba amaanyi agawakanya abakulu ensonga be zeetooloolerako); n'*abawagizi* (abantu abayimusa omukulembeze eyeetooloolerako ensonga nga balaga enjawulo oba oluusi okufaanana). Eky'okulabirako, mu **1 Samwiri 25** Dawudi ye mukulu, Nabali ye muwakanyi, ne Abbigayiri ye muwagizi. Mu **2 Samwiri 11-12** Dawudi ye mukulu ate Uliya n'akola nga omuwagizi; newakubadde Basusebba naye wa mugaso mu lugero olwo, omulimu gwe mutono ku gwa Uliya. Mu Lubereberye 38 Yuda ye mukulu ne Tamali ye muwagizi; abantu abalala bonna mu lugero bakola omulimu omutono ku gwa bano oba ogw'okubawagira.

(3) Emboozi wakati w'abantu mu lugero za mugaso nnyo, era ziyinza okulaga omulamwa gw'omuwandiisi. Ensonga y'omuwandiisi enkulu etera kulabikira mu kiseera eky'akabi n'eky'okusalawo ku ky'okukola. Mu kikolwa ekigoberera okusalawo okwo, omuntu mu katemba oba oyo azannya katemba ayinza n'okunyonnyola omugaso gw'ekintu ekyaliwo.

(4) Enzimba y'ebitundu bya katemba. Ebitundu bya katemba bitera okuzimbibwa okusinziira ku misingi esatu emikulu (newakubadde wayinza okubaawo okwegatta kwagyo):

(A) *Enteekateeka-entuukiriza*—enteekateeka ekolebwa olugero ne lulaga engeri gy'etuukirizibwamu. Eky'okulabirako, mu **Bik 1:1-8** Yesu alagira abayigirizwa be okubeera abajulirwa be n'okutuuka ku nkomerero y'ensi; ekitundu ekisigadde eky'ekitabo ekyo kiraga engeri ekyo gye kyatuukirizibwamu.

(B) *Ekyama-enyinyonnyola*—ekibuuzo kibuuzibwa, ne kiddibwamu. Eky'okulabirako lwe lugero lwa Samusooni olwanyonnyolwa oluvannyuma (**Balam 14:12-18**).

(C) *Ekizibu-okusalawo ku ky'okukikolera*—Ekizibu kireetebwa olugero ne lulaga engeri gye kyakolebwako. Eno y'engeri ya katemba esinga okulabibwa buli wamu. Eby'okulabirako mwe muli okutiisatiisa kwa Dawudi ku Nabali n'engeri Abbigayiri gye yakolamu ku kizibu ekyo (**1 Samwiri 25**), n'okuwonyezebwa kw'omusabiriza omulema (**Bik 3:1-10**).

5. Ng'ekitundu ky'essuula ekiri ku nsonga emu bwe kiri omusingi ogw'okwekenneenya ebiwandiiko ebisinga, mu ngeri y'emu *ekitundu ekiramba* mu katemba gwe musingi ogw'okwekenneenya ebiwandiiko bya katemba. Ezo z'enyiriri ezisangibwa mu kitundu kimu ezoogera ku bintu ebyaliwo ebikwatagana, ebyakolebwa mu kiseera kye kimu, n'ebyakolebwa abantu be bamu. Okukutulamu wakati w'ebyaliwo, ebifo, n'abantu oba ekiseera kutera okulaga entandikwa y'ekitundu ekipya. Okuggyako mu katemba alimu okutambula olugendo, omuli okukyusa ekifo buli kiseera, naye ekyo tekiraga kitundu kipya. Ebitundu bya katemba biyinza okufaananyizibwa n'ebitundu eby'enjawulo mu muzannyo, mu nteekateeka ya televizoni, oba ebifaananyi eby'oku ntambi.

6. Engero nyingi mu kusooka ziyinza okutegeerwa mu ngeri ezisukka ku emu, n'ensonga enkulu eyinza

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

obutalabikirawo. Ebyawandiikibwa byonna ebibuulira ebintu ebyaliwo byateekebwa mu Bayibuli lwa kukola nsonga. Okwawula wakati w'ekyo *ekinyonnyolwa* (katugambe, omuntu ali mu lugero bw'alimba) n'ekyo *ekilagirwa* kikulu nnyo mu kutegeera obulungi ebyawandiikibwa. Okudding'ana ekintu kwa mugaso mu kulaba ensonga enkulu oba omulamwa mu lugero. Tuteekwa okujjukira obutatabula obubaka bw'olugero olwo n'obufunze bwalwo. Obubaka ky'ekintu olugero kye lugenderera okuyigiriza omusomi.

7. Mu ngero ezimu omuwandiisi oba omuntu agera olugero abaako byanyonnyola. Omuwandiisi w'olugero bw'abaako by'anyonnyola, bulijjo yeesigika, era ye mulagiriza ow'omugaso eri ensonga enkulu mu lugero olwo. Eby'okulabirako by'okuyonnyola okw'ekika ekyo bisangibwa mu **Lub 39:2; Balam 17:6; 18:1; 19:1; 21:25; Bik 6:7; 9:31; 12:24; 16:5; 19:20.**

**B.** ***Ebitontome***

Ebitontome bisangibwa mu Bayibuli yonna. Ebitabo ebikulu eby'ebitontome ye **Zabbuli** n'**Oluyimba.** Obutontome ky'ekika ky'obuwandiike ekikulu eky'okulaga obusimu. Obutontome si lwe lulimi olw'okwetegereza okutafugibwa ndowooza ya muntu , naye lwe lulimi olw'okuteebereza. Nga Ryken bw'agamba, "ennono esooka ey'ekitontome bwe bukulu bw'ekifaananyi. . . . Abatontomi boogera olulimi olw'ebifaananyi kubanga baagala abasomi okuwulira oba okufuna ebiri mu kwogera kwabwe ng'ekifaananyi era ekitole ekiriwo ddala, so si ekirowoozo bulowoozo" (Ryken 2002: 247). Okutontoma kutuyamba "okuwulira" amazima ga Katonda, ne tugalaba n'amaaso g'ebirowoozo" byaffe, mu ngeri okusoma obusomi ebiteeso eby'okuyigiriza gye kutaalisobodde kukikola. Okusobola okutuusa obubaka mu ngeri eno, ebigambo ebikozesebwa mu kitontome biba bijjuvu ate nga bya nsonga. Ekiseera, ekifo, n'okuwulira mu mbeera biyinza okukyuka mbagirawo. Ekitontome kibaamu enkozesa y'olulimi olw'ekifaananyi. Tekiraga empulira y'obusimu oba okulowooza kwokka—ekitontome kibaamu endowooza ezikwata ku njigiriza, naye kiyinza "obutatwala nnyo kiseera" ku zo, (okwawukanako, eky'okulabirako, n'ebbaluwa). Ekitontome kiba nkolagana wakati w'enjogera y'omuntu etegekeddwa na magezi era n'obwegendereza n'ebivudde mu kukozesa obwongo bwe, era ly'erimu ku makubo Bayibuli g'ekozesa okukola ku nsonga z'omuntu zonna—amagezi gaffe (okumanya), obusimu bwaffe (okuwulira), n'okwagala kwaffe (okukola).

1. Ekitontome, nga ekitundu ky'essuula ekikola ku nsonga emu, kirina ekkomo mu makulu gakyo. Kyetooloolera ku mulamwa gumu ogwa wakati era ogwekutte. "Ebitontome mu Bayibuli si nyiriri ezaamala gateekebwa wamu awatali kuteekateeka, naye birina enzimba ennungi, erina amakulu amajjuvu" (Wolvaardt 2005: 153).

2. Ng'ekitundu ekikulu mu kwekenneenya olulimi bwe kiri ekitundu ky'essuula ekikola ku nsonga emu, ekitundu ekikulu mu kwekenneenya ekitontome ky'ekibiina ky'enyiriri ezikola ekitundu ekiramba mu kitontome. Eky'okulabirako, mu **Zabbuli 1** enyiriri 1-3 zikola ekitundu ky'ekitontome ekiramba; enyiriri 4-5 zikola ekirala; n'olunyiriri 6 lukola ekisembayo.

3. Akabonero akakulu akalaga ekitontome eky'Oluebbulaniya kwe kukkiriziganya kw'enyiriri. Kino kitera okukolebwa olunyiriri olumpimpi olulimu obutundu obubiri [A ne B], akatundu ak'okubiri nga kalina engeri gye kakolaganamu n'akasooka (oluusi ekitontome eky'Oluebbulaniya kikozesa enyiriri eziri ku bwannamunigina, oba enyiriri ssatu ezikkiriziganya. Ebika ebikulu eby'okukkiriziganya kw'enyiriri birimu:

a. *Ezirina amakulu ge gamu* (enyiriri A ne B zifaanaganira ddala, zitegeeza ekintu kye kimu)—eky'okulabirako A: *Mukama lwe lwazi lwange,era kye kigo kyange, era ye andokola* B: Katonda wange, olwazi lwange olunywevu, oyo gwe ng'enda okwesiganga (**Zab 18:2**).

b. *Ezoolekagana* (olunyiriri olw'okubiri lugeraageranyizibwa n'olusooka)—A: *Kubanga Mukama amanyi ekkubo ly'abatuukirivu,* B: *Naye ekkubo ly'ababi liribula* (**Zab 1:6**).

c. *Ezizimbagana* (olunyiriri olw'okubiri lwongera okuzimba ekirowoozo ekiri mu lusooka)—A: *Kubanga Mukama ye Katonda omukulu,* B: *Era Kabaka omukulu asinga bakatonda bonna* (**Zab 95:3**).

d. *Ezirimu akabonero* (olunyiriri olumu luleeta amazima, olulala ne luleeta akabonero oba ekifaananyi ekitangaaza ensonga eri mu lusooka)—A: *Alaba ebirungi oyo akola eby'ekisa, awola;* B: *Alinyweza ensonga ye bw'alisalirwa omusango* (**Zab 112:5**).

4. Okukkiriziganya kw'enyiriri ke kamu ku bintu ebirabika ennyo mu Zabbuli ezisinga, engero, okukungubaga, okuwa omukisa, okukolima, okusaba, n'amateeka n'enjogera nyingi ez'Oluebbulaniya. N'olw'ekyo, tekukoma ku bitabo "by'ebitontome byokka". Eky'okulabirako, **Isa 64:8—**A: *Naye kaakano, ai Mukama, Ggwe Kitaffe,* B: *Ffe tuli bbumba, naawe mubumbi waffe,* C: *naffe ffenna tuli mulimu gwa mukono gwo* (weetegereze nti kino kirimu obutundutundu busatu).

5.Kubanga okukkiriziganya kw'enyiriri kikula kya buwandiike obw'Oluebbulaniya, kisangibwa ne mu

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

Ndagaano Empya. Eky'okulabirako, **Mat 7:17—**A: *Bwe kityo, buli muti omulungi gubala ebibala birungi;* B: *naye omuti omubi gubala ebibala bibi.* **Mat 11:30—**A: *Kubanga ekikoligo kyange si kizibu,* B: *n'omugugu gwange mwangu.*

6. **Zabbuli** si ntuumo ya Zabbuli ezaamala gakung'anyizibwa ne ziteekebwa awo awatali nteekateeka:

a. *Zabbuli zirimu "ebitabo" bitaano:* Ekitabo I—**Zabbuli 1-41;** Ekitabo II—**Zabbuli 42-72;** Ekitabo III—**Zabbuli 73-89;** Ekitabo IV—**Zabbuli 90-106;** Ekitabo V—**Zabbuli 107-150.** Buli kitundu kilabikirawo kubanga oluyimba olumpi (okutendereza Katonda) kuggalawo buli kitabo.

b. *Zabbuli zaagabibwaamu ebibinja okusinziira ku mulamwa oba ekika, omuli:* ez'okukungubaga (**Zabbuli 3-7; 9; 12-13; 17; 22; 25-28; 31; 38-40; 42-44; 51; 54-58; 60; 69-71; 79-80; 90; 94; 120; 130; 137; 139; 142**); ez'okwebaza (**Zabbuli 18; 30; 32-34; 40; 65-67; 75; 92; 103; 107; 116; 118; 124; 129; 135-136; 138**); ez'okutendereza (**Zabbuli 8; 19, 66; 100; 103-104; 113; 117; 146-150**); ez'amagezi (**Zabbuli 1; 36-37; 49; 73; 119; 127-128; 133**); ez'obwakabaka (**Zabbuli 72; 89; 93; 95-100**); ez'okukolima (**Zabbuli 7; 12; 35; 40; 52; 55; 57-59; 69-70; 83; 109; 137; 140**); ezikwata ku Masiya (**Zabbuli 2; 22; 69; 110**).

### C. *Ebiwandiiko eby'amagezi*

1. "Ebiwandiiko eby'Amagezi" eby'omu Bayibuli (**Yobu, Engero, Omubuulizi**) byogera ku bintu ebya bulijjo mu bulamu, naye nga bitunuulira obulamu mu ngeri ekontana "n'amagezi ag'obuwangwa." Amagezi ag'obuwangwa gatandika ne *maanyi*—eddembe, ekifo, n'enkizo. Amagezi ag'omu Bayibuli gatandika ne *Katonda*—gatunuulira Katonda ne gamwesiga nga atuwa ekkubo ery'obulamu. Amagezi ag'omu Bayibuli gaategekebwa okutuwa ekipimo ekyasukkuluma ku ky'obutonde ekiri mu bulamu bwaffe: waliwo okuteekateeka okw'ebiwandiiko eby'amagezi okutali kwa bigambo bugambo, okwesigamizibwa ku kutunuulira obulamu bwaffe mu kitangaala kya Katonda, n'okusinziira ku ye. Ebiwandiiko bya Bayibuli birina kubeera waggulu w'obuwangwa (ekiyinza okugaleetera okuba amazibu okukozesa bwe tuba nga tusigadde mu buwangwa bwaffe). Birina kutuyamba okukyusa obulamu bwaffe. Mu biwandiiko eby'amagezi tulina okusooka okukola ku *myoyo* gyaffe, so si amagezi gaffe. Ebiwandiiko eby'amagezi byogera ku bumanyirivu bw'abantu n'engeri gye bawuliramu, ebiseera ebisinga okusinziira ku ndowooza "y'omuntu asooka". Mu Ndagaano Enkadde n'Empya zombi, enjigiriza bulijjo eyungibwa ku kukula mu magezi. Ebiwandiiko eby'amagezi bituyamba okukula mu kwewaayo, mu mpisa, ne mu kitundu kye tuba tulimu.

2. **Engero** "biwandiiko bya magezi" mu ngeri y'ebitontome. Engero ziba bigambo bya magezi ebyogera ebintu *ebitera okubeera* eby'amazima mu bulamu. Si bisuubizo, bunabbi, bisaanyizo, oba mateeka. Ensobi etera okukolebwa mu kuvvuunula—*kubanga ekikula ky'ekiwandiiko tekitera kulowoozebwako*—kwe kutwala Engero nga ebisuubizo eri abakkiriza ba leero okuva eri Katonda. Eky'okulabirako, **Nge 22:6** egamba, *"Manyiiza omwana omuto mu kkubo erimugwanira okutambuliramu, awo newakubadde nga mukadde talirivaamu."* Ekyo ekirungi ekivaamu kitera kubaawo, era abazadde basaanye okumanyiiza abaana baabwe mu makubo ga Katonda. Naye, ebiseera bingi abantu bamaliriza nga bawabye ne bwe baba nga babamanyiizizza "mu kkubo eribagwanira okutambulirangamu." Eky'omukisa omubi, **Nge 22:6** *teerina* bukakafu bwonna bw'etuwa obw'enkomerero ennungi (njogera ya lugero bugero). Engero ezisinga zikozesa ngeri emu oba endala ey'okukkiriziganya kw'enyiriri. Ekirala, tezaateekebwa awo awatali nteekateeka yonna, naye zaateekebwa mu bibinja okusinziira ku mulamwa oba ebigambo ebiba byakozesebwa oba empulikika y'eddoboozi. Okwawula emiramwa, ebibinja, n'enteekateeka y'engero, mu kifo ky'okumala gazitwala ng'ebigambo ebitayungiddwa ku birala, kuyinza okuyamba okusanyuka n'okutegeera kwaffe.

### D. *Obunabbi n'eby'obulaguzi*

Obunabbi buyinza okuba kimu ku bitundu ebisingira ddala okusoomooza mu kunyonnyola Bayibuli. Bbiri ku nsonga enkulu ezireeta ekyo kwe kulemererwa okukozesa ennono z'okunyonnyola Bayibuli ezoogeddwako mu kitabo kino, n'okutegeera obubi ekikula ky'obunabbi.

1. Omulamwa n'ekikula kya bannabbi abali mu Bayibuli.

a. *Isiraeri yabeeranga mu mwaliro ogwalimu abakaafiiri.* Eddiini yonna ey'obukaafiiri ya *kutogaatoga abantu.* Y'enkola y'abantu okunyonnyola ensi, okunyonnyola ekifo kyabwe mu nsi, n'okubeera olw'ekigendererwa. *Obulaguzi* kwe kugezaako okumanya eby'omu maaso; *eddogo* kwe kugezaako okweyambisa obutamanya oba obunafu bw'abalala mu ngeri y'okugoberera emikolo gy'obuwangwa egilagiddwa. Okwawukanako n'eddiini z'amawanga, Katonda yawa Isiraeri *okubikkulirwa* kwe, n'ateekawo n'*endagaano*. Mu nteekateeka eyo,

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

Katonda n'aleeta abanabbi ng'ayita mu Musa. Okuyita mu kubikkulirwa kwa Katonda, Isiraeri yali ya kubeera mu bulamu *obukontana n'obuwangwa.*

b. *Ekikula kya banabbi ab'Endagaano Enkadde.* Nabbi yalina kubeera: omusajja wa Katonda; eddoboozi era omujulirwa wa Katonda; omuddu wa Katonda; eyeewaddeyo eri Katonda. Yalina kwogera eddoboozi lya Katonda*,* okwawukana n'abantu okuwulirizanga eddoboozi ly'abantu. Mu ngeri eyo, yalina kukola nga omukolokosi w'obuwangwa, okwawukana n'okwenyigira kw'abantu mu by'obufuzi ebitambulira ku nkozesa y'amaanyi.

c. *Omulamwa gw'ebyafaayo/Obuwangwa.*

(1) Banabbi ba Katonda baakozesanga ekigambo kya Katonda mu biseera eby'akazigizigi akaaliwo mu nkolagana ey'endagaano wakati wa Katonda n'abantu be. Ekikolwa kya bannabbi ab'Endagaano Enkadde ekikulu *tekwali* kulagula eby'omu maaso. Wabula, bonna baalina obubaka n'obuweereza bwa mirundi ebiri: (A) Balabulanga abantu ba Katonda ku kabi akava mu bujeemu eri amakubo ga Katonda nga *bababuulira ku musango* ogujja*;* ne (B) Bakomyangawo abantu ba Katonda eri obwesigwa nga bababuulira ku *ssuubi ery'obulokozi.* (VanGemeren 1990: 78-79) Kale, obunabbi obw'Endagaano Enkadde bwakwatanga ku biseera ebyaliwo n'eby'omu maaso.

(2) Bannabbi ab'Endagaano Enkadde bonna baakolanga ku nsonga ey'okukyusa empisa z'abantu. Obubaka bwabwe bwali, "bwe mukola kino, omusango gujja; bwe mugoberera Mukama, emikisa gijja." Mu ngeri eyo, kitundu kinene ku bunabbi obw'Endagaano Enkadde kyatambulanga n'akakwakkulizo ak'okwenenya kw'abantu n'empisa zaabwe, newakubadde obunabbi bwalabika obutabaako kakwakkulizo (laba **Yona 3**).

(3) Mu kutunuulira ebyafaayo, omuntu ayinza okulaba enkyukakyuka mu ssira ly'obunabbi oluvannyuma lw'okutwalibwa kwa Isiraeri e Babulooni. Nga okutwalibwa mu busibe tekunnabaawo, banabbi baasinganga okuteeka essira ku bujeemu bwa Isiraeri. Oluvannyuma lw'obusibe, essira lyateekebwanga ku buvunaanyizibwa bw'abantu ba Katonda okweteekerateekera okujja kw'obwakabaka bwa Katonda okujjuvu. (VanGemeren 1990: 213-14)

d. *Ebikwata ku Buwandiike.* Banabbi okusinga baakozesanga ebigambo ebyavanga mu kamwa kaabwe okutuusa obubaka bwabwe; ebiwandiiko by'obunabbi byajja luvannyuma. Ebitabo by'obunabbi bitera okubeeramu entuumo y'ebigambo bingi ebyayogerwa naye nga tebyategekebwa okusinziira ku biseera bye byayogerwamu. Olulimi olw'okugeraageranya lwe baateranga okukozesa lwesigamizibwanga ku bifaananyi by'ebintu ebyalina amakulu mu buwangwa bwabwe.

2. Essira liri ku Katonda, so si ku bintu ebyabaawo ebyali bimanyiddwa. Obubaka obw'obunabbi okusinga kuba "*kuwaayo*" Ekigambo kya Katonda, okusinga okuba "*okulagula*" kw'ebigenda okubaawo mu biseera ebijja. Okwekaliriza kw'obubaka bw'obunabbi buli ku Katonda. Kale, okutuukirizibwa kw'obunabbi kwesigamizibwa ku *muntu* (Katonda), so si mu kintu ekinaabaawo. Kubanga okutuukirizibwa kuli mu muntu, Katonda wa ddembe okutuukiriza ekigambo kye *ye nga bw'ayagala* ne *buli lw'ayagala*. Katonda tatambulira ku kusuubira kw'abantu. Eky'okulabirako, banabbi tebaayogeranga ku kujja kwa Katonda mu mubiri, wabula ku Dawudi oba ezadde lye. (nga **Isa 11:1; Yer 30:9; Ezeek 37:24**). Wabula, mu butuufu Katonda yajja ng'omuntu, n'obwakabaka bwa Katonda kwalabisibwa mu muntu Yesu mu ngeri banabbi ab'Endagaano Enkadde gye baali tebasobola kutegeera (laba **Mak 1:15; Luk 17:21; Mat 16:19** [ger, **Isa 22:22**]). "Abantu ab'ebiseera bya Yesu abaalina entegeera eya bulijjo be baasanga obuzibu mu kulaba okutuukirizibwa kw'obunabbi obwo mu kujja kwe. Abo abaali banoonya Masiya ow'ekinamagye n'ow'eby'obufuzi, eyalinga Dawudi, baalemwa okulaba nti Yesu yalina bingi, so si bitono, eby'okuwaaayo. Abo abaamuteekako omusango mu kuwozesebwa kwe tebaasobola kugenda ewala okuva ku okutegeera okwa bulijjo okw'obulaguzi bwe nti mu nnaku ssatu aliddamu okuzimba Yekaalu eyali emenyeddwa (Mat 26:61; ger. Yok 2:18-22)." (Travis 1982: 139) Tetumanyi ngeri bisuubizo bya Katonda gye binaatuukirizibwanu mu biseera eby'omumaaso. "Ssinga tukkiriza nti obunabbi obw'edda buyinza okutuukirizibwa mu ngeri ze tutasuubira, tetuyinza kukozesa obunabbi nga enjoogera ekoleddwa mu bujjuvu ku biseera eby'omu maaso. Tuyinza okulaba okufaanagana wakati w'embeera ya nabbi oyo n'eyaffe; naye ate tuteekwa okulekamu akabanga akajja okuyingiramu ebintu bye tutalabiddeewo" (Green 1984: 105).

3. Essira liri ku by'okulabirako n'emiramwa. "Obulaguzi Endagaano Enkadde bw'ekola ku biseera eby'enkomerero butera okuyungibwa wamu n'emiramwa n'ebigambo eby'omugaso okusinga

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

okuyungibwa entegeka esinziira ku biseera by'okutuukirizibwa kwabwo (eky'okulabirako, laba Dan 7:8-27; 8:9-26; Kub 16-19)" (Oropeza 1994: 195n.10). Olw'obubaka bwabwo obw'emirundi ebiri (okusalirwa omusango n'okulokoka), newakubadde banabbi baakwataganyanga enjogera zaabwe n'embeera enzibu ezaali zimanyiddwa, emiramwa egy'ekika ekyo gigenda girabika buli wamu mu banabbi. Emiramwa egyo girimu: endagaano ya Katonda n'abantu be; okubeerawo kwa Katonda; Katonda nga kabaka; Masiya wa Katonda; olunaku lwa Mukama; obwakabaka bwa Katonda; Omwoyo wa Mukama. Abawandiisi b'Endagaano Empya baatunuuliranga ebiwandiiko by'obunabbi eby'Endagaano Enkadde *ng'eby'okulabirako* ebyatuukirizibwa mu Ndagaano Empya. Kale, nga Lakeri bwe yakaaba ng'atwalibwa mu buwang'anguse (omulamwa gwa **Yer 31:15**), Lakeeri adamu okukaaba Kerode bwe yatta abaana (omulamwa gwa **Mat 2:18** Matayo mwanokolera obunabbi bwa Yeremiya). Twetaaga okunoonya emiramwa n'eby'okulabirako ebyo. Mu byo tutandika okulaba endowooza ya Katonda.

4. <u>"Ekiyinza okugwawo" mu bunabbi.</u> Nga ebigambo eby'okusalawo n'obulokozi, obunaabbi bulina ekigenderwa ky'empisa eky'ekusifu. Kino kyitegeeza nti: "endowooza ya bayibuli ey'obunaabbi eri nti okuteebereza tekitegeeza nti kuteeberezaokuba nti kutukilira mu buli ngeri. Naye okuteeberza okubeera okwentaanya kuba kutegeeza nti singa emitendere emituufu gikolebwa akabi kasobola obutabaawo. Ate era okutebeereza okulungi kuzaamu amaanyi nti wayinza okubaawo okuziyiza mu nkola entuufu." (Ford 1979:99n.72). Katonda si maanyi agatali ga buntu agatakyukakyuka. Naye, okukozesa olulimi lw' ekifaananyi ky'omuntu, Katonda ayanukula okusinzira ku kusalawo abantu gyebbanukula eri amateeka ge ago agalangiriddwa b Naabbi be.Kino tukiraba, mu ky'okulabirako, nga Katonda "akyuusa endowooza ye" mu kwanukula eri Musa bwe yatakabana ku lwa Yisiraeli katonda bweyali attisiza okugisanya wo (Kuv 32:9-14), era ne bw'atasanyawo Nineevi bwe beenenya (Yona 3:1-10). J.Barton agata wamu embaala ya Katonda etakyuukakyuuka n'okwanukula kw'abantu bwati: "Si nti omutindo gwa Katonda, amateeka oba embala ye nti ekyuukakyuuka, naye ekyanama ddala obutakyukakyuka bwennyini obw'empisa y'obwakatonda kye kisobozesa okukozesa eby'enjawulo y'emisingi gye egy'enkalakkalira okusinzira ku nkyuukakyuuka ng'azo ezolesebwa abantu abakyuukakyuuka. Okusingira ddala obunaabbi butegekeddwa Katonda kubanga ebigengererwa by'empisa okusobola okukubiriza abantu okukwatagana wamu mu butukuvu obw'obwakatonda. Kati olwo, omuntu yanditutte omukisa okukozesa obutukuvu obukakasiddwa . . . enkyuukakyuuka olwo efuuka si esoboka yokka naye nga teyewalika." (Payne 1980: 62). Katonda yalangira ennono eno mu **Yer 18:6-11; 26:12-13; Ezeek 18:1-32; 33:10-20.** Oluusi obutonde obw'obukwakkulizo ob'obunnabbi bulagiddwa mu bulambuluufu: e.g. **Yer 18:6-11; 26:12-13; Ezeek 18:1-32; 33:10-20. 11:17-24.** Oluusi obunnabbi tebulina bukwakkulizo abika , naye embala ya Katonda n'engeri abantu gye bannukula kuwa obukwakkulizo eri obunnabbi: e.g., **Kuv 32:9-14; Yisa 38:1-5; Yona 3:1-4:2; Mat 19:27-28** (ekisuubizo eri ekkumi n'ababiri nti bajja kusalira ebika ekkumi n'ebibiri ebya Yisiraeri omusango kyatwaliramu ne *Yuda*). Abasomi ab'omulembe guno abalina endowozza "ey'okufa oba y'enkomerero emirundi mingi okutwala nga ekituukiridde, ebigambo ebiyitibwa semitic pnouncement nga mu kiseera kyabwe ebyanditwaliddwa nga tebitukiridde" (Ford 1979: 75). Naye, abantu b'omu bayibuli tebatunuulira ebirangiriro bya Katonda n'endowooza y'okulekulira okw'okufa. Ebikolwa ebikolebwa mu kwanukula obunnaabbi kuyinza okwogezaayo oba okwanguya okutuukirira kwaabyo (**2 Basek 22:14-20; Kaba 2:2-3; 2 Peet 3:8-12**). In **1 Sam 23:10-14** Daudi yeewalira ddala ebiyinza okuvaamu Katonda bye yali amubikkulidde nga akola eby'amagezi. Mu **Bik 21:10-14** "Mikwano gya Paulo abaali abakristaayo tebatwala bunnabbi (bwa Agabu) ng'obutuukirivu obutewalika. Mu kifo ky'ekyo baaktwala nga okulabulaok'ekisa nga muno akatyabaga kayinza okwewalibwa" (Ford 1979: 99n.72)

5. <u>Bannabbi bazimba ku bunnabbi obw'edda.</u> Endagaano za Katonda zikula era zeeyongera okutumbka okuyita mu banabbi abazimba era abazikyusa okuyita mu kubuulira kwabwe ku kusalirwa omusango n'obulokozi. Bino wammanga byakulabirako bibiri eby'okutuukirizibwa kw'obunabbi okuva mu Ndagaano Enkadde:

a. *Ekisuubizo ky'ensi mu Ndagaano eyakolebwa ne Ibulayimu (laba* ***Lub 12:1-3****).* Ebintu byonna ebyali mu ndagaano ya Katonda ne Ibulayimu ("Endagaano ya Ibulayimu") byagenda byegongera okutangaazibwa. Ku kisuubizo kya "ensi," ensi mu kusooka teyanyonnyolwa (**Lub 12:1**). Yasooka okunyonnyolwa nga ensi Ibulamu gye yali asobola okulaba (**Lub 13:14-15**), oluvannyuma ekifo w'esangibwa kyanyonnyolwa (**Lub 15:18-21; 17:8**), ku nkomerero yateekebwa mu bigambo ebyatwaliramu byonna nti "ezzadde lyo balirya omulyango ogw'abalabe ['ababe'] baabwe" (**Lub 22:17**). Endagaano Enkadde eraga nti ekisuubizo ky'ensi kyatuukirizibwa waakiri emirundi ebiri (mu biseera bya Yoswa [**Yoswa 21:43-45**] n'eby'obufuzi bwa Sulemaani [**1 Bassek 4:20-21**]). Naye, olw'obujeemu bwa Isiraeri, yagobwa

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

okuva mu nsi eyo, kale ekisuubizo ekyo tekyatuukirizibwa mu bujjuvu mu biseera eby'Endagaano Enkadde. Ensi yali ekyasuubirwa n'okuzzibwawo kwasuubizibwa mu biseera eby'obuwang'anguse (laba **Ezeek 20:1-44**). Ekisuubizo kyaddamu okutuukirizibwa, mu kitundu, oluvannyuma lw'obuwang'anguse.

b. *Endagaano ya Dawudi (**2 Sam 7:12-16**).* Obunabbi bwa Yeremiya ku kabaka n'obwakabona bw'Abaleevi mu Ndagaano ya Dawudi (**Yer 33:19-22**) bwatuukirizibwa mu Yesu Kristo. Yeremiya yajjukira ebisuubizo bya Nasani eri Dawudi ku kabaka eyali ow'okuva mu Dawudi n'obwakabona bwa Leevi, okukakasa abawang'anguse nti Katonda yali ajja kubakomyawo mu nsi yaabwe (**Yer 33:19-22**). Yeremiya naye yazimbira ku bunabbi bwa Isaaya nti ettabi ery'obutuukirivu liriva mu zzadde lya Dawudi, era agattako nti bakabona Abaleevi tebalibulwa musajja okuwangayo ebiweebwayo mu maaso ga Mukama (**Yer 33:14-18; Isa 11:1**).

6. <u>Enjogera y'obunnabbi.</u> Bannabbi b'Endagaano Enkadde baayogera mu nkola era nga bakozesa ebigambo bye baali bamanyindde ddala era ebyaali bikola amakulu eri ababawuulirizanga. Bannabbi b'endagaano baayogera ku bwakabaka bwa Masiya obutaggwaawo nga bakozesa olulimi n'ensengeka ekoma ey'okujuliza embeera taabwe ey'omubiri ey'omulamwa gw'Abayisiraeri. E. F. Kevan yekaliliza bino mu butuufu "mu bigambo byabwe byonna ebikwata ku bwakabaka bwa Katonda, ne mu kwogera amazima agasinga okuba ag'omwoyo era ag'ekitiibwa ku bwo, ebigambo banabbi bye baakozesa bulijjo by'ebyo eby'obwakabaka bwa Katonda ebyanyonnyolwa mu ngeri gye baali babutegeeramu mu biseera byabwe." (Kevan 1954: 24). Kale, baakozesa ekifaananyi ekya yeekaalu, ne Sayuuni, ne boogera ku bwakabaka nga bakozesa ebigambo ebyogera ku kabaka owa bulijjo okuva ku lunyiriri lwa Dawudi, atuula ku nnamulondo mu lubiri mu Yerusaalemi. Kino oluusi kiyitibwa" enjogera y'obunnabbi" (Irons, "Enjogera y'Obunnabbi," audio mp3).

Ne mu Ndagaano Empya, Katonda bweyabikula okutukirira kw'Obunnabbi bw'Endagaano Enkadde era abawandiisi b'Endagaano Empya basonga mu maaso okutuuka ku kutuukirizibwa kw'emteekateeka ya Katonda, bakozesa olulimi abantu abaaliwo mu kiseera kyabwe lwe banditegedde. Nga Steve Lehrer bakinnyonnyola, "Katonda bweyakozesa bannabbi okunnyonnyola okutuukirizibwa kw'omwoyo okw'enteekateeka ya Katonda mu mulemmbe gw'Endagaano Empya, Katonda yasalawo okukozesa olulimi lw'ebika n'ebisiikirize. Annyonnyola Endagaano Empya nga akozesa olulimi kw'Endagaano Enkadde. Yasonga ku kiruubirirwa eky'omwoyo eky'enteekateeka ya Katonda mu ngeri esinga okumasamasa era etegeerekeka obulungi nti ebika ebirabika n'ebisiikirize bye byandikkirizza." (Lehrer 2006: 85) Eby'okulabirako ku kino mulimu: Yesu annyonnyola omubiri gwe nga "yeekalu" (Yokaana 3:18-22); ekkanisa okutwaliza awamu eyitibwa "yeekaalu" oba "weema" mu **1 Kol 3:9, 16–17; 2 Kol 6:16-7:1; Abe 2:21; 1 Peet 2:5; Kub 3:12; Kub 13:6** Paulo akozesa olulimi lw'Endagaano Enkadde lw'ebiweebwayo ebyokebwa okunnyonnyola ssente eziweebwa okuyambako mu buweereza bwe **Baf 4:18**; laba **Kuv 29:18**); mu Kubikulirwa abakulembeze b'eggwanga ery'ekiseera eky'enkomerero boogerwako nga "bakabaka" (e.g., **Kub 16:14; 19:18**); ate abaleeta akatyabaga bageraagerazibwa ku mbalaasi abazivuga nga balina ebyookulwanyisa n'ebyookulwanyisa eby'edda (e.g., **Kub 6:2, 4, 5, 8; 9:7, 9, 17**).

7.<u>Okutuukirizibwa okutali kwa ddala.</u> Kubanga ebigendererwa bya Katonda bikula mu kukwatagana n'oksalawo kw'abantu n'ebintu obunnabbi tebutuukiriziwa "bulijjo" Stephen Travis awa ebyokulabirako ku kino, "Yeremiya ne Isaaya baalagula nti Babulooni yali ejja kugwa mu mikono gy'Abameedi (Yeremiya 2:11, 28; Isaaya 13:17), ne Isaaya yanyonnyola bulungi okuzikirizibwa kwa Babulooni n'okuttibwa kw'abantu baayo awatali kusaasira (Isaaya 13:14-22). Naye ate Babulooni yagwa mu mikono gy'Abaperusi, abaali banywezezza obufuzi bwabwe ku Abameedi nga Babulooni tennaba kugwa. Ne Babulooni yeewaayo awatali kulwana. Ekibuga tekyayonoonebwa, era kyasigalamu abantu. N'olw'ekyo, obunabbi bw'okugwa kwa Babulooni bwatuukirizibwa, naye si ng'ebigambo by'obunabbi obwo bwe byali. Mu ngeri y'emu, Isaaya 10:28-34 yalagula ku bulumbaganyi bwa Asuria, nga anyonnyola bulungi nga eggye lya Asuria bwe lyali lijja okuva mu mambuka okujja e maserengeta, kibuga ku kibuga nga bayita mu nsozi za Ai, Gibeya, Anasosi ne Enobu okutuuka ku Lusozi Sayuuni. Amazima gali nti Senakeribu bwe yajja n'amagye ge yagoberera olubalama lw'enyanja enne n'atuuka mu Yerusaalemi ng'ava e Bugwanjuba." (Travis 1982: 28, 137-38)

8. <u>Embeera ezaakyuuka 'engeri y'okutuukirizaamu.</u> Obunnabbi b bwesigamiziddwa ku mbeera z'ebyafaayo; n'olwekyo, embeera ezikyuuse zikwata ku ngeri obunnabbi gye butuukirizibwamu. Wabaddewo enkyukakyuka ez'amaanyi mu by'obufuzi ezikyuusizza embeera y'embeera z'abantu okuva obunnabbi mu ndagaano enkadde we bwaweebwa. Ekisinga obukulu, okujja kwa Yesu Kristo kwakyuusa embeera y'eby'ddini mu ngeri ez'omugundu. Kino kitegeeza nti, newankubadde nga emiramwa n'emisingi ebifaanagana bitambuliramu bannabbi bonna ate nga n'embala ya Katonda

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

esigala nga kyeekimu, tetusobola kusuubira nti obunnabbi obulabika ng'obutatuukirira mu ndagaano enkadde bujja kutuukirizibwa ddala ng'abantu (oba bannabbi bennyini) bwe bayinza okuba nga baali boleseddwa. Travis annyonnola, "Kubanga obunabbi busibwa ku mbeera ebaawo, bukozesa ebigambo ebikwatagana n'ebiseera embeera eyo w'ebeererawo. Ibulayimu asuubizibwa ensi. Abawang'anguse okuva e Yerusaalemi eyazikirizibwa basuubizibwa Yeekaalu empya (Ezeek 40-48). . . . Era kubanga obunabbi bwogera ku mbeera emanyiddwa, bwe bumala okutuukirizibwa (eky'okulabirako), mu kukomawo okuva mu buwang'anguse), tetuyinza kubuteekesa mu nkola mu bujjuvu mu mbeera endala ebeera ezze oluvannyuma (eky'okulabirako, Obuvanjuba obwa Wakati olwaleero). Ekinene ennyo, tuyinza okulaba okukkiriziganya kw'ennyiriri okw'awamu, ng'Endagaano Empya bw'ekola, wakati w'embeera nabbi gy'ayogerako n'embeera ya 'Isiraeri' eya leero, ekkanisa. . . . Kubanga engeri y'obunabbi eraga embeera z'ekiseera kye bwakolebwamu, tetulina kwewuunya okusanga nti butuukirizibwa nga tebugoberera ebigambo ebyakozesebwa obutereevu. Okutwala akaseera okukirowoozaako kutulaga nga bwe tutasaana okusuubira okutuukirizibwa kw'obunabbi obumu nga kugoberera ebigambo ebyakozesebwa mu kuwa obunabbi obwo. Eky'okulabirako, waliwo obunabbi bwa Isaaya obw'ekiseera Asuria, Misiri ne Isiraeri lwe zijja okubeera mu bumu ne zifuukira ensi omukisa (Isaaya 19:19-25). Olwaleero Asuria tekyaliwo ng'eggwanga, n'abantu ba Misiri abasinga baawufu nnyo okuva ku Bamisiri ab'ebiseera bya Isaaya. Kizibu obunabbi ng'obwo okutuukirizibwa nga ebigambo byabwo bwe bigamba, newakubadde buyinza okuba ekifaananyi eky'emirembe egiri wakati w'Abayudaaya n'Ab'amawanga egisobose olwa Kristo (Abaefeso 2:11-22), oba enkolagana eza namaddala wakati w'abantu ab'amawanga gonna mu bwakabaka bwa Katonda obusembayo." (Travis 1982: 136, 138)

9. <u>Enkola ey'omugundu ey'Endagaano Empya ku bunnabbi bw'Endagaano Enkadde.</u> Amakulu amajjuvu ag'ekitundu kyonna oba obunnabbi obw'enjawulo gayinza obutategeerekeka bulungi okuggyako nga Bayibuli yonna n'omutendera gw'ebyafaayo by'obununuzi bitunuuliddwa. Dennis Johnson ensonga eno ajiraga bulungi: "Okusoma Bayibuli mu nsonga y'omulamwa nga *Ekigambo kya Katonda* kirina okuzingira obusukkulumu bwa ekimalirizidwa nga enonga enkomerera ey'ekitundu kyonna ekigere." (Johnson 2007: 156). Endagaano Empya ekosa obunnabbi bw'Endagaano Enkadde. Mu butuufu omuntu ayinza okugamba nti Endagaano Empya ekyuusa obunnabbi obw'endagaano nkadde era y'singa okuvvunula obunnabbi obw'endagaano enkadde. Obunnabbi kitundu kikulu [endagaano] "Empya mw'eri mu [ndagaano] Enkadde nga *ekwekeddwa* ate Enkadde *n'ebikirwa* mu mpya." Bwe kityo," tekiba kituufu okusemberera ekiwandiiko ky'Endagaano Enkadde ng'olinga agamba nti Endagaano Empya teyawandiikibwa" (Walker 1996: 313).

a. *Okubikkulirwa okugenda kweyongerayongera.* Graeme Goldsworthy ayogera ensonga enkulu ey'okunnyonnyola, "Tekisoboka okuva mu Ndagaano Enkadde yokka okutegeera ekipimo ekijjuvu eky'ebikolwa bya Katonda n'ebisuubizo bye by'awandiika" (Goldsworthy 1991: 54). Ensonga lwaki Endagano Enkadde yokka tetuusa makulu gaayo amajjuvu agasirikitu ye njigiriza y'okubikkulirwa okugenda nga yeyongereyongera, i.e., amazima ga Bayibuli tegabukkulirwa omulundi gumu naye gatubukkulirwa mpolampola okumala ekiseera.[1] Bwe kityo, Endagano Enkadde kwe kutegeka enjiri; Ebitabo by'Enjiri kwe kwolesebwa kw'enjiri; Ebikolwa kwe kugaziya enjiri, Ebbaluwa ze zinnyonnyola enjiri; era Okubikkulirwa kwe kutuukirizibwa kw'enjiri. Yesu n'abawandiisi ab'Endagaano Empya kino bakitegeera. Baalaba Endagano Enkadde yonna nga ngeri emu oba endala ekitabo ekikwata ku Yesu. Ye muntu ow'omu masekkati era omulamwa ogw'okutabaganya[2] era ye "kwe kubikkulirwa okusembayo era okujjuvu kw'ebyo ebisuubizo bye bikwata ko ddala." (Goldsworthy 1991: 64).

Kubanga Bayibuli ye emboozi ey'ekommerero ekwata ku Yesu Kristo eyabukkulirwa mu bulambulukufu mu Ndagaano Empya mwokka, abawandiisi b'Endagaano Empya okutwalira awamu batunuulira Endagano Enkadde mu "ngeri y'ebika" (Ramm 1970: 260–69; Goldsworthy, 1991: 67–69). Endagaano Empya ebikula nti Yisirayiri nga eggwanga ly'Endagaano Enkadde, era nga amateeka gonna, emikolo, n'ebitongole n'obunnabbi bw'Endagaano Enkadde obukwata ku nsonga eyo, byali bika, bisiikirize, kkopi oba eby'okulabirako by'ebintu ebituufu ebyatuukirira era ne bisikirwa mu Kristo n'ekkanisa ye.[3] Willem VanGemeren alaga nti, "Okujja kwa Mukama waffe kwa kyuusa nnyo okutegeera

---

[1] " Okubikkulirwa okugenda kweyongerayongera kitegeeza nti okubikkulirwa kwa Kaonda tekwaweebwa mulundi gumu mu ntandikwa, wabula kwabikkulwa mu mitendera okutuusa ekitagaala ekijjuvu eky'amazima lwe kyabikkulwa mu Yesu Kristo" (Goldsworthy 1991: 64).

[2] **Luk 24:25-27, 44-45; Yok 5:39-40, 46; Bik 3:18, 24; 10:43; 26:22-23; 2 Kol 1:20; 1 Peet 1:10-12; Beb 1:1-3**.

[3] **Laba Mat 5:17; 1 Kol 10:1-6; 2 Kol 3:12-16; Bag 3:23-4:7, 21-31; Bak 2:16-17; Beb 1:1-2; 8:1-10:22**.

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

kw'Endagaano Enkadde. Abayigirizwa bategeera obusukkulumu mu musana gw'obuwereza bwa Yesu, obubaka n'okugulumizibwa. Okutegeera okw'ennono okw'ebigambo bya Musa ne bannabbi kwalina okukyuuka ennyo okusinziira ku kujja kwa Mukama waffe." (VanGemeren, 1990: 83)

Edward Young annyonnyola amakulu ag'enkyuukakyuka ag'okujja kwa Kristo nga assa ekitiibwa mu nsonga za engeri y'okusemberera obunnabbi obw'Endagaano Enkadde mu ngeri y'okuvvunula okw'awaamu: "Okubikkulirwa okwaweebwa bannabbi walina ekintu ekyekusifu okubukkwatako. Kwali kumanyiddwa ng'ebirooto n'okwolesebwa era oba olyawo nga enjogera ez'ekyama. . . . Kubanga okubikkulirwa okwaweebwa bannabbi kwali tekutegereekeka bulungi nga okwaweebwa Musa; mazima ddala, okuva bwe kiri nti kwalina ebintebizibu okutegeera, tulina okulowooza ku nsonga zino nga tuvvuunula obunnabbi. N'olwekyo tulina okuleka omulundi gumu n'emirembe gyonna etteeka ekyamu era eritali lya byawandiikibwa erya "ebikwatikako bwe kiba kisoboka." Olulimi olw'obunnabbi lwali lwa byanfuna bya Musa era n'olwekyo, lwali lwa bulijjo. Okujjako nga kutukiridde mu musana gw'Endagaano Empya lwe busobola okuvvunulwa obulungi." (Young 1952: 54, 215n.21) Nga Steve Lehraegeerer bw'agamba, tulina"bulijjo okusoma ebyawandiikibwa by'endagaano Enkadde okuyita mu galubindi y'ebyawandiikibwa by'Endagaano Empya." (Lehrer 2006: 177). Engeri Endagano Empya gy'etukirizaamu ebika bya Endagano Enkadde n'ebisuubizo si kyeyoleka. Goldsworthy alaga nti,"Kyali tekyeyoleka nti Yesu yatukkirza ebisuubizo bya Endagaano Enkadde. Abayudaaya abo atatunuulira okutukkiriza kw'ebisuubizo by'Endagaano Enkadde mu buliwo balemwa okulaba Yesu nga omutuukiriza." (Goldsworthy 1991: 65–66)

b. *Engeri y'okutuuzibwa kw'obunnabbi.* Olw'obutonde obw'enkyuukakyuuka obw'okujja kwa Kristo n'okutongozebwa kw'Endagaano Empya, *engeri* obunnabbi bw'Endagaano Enkadde gye butukirizibwamu mu mulembe gw'Endagaano Empya byolekedde okuba obw'enjawulo ku *ngeri* y'Endagaano Enkadde obunnabbi bwennyini mwe bwaweebwa mu kusooka. Endagano Empya ezimba ku ndowooza ya Endagano Enkadde, emirundi mingi mu ngeri ezeewuunyisa. Kino kirina ekikulu ekivaamu oba ekivaamu ku bikwata ku ngeri n'ebirimu mu kutuukirizibwa kw'obunnabbi mu Ndagaano Enkadde. David Holwerda annyonnyola, "Okutuukirira kubaawo , ebitongoole ebyali ebika oba obubonero bw'ekintu ekyo ekituufu buba tebukyeetagisa. Busangulwa olw'ensonga entuufu gye bulaga." (Holwerda 1984: 74–75) Goldsworthy agattako, "Kino kitegeeza nti engeri n'ebirimu kutukirizibwa bisukuluma nnyo ku ngeri n'ebiri mu bisuubizo byennyini. . . . *Obuliwo* bulimu ensobi ey'amaanyi ennyo ey'obutawuliriza ekyo Ndagaano Empya ky'eyogera ku kutuukirizibwa. Kitwala nti okutuukirira kulina okukwatagana ddala n'engeri y'ekisuubizo." (Goldsworthy 1991: 65, 67)

Newankubadde nga abawuliriza aba Endagano Enkadde abaasoka bayinza okuba nga baategeera obunnabbi mu ngeri emu, nga Endagano Empya oba mu bulambulikufu oba mu ngeri etegeerekeka obunnabbi obw, Endagaano Enkadde su kituufu "okugezaako ekifo eky'okutabaganya nga okunenya kw'Endagaano Empya okw' [obunnabbi obw'Endagaano Enkadde] kukkirizibwa, naye okutegeera kw' Endagaano Enkadde [okw'okunnabbi] mu ngeri emu oba endala ku kkirizibwa okuyimirira, nga tekukyusiddwa era nga tekufunye buzibu bwonna." (Walker 1996: 313). E. F. Kevan bw'ayogera, "Eby'okulabirako by'okukyuusa obunnabi biyinza okulabibwa mu bwakabaka bwa Dawudi, Omuweereza, Abantu Abalonde, Olusozi lw' Sayuuni, ekitongole ky'okusinza okuyita mu Kabona n'ebiweebwayo era esuubi lya Masiya. . . . Mukama waffe yennyini yakyusa endowooza nnyingi ez'Endagaano Enkadde gamba nga Ssabbiti, Okwoonoona emikolo, yeekalu n'obwakabaka bwa dawudi. Okukyuusa mw'ekyo ekisembayo kye kyaletera abayidaaya okumutta." (Kevan 1954: 27)

c. O*kuddamu nate okutaputa obunnabbi bw'Endagaano Enkadde mu Ndagaano empya.* Endagaano Empya eraga nti amakulu ag'enkomerero n'okutuukirizibwa kw'obunnabbi mu Ndagagaano enkadde bisukka wala ebintu *"eby'omubiri"* ebya Yisiraeri ey'edda. Mu butuufu, nga George Eldon Ladd bw'agamba, "Endagaano Enkadde teyasobola kulaba ngeri ku obunnabbi bwaayo bwebunatukirizibwa" Bwatukirizibwa mu ngeri etalabibwa Ndaganoo nkadde ku bwaayo era n'abayudaya tebakisuubira. Okusinzira ku kujja kwa Kristo okwaasoka, *Eddagaano Enkadde etaputwa Ndagaano mpya*." (Ladd 1977: 27, okkuggumiza kiri mu kyasooka) Wadde abamu bayinza okugamba nti NT, "efuula nnyo ey'omwoyo" obunnabbi bw'Endagano Enkadde, kyandibadde kituufu okugamba nti Endagano Empya, *eddamu okutaputa oba eddamu okukozeesa* obunnabbi bwa Endagano Enkadde. Mu Ndagano Empya obunnabbi butukirizibwa era n'eburagibwa mu mubiri naye mu puya, mu kisumuluuzo

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

eky'omwoyo. Ekisuubizo ky'ensi mu Ndagaano ya Yibrayimu n'obunnabbi bwakabaka n'obwakabona bw'abaleevi mu Ndagaano ya Dawudi' ebyogeddwa ko waggulu biraga engeri Endagano Empya bw'ekyuusa ennyo bw'eddamu okutaputa obunnabbi bwa Endagano Enkadde,.

(1) Ekisuubizo ky'ensi mu Ndagaano ya Ibulayimu (**Lub 12:1-3**). Endagaano Empya eddamu okunyonnyola ensi Kanaani nga ekifaananyi eky "ensi" eya ddala—ensi mu bulamba bwayo (**Rum 4:13**); ekibuga eky'omu ggulu, Yerusaalemi Empya (**Beb 11:8-16; Kub 21-22**). Ekirala, omutima gw'ekisuubizo kya Isiraeri gwali "ekiwummulo" kya Isiraeri okuva eri abalabe baayo bonna, n'obugabirizi obujjuvu obw'ebyetaago bye byonna (laba **Ma 12:9-11; 25:19; Yos 1:23; Zab 95:10-11**). Ekyo nakyo kifuuliddwa obulokozi bw'abakkiriza oba ekiwummulo eky'omwoyo (**Beb 3:12-4:11**). Kale, mu **Rum 10:1-10** Pawulo anokolayo **Ma 30:12-14**, ekyogera mu Ndagaano Enkadde ku kugondera Mateeka ga Musa nga ekisuubizo kya Katonda okukomyawo Isiraeri eyeenenyezza mu nsi yaabwe. Addamu okunyonnyola ebisuubizo ebyo eby'Endagaano Enkadde nga ebisuubizo nti okukkiriza mu Kristo kujja kuvaamu obulokozi.

(2) Endagaano ya Dawudi (**2 Sam 7:12-16**). Obunabbi bwa Yeremiya ku kabaka n'obwakabona bw'Abaleevi mu Ndagaano ya Dawudi (**Yer 33:19-22**) bwatuukirizibwa mu Yesu Kristo. Obutafaanana n'ekyo Yeremiya ky'agamba, obufuzi bwa Kristo buva waggulu nga Mukama, so tebuva ku nnamulondo ey'oku nsi nga kabaka ow'eby'obufuzi/ow'ekinnamagye (**Bik 2:22-36; Beb 1:3**). Ekirala, obunabbi bwa Yeremiya ku bwakabona bw'Abaleevi obw'olubeerera tebuyinza kukwanaganyizibwa n'amazima ag'Endagaano Empya singa oli aba anoonya okutuukirizibwa "okw'oku nsi" kwokka okw'obunabbi obw'Endagaano Enkadde. Ensonga eri nti obwakabona bw'Abaleevi bwali "kifaananyi" oba "ekisiikirize" kyokka ekimaze okuteekebwa ebbali Kristo wansi w'Endagaano Empya (laba **Beb 7**). Endagaano Empya ekitangaaza bulungi nti kati ye Kristo n'ekkanisa ye abakola obwakabona obutaggwaawo (**Beb 4:14-15; 7:11-8:2; 1 Peet 2:5, 9**). Kale, "Yeremiya bw'ayogera ku kuzzibwa obuggya okw'eggwanga lya Isiraeri n'ekibuga kya Yerusaalemi, entuuko ey'emirembe n'emirembe etuula ku nnamulondo ya Dawudi efuga Isiraeri n'okubakuumira mu mirembe, n'obufuzi obw'ensikirano obw'emirembe n'emirembe ne bakabona Ab'Abaleevi abangi ennyo abawaayo saddaaka obutasalako, aba akozesa olulimi olw'ekifaananyi okunyonnyola okutuukirizibwa kw'Endagaano ya Katonda Empya; esingira wala ebifaananyi eby'Endagaano Enkadde" (Lehrer 2006: 91).

10. Eby'okulowoozaako eby'omulamwa ku kunyonnyola obunabbi. Tuteekwa okwegendereza mu nkozesa y'olulimi—totabula "ekya bulijjo" n"eky'omubiri." Garlington akaatiriza bulungi nti: Ebigambo "Eky'amakulu aga bulijjo" kirungi. Tulaba ebisaanyizo bya B. Ramm nti amakulu g'ebiwandiiko 'aga bulijjo' ge makulu 'amatuufu,' 'agalabikirawo,' era 'agasuubirwa.'" (Ramm 1970: 119-23), N'olw'ekyo, oluusi amakulu "aga bulijjo" ge makulu agasinziira ku njogera ekozesa ekigambo naye nga etegeeza kintu kirala." (Garlington n.d.: n.p.n.27; laba ne Poythress 1993: 48-52). Tuyinza n'okugamba nti, enger i "eya bulijjo" ey'okuvuunula ekitontome kwe kukivvuunula "ng'ekitontome"; engeri "eya bulijjo" ey'okuvvuunula obubonero kwe kubuvvuunula "ng'obubonero"; engeri "eya bulijjo" ey'okuvvuunula enjogera ekozesa ekigambo naye nga etegeeza kintu kirala kwe kugivvuunula okusinziira ku kikula ky'enjogera eyo."

a. *"Abavvuunuzi b'obunabbi" aba leero bangi tebategeera ngeri ki Endagaano Empya gy'ekozesaamu obunabbi bw'Endagaano Enkadde, kubanga batunuulira obunabbi obw'Endagaano Enkadde nga obuyimirira ku bwa nnamunigina era obuteekwa okutuukirizibwa mu ngeri eya bulijjo, ey'omubiri mu ggwanga lya Isiraeri eya leero.* Okutegeera kwabwe kulinga okw'Abafalisaayo abaalemwa okulaba Yesu nga Masiya, kubanga teyafaananyizibwa n'endowooza yaabwe enyimpi era "ey'omubiri" ekwata ku kiki Masiya kye yalina okubeera (kwe kugamba, omufuzi ow'ekinnamagye era ow'eby'obufuzi owa Isiraeri). *Era* basubwa amazima nti ebyo ebiri mu Ndagaano Enkadde byali *"kisiikirize busiikirize eky'ebyo ebigenda okujja; naye nga omubiri gwe gwa Kristo"* (**Bak 2:17**). Eky'okulabirako, newakubadde bangi balowooza nti ekyo "eky'amakulu aga bulijjo" kiyinza okuba kya mubiri kyokka, n'ekitali kya makulu aga bulijjo kiteekwa okuba nga si kya mubiri, omuwandiisi wa **Beb 8:1-10:1** "atuweera ddala ennyinyonnyola eyolekaganye n'eyo: ekifo awatukuvu ekya bulijjo ky'eky'omu ggulu n'eky'ekifaananyi ky'eky'oku nsi" (Beale 2004: 295).

b. *Ekizibu ky'abanyonnyozi ng'abo kiri nti mu bukyamu balowooza nti "ekirina amakulu aga*

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

*bulijjo" kye kimu "n'eky'omubiri," era nti ekyo ekyolekagana n"ekirina amakulu aga bulijjo" "kya mwoyo."* Amazima gali nti ekyo ekyolekaganye ne "ekirina amakulu aga bulijjo" kya "nkozesa y'ekigambo ekimu okunyonnyola ekirala," so si "kya mwoyo"; "eky'omwoyo" ky'ekyo ekyolekaganye ne "eky'omubiri" (laba Tegart 1999: n.p.).

(1) Entegeera y'ebigambo ebyo eri bweti:

(A) *Eky'amakulu aga bulijjo*—amakulu agasuubirwa, amatereevu ag'ekigambo; *"eky'amakulu aga bulijjo" kilekamu olulimi ol'ebifaananyi,* naye nga mu mbeera ng'eyo kiba kyogera ku "mazima aga bulijjo."

(B) *Ekikozesa ekigambo ekimu okunyonnyola ekirala*—wano abantu, emikolo, n'ebintu tebirina kutegeerwa mu "makulu gaabyo aga bulijjo," naye nga biriwo mu kifo ky'ebirala era birina makulu malala.

(C) *Eky'omubiri*—ekikwatika, kirina omubiri; "eky'omubiri" tekirina kutabulwa ne "eky'amakulu aga bulijjo," kubanga obubonero, engero, n'ebisoko bitera okubaamu ebintu "eby'omubiri", n'amazima ag'omwoyo "mu butuufu" weegali naye nga si ga mubiri.

(D) *Eky'omwoyo*—Ebintu oba endowooza ezitali za mubiri, oba obwakabaka obw'omwoyo; "eky'omwoyo" tekirina kutabulwa ne "ekikozesebwa okunyonnyola ekintu ekirala" newakubadde ekyo ekikozesebwa okunyonnyola ekintu ekirala kiyinza okubaamu ebitundu "eby'omwoyo."

(2) Ebigambo ebyo ebina biyinza okugattibwa wamu nga wano wammanga:

(A) *Eky'amakulu aga bulijjo n'Eky'omubiri*—katugambe, ensi; omuntu afa; obwakabaka mu **1 Sam 14:47.**

(B) *Eky'amakulu aga bulijjo n'Eky'omwoyo*—katugambe, eggulu, Katonda; bamalaika; amazima; obwenkanya; okwagala; obwakabaka mu **Mak 1:15** ne **Luk 17:20-21.**

(C) *Eky'omubiri n'Ekikozesa ekigambo ekimu okunyonnyola ekirala*—katugambe, okulamaga mu *The Pilgrim's Progress* ekya John Bunyan*;* Agali, Saala, Olusozi Sinayi, ne Yerusaalemi eya leero nga bw'enyonnyolwa mu **Bag 4:21-31;** ekisumuluzo, olujegere, n'obunnya obutakoma mu **Kub 20:1.**

(D) *Eky'omwoyo n'Ekikozesa ekigambo ekimu okunyonnyola ekirala* —"Screwtape" mu *The Screwtape Letters* ekya C. S. Lewis*;* "ogusota" ogwa **Isa 51:9; Kub 12:9; 20:2.**

11. Okwolesebwa n'olulimi lw'obubonero. Obunnabbi bungi obwa bayibuli, n'okusingira ddala ekitabo ky'Okubukkulirwa, kyaweebwa mu kwolesebwa n'olulimi lw'obubonero. Okwolesebwa n'olulimi lw'obuboneero tekulinga okusomesa okw'olwattu okuli mu baluwa oba okunyumya engero okuli mu bitabo ebitaano ebya Musa, ebitabo by'ebyafaayo mu Ndagaano Enkadde, Enjjiri oba ebikolwa by'abatume. Banabbi ab'Endagaano Enkadde baateranga okulagula mu ngeri y'*okwolesebwa, engero, n'"ebikokyo*" (laba **Zab 78:2; Ezeek 17:2; 20:49; 24:3; Kos 12:10; Mat 13:35**). Mu ngeri y'emu, omulamwa gw'Okubikkulirwa omugazi gwonna nga bwe guli, okutandika n'enkozesa ya **Kub 1:1** eya *sēmainō* ("okukozesa obubonero mu kwogera") ne *deichnumi* ("okulaga"), wamu n'okukozesebwa kw'ebigambo "Ne ndaba" okw'omudiring'anwa (oba ebigambo ebifaanana ng'ebyo) ebikozesebwa okuleeta okwolesebwa okw'obubonero okuyita mu kitabo kyonna (laba **Kub 4:1; 12:1-3; 13:1-3; 14:1; 17:1-3**), kulaga "ekikula ky'obubonero eky'awamu eky'empuliziganya eyo," okwolekagana n'okumala gawaayo amawulire mu ngeri y'okutwaliza awamu (Beale 1999: 973; laba ne ibid., 50-53).

a. *Amakulu g'ebigambo eby'okwolesebwa "tegalabikirawo."* Okwolesebwa n'obubonero biringa ebifaananyi ebikubibwa n'engalo ebikozesebwa mu mpapula z'amawulire. Olulimi olw'okwolesebwa n'olw'ebifaananyi olukozesebwa ennyo mu bunabbi lutwetaagisa okulowooza ku bifo bina eby'empuliziganya n'okubyawula: (1) *ekifo eky'olulimi* (ebiwandiiko byennyini); (2) ekifo eky'okulaba (ebyo Yokaana bye yalaba; "bye yafuna okuyita mu kulaba"); (3) ekifo eky'ebyogerwako (abantu oba ebintu ebyenjawulo ebyogerwako); ne (4) *ekifo eky'obubonero* (okuvvuunula kw'ekyo akabonero kye kategeereza ddala mu kwogera ku kintu.) (Poythress 1993: 41-42).

b. *Kino kya mugaso bwe tudda ku ky'ennono z'okunyonnyola n'okuvvuunula.* Endowooza nti omuntu alina okuvvuunula okusinziira ku ntegeera y'ebigambo "eya bulijjo" okujjako w'aba akakiddwa okuvvuunula okusinziira ku bubonero ng'akozesa ebintu ebilagiddwa obulungi ebikwata ku mulamwa erina kuwagirwa bwe kituuka ku

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

kuvvuunula Okubikkulirwa n'obunabbi obulala (naddala obulagula [laba ekitundu 7 ku nsonga emu, wansi]) kubanga, newakubadde ebitundu si bya bubonero, "omulamwa gw'ekitabo gwa kifaananyi" (Beale 1999: 52).

c. *Eky'okulabirako ky'ekyo kiri mu **Kub 20:1-6.*** Mu kitundu ekyo, Yokaana: "akozesa ebigambo 'emyaka lukumi,' 'okuzuukira,' ne 'obulamu' kubanga yalaba ku *eddaala ery'okulaba* abantu abaali bazuukidde ne baweebwa obulamu emyaka lukumi. Kubanga ebintu by'alaba n'ebyo by'awulira are by'alabye ne by'awulidde mu kwolesebwa, tebirina *kusooka* kutegeerwa mu ngeri eya bulijjo naye birina okulagibwa ne bituusibwa eri abantu, eddaala ery'*obubonero* ery'okwolesebwa okwo. Eky'okugamba nti okwolesebwa okwo kujjudde obubonero kilabikirawo okuva ku kikula ky'obubonero eky'ebigambo nga 'olujegere,' 'obunnya,' 'ogusota,' 'omusota,' 'n'aggalawo,' 'n'ateekako akabobero,' ne 'ensolo.' N'olw'ekyo, ebigambo nga 'okuzuukira' ne 'obulamu,' ku bwabyo tebitulaga oba ekifaananyi eky'obubonero ekilagiddwa, eky'okwolesebwa kirina okukwatagana okwa bulijjo n'ekintu kye kyogerako awamu n'amakulu ag'ekifaananyi oba enkolagana ey'ekifaananyi eteri ntereevu. Okwekenneenya obulungi ebiwandiiko kwe kuteekwa okusalawo buli wamu." (Beale 1999: 973-74) Tuyinza n'okugamba ekintu kye kimu ku bigambo "emyaka 1000" mu kitundu ekyo eky'ebyawandiikibwa. Okutwala "amakulu aga bulijjo" ag'emyaka 1000 kwetaagisa, okusobola okukkiriziganya n'omulamwa, okumanya nti "ekisumuluzo" ne "olujegere" malaika byayogerako mu **Kub 20:1** bintu bya mubiri, era nti "obunnya" mu **Kub 20:3** kinnya kyennyini ekiri ku nsi ekirina ekkufulu ey'omubiri "n'akabonero" ak'omubiri (Waltke 1988: 273; Jackson 2001: n.p.). Mazima, ekinnya ekyo si kintu ekitwala ekifo, naye kiyimirirawo ku lw'ekintu eky'omwoyo ekiriwo era ekitambula n'ekyo eky'oku nsi ne mu makkati gaakyo oba wansi waakyo. . . . Ekinnya kye kimu ku bifaananyi eby'enjogera ebyenjawulo eby'okufaanaganya ebitegeeza ensi ey'omwoyo setaani n'emizimu gye we bakolera emirimu gyabwe." (Beale 1999: 987) N'olw'ekyo, abanyonnyozi b'ebyawandiikibwa abakkiriza ekyo bangi, omuli Ladd (Ladd 1972: 262) ne Osborne (Osborne 2002: 701) bakkiriza nti "emyaka 1000" kabonero oba ekifaananyi. Osborne akilengera nti, "Emiwendo egikubisiddwamu emirundi kkumi gyakozesebwanga nnyo mu biwandiiko by'Oluebbulaniya mu ngeri y'obubonero, era kirabika nti kino kyogera ku kiseera ekitaliiko ekkomo era ekimanyiddwa" (Osborne 2002: 701).

12. <u>Okulung'amya okusembayo ku kuvvuunula obunabbi.</u> Awali omugaso gw'okukyuka okuva ku Ndagaano Enkadde okudda ku Mpya mu kuvvuunula obunabbi, okwekaliriza kwaffe kulina kubeera ku nono y'omwoyo ey'awamu oba ekirowoozo ekiriwo naye ekitalabika eky'ekika ky'obunabbi, okusinga okutunuulira "ekintu ekiteeberezebwa obuteeberezebwa." Zino wammanga ndowooza za kuvvuunula obubonero obw'obunabbi (Green 1984: 74-79; Oropeza 1994: 181-83):

a. *Kwata obubonero n'obuwombeefu*. Tuteekwa okukwata obunabbi n'omwoyo omuwombeefu. Kino naddala kya mugaso kubanga olulimi lungi olw'obunabbi luyinza okutegeerwa mu ngeri esukka ku emu era ya bifaananyi. Ne Danyeri yasanga obuzibu mu kutegeera okwolesebwa kwe (laba **Dan 8:27**). N'olw'ekyo eky'obunabbi bw'omu Bayibuli okubeera ekizibu okutegeera tekirina kutwewuunyisa.

b. *Weetegereze obukulu bw'okuteebereza okusinga okuwa ensonga.* Obunabbi tebuli ng'ebiwandiiko ebiyigiriza ebyogera butereevu nga ebisangibwa mu mabaluwa ga Pawulo. Ekikula ky'olulimi olw'obunabbi kyaleetera obunabbi okutekebwa ku biseera, embeera, n'engeri ez'okutuukirizibwa eby'enjawulo ebitaalabikirawo mu biseera eby'okukola obunabbi obwo mu kusooka. Ekirala, okwekenneenya ng'ogoberera ensonga tekusumululula enkozesa y'obubonero ey'okulowooza obulowooza. Ekirala, tuteekwa" okwetendeka okulowooleza mu bifaananyi."

c. *Amakulu ganoonyeze mu nyiriri eziriraanyeewo*. Enkozesa y'ebifaananyi mu kitabo ky'**Okubikkulirwa** eyinza okusangibwa mu Ndagaano Enkadde. Ekyo kiteekawo omulamwa, naye ate tuteekwa okwebuuza Yokaana yakozeasa atya akabonero?

d. *Noonya ekigendererwa kya nabbi eky'obusumba*. Eky'okulabirako, mu **Kub 2:10; 13:9-10;** ne **14:12** Yokaana ayita abasomi be okukola obwesigwa.

e. *Noonya ensonga enkulu*. Details ziyamba okunyweza ensonga enkulu nabbi gy'ayogerako.

f. *Weewale ebiwandiiko by'obunabbi ebikyamuukiriza.* Abo abeetwala nti bazudde amazima "agakwekeddwa" agakwata ku biseera eby'enkomerero, oba abavumbudde "ekyama" kya

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

Bayibuli batera kuba balimba.

g. *Manya nti obunabbi bungi obw'Endagaano Enkadde n'Empya bimaze okutuukirizibwa.* Wansi wa 2 ku kikumi eky'obunabbi obw'Endagaano Enkadde kikwata ku Masiya. Wansi wa 5 ku kikumi bunyonnyola omulembe ogw'Endagaano Empya. Wansi wa 1 ku kikumi bukwata ku biseera ebikyali mu maaso. Banabbi mu butuufu baayogera ku biseera eby'omu maaso. Naye byateranga okuba ebiseera bya Isiraeri eby'okumpi, Yuda, n'amawanga amalala ge baayogerako, okusinga ebiseera *ebyaffe* eby'omu maaso." (Fee ne Stuart 1982: 150).

13. Eby'obulaguzi. Mu biseera by'okuwang'angusibwa mu Babulooni n'oluvannyuma lwakwo, ekika ky'obunabbi ekiyitibwa "obulaguzi."[4] Ekika ekyo kyatandika mu mwaka 250 nga Kristo tannazaalibwa okutuuka mu 200 nga Kristo amaze okuzaalibwa mu biwandiiko by'Ekiyudaaya. Kisangibwa mu biwandiiko bingi ebitali mu Bayibuli. Ebiwandiiko by'obulaguzi mu Bayibuli okusinga bisangibwa mu bitabo bya **Danyeri** n'**Okubikkulirwa** (**Isaaya, Ezeekieri** ne **Zekkaliya** nabyo birimu ebitundu eby'obulaguzi). Emiramwa egisangibwa buli wamu girimu ebyafaayo n'enkomerero y'ebyafaayo, enkyukakyuka erimu akatabanguko mu nsi, n'olutalo wakati w'amaanyi ag'ebintu eby'oku nsi, n'okutereeza kw'ebitali bituufu n'okutuukirizibwa kw'enteekateeka ya Katonda n'obwakabaka bwe.[5]

a. *Eby'obulaguzi n'obunabbi.* "Kiba kirungi nnyo okutegeera eby'obulaguzi nga obunabbi obuteekeddwamu amaanyi. . . . Eby'obunabbi tebirina kulabibwa ng'eby'enjawulo nnyo okuva ku bunabbi, newakubadde birimu a heightening and more intense clustering of ebintu ebikwata ku buwandiike n'emilamwa ebisangibwa mu bunabbi" (Beale 1999: 37). N'olw'ekyo, endowooza ezo zonna waggulu ez'okutegeera obunabbi zikwata ku kikula ky'obulaguzi eky'obunabbi. Green ayongerako nti: "Mu kwawula wakai w'obulaguzi n'obunabbi, enjawulo esinga okumanyikirawo ekwata ku kkubo eriyitirwamu okutuusa obubaka obwo. Ekigambo ky'obunabbi 'kigambo kya Mukama' kiwa okubikkulirwa ekkubo okuyita mu kwolesebwa oba ekirooto. Enkozesa y'obubonero, ebifaananyi, emiwendo—ebilabiddwa mu biwandiiko by'obunabbi—byeyoleka n'okunyonnyolwa obulungi mu bulaguzi. Ebiwandiiko by'obulaguzi oluusi biddamu okuvvuunula obunabbi obwasooka; eky'okulabirako, Danyeri ayogera ku myaka gya Yeremiya ensanvu mu Dan. 9:2. Ekisinga okuba ekikulu, newakubadde, y'enjawulo mu ekyo obubaka kye butunuulidde. Banabbi baabuulira okukola kwa Katonda mu n'okuyita mu byafaayo. Abalaguzi baasuubira okuyingirawo kwa Katonda n'amaanyi ku nkomerero, okusukkuluma ku byafaayo." (Green 1984: 62)

b. *Obulaguzi n'ebyafaayo.* Wadde ng'aba apocalyptist essira baalitadde ku nkomerero y'ebyafaayo. ebibbaddewo mu kiseera ekyo bya makulu: "Okwawukana n'ekyo, mu ndowooza ey'obulaguzi, ekyo kye tulabako olwaleero ye kituuti ekiluubirirwa kya Katonda kwe kituukirira. Mu ntegeera eyo waliwo okugenda mu maaso wakati wa 'wano' n'eky'oluvanyuma.'" (Green 1984: 62) Aba apocalyptist baatwala Katonda ng'afuga ebyafaayo. Y'atambuza ebyafaayo okutuka ku nkomerero gye yategeka. Mu kutuukirizibwa abeesigwa ba Katonda bajja kununulibwa era bajja kusasulwa. Kino kituufu nnyo mu kulagula kw'Ekikristaayo nga mu Kubikkulirwa. Oluvannyuma lw'ekikolwa kya Katonda ekisalawo eky'obulokozi mu Kristo enkomerero y'ensi eri mu mikono gya Katonda n'omwana gw'endiga."(Ulfgard 1989: 11) Era, newankubadde ng'ebiwandiiko bingi eby'okuzikirizibwa biraga enkaayana ennene era ekyo, mu maaso gaffe, ekiyinza okulabika ng'ebifaananyi eby'ekitalo, abazikirizibwa baasigala nga bantu ab'essuubi.

**E. *Engero n'enjogera ey'ebifaananyi***

1. Olugero olwogera ku kintu butereevu n'olukozesa ebigambo naye nga lutegeeza kintu kirala byombi biyinza okulabibwa nga enjogera egeraageranya oba efaanaganya ebintu ebibiri nga ebuulira ku kintu ekyaliwo kyokka nga egaziyiddwamu—kwe kugamba, ebyafaayo oba engero omuli abantu oba ebintu nga baliwo mu bifo by'ebirala, okutwaliza awamu olw'okunyonnyola amazima ag'omwoyo.

---

[4] Ekigambo "Enkomerero Y'Ensi" kikozesebwa ng'ekigambo ekiraga ekintu n'erinnya. Abanoonyereza abamu bagamba nti "Enkomerero Y'Ensi" kunyonyola ng'ekika ekimu eky'enkomerero ate "Enkomerero Y'ensi" kitegeeza ekika ky'ebiwandiiko ekimu. Laba Carson ne Moo 2005: 714. Naye abawandiisi abasinga bakozesa "Enkomerero Y'ensi" okulaga byombi omutindo gw'ebiwandiiko [4]n'ekika ky'enkomerero. Ekigambo kino kijja kukozesebwa mu makulu gaakyo amagazi wano.

[5] Omusomo omulungi ogw'ebitundu bisatu ogw'amaloboozi ogwaweebwa D. A. Carson ogukwata ku nkula n'enkola y'enkomerero y'ensi, nga essira liteekeddwa nnyo ku kitabo ky'Okubikkulirwa, ekituumiddwa "Okubuulira Enkomerero Y'Ensi," eziyinza okuwulirwa oba okuwanulibwa ku bwereere, zisangibwa ku: http://resources.thegospelcoalition.org/library?utf8=%E2%9C%93&query=carson+preaching+apocalyptic.

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

Olw'okuba nti ziyinza okwawukana, olugero luyinza okuba olumpi, lwangungu, luyigiriza okusinga, n'okuyungibwa, butereevu oba mu butali butereevu, ku kintu.

2. Olugero olukulu mu Ndagaano Enkadde kwe kusisinkana kwa nabbi Nasani ne Dawudi mu **2 Sam 12:1-10** (laba ne **Balam 9:1-21; 2 Bassek 14:8-10; 2 Byom 25:17-19**). Newakubadde ekisoko kitera kuba *lugero oluyiiye* olubuulirwa okutangaaza amazima ag'omubiri oba ag'omwoyo, Pawulo yakozesa olwa Saala ne Isaaka n'aleka olwa Agali ne Isimaeri (laba **Lub 17:15-21; 18:9-15; 21:1-21**) nga ekisoko eri Abakkiriza Abakristaayo okuwakana n'Abayudaaya abatakkiriza (laba **Bag 4:21-31**).

3. Omulamwa ogwa wakati ogugatta engero za Yesu bwe bwakabaka bwa Katonda, obuliwo kati naye obujja okutuuka obujjuvu bwabwo mu biseera eby'omu maaso. Obwakabaka ge "maanyi ga Katonda agagenda geeyongera okwolesebwa ag'okwebikkula kwa Katonda mu kutonda abantu abaweereza Yesu mu buli kitundu eky'obulamu bwabwe " (Blomberg 1990: 326). Obwakabaka bulimu okukyusibwa kw'omuntu n'okuzza obuggya okw'abantu. Mu ngero ze, "Yesu alina emiramwa esatu emikulu gy'ayogerako: ekisa kya Katonda, obwetaavu bw'obuyigirizwa n'akabi akali mu bujeemu" (Ibid.).

4. Yesu yakozesa engero "okufuna ennyanukula okuva eri abawuliriza, ennungi oba embi " (Osborne 1991: 241). Ekkubo limu lye yayitamu okukola ekyo lyali kuzza kyennyumannyuma okusuubira kw'abantu oba okubeera n'engeri gye yanyoolangamu ebintu ebimu ebyengero ze. "Omusamaliya eyakyayibwa, so si kabona oba Omuleevi, y'alina okusiba ebiwundu by'omuntu eyagwa mu batemu (**Luk 10:30-37**); Abasamaliya be baalinga abantu abanyazi so si abalokozi!); omwana omwonoonyi w'ebintu y'akolerwa embaga (**Luk 15:11-32**); abaavu n'abalema be batuula mu mbaga enkulu (**Luk 14:15-24**); omuwanika akyusa empapula za mukama we ez'amabanja atenderezebwa (**Luk 16:1-13**). Mu kukola ekyo Yesu ayinza okuwaliriza omuwuliriza okufuna entegeera empya ey'amazima g'obwakabaka bwa Katonda." (Osborne 1991: 243)

5. Yesu yakozesa engero okubikkula n'okukweka, ebiseera ebisinga okusinziira ku bawuliriza be (laba **Mat 13:10-17; Mak 4:10-13**).

a. *Yesu yabikkula amazima ng'ayita mu:* (1) kutangaaza ekintu mu ngeri eyinza okujjukirwa; (2) okwongera okulowoozesa abantu abaali tebafuniddeewo bulungi amakulu g'ebyo bye yayogeranga; ne (3) okufuba okuwangula abawuliriza okubakkirizisa enikiriza ze oba okweyisa mu ngeri gye yali ayagala beeyise .

b. *Engero zikweka singa:* (1) omuwuliriza alemwa okunyweza amakulu g'ekimu ku bigambo ebikozesebwa mu lugero naye nga byogera ku bintu birala; oba (2) ne bw'ategeera amakulu, omuwuliriza agaana okukyusibwa kw'ayitiddwa okukola mu bulamu bwe. Kale, mu **Mak 12:12** abakulembeze Abayudaaya baategeera nti Yesu yagerera ku bo olugero olukwata ku baddu ababi, naye baali tebakkiriza kukyusa makubo gaabwe era, mu kifo ky'okukola ekyo, baayongera amaanyi mu kumuzikiriza.

6. Yesu yanyonnyola butereevu engero bbiri zokka ku ezo ze yabuulira, olugero lw'ettaka (Mat 13:1-23; Mak 4:1-20), n'olw'eng'ano ennungi n'eng'ano ey'omu nsiko (Mat 13:24-30, 36-43). Naye, oluusi Yesu amaliriza olugero n'emboozi enyimpi (**Mat 20:16; Luk 12:21**) oba ekibuuzo (Luk 7:42; 10:36). Emboozi oba ebibuuzo ng'ebyo bitera okutunuulira omulamwa omukulu ogw'olugero olwo.

7. Ekisumuluzo ekituggulirawo ekkubo ery'okunyonnyola lugero kiri mu kumanya biki abantu abakulu, ebikolwa, oba obubonero kye bitegeeza nti.

a. *Ennono enkulu ey'okunyonnyola engero eri "ensonga enkulu emu ku lw'omuntu omukulu omu."* "Buli lugero lukola ensonga enkulu emu ku buli muntu omukulu ali mu lugero olwo—ebiseera ebisinga emu oba bbiri—era abantu abakulu abo be batera okusinga okuyimirira mu kifo ky'omuntu omulala atali bbo, ekitera okuwa olugero olwo ekikula kyakyo ekya ekisoko. . . . Mu kaseera ke kamu, ebintu ebirala ng'oggyeko abantu abakulu mu lugero bijja kuba n'ebyogerwako ebirimu enkozesa y'ebigambo ebitegeeza bintu birala bwe biba nga bigyamu n'amakulu agabiweereddwa ebintu ebyo eby'abantu abakulu, era okunyonnyola kwonna okw'ekika ky'ekisoko kiteekwa okuvaamu ekyo ekyalibadde kitegeerwa omuwulizi Omupalasitiina ow'omulembe ogwasooka." (Blomberg 1990: 163)

b. *Abantu abakulu mu lugero biriwo mu bifo by'ebintu eby'enjawulo eby'obwakabaka bwa Katonda—bitera okukwata ku Katonda, abantu ba Katonda, n'abo abatali bantu ba Katonda.* Eky'okulabirako ye mwana omwonoonyi w'ebintu bya kitaawe (**Luk 15:11-32**). Blomberg akinyonnyola bwati: "(1) Nga omwana omwonoonyi w'ebintu bwe yalina eddembe ery'okwenenya n'okukomawo eka, mu ngeri eyo aboonoonyi bonna, newakubadde babi kwenkana wa, bayinza okwatula ebibi byabwe ne bakyukira Katonda mu mutima ogumenyese. (2) Nga kitaawe bwe yadduka okugenda okutabagana n'omwana omwonoonyi w'ebintu, engeri eyo Katonda awa abantu bonna, wadde tebasaanidde, okusonyiyibwa kw'ebibi okungi bwe baba

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

nga bakkiriza okukutwala. (3) Nga omwana omukulu bwateetaaga kunyiiga olw'okukomyawo kwa muganda we eka wabula okusanyuka obusanyusi, engeri eyo abo abeetwala okuba abantu ba Katonda beetaaga okusanyuka so si kugwa ddalu olw'okuba nti Katonda atuusizza ekisa kye eri abo abatakisaanidde." (Blomberg 1990: 174)

c. *Eky'okuyiga ku Katonda ekya wakati oba okuyigiriza kw'engero za Yesu kulimu bino wammanga:*

(1) <u>Okuyigiriza ku Katonda.</u> Katonda ye nannyini buyinza. Alagira abaddu be nga bw'asazeewo. Mugumiikiriza. Atwala obulumi bungi okuzikiriza ekibi ekirungi nakyo we kyalibadde kisobola okwonooneka. Agaba mu bungi era wa kisa okusinga bwe tulowooza. Tagaba mpeera okusinziira ku bulungi bwaffe. Afuba nnyo okulokola oyo eyabula. Awa abantu bonna omulimu gw'obuwanika, era alibasalira omusango okusinziira ku bwesigwa bwabwe.

(2) <u>Okuyigiriza ku bantu ba Katonda.</u> Abo abaalibadde bagoberera Kristo mu mazima bateekwa okuba abeetegefu okuleka ebyo buonna ebiyinza okuziyiza obuyigirizwa obw'omutima ogwewaddeyo. Balaba obutasaanira bwabwe okuweebwa okuganja kwa Katonda. Bawaayo obulamu bwabwe eri obulamu obw'obuwanika, nga bagoberera ebiragiro bya Katonda, n'okulaga obuvunaanyizibwa eri abo abayigganyizibwa era abali mu bulumi. Baleeta obwetaavu bwabwe eri Katonda awatali kutya. Tebateekwa kunyiigira okugaba kwa Katonda okungi eri abalala, era bateekwa okumanya nti obujeemu bwabwe n'obuteesigwa bwabwe buyinza okubaviirako okufiirwa enkizo ezaalibadde ezaabwe. Amaaso gaabwe bagatadde ku kukula kw'obwakabaka, era abo abaligumiikiriza okutuuka ku nkomerero baliweebwa empeera ey'okusseekimu ne Katonda okutaggwaawo n'ekibiina ky'abakkiriza bonna.

(3) <u>Okuyigiriza ku abo abatali bantu ba Katonda.</u> Okwogera obwogezi okubeera omuntu wa Katonda oba Kristo tekimala; obulamu obulaga ebibala eby'okwenenya biteekwa okugoberera. Ebifo by'obukulu mu ddiini enteeketeeke tebitwala kifo ky'okwenenya okw'amazima n'ebikolwa eby'ekisa. Kati kye kiseera eky'okwenenya; era tewali kibi oba ekitatuuse kinene ennyo Katonda n'aba nti agaana okusonyiwa omutima omwenenyi. Ebyekwaso byonna eby'okusigala ebweru w'obwakabaka bya luwewere era tebiriimu nsa. Walibaawo olunaku ekiseera lwe kiriba kiweddeyo eky'okwenenya; awo abo bonna abaliba beepenye Katonda balisisinkana omusango ogw'entiisa n'okwawukana n'ebirungi byonna emirembe n'emirembe. (Blomberg 1990: 293-96).

d. *Ekikula ky'Engero za Yesu.*

(1) <u>Kkumi n'emu ku ngero za Yesu zirimu ekikula eky'ensonga essatu ennyangu.</u> Zirina abantu abakulu basatu abayinza okuvaako eby'okuyiga ebikulu bisatu; mu bantu abo mwe muli omukulu n'abamu ddako babiri abaaukana, abakiikirira Katonda, abantu be, n'abo abamugaana. Abo mwe muli: *Omwana omwonoonyi w'ebintu* (**Luk 15:11-32**); *Endiga eyabula* (**Luk 15:4-7**); *Ennusu eyabula* (**Luk 15:8-10**); *Abasajja ababiri ababanjibwa* (**Luk 7:41-43**); *Abaana Ababiri* (Mat **21:28-32**); *Abaddu abeesigwa n'abatali beesigwa* (**Luk 12:42-48; Mat 24:45-51**); *Embeerera Ekkumi* (**Mat 25:1-13**); *Eng'ano Ennungi n'Eng'ano ey'omu Nsiko* (**Mat 13:24-30, 36-43**); *Ekiragala* (**Mat 13:47-50**); *Omusajja Omugagga ne Lazaalo* (**Luk 16:19-31**); ne *Abaana mu Katale* (**Mat 11:16-19; Luk 7:31-35***).*

(2) <u>Kkumi ku ngero za Yesu ziraga ekikula ekirimu ensonga ssatu.</u> Newakubadde zirabika okubeeramu abantu abeeyongeddeko oba enzimba enzibu okusinga ekkumi n'emu ze tulabye waggulu, ku nkomerero ziraga nsonga nkulu ssatu ezisinziira ku bantu basatu oba ebibinja by'abantu bisatu. Mu abo mwe muli: *Talanta* (**Mat 25:14-30**; geraageranya ne **Luk 19:12-27**); *Abalimui mu Lusuku* (**Mat 20:1-16**); *Ettaka* **(Mat 13:1-23; Mak 4:1-20**); *Omusamaliya Omulungi* (**Luk 10:25-37**); *Embaga Ennene* (**Luk 14:15-24;** geraageranya ne **Mat 22:1-14**); *Omuddu Atasonyiwa* (**Mat 18:23-35**); *Omuwanika Omubi* (**Luk 16:1-13**); ne *Abakozi Ababi* (**Mak 12:1-12**).

(3) <u>Mwenda ku ngero za Yesu zirina ensonga enkulu bbiri.</u> Zirina abantu oba ebitundu ebikulu bibiri byokka era zirimu eby'okuyiga bibiri byokka. Tezirina omuntu omukulu mu lugero oba omuntu omu n'amuddako. Zirimu: *Omufalisaayo n'omuwooz w'Emisolo* (**Luk 18:9-14**); *Abazimbi Ababiri* (**Mat 7:24-27; Luk 6:47-49**); *Omuduu Atasaana* (**Luk 17:7-10**); *Ensigo Emeruka Yokka* (**Mak 4:26-29**); *Omugagga Omusirusiru* (**Luk**

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

**12:16-21**); *Omutiini Ogutabala Bibala* (**Luk 13:6-9**); *Omulamuzi Atalina Bwenkanya* (**Luk 18:1-8**); *Ow'omukwano Eyakyala Ekiro* (**Luk 11:5-8);** ne *Nannyini Nju n'Omubbi* (**Mat 24:43-44; Luk 12:39-40**).
(4) Mukaaga ku ngero za Yesu zirina omuntu omukulu omu yekka era zikola nsonga nkulu emu yokka. Ezo zirimu: (**Mat 13:44**); *Eruulu ey'Omuwendo Omungi* (**Mat 13: 45-46**); *Akaweke ka Kalidaali* (**Luk 13:18-19**); *Ekizimbulukusa* (**Luk 13:20-21**); *Omuzimbi w'Ennyumba* (**Luk 14:28-30**); ne *Kabaka Agenda ku Lutalo* (**Luk 14: 31-32**).

**F. *Ebbaluwa***

Ebbaluwa zaawandiikirwa amakanisa agaali gamanyiddwa oba ebibinja by'amakanisa, oba eri abantu sekinn'omu. Zaali bbaluwa "za kiseera," ekitegeeza nti zaawandiikibwa oluvannyuma lw'okulabika mu makanisa ago, era nga zikola ku bizibu ebyo oba embeera ezaabireeta.

1. Ebbaluwa ez'omulembe ogwasooka zaatandikanga n'ennamusa eyalingamu "ebigambo ebisooka" eby'ekika kya, Okuva eri A, eri B." Abawandiisi ba Bayibuli baateranga okugaziya ennamusa eno. Ebbaluwa zaawandiikibwanga ku nsonga ezaali zikwata ku abasomi baazo, era zaali zisuubirwa okutegeerwa abasomi abo. Eky'okuba nti **Kub 1:4** kiwandiiko kya bbaluwa kiraga nti ekitabo ky'**Okubikkulirwa** yali bbaluwa, era nga bunabbi (**Kub 1:3; 22:18**). Ekyo kiraga nti ekitabo ky'Okubikkulirwa tekikoma ku "biseera eby'oluvannyuma" ebimu, ebikumi n'ebikumu by'emyaka mu maaso, naye kikwata ne ku biseera ebiriwo. Ekirala, ebifaananyi bye kiraga byali bisuubirwa okutegeerwa abasomi ab'omulembe ogwasooka (laba ne **Kub 22:7**).
2. Ebbaluwa zirina ekikula eky'okuyigiriza. Zituyigiriza so si ekyo kye tulina okukkiriza kyokka, naye ne lwaki tukikkiriza, n'engeri ey'okukozesaamu kye tukkiriza. Ebbaluwa, mu ngeri nnyingi, "nteeketeeke okusinziira ku nkola" okusinga, oba zeesigamizibwa kukubaganya birowoozookw'ensonga, okusinga ebika ebirala. Wabula, zonna si biwandiiko ebiteeketeeke, ebisinziira ku nsonga. Wabula, nazo zirinamu ebitundu eby'ebika ebirala byonna.

**V. Ennono z'Okwekenneenya Ebyawandikibwa bya Bayibuli**

Ennono ezo waggulu ez'okunyonnyola bulijjo zikola omuntu buli lw'agezaako okutegeera n'okunyonnyola Bayibuli. Ekitundu kino wammanga kinyonnyola engeri ey'okunyonnyola ennono ezo mu kwekenneenya n'okunyonnyola ekitundu ky'Ekyawandiikibwa.

**A. *Eby'okulowoozaako ebisookerwako mu kutandika okunyonnyola n'okuvvuunula***

1. Tandika n'okusaba, obeere n'endowooza ejudde okusaba obudde bwonna ng'osaba, oyiga, n'okunoonya okutegeera ekitundu. Jjukira **1 Bak 2:12-14**: [12]*Naye ffe tetwaweebwa mwoyo gwa nsi, wabula omwoyo oguva eri Katonda, tulyoke tutegeerenga Katonda by'atuwa obuwa,* [13]*n'okwogera twogera ebyo, si mu bigambo amagezi g'abantu bye gayigiriza, wabula Omwoyo by'ayigiriza; bwe tugeraageranya eby'omwoyo n'eby'omwoyo.* [14]*Naye omuntu ow'omukka obukka takkiriza bya Mwoyo gwa Katonda; kubanga bya busirusiru gy'ali; era tayinza kubitegeera; kubanga bikeberwa na mwoyo.*
2. Leka Bayibuli eyogere naawe, okusinga ggwe okugyogerera. Ekyo kitegeeza nti oteekwa okusuula ewala entegeera eyiyo ku bubwo ku kiki ekitundu ekyo kye "kiteekwa okutegeeza." Tuteekwa okulwanyisa "eky'okutereeza endowooza zaffe" zisobole okugya mu njigiriza zaffe ku Katonda ze twagala. Tulina okuwa ekitiibwa amagezi ag'abayigiriza aba Bayibuli n'abasomi. Okutegeera kwaabwe kuyinza okuyamba nnyo okutegeera kwaffe. Wabula, Ekigambo kya Katonda kikyayogera naffe, mu mbeera zaffe, olwaleero. N'olw'ekyo, tuteekwa okuwulira ekyo Katonda ky'atugamba newakubadde (oba na ddala nga) kitusoomooza oba kitulumiriza. "Bwe tuba nga 'tumanyi' kiki ekitundu kye *kiteekwa* okugamba, ne tulwka ekyo okufuga endowooza zaffe, tuyinza tutya okuyiga ekyo kye kigamba? Bwe tuyitiriza okwewaayo eri enjigiriza emu, kibeera kizibu okutereeza ensobi eziba ziri mu njigiriza eyo. Era kyeyongera okuba ekizibu okuyiga ekintu ekipya. Ey'enkomerero, bwe tugaana Bayibuli okweyogerera, enjigiriza yaffe ku Katonda eyinza okufuuka bulombolombo obulina amaanyi mangi okusinga obwa Bayibuli yennyini." (Doriani 1996: 17)
3. Weewale *obuwangwa* bwo n'*obulombolombo* bwo mu kutuukirira ekyawandiikibwa. Okwongereza ku ndowooza zaffe ku Katonda, tutera okwagala okutwala obuwangwa bwaffe n'obulombolombo bwaffe nga ekintu ekitaliiko kubuuza—ebintu ebyo tubikkiriza nga "ebituufu" era "ebya bulijjo." Tutera kubeera abazibe eri obuwangwa bwaffe era obulombolombo bwaffe buwa endowooza zaffe n'okutegeera kwaffe ekifaananyi. Mu makubo mangi Bayibuli yawandiikibwa okusoomooza endowooza zaffe n'ebikolwa byaffe. "Obulombolombo buba bwa kabi singa (1) tugaanirawo

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

mbagirawo ekintu kyonna ekikontana nabwo, (2) tuddamu okuvvuunula mangu ebirowoozo ebiggya okubikwanaganya n'obulombolombo bwaffe, oba (3) twennyikira ddala mu bulombolombo bwaffe ne tutayinza kubulaba" (Doriani 1996: 25). Twetaaga okuleka Katonda atukyuse okuyita mu Kigambo kye, okusinga ffe "okuddamu okuwa" Ekigambo kye "ekifaananyi", okukifaanaganya n'obuwangwa bwaffe, obulombolombo bwaffe, bye tutayagala, ne bye tulowooza.

**B.** ***Okwekenneenya n'okutegeera awamu n'okunyonnyola ekitundu okutuufu mu Bayibuli byesigamizibwa ku bintu bisatu—okwetegereza; okunyonnyola; n'okuteekesa mu nkola***

Okwetegereza, okuvvuunula, n'okuteekesa mu nkola bijja kulowoozebwako nga ebitundu ebyawufu bisatu eby'okwekenneenya ekyawandiikibwa. Awatali kubuusabuusa okwetegereza kukulembera okuvvuunula n'okuteekesa mu nkola. Naye ate, mu kubuulira kwennyini, ebitundu byonna byonsatule bitera nnyo okukwatagana ne binnaabyo.

1. <u>Okwetegereza kuddamu ekibuuzo "Ekitundu kino *kigamba* ki*?*"</u> Okwetegereza gwe musingi gw'oteekwa okuteekawo bw'oba oyagala okunyonnyola n'okuteekesa Bayibuli mu nkola obulungi. *Okunyonnyola n'okuteekesa mu nkola okutuufu kusinziira ku kwetegereza okutuufu.*
2. <u>Okuvvuunula kuddamu ekibuuzo "Ekitundu kino kitegeeza ki*?*"</u> Okuvvuunula kungi kuba kwangu era ku kutambula mu ngeri eya bulijjo singa *weetegereza* n'obwegendereza kiki ddala ekyawandiikibwa kye kigamba mu *mulamwa* gwakyo. Toyinza kwetegereza kiki ekyawandiikibwa kye kitegeeza okutuusa nga omaze kutegeera bulungi kiki kye kigamba. Mu kuvvuunula ekyawandiikibwa, oteekwa okukakasa nti, okuvvuunula kwo kukwatagana n'okwetegereza kwo.
3. <u>Okuteekesa mu nkola kuddamu ekibuuzo "Amakulu g'ekitundu kino gankwatako gatya (n'abalala) olwaleero?"</u> Okuteekesa mu nkola "kubeerawo bw'osisinkana amazima n'osalawo okwanukula okusinziira ku mazima ago" (Arthur 1994: 11).

**C.** ***Tegeera omulamwa gw'ekitundu***

*Nga bwe kyayogeddwa emabegako, omulamwa oba omulamwa kye kintu ekisinga okuba eky'omugaso mu kutegeera n'okuvvuunula ekitundu ky'Ekyawandiikibwa kyonna.* Omulamwa gutegeeza "ekyo ekitambula n'ekiwandiiko." Jjukira, waliwo *ebika bibiri eby'omulamwa* ebifuga ekyawandiikibwa kyonna ekiba kiriwo: *omulamwa* gw'*obuwandiike n'omulamwa* gw'*ebyafaayo.* Omulamwa gw'obuwandiike bye bigambo, emboozi, ebigambo ebiri awamu ku mulamwa gumu, oba essuula ezetoolodde era ezikwata ku kyawandiikibwa ekyo. Omulamwa gw'ebyafaayo bwe buwangwa, emikolo, ennimi, enzikiriza, n'ebyafaayo by'omuwandiisi n'abawuliriza be abaasooka. Mu kusoma, ojja kusanga nti ensonga ezikwata ku mwaliro gw'obuwandiike n'omulamwa gw'ebyafaayo zisibaganye.

1. <u>Funa obufunze bw'ekitabo kyonna ekyawandiikibwa kyo mwe kisangibwa.</u> "Kubanga omuwandiisi yatuusa obubaka bwe bwonna mu kitabo kimu, okwekenneenya kwaffe okw'ekitundu ky'ebyawandiikibwa kuteekwa okubeera mu mwaliro gw'ekitabo mwe kiri" (Wolvaardt 2005: 90). Goberera entambula y'ebirowoozo by'omuwwandiisi nga bwe bivaayo okuviira ddala ku ntandikwa y'ekitabo. Okufuna obulungi obufunze bw'ekitabo kyonna kutuufu okutwala amaanyi gonna agaba gakuteekeddwamu. Okutegeera ekitabo kyonna kuleetera okwekenneenya kw'ebitundu byonna mu kitabo ekyo okuba okwangu.
2. <u>Obufunze bulina kubeeramu omulamwa gw'ebyafaayo n'omulamwa gw'obuwandiike.</u> Obufunze bulina kubeeramu omulamwa gw'ebyafaayo (nga, omuwandiisi y'ani, abaasooka okufuna ebintu ebyo be b'ani; nkolagana ki eyaliwo wakati w'omuwandiisi n'abaasooka okubifuna; kyawandiikibwa ddi; lwaki kyawandiikibwa; n'ebirala), n'omulamwa gw'ebiwandiike. Ku kikwata ku mwaliro gw'ebiwandiike, ne "envuga" Ku kiwata ku mwaliro gw'obuwandiike n"entambula" y'ekitabo, weetegere n'obwegendereza ebitundu n'ebigambo ebiri awamu ebirina omulamwa gumu era ebikutwala eri ekitundu ky'osinga okwagala, n'ebyo ebigoberera ekitundu ekyo mbagirawo.
3. <u>Tegeera engeri ekitabo gye kyazimbibwamu.</u> Ebitabo bya Bayibuli ebisinga byagabibwamu ebitundu ebikulu, ebiyinza oba ebitayinza kwenkanankana n'engabanya y'essuula ezimanyiddwa. Watera okubaawo obutundutundu mu buli kitundu ekikulu. Lwe weeyongera okuyiga ekitabo, lw'oyinza n'okweyongera okulaba engabanya etegeerekeka, ekwatagana n'empandiika, ey'ebitundu byakyo ebikulu n'ebitonotono. Okumanya engeri ekitabo gye kyazimbibwamu ebitundu eby'enjawulo kikuyamba okutegeera emilamwa emikulu egy'ekitabo ekyo n'*ekiluubirirwa* kyakyo. Okutegeera emilamwa egyo n'ekiluubirirwa ekyo, n'engeri omuwandiisi gy'abizimbamu, gwe mulimu gw'omuvvuunuzi omukulu.
    a. *Ebitabo biyinza okugabibwamu ebitundu okusinziira ku bintu bingi.* Ebitundu biyinza okwesigamizibwa ku milamwa, enjigiriza, abantu abakulu mu kitundu ekyo, ebintu ebikulu

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

ebyaliwo, obufuzi bwa bakabaka, emyezi, ebifo, n'ebirala. Eky'okulabirako, **Lubereberye 1-11** kitunuulira ebintu ebikulu ebyali mu nsi, naye ate wakati mu ssuula ezo mulimu obutundutundu obukwata ku kutonda, okugwa kw'omuntu mu kibi n'omusango gwa Katonda, amataba, n'ekigo ky'e Babeeri; essuula **12-50** zitunuulira abantu abakusifu—Ibulayimu n'ezadde lye—naye wakati mu kitundu ekyo mulimu obutundutundu obukwata ku Ibulayimu n'endagaano Katonda gye yakola naye, Isaaka, Yakobo, ne Yusuufu. Nyingi ku bbaluwa za Pawulo zitandika n'essira ku njigiriza, ne ziggwa n'essira ku bintu ebya bulijjo (eky'okulabirako, **Bar 1-11** okutwaliza awamu ziyigiriza; **12-16** zoogera ku bintu ebirina okuteekebwa mu nkola mu bulamu obwa bulijjo; **Bar 1-4** okutwaliza awamu ziyigiriza; **5-6** zoogera ku bintu ebirina okuteekebwa mu nkola mu bulamu obwa bulijjo).

b. *Enzimba ya buli kitabo eraga entegeka y'omuwandiisi ey'omugaso mu kuvvuunula ebyawandiikibwa n'okubiteekesa mu nkola.* N'olw'ekyo, ekifo ekitundu ky'ebyawandiikibwa we kisangibwa kyo ku bwakyo kiyinza okuba eky'omugaso. Oyinza okubuuza (bwe kiba nga tekilabikirawo), "Lwaki ekyawandiikibwa kino kiri wano, so si walala?" Eby'okulabirako bisatu biraga omugaso gw'ekifo ekyawandikibwa mwe kisangibwa:

(1) <u>Olugero lwa Yuda ne Tamali mu **Lubereberye 38** luyinza okulabika obutabeera mu kifo ekituufu kubanga **Lubereberye** essuula **37-50** zitunuulira Yusuufu.</u> Naye, okuteeka olugero olwo mu kifo ekyo kulaga bulungi enjawulo mu mpisa wakati wa Yuda n'olunyiriri lwe ne Yusuufu, oyo adduka obwenzi, mu lugero olukwata ku mukazi wa Potifali (**Lub 39:7-12**).

(2) <u>Olugero lw'ekisa kya Dawudi eri Mefibosesi mu **2 Samwiri 9** lulabika mu **2 Samwiri 6-10** eziraga obufuzi bwa Dawudi ku ntikko y'obw'ekinnamagye bwe, eby'enfuna, n'eby'empisa.</u> Ebikolwa bya Dawudi eri Mefibosesi biraga obulungi obwo. Okugwa kw'obwakabaka ne bulyoka butandika mu **2 Samwiri 11**. Okugwa okwo kulabikira mu Dawudi okusazaamu okuganja kwe eri Mefibosesi mu kwanguyiriza (**2 Sam 16:1-4; 19:24-30**).

(3) <u>Olugero lw'omwana omwonoonyi w'ebintu (**Luk 15:11-32**) lufuna amaanyi gaalwo mu kifo mwe lusangibwa.</u> **Luk 15** esangibwa mu kitundu ky'ekitabo ekyo ekinene (**Luk 9:51-19:28**) Yesu mw'alabikira okugenda e Yerusaalemi. Emirundi mingi Yesu atomerwa Abafalisaayo. Mu **Luk 15:2** Abafalisaayo beemulugunya nti Yesu yayaniriza aboonoonyi n'alya nabo. Kale, Yesu yabuulira engero ssatu (endiga eyabula, ennusu eyabula, n'omwana omwonoonyi w'ebintu), zonna nga ziwa eky'okuddamu eri okwemulugunya kw'Abafalisaayo. Zonna zoogera ku ndowooza ya Katonda ku bantu abaabula. Olugero lw'omwana omwonoonyi w'ebintu y'entikko yaazo. Lukwata ku Bafalisaayo bennyini. Omwana omukulu mu lugero olw'okusatu be Bafalisaayo. Yesu abasoomooza "okwaniriza aboonoonyi abamaze okuzzibwa obuggya ne beeyunga ku kujaguza kw'obwakabaka" (Doriani 1996: 36), obutalekebwa ebweru ng'ate abalala baanirizibwa Taata.

4. <u>Laga ekiluubirirwa ky'omuwandiisi n'omulamwa oba emilamwa gy'ekitabo egigatta.</u> Nga tonnaba kutunuulira ekitundu ky'essuula ekirina omulamwa gumu oba olunyiriri, weetaaga okutegeera engeri ekitundu ekyo gye kiyingiramu mu kiluubirirwa ky'ekitabo kyonna n'ekitundu ky'ekitabo mwe kisangibwa. Jjukira: Omulamwa oba omulamwa gwe gutuwa amakulu g'ebigambo n'enyiriri. Gezaako okuteeka omulamwa gw'ekitabo, ekitundu, n'ebyawandiikibwa byennyini mu bigambo byo. *Obutangaavu bw'enjogera bukwatagana n'obutangaavu bw'endowooza n'okutegeera*. Okusobola okuteeka omulamwa mu bigambo byo awatali kugukyamyamu kukuyamba okugutegeera. Obutasobola kuteeka omulamwa mu bigambo kulaga obutategeera omulamwa ogwo, era kitegeeza nti weetaaga okuddamu okusoma, okuyiga, n'okulowooza ku kitabo, ekitundu, oba ebyawandiikibwa ebyo. Mu kukola ekyo, okusaba, ebitabo ebinyonnyola ebirungi, n'ebirala, biyamba nnyo. Ebintu ebiwerako bituyamba okulaba obulungi ekigendererwa ky'omuwandiisi n'omulamwa gw'ekitabo, ekitundu, oba ebigambo ebiri awamu nga byogera ku nsonga emu:

a. *Ebigambo ebyayogerwa omuwandiisi ebiragirawo ekigendererwa, oba omulamwa, gw'ekitabo, ekitundu, oba ekitundu ky'essuula ku nsonga emu.*

(1) <u>Ebiseera bingi omuwandiisi ayogera ekigambo ekikubuulirirawo lwaki awandika.</u> Ebigambo ng'ebyo biyinza okubeera enyanjula ku ntandikwa y'ekitabo, empunzika ku nkomerero y'ekitabo, oba ekigambo ekikwata ku mulamwa mu makkati g'ekitabo. Eky'okulabirako, mu **Luk 1:1-4** Lukka atubuulira lwaki yawandiika engiri ye; **Yuda 3** etubuulira lwaki Yuda yawandiika ebbaluwa ye; **Yok 20:30-31** eteeka mu bufunze

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

lwaki Yokaana yawandiika engiri ye; ne **1 Tim 3:15** etubuulira lwaki Pawulo yawandiikira Timoseewo.

(2) Oluusi omuwandiisi anyonnyola n'akatundu akatono akali mu kitabo, oba anyonnyola ekintu omuntu omulala kye yategeeza. Eky'okulabirako, mu **Yok 2:21** Yokaana atubuulira butereevu Yesu kye yategeeza bwe yagamba, mu **Yok 2:19,** *"Mumenye Yeekaalu eno, nange ndigizimbira ennaku ssatu."* Mu **Mak 7:19** Makko atulaga kimu ku makulu g'ebyo Yesu bye yayogera mu **Mak 7:14-19** mpozzi ekiyinza okuba nga kyalekebwa ebweru. Ku nkomerero ya **Yok 4:9** Yokaana ayongerako ebigambo okunyonnyola abasomi be (awatali kubuusabuusa abaali ab'amawanga, so si Abayudaaya [baalibadde bakitegeera awatali kumala kukinyonnyola]) lwaki omukazi Omusamaliya yabuuza ekibuuzo kye yabuuza.

b. *Ebigambo eby'omulamwa ebizimbibwa, oba ebiteeka mu bufunze, ebyo ebiri mu kitundu ky'ekitabo ekisigadde, ekitundu, oba ekiri ku nsonga emu.* Oluusi omuwandiisi tanyonnyola lwaki yawandiika ekitabo, oba tavvuunula makulu g'ekintu. Wabula, ekitabo kiyinza okwogera ekintu ate ne kizimbibwa, oba kiteeka mu bufunze ekyo ekiba kyogeddwa. Oluusi ekigambo kiyinza okukomekkereza n'ekirowoozo kimu ate mu kaseera ke kamu ne kigenda ku kirowoozo kirala. N'olw'ekyo, noonya ennyiriri ezikola nga ekisumuluzo ezisinga okulaga oba okuteeka mu bufunze omulamwa gw'omuwandiisi. Eky'okulabirako, **Lub 1:1** egamba, *"Olubereberye Katonda yatonda eggulu n'ensi."* Ebigambo ebyo byanjula ne biteeka mu bufunze ebyafaayo by'okutonda ebiri mu **Lub 1-2. Balam 17:6** ne **21:25** byombi bigamba nti, *"Mu nnaku ezo nga tewali kabaka mu Isiraeri; buli muntu yakolanga ekyabanga mu maaso ge ye ekirungi."* Ebigambo ebyo biteeka mu bufunze okunafuwa kwa Yisiraeri oluvannyuma lwa Yoswa. Mu biseera eby'abalamuzi tewaaliwo kabaka ow'omubiri naye, okusinga ku ekyo, tewaaliwo kabaka ow'omwoyo. N'olw'ekyo, newakubadde eggwanga lyalina kubeera ne Mukama nga omufuzi walyo (laba **Balam 8:23**), teryagondera Mukama. Ekyavaamu, lyava ku kulwanyisa abalabe ab'ebweru (**Balam 1**) ne lidda ku ntalo ez'omunda (**Balam 20-21**). **Yakobo 1** etulaga emilamwa gy'ekitabo gyonna. **Yak 1:26-27** etuwa obufunze obwa kiki eddini entuufu kye kitegeeza, ekigenda mu maaso n'okunyonnyolwa mu kitundu ekisigadde eky'ekitabo ekyo.

c. *Endowooza enkulu, emiramwa, ebigambo n'ebitundu by'emboozi biraga omulamwa gw'ekitabo, ekitundu, n'ebyawandiikibwa.* Noonya entambula y'ebirowoozo by'omuwandiisi etegeerekeka. Buuza "Kino kizimbibwa kitya?" Newakubadde tewali kyogeddwa ekiraga ekiluubirirwa, oba ekigambo ekitegeerekeka ekiraga omulamwa, ebigambo n'ebitundu by'emboozi ebikola ng'ekisumuluzo (ebitera okugenda nga biddibwamu) biraga ebirowoozo ebikulu oba omulamwa gw'omuwandiisi.

5. Emigaso gy'entegeera y'ekitabo ekitundu ekyo mwe kisangibwa mu bufunze.

a. Olaba obubaka bw'ekitabo kyonna nga bwe kiri mu bulamba bwakyo.

b. Otegeera ekiruubirirwa ky'omuwandiisi eky'okuwandiika.

c. Olaba emiramwa gy'ekitabo ekyo emikulu.

d. Otegeera enzimba y'ekitabo.

e. Otegeera enkolagana y'ebitundu n'enkolagana yaabyo n'ekitabo kyonna.

f. Obeera n'omusingi omugumu ogw'okuvvuunula obulungi n'okuteekesa mu nkola. (Arthur 1994: 26)

6. Funa entegeera y'ekitundu ky'osoma mu bufunze. "Ekintu ekisinga okuba ekizibu eri oyo eyaakatandika kwe kuyitayita mu buli kitundu ekiri ku nsonga emu mu bwangu n'okuteeka mu bufunze omulamwa gwakyo omukulu. Abantu balabika okubulira mu buli kimu kye basanga mu kitundu ne balemwa okutambulira ku ngulu. Wano twetaaga obufunze, era omuyizi alina okugezaako okuwandiika obufunze obulimu ebigambo wakati w'omukaaga n'omunaana obwa buli kitundu ekiri ku nsonga emu. Bwe tusoma ekitundu ekiri ku nsonga emu nga twagala okujjayo buli kantu, ebigambo ebikiteeka mu bufunze bitera okulaga emboozi ezisooka mu kitundu ekyo zokka mu kifo ky'ekitundu kyonna. Ensobi ng'eyo eyinza okwonoona ebiva mu kuyiga kwonna." (Osborne 1991: 23) Osborne atujjukiza, wabula, nti "kuno kwe kusoma okusookerwako era kutereezebwa mu kwekenneenya mu bujjuvu" (Ibid.: 24-25).

7. Okumanya enzimba y'emboozi oba ekitundu ky'ebyawandiikbwa kwa mugaso ng'okumanya enzimba y'ekitabo oba ekitundu. Okumenyamenya emboozi emu oba ekitundu ky'ebyawandiikibwa n'okiggyamu ebitundu, oba okukilamba n'ekkalaamu eya langi, okusobola okutangaaza enkolagana wakati w'ebitundu byakyo kitera okuyamba. Ekyo kiyamba naddala mu kusoma ebiwandiiko bya Pawulo, kubanga atera kukozesa mboozi mpanvu era enzibu. Eby'okulabirako bisatu biraga ekyo:

a. ***Bar 5:12*** *eramba empunzika y'ekirowoozo (ekigambo "Olw'ebyo" kiraga empunzika).* Era

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

olunyiriri olwo lutandika *n'ekitundu ekisooka eky' okugeraageranya* (ebigambo "*nga* ku bw'omuntu omu ekibi bwe kyayingira" biraga nti Pawulo agenda kubeera ng'ageraageranya ekyo n'ekintu ekirala, ng'akozesa ebigambo nga *"bwe kityo"* [ebikolera wamu ne *"nga"*]). Naye, Pawulo takolerawo okugeraageranya okwo, wabula atandika okunyonnyola ebiva mu kibi. Taddamu kwogera ku kirowoozo kye yatandika nakyo n'okugeraageranya okutuuka ku lunyiriri lwa **5:18** ("*kale bwe kityo* ng'olw'okwonoona kw'omu").

b. ***Bef 2:11-22*** *etandika endowooza Pawulo mwayogerera ku kintu Kristo ky'akoze mu kujjawo enjawulo wakati w'Abayudaaya n'Ab'amawanga ku lw'abo abali mu Kristo, n'okutonda "omuntu omuggya omu."* Essuula **2:11-12** zinyonnyola embeera y'Ab'amawanga ey'edda. Ebigambo *"Naye kaakano,"* ebitandika **2:13**, bigeraageranya embeera eyo n'embeera y'Ab'amawanga eriwo, ng'ekintu ekivudde mu musaayi gwa Kristo. Essuula **2:14-22** zonna zoongera okwogera ku **2:13—2:14-18** era zinyonnyola enyiriri ezo, ne zinyonnyola ekyo Kristo ky'akoze; ne **2:19-22** zinyonnyola ekyo Kristo ky'akola (**2:19** lutandikira, mu butuufu, **2:13** we lukomye).

c. ***Bef 3:1-19*** *lwongerayo endowooza ya Pawulo ku B'amawanga.* **3:1** lutandika *"Kale,"* ekijulira ekyo Pawulo ky'ava okwogerako. Awo **3:2-13** ne zikola *okukyama okuwanvu* ennyo*;* Pawulo taddamu kwogera ku kirowoozo kye okutuusa ku **3:14.**

**D.** ***Lambika ekitabo oba ekitundu.***

1. Enkola ey'omugaso ennyo ey'okutegeera "entambula" y'ekitabo, ekitundu, oba ebyawandiikibwa by'okutte etegeerekeka kwe kukola obufunze bw'ekitabo oba ekitundu ekyo ku lupapula. Okulambika kuyamba "okulaba" engeri ekitabo oba ekitundu ky'ebyawandiikibwa gye kyazimbibwamu.Okulambika kuyamba obutangaavu bw'ekirowoozo kyaffe n'okutegeera kwaffe mu ngeri y'okutukaka okulwana n'ekitabo oba ekitundu okusobola okumanya kiki omuwandiisi ky'agamba n'engeri ebitundu byakyo gye bikolaganamu nakyo kyonna. Era okulambika kutuyamba okutangaaza okutegeera kwaffe kubanga mu kulambulula a\ tulina *okuteeka mu bigambo byaffe* ebirowoozo ebikulu mu kitundu kye tukutte.

2. Bayibuli nyingi zirimu emitwe gy'emilamwa egyateekebwamu abakungaanya b'ebitabo ebyo. Ebitabo ebinyonnyola bingi bilambika ebitabo n'ebitundu. Ebyo nabyo biyinza okuyamba. Wabula, bw'oba osobola okusoma Bayibuli esukka ku emu oba ekitabo ekinyonnyola, ojja kukizuula nti Bayibuli ez'enjawulo n'abanyonnyozi balaba ebiwandiiko n'ebitundu byabyo mu ngeri ey'enjawulo. Tomala gagoberera ekintu omuntu omulala kyayogedde, naye ggwe lwana n'ensonga ezo ku bubwo.

3. Obulambulule buyinza okuba obumpi oba buyinza okubaamu buli kikwata ku nsinga eyo. Ekintu eky'omugaso kwe *kukwata entambula y'ekirowoozo ky'omuwandiisi etegeerekeka.* Ennono enkulu ez'okulambulula ekitabo ze zino wammanga:

   a. *Ebirowoozo ebikulu mu kiwandiiko* bikola emitwe emikulu mu bulambulukufu.

   b. *Obutundutundu by'okulambulula*, bunyonnyola, buwa eby'okulabirako, buwa ekifaananyi ky'ekintu, oba bwongera okutangaaza ekitundu ekineneko eky'emabegako (laba Arthur 1994: 119-28).

**E.** ***Soma nga bwe weebuuza***

Bw'oba osoma ekitundu n'enyiriri ezikyetoolodde, ssaayo omwoyo ku *byogeddwa mu bujjuvu* ebikwata ku buwandiike n'ebyafaayo oba obuwangwa bw'ekitundu ekyo. "Weetegereze ebyogeddwa mu bujjuvu by'owulira bikukutteko olw'ensonga emu oba endala" (Doriani 1996: 18; laba **EBY'OKWONGERAKO B: Okuyiga Bayibuli nga obuuza ebibuuzo ku lw'okubuulira eby'Bayibuli**). Buuza ebibuuzo (ebiyinza okubeera n'enkolagana n'empandiika era n'ebyafaayo oba obuwangwa bw'ekitabo oba ekitundu). Bituyamba okukung'anya wamu okutegeera kwaffe:

1. Ani?—Ani yakiwandiika? B'ani be bantu abakulu mu lugero? Wano omuwandiisi ayogera n'ani? Ayogera ku ani?
2. Kiki?—Kino kikula ki? Kiki ekigenda mu maaso wano? Kiki ekikulu ekiri wano? Emilamwa emikulu n'enjigiriza enkulu ze ziriwa? Omuwandiisi essira alitadde ku ki wano?
3. Ddi?—Kyawandiikibwa ddi? Kino kyaliwo ddi? Kiribaawo ddi?
4. Wa?— Kino kyakolebwa wa? Kino kyayogerwa wa? Wa we kiribeera?
5. Lwaki?—Lwaki kino kyawandiikibwa? Lwaki ekintu kino kyogerwako? Lwaki waliwo kitono nnyo oba kinene nnyo ekyogerwa ku kino oba ku njigiriza eno? Lwaki abantu basaanidde okweyisa mu ngeri eno?
6. Kitya?—Kino kyabaawo kitya? Amazima gano gatangaazibwa gatya? Abantu bateekeddwa okukola batya ekintu kino?

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

**F.** ***Saayo omwoyo ku byafaayo n'obuwangwa***

1. Ebikwata ku byafaayo n'obuwangwa mu kitundu ky'ebyawandiikibwa kyonna biyinza okuyamba okutangaaza ekyawandiikibwa ekyo. Okuwa obujjuvu bw'olugero kwa mugaso ng'olugero teluyinza kubaawo bwe kutakolebwa. Okuwa obujjuvu tekwetaagisa bwe kuba nga tekulina nnyo kye kugasa mu lugero olwo oba mu biwandiiko. Omugaso gw'okwogera ku kyafaayo oba obuwangwa mu bujjuvu mu kuvvuunula ekyawandiikibwa guyinza obutalabikirawo.

2. Eky'okulabirako, mu **Bag 2:11-13** Pawulo agamba nti mu Antiyokiya yawakanya Peetero nga balabagana maaso ku maaso olw'obutalya n'ab'amawanga, era nti ne Balunabba n'okuwalulwa n'awalulwa obukuusa bwabwe. Ate ku ludda olulala, wa kino we kyabeererawo ne bwe kitamanyibwa tekirina kye kikola—ensonga enkulu y'enjigiriza ey'Ekikristaayo erina okugobererwa buli wantu. Naye ate, olugero lutegeerekeka okusinga singa tumanya nti abakkiriza Abayudaaya baasooka okujja mu Antiyokiya olw'okuyigganyizibwa (**Bik 11:19**). Ekirala, ekkanisa mu Yeerusalemi yatuma Balunabba okugenda Antiyokiya bwe baamanya nti Ab'amawanga baangi baali bazze eri Mukama. Balunabba yasanyuka era n'ajja ne Pawulo mu Antiyokiya. Eyo bombi bazzangamu abakkiriza (Ab'amawanga) abaggya amaanyi ne babayigirizanga (**Bik 11:22-26**). Abayigirizwa baasooka okuyitibwa "Abakristaayo" mu Antiyokiya (**Bik 11:26**). Abakkiriza Ab'amawanga mu Antiyokiya ne baweereza obuyambi eri abakkiriza ab'omu Buyudaaya abaali balumwa enjala (**Bik 11:27-30**). N'olw'ekyo, okuwa ekyafaayo ekyo ekikwata ku kifo wa obukuusa bwa Peetero ne Balunabba we bwalagibwa nakyo kirina kye kwongerako. Kiraga obungi bw'omuswalo n'obulumi ebiri mu butalya ne bakkiriza banno ab'eggwanga eddala.

**G.** ***Saayo omwoyo ku nsonga z'ebiwandiiko ez'ekitundu ekyo***

*Ensonga z'ekiwandiiko ez'ekitundu ekyo kya mugaso nnyo eri amakulu g'ekitundu.* Bino wammanga bikwata ku kusoma ekitabo kyonna mu ngeri ey'amangungu okukifunamu ekifaananyi ekinene n'okusoma ekitundu ekimu mu mwaliro gwakyo.

1. Ebigambo ebikulu. Ebigambo ebikulu n'ebitundu by'emboozi bya mugaso mu kutegeera emilamwa emikulu n'ensonga enkulu mu kitabo kya Bayibuli oba ekitundu ky'ebyawandiikibwa. Naye, ebigambo ebikulu okusookera ddala bya mugaso kubanga bitulaga *endowooza* enkulu oba *omulamwa*. Tuteekwa okwegendereza okwawula wakati w'*endowooza* eri mu kitundu n'*ekigambo* oba *ebigambo* bya Bayibuli ebikozesebwa mu kuginyonnyola. Kale, mu kifo kya "okuyiga ebigambo" twetaaga okulowooza ku "kuyiga amakulu." "Amakulu agamu gayinza okuweebwa n'ebigambo eby'enjawulo. Bwe tussa nnyo essira ku "kuyiga ebigambo" mu kugoberera ekigambo kye kimu mu Bayibuli yonna awatali kulowooza, tuyinza okumaliriza n'okutwala endiga n'embuzi okubeera ebintu bye bimu! Okwongereza ku ekyo, tubeera bangu nnyo okusubwa ebitundu ebirala ebyogera ku mulamwa ogwo, naye nga bikozesa bigambo birala." (Wolvaardt 2005: 62)

a. *Eby'okulabirako bibiri biraga omugaso gw'okumanya endowooza eziri mu kitundu, so si bigambo byokka:*

(1) Mu kuyiga ku ndowooza ekwata ku *"kuzaalibwa obuggya,"* ebigambo ebyo mu butuufu tubisanga emirundi esatu gyokka: **Yok 3:3, 7;** ne **1 Peet 1:23.** Naye ate, omulamwa gw'okuzzibwa kw'omukkiriza obuggya mu butuufu gusangibwa mu bifo ebirala bingi, naye ng'ebigambo eby'enjawulo bikozesebwa okutegeeza ekintu kye kimu. Omukkiriza ayitibwa *"kitonde kiggya"* (**2 Kol 5:17; Bag 6:15**), *"eyatonderwa mu Kristo Yesu"* (**Bef 2:10**), *"eyazaalibwa Katonda"* (**1 Yok 2:29; 3:9; 4:7; 5:1**), *"eyagattibwa wamu ne Kristo"* (**Bar 6:5**), n'ebirala.

(2) Mu ngeri y'emu, Bayibuli ekozesa ebigambo eby'enjawulo bingi okunyonnyola endowooza ku "sente"—eky'okulabirako, "bugagga," "Mamuna," ne "sente." **2 Kol 8-9** kwe kwogera kwa Pawulo okusinga obuwanvu n'obujjuvu ku kugaba sente, naye mu kitundu ekyo ekiwanvu takozesa n'omulundi n'ogumu ekigambo "sente."

b. *Okwawula wakati w'endowooza n'ebigambo ebiginyonnyola kituyamba okutegeera kiwanvu.* Tewali kigambo kiyinza kuwa ekifaananyi kyonna eky'ekirowoozo ekyo; naye ebigambo byonna nga biri wamu bikikola. Eky'okulabirako, lowooza ku kirowoozo kya "obulokozi." Bayibuli ekozesa ebigambo bingi okunyonnyola kiki omusalaba gwa Kristo kye gwatuukiriza ku lwaffe; byonna awamu bijjayo amakulu g'ekirowoozo ekyo:

(1) *"Omusaayi; endiga, saddaaka"* bye bikola olulimi olwa saddaaka ez'Endagaano Enkadde. Biraga nti twali wansi w'omusango, naye kati twasonyiyibwa.

(2) *"Okutabagana; okusembezebwa"* lwe lulimi olw'enkolagana ey'obuntu. Biraga nti

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

twali wala ne Katonda, naye kati twakomezebwawo mu kusseekimu okwa namaddala naye.

(3) *"Okutangira"* lwe lulimi olw'ekikolwa ekitukuvu (kwe kugamba, ekkubo erifunirwamu okutabagana). Kiraga nti twali wansi w'obusungu bwa Katonda obutukuvu, naye nti kati obusungu obwo bwamatizibwa.

(4) *"Okununulibwa; omutango"* lwe lulimi olukozesebwa mu katale. Biraga nti twali mu busibe, naye kati twasumululwa.

(5) *"Okuweebwa obutuukirivu"* lwe lulimi olukozesebwa mu kkooti y'amateeka. Biraga nti twali tusingiddwa omusango, naye kati twasonyiyibwa era tubalibwa nga abatuukirivu.

(6) *"Obuwanguzi; obulokozi; obununuzi"* lwe lulimi olukozesebwa mu ddwaniro. Biraga nti twali twolekaganye n'abalabe abassi, naye kati twalokolebwa era kati tuli bawanguzi mu Kristo.

2. Ebigambo ebikulu n'ebitalina makulu majjuvu. Ebigambo ebikulu kyokka ebitalina makulu majjuvu bye bigambo eby'omugaso ennyo mu kutegeera amakulu g'ebiwandiiko. Singa bijjibwawo, n'amakulu g'ekiwandiiko gavaawo. "Olina okwetegereza ebigambo eby'omugaso kyokka ebitalina makulu majjuvu kubanga biraga obubaka bw'omuwandiisi obugenderere, essira lye yagenderera, n'engeri gy'anaatuukirizaamu ekigendererwa kye" (Arthur 1994: 37). Weetegereze kiki essuula oba ekitundu kye kigamba ku kigambo ekyo ekikulu. Eky'okulabirako, **2 Timoseewo 1** etuwa olukalala lw'amazima gano wammanga agakwata ku kigambo ekikulu "Katonda":

| | |
|---|---|
| a. Katonda yafuula Pawulo omutume olw'okwagala kwe (**oluny. 1**) | f. Katonda tatuwa omwoyo ogw'okutya (**oluny. 7**) |
| b. Katonda atuwa ekisa, okusaasira, n'emirembe (**oluny. 2**) | g. Katonda atuwa omwoyo ow'amaanyi, okwagala, n'okwegendereza (**oluny. 7**) |
| c. Katonda ye Kitaffe (**oluny. 2**) | h. Katonda atuwa amaanyi mu kubonaabona (**oluny. 8**) |
| d. Katonda yeebazibwa era aweerezebwa (**oluny. 3**) | i. Katonda yatulokola (**oluny. 9**) |
| e. Katonda etuwa ebirabo (**oluny. 6**) | j. Katonda yatuyita (**oluny. 10**) |

3. Okudding'ana ebigambo, ebigambo ebitalina makulu majjuvu, n'endowooza. Bulijjo, ekigambo, ebigambo ebitalina makulu majjuvu, oba ekirowoozo bwe kiddibwaamu, kiba kiddiddwamu okukkaatiriza omugaso gwakyo. N'olw'ekyo, akabonero kamu akalaga omugaso kwe kudding'ana kw'ekigambo, ebigambo ebitalina makulu majjuvu, oba ekirowoozo.

a. *Okudding'ana ebigambo ebikulu oba ebigambo ebitalina makulu majjuvu kuyinza okukolebwa mu kitundu kimu, essuula, ekitundu ky'ekitabo, oba ekitabo kyonna. Eky'okulabirako* mu **1 Yokaana** ebigambo "okwagala," "ekibi," "okubeera ne," ne "okumanya" bigenda biddibwamu nate mu kitabo kyonna, naye "okusseekimu" kiddibwamu mu ssuula 1 yokka.

b. *Okugenda nga weetegereza bigambo ki ebigenze biddibwamu nate kya mugaso mu kutegeera obubaka bw'ekitundu ekyo oba ekitabo obukulu.* "Ekigambo lwe kyeyongera okuddibwamu nate, lwe kyeyongera n'okulabika lwatu nti gwe mutwe gw'ekitundu ekyo. Omutwe lwe gweyongera okuddibwamu nate, lwe kyeyongera n'okulabika lwatu nti gwe mulamwa gw'ekitabo kyonna." (Arthur 1994: 37)

c. *Okuddding'ana ekigambo ku ntandikwa n'enkomerero y'ekitundu kyongera okukkaatiriza ensonga.* Omuwandiisi bw'ayogera ekintu ku ntandikwa n'enkomerero y'ekitundu (oba ekitabo), kiringa okukkaatiriza ensonga eri mu kitundu ekyo okulaga omugaso gw'ekirowoozo ekikirimu. Eky'okulabirako, Pawulo atandika **1 Timoseewo** n'okukuutira Timoseewo *"okulwana olutalo olulungi"* (**1 Tim 1:18**), n'amaliriza ekitabo n'okukubiriza kwe kumu (**1 Tim 6:12**). Okukkaatiriza kweyongera okukolebwa omuwandiisi bw'adding'ana ekirowoozo ekyo ne mu makkati g'ekitundu, oba ekitabo. Mu **1 Tim 4:11-16** Pawulo atuwa olukalala lw'ebiragiro ku ngeri omukulembeze w'ekkanisa gy'alina okumanyiizaamu obulamu bwe n'obuweereza bwe. "Okuyigirza" kwogeddwaako ku ntandikwa (**1 Tim 4:11**), mu makkati (**1 Tim 4:13**), ne ku nkomerero (**1 Tim 4:16**) y'olukalala olwo.

d. *Omuwandiisi ayinza okudding'ana ebirowoozo okulaga omugaso gwabyo, naye nga takozesa ebigambo bye bimu.*

(1) Okudding'ana kuyinza okukolebwa mu kitundu ky'ebyawandiikibwa, essuula, ekitundu ky'ekitabo, oba ekitabo kyonna. Mu kwegendereza ekyo, obuwanvu bw'okutegeera kwaffe okwa Bayibuli kweyongerera ddala. Eky'okulabirako, mu **2 Timoseewo** ekirowoozo kya "okubonaabona" kugenda kuddamu okwogerwako, newakubadde ebigambo eby'enjawulo bikozesebwa okukunyonnyola—"enjegere"

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

(**1:16**); "okubonaabona" (**2:3, 9**); ne "okuyigganyizibwa" (**3:11**).

(2) Okudding'ana ebirowoozo ebikulu kuyinza obutalabikirawo okuva ku ntandikwa y'okusoma ekitabo. Eky'okulabirako, mu kitabo ky'**Ebikolwa** ebintu bibiri byokka ebyali bibaddewo bye byaddibwamu emirundi esatu: (1) okwolesebwa kwa Peetero ku bisolo ebitali birongoofu (**Bik 10:16; 11:10**); ne (2) olugero lw'okukyuka kwa Pawulo (**Bik 9:1-19; 22:1-13; 26:1-18**). Ekyo kitegeeza nti omulimu gw'ebyo ebyaliwo ogwetooloolerako byonna ky'ekikula n'okukula kw'ekkanisa.

e. *Eby'okulabirako bibiri eby'okudding'ana okw'enjawulo: (1) ebitundu by'Ebyawandiikibwa ebifaanagana; ne (2) Ennyiriri ezijjiddwa okuva mu Ndagaano Enkadde ne ziteekebwa mu Ndagaano Empya.*

(1) Ebitundu by'Ebyawandiikibwa ebifaanagana by'ebitundu eby'enjawulo ebyogera ku kintu kye kimu ekyaliwo, byogera ebigambo ebifaanagana, oba byogera ku mulamwa gwe gumu. Eky'okulabirako, **Mat 24:1-51, Mak 13,** ne **Luk 21:5-36** zonna nyinyonnyola ezifaanagana ezoogera ku kintu kye kimu—Okwogera kwa Yesu ku Lusozi Zeyituuni; **Luk 17:22-37** nakwo kwogera kwa Yesu ku nsonga y'emu. Mu ngeri y'emu, ebitundu **Bef 6:5-8; Bak 3:22-25; 1 Tim 6:1-2; Tit 2:9-15;** ne **1 Peet 2:18-25** byonna byogera ku buvunaanyizibwa bw'abaddu eri bakama baabwe. Ebitundu by'ebyawandiikibwa ebifaanagana birina okwebuuzibwako, kubanga buli nyinyonnyola eyinza okutuwa ebintu ebirala ebitali mu bitundu ebirala.

(2) Ennyiriri ezijjiddwa mu Ndagaano Enkadde ne ziteekebwa mu Ndagaano Empya zirabika buli kiseera. Endagaano Enkadde ku bwayo yeetaaga okwebuuzibwako olw'okwagala okumanya omulamwa n'ebyaviirako ebintu ebyo okubaawo. Oluusi ebigambo ebikozesebwa mu Ndagaano Empya biyinza okwawukana ku ebyo ebiba byakozesebwa mu Ndagaano Enkadde. Ekyo kibaawo kubanga abawandiisi b'Endagaano Empya batera okukozesa ebigambo ebiva mu Ndagaano Enkadde eyali enzivvuunula mu Luyonaani okuva ku y'Oluebbulaniya eyasooka.

4. Entegeka y'ebigambo n'ebikula ebirala ebikwatagana n'enkola y'ekitundu ky'ebyawandiikibwa oba emboozi.

a. *Ebiseera ebisinga ekyo ekiba kisoose okwogerwa (eky'okulabirako, mu lukalala) kikolebwa olw'okukiteekako essira.* Eky'okulabirako, mu **Bag 5:22-23** "ekibala eky'Omwoyo" kitandika ne "okwagala." Mazima, ekibala eky'Omwoyo kiri *kimu,* so si bingi (kwe kugamba, "ekibala eky'Omwoyo *kwe,"* so si "ebibala eby'Omwoyo *bye bino"*). Kale, ekibala eky'Omwoyo kiri kimu naye nga ebikiraga byonna bitambulira wamu. Omuntu ayinza okulaba okulabisibwa kwakwo kwonna nga okulabisibwa "kw'okwagala" (geraageranya ne **1 Kol 13**).

b. *Ebiba bilekeddwa ebweru biyinza okuba bya mugaso.* Eky'okulabirako, mu **Luusi 1:14-18** Luusi ayatula n'amaanyi obwesigwa bwe eri Nawomi, era aleka ensi ye n'abantu be ku lwa Nawomi. Mu **Luusi 1:19-22** Nawomi ne Luusi bakomawo e Besirekemu okuva e Mowaabu. Abakazi babuuza nti *"Ono ye Nawomi?"* Naye Nawomi n'addamu nti, *"Temumpita Nawomi* [ekitegeeza, "asanyusa"]; *Mumpite Mala* [ekitegeeza, "akaawa"], *kubanga Omuyinza w'ebintu byonna yankola ebikaawa ennyo."* Mu kuddamu kwe, Nawomi teyafa ku Luusi. Obukaawu bwe n'ennaku ye ey'okufiirwa bbaawe n'abaana be byaleetera ebirowoozo bye okutunuulira ye yekka. Byamuziba amaaso n'atalaba amazima agaaliwo nti Mukama tamukomezzaawo "yekka," naye nti Luusi ali naye.

c. *Eby'okulabirako ebya bulijjo bibiri eby'enkola ey'okudding'ana endowooza y'enkola ey'okufaananganya endowooza n'okuvvuunika entegeka yaazo.*

(1) Okufaananganya endowooza kukolebwa singa endowooza bbiri oba ssatu zidding'anwa mu ngeri enteeketeeke: A-B-A-B, oba A-B-C-A-B-C. Mu **1 Kol 1:22-23** okudding'anwa kwa "Abayudaaya" ne "Ab'amawanga" kuli mu ngeri ey'okufaananganya endowooza:

A—*Abayudaaya* baagala bubonero
B—*Abayonaani* banoonya magezi
naye ffe tubuulira Kristo eyakomererwa,
A—eri *Abayudaaya* nkonge
B—eri *Ab'amawanga* busirusiru

(2) Okuvvuunika entegeka y'endowooza kukolebwa singa endowooza bbiri oba okusingawo bidding'anwa kyokka nga bivvuunikiddwa, kwe kugamba, mu ntegeka ng'eno: A-B-B'-A', oba A-B-C-C'-B'-A'. Ebibiina ebina ebisooka okwogerwako mu

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

**Bak 3:11** biri mu nteekateeka eyo:
A—tewali *Muyonaani*
B—n'*Omuyudaaya*,
B'—*okukomolwa*
A'—n'*obutakomolwa*

(3) Enkola ey'okuvvuunika endowooza eyinza okubaamu ensonga eya wakati eterina ginnaayo ensonga endala kwe zeetooloolera; ensonga eyo eya wakati y'eyinza okuba ensonga eteekeddwako essira. **Mub 11:3-12:2** kyakulabirako:
A—Ebire n'enkuba
B—Ekitangaala n'enjuba
C—Lowooza ku nnaku ez'ekizikiza
D—Byonna ebijja butaliimu
E—Sanyukiranga obuvubuka bwo
F—Naye tegeera nga Katonda alikusalira omusango
E'— Sanyukiranga obuvubuka bwo
D'—Obuvubuka bwonna butaliimu
C'—Lowooza ku Katonda ng'ennaku ez'omusango tezinnatuuka
B'—Enjuba n'ekitangaala
A'—Ebire n'enkuba

(4) Eby'okulabirako ng'ebyo tebikoma ku kudding'ana kw'ebigambo oba ebitundu by'emboozi mu nyiriri ntono, naye biyinza okutwaliramu n'okudding'ana kw'endowooza ezizingiramu ekitabo ekiramba (laba Woolvaardt 2005: 222 [ebyaliwo mu bulamu bwa Samusooni mu **Balamuzi 14-16** birabika okutegekebwa mu ngeri y'okufaanaganya endowooza], 258-62 [ekitabo kyonna ekya **Amosi** awamu n'ebitundutundu n'essuula z'ekitabo ekyo byonna birabika okutegekebwa mu ngeri y'okuvvuunika endowooza]).

(5) Enkola ey'okufaanaganya endowooza n'ey'okuvvuunika endowooza zikola emirimu egiwerako: (A) zitondawo okwenkanankana n'obulungi; (B) zituyamba okwekaliriza omutwe gw'ebyogerwa; (C) zituyamba okutangaaza amakulu; (D) zikkaatiriza ensonga ne zituyamba okugoberera omulamwa n'obwangu obw'amaanyi; (E) zituyamba okulaba enkolagana empya oba enjawulo wakati w'ebintu.

**H.** ***Saayo omwoyo ku bikwata ku mateeka g'olulimi***

Okwekenneenya ekyawandiikibwa kikwata ku kutegeera engeri ekigambo ekimu gye kikolaganamu n'ebigambo ebirala. Ebigambo ebikwata ku mateeka g'olulimi ebiyamba okutegeera obulungi ekitundu birimu bino wammanga:

1. Ebigambo ebiyunga. "Obugambo obutonotono" obuyunga ebitundu by'emboozi ennamba, oba obuyunga emboozi n'ebitundu by'essuula ebyogera ku nsonga emu, bukulu mu ntambula y'ekirowoozo ky'omuwandiisi. Ebigambo ebiyunga biraga omulamwa ogulimu ekigambo, ekitundu ky'emboozi, oba olunyiriri. Okuyunga ebigambo, emboozi, n'ebirowoozo kutulaga engeri ebintu ebyo gye bikolaganamu. Omuwandiisi ayinza *okuyunga* ebintu bibiri oba okusingawo wamu (eky'okulabirako, **1 Tim 3:1-7** etuwa ebisaanyizo by'okubeera omulabirizi mu kkanisa; newakubadde ekigambo "ne" tekikozesebwa okutuusa lw'otandika **3:7** okuyunga ebisaanyizo ebitali bimu, *omulamwa n'enkozesa y'ebigambo yokka etulaga* nti omulabirizi alina okubeera n'ebisaanyizo ebyo byonna, so si ebimu byokka). Ayinza okuba nga *ageraageranya* ebintu (mu **1 Tim 3:3** *"atayombera ku mwenge oba atakuba"* kigeraageranyizibwa n'okubeera *"omuwombeefu, atalwana"*). Ayinza okuba ng'*ageraageranya* (mu **1 Tim 3:4-5** okubeera omulabirizi mu kkanisa n'okulabirira amaka; mu **1 Tim 4:1-2** Pawulo ageraageranya obunnanfuusi obuva mu kukkiriza enjigiriza enkyamu n'okwokebwa n'ekyuma ekyokya). Ayinza okuba *ng'awa ensonga oba ekigendererwa* ky'ekintu, oba *ekiva mu* kyo (mu **1 Tim 3:6** Pawulo awa ensonga lwaki omukkiriza omuggya tateekeddwa kuweebwa omulimu gw'obulabirizi, n'ebiyinza okukivaamu singa kikolebwa). Mu makubo ago gonna omuwandiisi atuwa era atulaga butereevu amakulu g'ebiwandiiko ebyo amatuufu. Ebigambo ebiyunga eby'omugaso birimu bino wammanga:
   a. *Ebiraga enkwatagana oba okugenda mu maaso nga*—ne; era; ekirala; awo.
   b. *Ebiraga enjawulo nga*—naye; newakubadde; okwongereza ku ebyo; wabula; so nga; wadde; olwo; oba si ekyo.
   c. *Ebiraga okugeraageranya nga*—era; nakyo; ate; kale n'olw'ekyo; mu ngeri eyo; ne; nga.

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

d. *Ebiraga enkolagana nga*—nga . . . kale n'olw'ekyo; kubanga . . . nga.
e. *Ebiraga ensonga oba ekigendererwa nga*—kubanga; olw'ensonga eyo; olw'ekigendererwa ekyo; olw'okuba nti; ekyo; olyoke; okujjako nga; okusobola.
f. *Ebiraga ekivaamu nga*—awo nno; n'olw'ekyo; ekivaamu; kale; awo.
g. *Ebiraga obukwakkulizo nga*—singa; singa . . . awo.
*h. Ebiyunga ebiseera nga*—kati, okutuusa, oluvannyuma lwa, nga, okuva, awo.
i. *Ebiyunga ebifo nga*—wa, eri.
j. *Ebiraga ekifo, ekiseera, oba enkola nga*—endagiriro (eri; okuva; ku; wala okuva ku); ekifo (ku; wansi wa; waggulu wa; okuliraana; okuyita mu; mu; wakati wa; ne; munda mu; okuva mu; nga;); obukulu bw'ensonga oba ekintu, ekiseera, n'ebirala (nga tonnaba; kubanga; okukwata ku; okuyita mu; ku lwa; oluvannyuma lwa; ku lwa; ku; okwolekagana ne; okusinziira ku; mu kiseera kya).

2. Ebirala Ebikwata ku Nkozesa y'Ebigambo. Ebibuuzo bingi ebikwata ku kuvvuunula bifuna eby'okuddamu singa tufaayo nnyo okwebuuza *kiki* omuwandiisi ky'agamba, n'*engeri* gy'akyogeramu. Ekyo okusinga kisinziira ku ngeri omuwandiisi gy'akozesezzaamu ebigambo bye. Eby'omugaso eby'okulowoozaako mulimu:

a. *Ekika ky'emboozi.* Emboozi eyinza okuba: (1) ebigambo ebikola amakulu ("emboozi elangirira"—eky'okulabirako, "Bakola nnyo."); (2) ekibuuzo ("emboozi ebuuza ekibuuzo"—nga, "Bakola nnyo?"); (3) ekiragiro ("emboozi elagira"—nga, "Kola nnyo."); oba (4) okwewuunya ("emboozi eraga okwewuunya"—nga, "Nga bakola nnyo!").

b. *Enzimba y'emboozi*. Emboozi zirina kubeeramu: (1) omutwe (Kitera okubeera ekintu oba omuntu akola ekintu ne buli kimu ekyogera ku mutwe ogwo); ne (2) ekitundu ky'emboozi ekyogera ku mutwe (ekigambo ekiraga ekikolwa ne buli kintu ekifugibwa oba ekiteeka ekkomo ku kigambo ekiraga ekikolwa [kwe kugamba, "ekitundu ekijjuza" ekigambo ekiraga ekikolwa]). N'olw'ekyo, mu mboozi "Yokaana asoma ekitabo," "Yokaana" gwe mutwe gw'emboozi eyo ne "asoma ekitabo" ky'ekitundu ekinyonnyola ekyo ekigambibwa ku mutwe ("asoma" ky'ekiraga ekikolwa ne "ekitabo" [ekintu ekyogerwako obutereevu] kye kitundu ekijjuza ekigambo ekiraga ekikolwa).

(1) Emboozi ezisinga nzibu okusinga "Yokaana asoma ekitabo"; ziyinza okuba n'*ebitundu* ebisukka ku kimu. *Ekitundu* ekikulu gwe mutima gw'emboozi; kye kirimu ekirowoozo ekikulu, era kitera kubaamu omutwe gw'emboozi eyo, ekigambo ekiraga ekikolwa, n'ekintu emboozi gye kyogerako. Ebitundu ebikola emboozi ennamba mu mboozi empanvu kyokka nga si bya mugaso nnyo *bibeeramu* ekigambo ekiraga ekikolwa era byongera okunyonnyola ekitundu ekikulu. Ebitundu ebyo ebitali bya mugaso nnyo biyinza okulaga ebintu nga ensonga eleetera ekintu okubaawo, engeraageranya, ekifo, ekiseera, ekigendererwa, ekivuddemu, enyinyonyola, oba okuwunzika. Ebitundu ebyo bitera okulabikira ku bigambo nga: ssinga, kubanga, newakubadde, ani, ddi, bwe, wa, lwaki, ne engeri.

(2) Ebigambo oba ebitundu ebikola emboozi ennamba mu mboozi endala biyinza okuteekebwako ekkomo ebigambo oba ekitundu ky'emboozi ekitakola makulu majjuvu (kibaamu ebigambo ebikolagana ebiwerako naye nga temuli kigambo kiraga ekikolwa). Eky'okulabirako, amannya g'emitwe gy'emboozi gayinza okunyonnyolwa ebigambo ebinyonnyola (nga, "omulenzi omuwanvu"—"omulenzi" ly'erinnya ly'omutwe gw'emboozi eyo, "omuwanvu" kye kigambo ekinyonnyola), ebigambo ebiraga ebikolwa nabyo biyinza okunyonnyolwa ebigambo ebibiteekako ekkomo ("musabenga awatali kulekayo"—"musabenga" kye kigambo ekiraga ekikolwa; "awatali kulekayo" kye kitundu ekiteeka ekkomo ku kigambo ekiraga ekikolwa). Ebitundu by'emboozi empanvu ebiteeka ekkomo n'ebigambo, byongeramu ebintu ebikozesebwa mu mateeka g'olulimi, ebyongera okunyonnyola kiki ddala ekigenda mu maaso, n'amakulu gennyini ag'emboozi eyo.

c. *Ebigambo ebiri mu mboozi*. Ebika by'ebigambo ebisooka ebikola *e*mboozi by'ebigambo ebikulembera amannya g'ebintu okulaga ekifo, ekiseera, n'ebirala, n'ebiyunzi (laba waggulu), amannya g'emitwe gy'emboozi, ebigambo ebikozesebwa mu kifo ky'amannya g'emitwe gy'emboozi, ebiteeka ekkomo ku mannya g'emitwe gy'emboozi, ebiraga ebikolwa, n'ebiteeka ekkomo ku biraga ebikolwa. Eby'okulowoozaako eby'omugaso okusinga nga bikwata ku bigambo mulimu bino wammanga:

(1) Amannya g'emitwe gy'emboozi—mu bumu oba mu bungi (**Bag 3:16** etujjukiza

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

amazima nti "ensigo" eri emu, si nyingi).

(2) Ebigambo ebikozesebwa mu kifo ky'amannya g'emitwe gy'emboozi—eky'okulabirako, kino; ebyo; oyo; eyali; nti; Nze; ggwe; mmwe; ffe; ye; bo. Ebigambo ebyo, oba okukyuka wakati w'ebigambo eby'enjawulo ebikozesebwa mu kifo ky'amannya g'emitwe gy'emboozi, biyinza okuba bya mugaso. Eky'okulabirako, mu **Luk 15:30** (olugero lw'omwana eyabula) muganda we omukulu tamuyita *"muganda wange,"* wabula *"omwana wo oyo";* ekyo kiraga endowooza ye, era kitutwala ku ntikko y'olugero olwo. Mu Bef. **2:11** enkozesa ya Pawulo eya "mmwe" eraga Ab'amawanga, naye enkozesa ye eya "gyaffe" mu **2:14** ne "ffe" mu **2:18** eraga nti kati mu Kristo Ab'amawanga kye kimu n'abakkiriza Abayudaaya.

(3) Ebigambo ebiraga ebikolwa—ebiseera (ekyayita; ekiriwo; eky'omu maaso); ebiraga okwetaba mu kikolwa oba obutakyetabaamu. Ebiseera bingi obuteetaba mu kikolwa kiraga "obuteetaba bwa Katonda," ekitegeeza, nti Katonda y'aleetera embeera ezimu okubaawo. Laba' eky'okulabirako, **Bak 3:1—***"Kale oba nga mwazuukirira wamu ne Kristo"* (ye Katonda atuzuukiza; tetwezuukiza fekka).

3. Ebibiina bina eby'ebintu ebikwatagana n'amakulu g'ebigambo (Wolvaardt 2005: 67-74).

a. *Bwe tutunuulira olulimi okuva ku kifo eky'amakulu (kwe kugamba, ekifo "ekikwatagana n'amakulu g'ebigambo"), ebigambo byonna biraga kimu ku bino wammanga, okusinziira ku mulamwa:*

(1) Ebintu. Ettuluba lino lyogera ku bintu byonna (omuntu; endogoyi; ebbinika), omuli ebintu ebitalabika na maaso (malaika; omwoyo), n'ebintu ebiteeberezebwa obuteeberezebwa mu bwongo (ogusota).

(2) Emikolo. Ettuluba lino lirimu ebikolwa, emitendera, n'ebintu ebigenda mu maaso, byonna (okulya; okusinza), omuli entambula zonna, omuli eng'enderere n'ezitali (okudduka; okugwa), n'ebigenda mu maaso mu bwongo (okulowooza; okuwulira).

(3) Enkolagana. Ettuluba lino lirimu enyinyonnyola y'enkolagana wakati w'ebigambo eby'enjawulo. Enkolagana zinyonnyolwa ebigambo ebikulembera amannya g'ebintu okulaga ekifo, ekiseera, n'ebirala oba ebigambo ebiyunzi (mu; ku; oluvannyuma), oba enkozesa y'ennukuta nga "y" okulaga obwanannyini (eky'okulabirako—embwa y'omulenzi).

(4) Embala. Ettuluba lino lituwa emitindo gy'ekintu, obungi bwabyo, n'eddaala ekintu mwe kiri, emikolo, enkolagana n'embala endala (eky'okulabirako, kiragala, kirungi, bingi—ebiwa enyinyonnyola ku bintu oba enkolagana, katugambe nga; mangu, bwa lumu, emirundi ebiri—ebinyonnyola emikolo; katugambe nga bingi okusukka, nnyo, —ebinyonnyola embala endala).

b. *Ekigambo oba ekika kimu eky'ebigambo (erinnya ly'omutwe gw'emboozi, ekigambo ekiraga ekikolwa, n'ebirala.) kiyinza okukozesebwa mu bibiina ebikwatagana n'amakulu g'ebigambo eby'enjawulo okusinziira ku mulamwa mwe kikozesebbwa* (katugambe, mu lulimi Olungereza, ekigambo "emmeeza" kiyinza okukozesebwa nga *ekikolwa*—"Yasalawo okumeeza ekiteeso"; *embala*—"Entikko y'olusozi ya kimeeza"; oba *ekintu*—"Omulenzi yatereezezza emmeeza").

c. *Tekitegeeza nti wateekwa kubaawo enkolagana eya 1:1 wakati w'amannya g'ebintu n'ebintu, ebigambo ebiraga ebikolwa n'emikolo, n'ebigambo ebiteeka ekkomo ku mannya g'ebintu n'ebyo ebiteeka ekkomo ku ebyo ebiraga ebikolwa n'embala.* Eky'okulabirako, mu **Beb 13:1** *"okwagala okw'oluganda"* (Oluyonaani = *philadelphia*) liba linnya("*leka okwagala kw'obwasseruganda kweyongere*"—RSV; *"Leka okwaga kwa aboluganda kugende mu maaso*—NASB), nga kino kiraga *engeri* y'*enkolagan*a y'abakkiriza ne bannaabwe , oba ekintu ekibaawo ( "*Mugende maaso okwagalana nga aboluganda*"—NIV)[6]

[6] Weetegereze nti NIV ekyusizza "omukwano" okuva ku linnya okudda kwetaba mu bigambo era nga buli omu agatta " ku munne" , okusinziira ku mulamwa gwayo,okusinga ogw'ennimi ennyo, okutaputa, era kwe kusalawo okulaba "omukwano" ng'ekintu, ekibaawo so si ngeri. Okutaputa kuno tekitegeeza nti kukyaamu.Ekyannama ddala,,bwe tuba tuvvuunula ekitundu, okukyusa enkola y'ekigambo amakulu gaakyo mwe gali kiyinza okutuyamba okulaba amakulu g'ekitundu mu ngeri etegeerekeka obulung. Wabula, ekyokulabirako kino kiraga ekyokulabirako ky'engeri y'okuvvuunula 'enkanankana n'amaanyi", eyogeddwako waggulu mu kitundi II C.

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

## VI. <u>Amakulu ag'Ebigambo n'Ebifaanannyi by'Enjogera</u>

### A. *Vvuunula ebigambo okusinziira ku kiseera kyabyo n'omulamwa gw'ekitundu ky'okutte*

1. <u>Omulamwa gwe guwa amakulu g'ekigambo.</u> Ekigambo okubeera nga kyeyawudde ku kinnaakyo, tewali kintu kirala kyonna kye kiyinza kukiikirira okujjako kyo kyokka. Naye, "ng'etteeka, ekigambo kitegeeza ekintu kimu kyokka mu mwaliro gwe kiba kikozesebbwaamu" (Wolvaardt 2005: 63). N'olw'ekyo, *ekitundu ekikulu ekikola amakulu si ky'ekigambo,* naye emboozi n'ekitundu ky'essuula ekiri ku nsonga emu ebiwa ekigambo ekyo omulamwa n'amakulu. Kale, "bulijjo buuzanga ekibuuzo: ekigambo kino kitegeeza ki mu mwaliro gwakyo?" (Ibid.). Eky'okulabirako, **Bar 8:39** ne **1 Yok 5:3** birimu ebigambo *"kwagala kwa Katonda."* Naye, omulamwa gututegeeza nti ebiri mu Baruumi byogera ku kwagala kwa Katonda gye tuli, naye ebiri mu Yokaana byogera ku kwagala kwaffe eri Katonda.

a. *Okulowooza nti ekigambo bulijjo kitegeeza ekintu kye kimu buli lwe kiba kikozesebbwa mu Bayibuli, awatali kulowooza ku mwaliro gwakyo, kuyinza okutukozesa nsobi nnene.* Ekyo kituufu kubanga ebigambo ebisinga birina amakulu agawerako. Ekigambo ekimu kiyinza okukozesebwa omuwandiisi y'omu owa Bayibuli emirundi egisukka ku gumu. Eky'okulabirako, mu **Bik 27:20** "okulokoka" kyogera ku kuwona okufa okw'omubiri; mu **Tit 3:5** ekigambo kye kimu kyogera ku bulokozi obw'omwoyo. Mu **1 Tim 5:17** "ekitiibwa" kyogera ku kusasula, naye mu **1 Tim 6:1** kyogera ku kuwa muntu ekitiibwa.

b. *Mu ngeri y'emu, ebigambo eby'enjawulo biyinza okubeera n'amakulu ge gamu oba ag'enjawulo.* Mu **Mat 20:21** ne **Mak 10:37** ebigambo "obwakabaka" ne "ekitiibwa" birina amakulu ge gamu. Mu **Mat 12:28** ne **Luk 11:20** "Omwoyo wa Katonda" kye kimu nga "olugalo lwa Katonda" (byombi nga byogera ku Mwoyo Mutukuvu). Ebyo nabyo byakulabirako eby'engeri *ebitundu* by'ebyawandiikibwa *ebifaanagana* gye biyinza okwongera okutangaaza endowooza emu.

c. *Ekitabo ekiraga ebigambo ebikulu mu Bayibuli n'enyiriri mwe bisangibwa, naddala ekirimu ebigambo ebyasooka okukozesebwa eby'Oluyonaani n'Oluebbulaniya, bikulaga ebigambo ebyo n'engeri gye bikozesebwamu.* Enkuluze ya Bayibuli ennungi oba ekitabo ekinyonnyola ebigambo eby'amaanyi oba eby'obukugu kikulaga engeri ez'enjawulo ekigambo gye kikozesebwamu.

2. <u>Ekigambo kiyinza okuba n'amakulu gamu gokka mu mwaliro gwe kiba kirimu.</u> Newakubadde ebigambo ebisinga biyinza okuba n'amakulu agawerako, era gayinza okukozesebwa mu makubo mangi mu bitundu bya Bayibuli eby'enjawulo, okugezaako okuleeta amakulu gonna ag'ekigambo mu kifo we kiba kikozesebbwa kiyinza okutuleetera okukola ensobi nnene. Kale, mu **Bik 27:20,** omulamwa gulaga bulungi nti okuwona amayengo ku nnyanja gwe mwaliro oba omulamwa gw'ekigambo "okulokoka" era kwe kuwa n'ekigambo ekyo amakulu. Newakubadde ebiseera bingi ekigambo ekyo kikozesebwa mu kwogera ku kulokoka okw'omwoyo, okugamba nti "okulokoka" kukozesebwa mu makulu gombi kuyinza okulaga mu bukyamu nti abakaafiiri Pawulo be yali nabo ku nnyanja nabo baali mu kusaba Katonda mu kulwana n'amayengo, era nti Pawulo yabuusabuusa enkolagana ye ey'obulokozi ne Kristo.

3. <u>Weegendereze entandikwa y'amakulu g'ekigambo.</u> Amakulu g'ebigambo gakyuka okusinziira ku biseera. Waliwo ebyafaayo by'etandikwa y'amakulu g'ekigambo. Ebigambo bya Bayibuli byetaaga okuvvuunulwa okusinziira ku nkozesa yaabyo *mu biseera eby'okuwandiika kwabyo*. Ebyafaayo by'ekigambo byonna b*iba tebiriiwo* omuwandiisi bw'akozesa ekigambo ekyo mu biwandiiko bye. Okunoonya ekigambo ekyo mu nkuluze eya leero eteri ya Luebbulaniya oba ey'Oluyonaani kuyinza obutatuyamba mu kutuwa amakulu g'ebigambo bya Bayibuli. Okuyiga ku byafaayo by'entandikwa y'amakulu g'ekigambo kuyinza okuyamba singa omuntu abeera n'ebikozesebwa ebyo, naye ng'omuntu alina okwegendereza. "Amakulu" g'ekigambo "agaasooka" gayinza obutakwatagana n'akatono n'ekyo ekigambo kye kyategeeza bwe kyakozesebwa abawandiisi ba Bayibuli. Mazima, abawandiisi abasinga tebamanyidde ddala entandikwa y'amakulu g'ekigambo.

4. <u>Tolowooza nti amakulu g'ekigambo ekitabule gasinziira ku bitundu byakyo ebikikola.</u> Ekigambo ekitabule ky'ekigambo ekikolebwa okuva ku bigambo bibiri eby'enjawulo. Amakulu g'ekigambo ng'ekyo tegalina kusinziira ku makulu ga buli kigambo ekikikola (eky'okulabirako, ekigambo "ekiwojjolo" mu Lungereza tekirina kakwate konna ne "omuzigo" oba "okubuuka") (Carson 1984: 28).[7]

---

[7] Ekitabo kya D. A. Carson, *Exegetical Fallacies* (Grand Rapids: Baker, 1984; 2nd ed., Grand Rapids: BakerAcademic, 1996) kirimu okwekenneenya ensobi eza bulijjo ez'ebigambo ezeesigamizibwa ku mateeka g'olulimi, ensonga, obutategeera bulungi, n'ebyafaayo. Kitabo kimpi, era kisaana kisomebwe oyo yenna ayagala okwewala enzivvuunula embi n'enkozesa embi ey'Ebyawandiikibwa.

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

Ebintu ebisinga okutulaga amakulu g'ekigambo gwe *mwaliro* mwe kikozesebbwa n'engeri *omuwandiisi* gy'aba akikozesezzaamu. Eky'okulabirako ekya bulijjo eky'ensobi etera okukolebwa eri mu kigambo ky'Oluyonaani ekitegeeza "ekkanisa"—*ekklesia:* "Ekigambo ky'Oluyonaani *ekklesia* (ekkanisa) oluusi kinyonnyolwa nga 'ek' + 'klesia'; 'bweru' + 'yitibwa'. Okusinziira ku kunyonnyola okwo ekkanisa be bantu abaayitibwa Katonda. Amakulu ago aga *ekklesia* tegawagirwa amakulu g'ekigambo ekyo agali mu Ndagaano Empya, oba enkozesa yaakyo eyasooka era mu butuufu kiyinza okuvvuunulwa nga 'ekkung'aniro ly'Abakristaayo, ekiraga bwannakibiina obulimu okukolagana.'" (Wolvaardt 2005: 65)

**B.** ***Vvuunula ebigambo okusinziira ku nkozesa yaabyo ey'ebiseera biri oba enjogera ey'ekifaananyi***

1. <u>Abantu bonna boogera era bawandiika nga bakozesa enjogera eba eriwo mu kiseera kye bawandiikiramu.</u> Waliwo enjogera ezimanyiddwa mu buwangwa obumu naye nga amakulu gaazo tegayinza kumanyika okuva ku makulu g'ebigambo ebikozesebwa mu njogera eyo—nga mu njogera y'ekiamerika "samba akalobo," "luma enfuufu," ne "kaaba ng'ekikere" okutegeeza "fa." Buli buwangwa bulina enjogera yabwo. Abawandiisi ba Bayibuli batera okukozesa enjogera ezisangibwa mu buwangwa bwabwe. Eky'okulabirako, mu (**Lub 22:17**) baakozesa ekigambo "ensigo" naye nga bategeeza "ezzadde"; "Amateeka ne Bannabbi" (laba **Mat 5:17; 7:12; 22:40; Bik 24:14**) kyogera ku Byawandiikibwa eby'EndagaanoEnkadde ("ensigo" ne "Amateeka ne Bannabbi" byombi byakulabirako eby'enjogera etekozesa amakulu g'ekigambo aga bulijjo naye ate ng'amakulu gombi gakolagana [laba wammanga]).

2. <u>Abantu bonna, awatali kwawula buwangwa bwabwe oba olulimi, boogera ne bawandika nga bakozesa enjogera ez'ebifaananyi.</u> Enjogera ey'ekifaananyi kye kigambo oba ekitundu ky'emboozi ekyawukana n'enjogera eya bulijjo entereevu. Ebifaananyi eby'enjogera bitera okukozesebwa okukkaatiriza ensonga, obupya bw'enjogera, oba amaanyi ag'obusimu. Biteekawo enkwatagana wakati w'ebintu ebiba bitukwekeddwa. Enjogera ez'ebifaananyi zirina endowooza ze zituwa ku bintu bye zoogerako, zituleetera okutunuulira ensi n'amaaso amaggya, n'okufumiitiriza amazima n'enkozesa y'ebintu ebiba binyonnyoddwa mu ngeri gye tutaalisobodde kukikola.

3. <u>Bayibuli ekozesa enkola ezo zonna mu kuwandiika.</u> Enkola ez'okuwandiika ng'ezo zeetaaga okunoonyezebwa n'okusiimibwa. Ensobi ebaawo singa enjogera ekozesebwa mu kitundu kimu kyokka oba ey'ekifaananyi evvuunulwa "mu ngeri eya bulijjo" oba "ng'eky'omubiri." Mazima, engeri eya "bulijjo" ey'okuvvuunula enjogera ekozesa ekigambo naye nga otegeeza kintu kirala y'ey'okugivvuunula "mu ngeri yaayo"; n'engeri "eya bulijjo" ey'okuvvuunula enjogera esukkulumya ekintu kwe kugivvuunula "mu ngeri yaayo."

4. <u>Mu nkozesa z'olulimi n'enjogera ez'ebifaananyi ezisinga okuba ez'omugaso ezifuga kiki ekintu kye kitegeeza era ezitatwala kigambo okusinziira ku makulu gaakyo agatali ga bulijjo mwe muli zino wammanga:</u>[8]

a. *Olulimi olw'okwenkanyankanya.* Bayibuli oluusi ekozesa ennamba engeri abantu aba bulijjo gye bazikozesaamu, okusinga engeri abakola okubala, ababazi, oba bannasayansi gye bayinza okuzikozesaamu. Amakubo abiri Bayibuli geekolamu kino ge gano wammanga:

(1) <u>Olulimi olunyonnyola ekintu nga bwe kirabika mu butonde.</u> Olulimi olunyonnyola ekintu nga bwe kirabika mu butonde lwe lulimi olunyonnyola ebintu nga bwe birabika eri amaaso ameereere, newakubadde amazima gennyini oba aga sayansi agakwata ku bintu ebyo gayinza okuba ag'enjawulo. Eky'okulabirako, okwogera ku kuvaayo kw'enjuba (**Mak 16:2**) oba okugwa kwayo (**Lub 15:12**) y'enyinyonnyola y'ebintu nga bwe birabika eri amaaso ameereere, newakubadde "okuvaayo" oba "okugwa" kwayo kuleetebwa okwetooloola kw'ensi. Mu ngeri y'emu, **Zab 104:5,** eyogera ku nsi okusimbibwa *"ku misingi gyayo, ereme okusagaasagananga"* luba lulimi olunyonnyola ekintu nga bwe kirabika mu butonde.

(2) <u>Emiwendo emilamba.</u> Abawandiisi ba Bayibuli bakozesa embalirira n'emiwendo emilamba wano na wali. Eky'okulabirako, omuwendo gw'abantu ba Isiraeri mu **Kub 1:20-46** guli kumpi 50. **Mat 14:21** eraga nti omuwendo "5000" ogw'abasajja abaalya

---

[8] Okwekenneenya kw'ebifaananyi eby'enjogera esinga okutwaliramu byonna n'okuba empanvu mu Bayibuli by'*Ebifaananyi by'Enjogera Ebikozesebwa mu Bayibuli* ebya E. W. Bullinger (London: Eyre and Spottiswoode, 1898; reprint, Grand Rapids: Baker, 1968). Ekitabo ekyo kirimu emiko egisukka ku 1000. N'eky'omugaso ennyo y'*Enkuluze* enyimpi *ey'Obubonero mu Bayibuli* eyawandiikibwa Owen, Grist, ne Dowling (London: Grace, 1992), etuwa olukala lw'ebifaananyi eby'okugeraageranya, okukiikirirwa, n'okuzibira ebisinga mu Bayibuli, (enjogera efaanaganya ebintu ebibiri, enjogera ekozesa ekigambo naye nga etegeeza kintu kirala, eyogera ku kintu ng'omuntu, ekozesa erinnya ly'ekintu mu kifo ky'ekirala kye kikolagagana nakyo, ekozesa ekitundu ky'ekintu okutegeeza ekiramba, obubonero, n'ebika).

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

gwateeberezebwa buteeberezebwa. Omuwendo gw'abasajja abaalya mu **Mat 15:32-**38 guyinza okuba 4000 ddala, naye okwetegereza ennyo Ebyawandiikibwa nakwo tekuwagira omuwendo ogwo—omuwendo ogwo mu ngeri y'emu guyinza okuba nga gwateeberezebwa buteeberezebwa.

b. *Enjogera ez'okugeraageranya, okweyimirira, n'okuwaanyisa ekimu mu kifo ky'ekirala.* Ebiseera bingi abawandiisi ba Bayibuli bageraageranya ekintu kimu n'ekirala; oba boogera ku kintu naye nga bategeeza kirala; oba banyonnyola ekintu nga bakozesa ebigambo ebiva ku kirala. Era, eyo y'engeri abantu gye boogera mu bulamu obwa bulijjo. Mu bifaananyi eby'enjogera eby'omugaso eby'ekika ekyo mulimu:

(1) Enjogera efaananganya ebintu ebibiri n'enjogera ekozesa ekigambo naye nga etegeeza kintu kirala.

(A) *Enjogera efaananganya ebintu ebibiri y'engeraageranya y'ebintu oba ebirowoozo bibiri eby'enjawulo ng'ekozesa ebigambo eby'okugeraageranya nga: "ekifaanana," "nga," oba ebigambo ebibiri ebikolera awamu, katugambe, "nga . . . bw'ekityo."* Eky'okulabirako, **Zab 42:1** (*"Ng'empeewo bw'ewejjawejja olw'amazzi, bw'etyo n'emmeeme yange bw'ewejjawejja ku lulwo, ai Katonda"*); **Kub 1:14-15** (*"N'omutwe gwe n'enviiri ze nga zitukula ng'ebyoya by'endiga ebitukula ng'omuzira; n'amaaso ge ng'ennimi z'omuliro. N'ebigere bye nga bifaanana ng'ekikomo ekizigule, ng'ekiroongoosebbwa mu muliro; n'eddoboozi lye nga liring'eddoboozi ly'amazzi amangi"*); **Lub 22:17** (*"Okukuwa omukisa naakuwanga omukisa, n'okwongera naakwongerangako ezzadde lyo ng'emmunyeenye ez'omu ggulu, ng'omusenyu oguli ku ttale ly'ennyanja"*). Weetegereze nti eby'okulabirako eby'okukubyamu mu **Lub 22:17** si njogera erimu okugeraageranya oba okufaananganya ebintu ebibiri yokka, naye byakulabirako by'enjogera eyitiriza ekintu mu bugenderere, mu ngeri y'emu nga bwe waliyo ebikumi by'obuwumbi n'obutabalika bw'emmunyeenye oba empeke z'omusenyu).

(B) *Waliwo enjogera egeraageranya ebintu ebibiri awatali kukozesa ebigambo eby'okugeraageranya nga, "okufaanana" oba "nga."* Laba **Zab 18:2** erimu enjogera ng'eyo musanvu ezigeraageranya Katonda n'ebintu ebirala—"olwazi, ekigo, omulokozi, ekigo ekigulumivu, engabo, ejjembe, n'obulokozi"; **Yok 15:5** erimu enjogera ezifaananganya ebintu bbiri—esooka efaananganya Yesu n'omuzabbibu; ey'okubiri efaananganya abawulizi be n'amatabi.

(C) *Mu kwekenneenya enjogera eziyitiriza ekintu mu bugenderere n'ezifaananganya ebintu kiba kya mugaso okujjukira nti buli kimu ku byo kirina ebitundu bisatu:* (1) omutwe (omuntu yennyini, ekintu, oba ekyo ekyaliwo era ekyogerwako); (2) eky'okulabirako ekitangaaza ensonga (ekintu ekifaananganyibwa n'omutwe gw'olugero); ne (3) ensonga eziri mu kufaanagana okulimu (ebintu eby'amakulu ebiri mu mutwe gw'olugero n'eky'okulabirako). "Okutegeera obulungi enjogera yonna esukkulumya ekintu oba egeraageranya ebintu kusinziira ku kwetegereza obulungi ensonga eri mu kufaanagana wakati w'omutwe gw'olugero n'eky'okulabirako ekitangaaza ensonga. Omutwe gw'olugero n'eky'okulabirako tebifaanagana mu bitundu byonna eby'amakulu gaabyo, naye mu *kitundu kimu* kyokka." (Wolvaardt 2005: 138). Kale, mu *"Benyamini gwe musege ogunyaga"* (**Lub 49:27**): Benyamini gwe mutwe; omusege ogunyaga ky'eky'okulabirako eky'okutangaaza ensonga; n'okubeera omukambwe n'okwonoona ebintu kwe kufaanagana wakati waabyo.

(2) Okutwala Ekintu ng'Omuntu.

(A) *Okutwala ekintu ng'omuntu kuba kuddira ekintu ekitali muntu (Katonda, ekisolo, endowooza oba ekintu ekirala kyonna) n'okyogerako ng'omuntu oba eyalina omuntu yenyini.* Eky'okulabirako, Katonda ayogerwako ng'alina emikono (**Isa 49:16**) n'amaaso (**Kaab 1:13**); emigga gigambibwa "okukuba mu ngalo" (**Zab 98:8**); obusozi "buwulire" n'ensozi "muwulirize" (**Mik 6:1-2**); *"Amagezi googerera waggulu mu luguudo; galeeta eddoboozi lyago mu bifo ebigazi"* (**Nge 1:20**); Mammona"( i.e obuggagga) afuulibwa omuntu nga Katonda mu **Matt 6:24** ne **Luk. 16:13**."

(B) *Okukwatagana n'olulimi olukozesa ebintu ebikwata ku muntu ku Katonda*

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

*waliwo olulimi olukozesa ebintu ebikwata ku bisolo ku Katonda, nga y'engeri y'enjogera Katonda mwagambibwa okukola ng'ekisolo bwe bikola.*

Eky'okulabirako, **Zab 17:8** (*"Onkise mu kisiikirize eky'ebiwaawaatiro byo"*).

(3) Enjogera etekozesa makulu g'ekigambo aga bulijjo naye ng'ate amakulu ago n'aga bulijjo gombi gakolagana. Enjogera etekozesa makulu g'ekigambo aga bulijjo naye ng'ate amakulu gombi gakolagana y'enjogera ey'ekifaananyi ekigambo oba ekitundu ky'emboozi mwe kiwaanyisibwa n'ekirala kye kikolagana nakyo, nga bwe waalikozesezza *Kampala* okutegeeza *Gavumenti ya Uganda*, oba *ekitala* naye ng'otegeeza *amaanyi ag'ekinnamagye.* Eky'okulabirako, **Isa 22:22**—*"ekisumuluzo eky'ennyumba ya Dawudi"* kyogera ku buyinza oba obufuzi bw'ennyumba ey'obwakabaka; **Amos 7:9—**erinnya *Isaaka* likozesebwa okutegeeza abantu ba Isiraeri; **Mak 1:5—***"n'ensi yonna ey'e Buyudaaya n'abe Yerusaalemi bonna ne bavaayo ne bajja gy'ali"* kikozesebwa mu kifo kya "ensi" okutegeeza *abantu* abali mu nsi eyo (weetegereze nti *"ensi yonna"* nakyo kyakulabirako eky'enjogera esukkulumya ekintu mu bugenderevu [laba wammanga]).

(4) Enjogera ekozesa ekitundu ky'ekintu okutegeeza ekiramba, oba omuntu omu okutegeeza bonna abali mu kibiina ekyo. Ekyo nakyo kifaananyi kya kuwaanyisa ekifaanana ng'ebyo bye tulabye waggulu ekitundu mwe kikozesebwa okutegeeza ekiramba (nga *omukono* okutegeeza *omulunnyanja*), ekiramba okutegeeza ekitundu (nga *amateeka* okutegeeza *omwami owa poliisi*), ekintu ekimu ekimanyiddwa okukozesebwa okutegeeza byonna ebiri mu kibiina ekyo (nga *omusazi w'emimiro* okutegeeza *omutemu*), eky'awamu okutegeeza ekimu ekimanyiddwa (nga *omubbi* okutegeeza *omusazi w'ensawo*), oba *ekintu ekikolebwamu ekirala* okutegeeza *ekyo ekiba kikoleddwaamu* (nga *ekyuma* okutegeeza *ekitala*). Nga mu **Bik 5:9—**"*ebigere byabwe abaziise balo* [ekitegeeza, *"abasajja"* (y'enkozesa y'ekitundu ky'ekintu okutegeeza ekiramba)] *biri ku luggi";* **2 Sam 17:24—***"Abusaalomu n'asomoka Yoludaani, ye n'abasajja be Isiraeri bonna* [ekitegeeza, *"abasajja bangi,"* kubanga Dawudi naye yalina abagoberezi be (ekiramba okutegeeza ekitundu)] *wamu naye"* (ekyo nakyo kyakulabirako eky'enjogera esukkulumya ekintu mu bugenderevu); **Balam 12:7—**Yefusa yaziikibwa *"mu bibuga* [ebingi okutegeeza ekimu] *by'omu Gireyaadi."*

(5) Nga bwe kiri. Waliwo enjogera enyonnyola ekintu ng'ekozesa ebitundu byakyo bibiri ebiyinza okugeraageranyizibwa. Eky'okulabirako, **Zab 139:2—***"Omanyi bwe ntuula, era bwe ngolokoka"* (kwe kugamba, "Omanyi buli lwe neekyuusa"); **Isa 45:6—** *"Balyoke bamanye okuva ebuvanjuba n'okuva ebugwanjuba"* (kwe kugamba, "Nti abantu balyoke bamanye olunaku lwonna" oba "obudde bwonna").

(6) Akabonero. Akabonero kakolebwa ssinga ekintu oba ekikolwa kikozesebwa okutegeeza amazima agakwata ku mpisa oba omwoyo; amazima ago gayinza okuba ag'edda, aga leero, oba ag'omu biseera eby'omu maaso. Eky'okulabirako, **Isa 42:6—** Katonda alonda omuddu we *"okuba nga omusana eri ab'amawanga"* (kwe kugamba, nga eky'okulabirako, nga omukiise wa Katonda; era weetegereze nti "nga omusana" ebeera njogera efaanaganya ebintu ebibiri.); **Kub 20:1-3**—Malaika yalina *"ekisumuluzo ky'obunnya obutakoma n'olujegere olunene mu mukono gwe,"* lwe yasibisa Setaani n'amusuula mu bunnya obutakoma n'aggalawo n'ateekako akabonero (obwo bwonna bubonero obulaga okuziyizibwa kw'ebikolwa bya Setaani; tebiyinza kuba bintu bya mubiri "ebirina okutegeerwa mu ngeri eya bulijjo", kubanga Setaani mwoyo era talina mubiri; wabula, weetegereze nti ebintu ebya bulijjo, eby'omubiri nabyo biyinza okubeera n'omugaso ogw'omubiri—eky'okulabirako, nnamulondo kabonero ka buyinza).

(A) *Bannabbi baateranga okukozesa ebintu oba ebikolwa ebya bulijjo okutegeeza amazima agaaliwo.* Eky'okulabirako, **Kos 1:2; 3:1** (Koseya atwala omukazi omwenzi okubeera mukazi we ng'akabonero ka Isiraeri obutaba na bwesigwa eri Katonda, n'okwagala kwa Katonda okutalemererwa gye bali newakubadde baali bajeemu); **Bik 21:11** (Agabu yasiba amagulu ge n'emikono gye ng'akozesa olukoba lwa Pawulo ng'akabonero okulaga nga Pawulo bwe yali ajja okutwalibwa ng'omusibe).

(B) *Ekintu kimu kiyinza okuba akabonero akalaga ebintu ebisukka ku kimu.*

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

Eky'okulabirako, omusota gulaga okufa kwa Kristo ku musalaba mwe yeetikkira ebibi by'abantu (**Yok 3:14**), naye ne Setaani (**Kub 20:2**).
(C) *Emiwendo nagyo giyinza okukozesebwa ng'obubonero.* Eky'okulabirako, ekya Yesu okulonda abayigirizwa oba abatume ekkumi n'ababiri (laba **Mat 10:1; Bik 1:12-26**) kiraga amawanga ga Isiraeri ekkumi n'abiri (laba **Lub 49:28; Kub 21:12, 14**). N'olw'ekyo, Yesu kwe kutuukirizibwa kw'ekyo Isiraeri ey'Endagaano Enkadde kye yali egendereddwa okubeera, era aleetawo okutuukirizibwa kw'ebyo ebyali mu Ndagaano Enkadde. Ekyo ekiva mu kukozesa emiwendo ng'obubonero kiteekwa okukwatibwa n'obwegendereza ddala. Oluusi omuwendo ogwo oguba gukoze akabonero tegwenkana omuwendo gwennyini mu "mazima aga bulijjo." Abayigirizwa, mu butuufu, baali kkumi na babiri, naye enkozesa y'omuwendo ogwo yalina amakulu agaakola *akabonero.*
(D) *Okuluŋŋamya okusinga obulungi mu kuvvuunula obubonero mulimu:*
i. Engeri Bayibuli gy'evvuunulamu akabonero, bw'eba ekikoze butereevu; ne
ii. Omulamwa. Ku ebyo ebibiri singa tekuli kireeta bulungi makulu g'akabonero, omuntu alina okwewala okumala gateebereza obuteebereza, naye alina okukkiriza nti ensonga eyo tetegeerekeka.

(7) Ekifaananyi. Ekifaananyi kiba kyakulabirako mu Ndagaano Enkadde nga kyakolebwa Katonda okufaanana amazima aga waggulu agali mu Ndagaano Empya n'enkozesa y'ekifaananyi ekiri mu Ndagaano Enkadde (amazima agaba gali mu Ndagaano Empya ky'ekintu "akabonero kye kaategeeza"). N'olw'ekyo, ekifaananyi ekyo mu ngeri emu oba endala kifaanana oba kikiikirira ekintu ekyo akabonero kye kategeeza. Ekintu okubeera "ekifaananyi" ekya ddala, Bayibuli erina okukitangaaza bulungi, era erina okulaga kiki "ekifaananyi" ekyo kye kiri.Ebintu ebimu biba birabulukufu: **Bar 5:14** mu bulambulukufu eyita Adamu ekika kya Kristo. Awantu awalala oyinza obutakozesa kujuliza buterevu, naye ebigambo ebijulizidmu NT ku biwandiiko bye OT biyinza okulaga ekika. Mu **Yok 3:14** Kristo okugeraageranya obulungi engeri gye yafaamu n'omusota ogw'ekikomo Musa gwe yawanika mu ddungu (**Kub 21:9**) kifuula omusota ogw'ekikomo okuba "ekifananyi." Ebirala biyinza obutaba na makulu. Okozesa ebigambo ebifaanana, emiramwa n'enkola biyinza okuteekawo ekika. "Okugeza Yusuufu, yayamba nnyo mu kukuuma olunyiriri lw'endagaano obutafa njala mu kiseera ky'ekyeya n'enjala era okubonaabona kwe okutasaanira kwali kwa maanyi nnyo mu kifo kye ng'omulokozi. Naye, ekigambo kyokka ekijuliziddwa mu ndagaano enkadde ekikwata ku Yusuufu mu ndagaano empya kikwata ku mukisa gwa Yakobo eri batabani ba Yusuufu ababiri (Beb. 11:21). [Wadde kiri kityo] tulina obuyiza okulaba ekizibu kya Yusufu era n'eky'omugaso ekivaamu , waakiri mu nteekateeka empanvu, nga ekiraga okubonaabona kwa Yesu n'okununulibwa okukulukuta okuva mu kubonabona okwo. Yusuufu muntu mukulu mu by'afaayo eby'endagaano ebalondoolebwa Suteefano mu Bikolwa 7. Okusooka in Yusuufu , olwo mu Musa, olwo mu bannabbi okutwalira awamu, n'okusembayo , ku ntikko mu mutuukirivu yennyini omuze oguddiŋŋanwa gulabika" (Johnson 2007: 214-15). Mu kugezaako okuzuula enkolagana z'ebika, omuntu alina okwegendereza okwewala okusukkiridde okulaga ebyawandiikibwa nga tewali musingi mutono, nga bwe kyali kya bulijjo mu Bukristaayo obw'mukyasa eky'omu makkati nga bwe kyalagibwa Origen ku lugero lw"omusamaliya omulungi: Omusajja eyali aserengeta ye Adamu, Yerusalemi lw'lusuku lwa Katonda, Yeriko ensi, abanyazi ge maanyi ag'obulabe, kabona ye teeka, Omuleevi akiikirira bannabbi, Omusamaliya ye Kristo, ebiwundu bikiikirira obujeemu, ensolo omubiri gwa Mukama, ekisulo kye kkanisa, denarri ebbiri ye Kitaffe n'Omwana, omukuumi w'ekisulo ye ssentebe w'ekkanisa, okusuubiza kw'Omusamaliya kwe kuddayo kulaga okudda olw'okibiri pkw'omulokozi. (Roukema 2004: 62) Ku ludda olulala, Kristo n'abatume baalaba OT yonna nga mu ngeri emu oba endala ekitabo ekikwata ku Yesu (**Luk 24:25-27, 44-45; Yok 5:39-40, 46; Bik 3:18, 24; 10:43; 26:22-23; 2 Kol 1:20; 1 Peet 1:10-12; Beb 1:1-3**). N'olw'ensonga eno, enkola ya *buli* mutabaganya w'endagaano era eyeetabye mu yo—jjajja, nnabbi, kabona,omulamuzi, Kabaka,omwami, taata, omwana, abazadde, abaana, omuweereza—ku nkomerero kiri mu kuvvuunulwa mu kitangaala ky'engeri

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

gye kyeyolekamu (oba ekigwa wansi mu kweyoleka) obuwulize obw'endagaano obutuukiridde obugenda okuweebwayo Yesu nga Mukama w'abantu be— mu bufunze, okutabaganya okwandituukiddwaako Yesu Omwana wa Katonda era muganda w'abantu be. . . . Bwe kityo enneeyisa etabuddwamu ey'abakulembeze b'endagaano efuula buli omu, olw'obuyiza bwa ofiisi ye, mu ngeri emu oba endala , okubeera ow'ekika ky'Omununuzi Ajja' mu ye emirimu gya nnabbi, kabona ne kabaka gyandibadde gituukirizibwa bulungi. (Johnson 2007: 216) Johnson amaliriza: "Okusoma Endagaano Enkadde mu ngeri *ey'omuntu ow'omunda*, nga kussa essira ku Kristo kyetaagisa okufaayo ennyo ku kitundu embeera z'ebiwandiiko n'ebyafaayo ne eby'olubereberye gy'ebisengekeddwamu. . . . Okuzuula kwaffe okufaamagana kw'ekika( wamu n'enjawulo w'ekika ekiziyiza) kulina okukakasibwa obujulizi mu biwandiiko by'ebyawandiikibwa, so si kiva mu kulowooza kwaffe kwokka okusukkiridde. Okukwatagana kw'ebiwandiiko oba ennimi, awamun'okuwuuma kw'omulamwa n'ensonga engazi ezikwata ku mbeera, bujulizi bukulu obulagaakakwate akagendereddwa Katonda wakati w'abantu, ebibaddewo, oba ebitongole mu ndagaano enkadde n'ekitundu ky'okutuukirizibwa kw'Endagaano Empya, nga kino kyesigamye mu Kristo era nga kizingiramu ekkanisa ye." (Ibid.: 329, 214)

c. *Ebifaananyi eby'ekintu ekiri mu birowoozo, mu busimo, n'ebiwakanibwa.* Ebifaananyi eby'enjogera byonna bitegekebwa olw'okubaako ne kye bikola, ebiseera ebisinga okukkaatiriza ensonga. Ebifaananyi bye tulabye waggulu biyinza okuyitibwa ebifaananyi "ebikiikirira" ekintu, kubanga tubikozesa okukiikirira ekintu oba endowooza, nga tukozesa ebigambo ebyewoleddwa okuva ku kintu kirala. Ebifaananyi bino wammanga biyinza okuyitibwa ebifaananyi "ebitakiikirira" kintu, kubanga bisinga okukolagana n'okukkaatiriza ensonga oba endowooza mu birowoozo by'omuwulizi oba omusomi. Tubisanga nnyo mu kwogera okusinga mu kuwandiika.

(1) <u>Enjogera Egezza Ekintu.</u> Enjogera egezza oba esukkulumya ekintu y'enjogera eyogera ebisuffu ku kintu mu bugenderevu, era mu lwatu olw'okukkaatiriza ensonga. Eky'okulabirako **Zab 119:136** (*"amaaso gange gakulukuta <u>emigga gy'amazzi</u>"*); **Mat 5:29** (*"oba ng'eriiso lyo erya ddyo likwesittaza, <u>liggyeemu, lisuule wala</u>"*).

(2) <u>Enjogera Etoniya Ekintu.</u> Eno y'enjogera etoniya ekintu olw'okwagala okugezza ekirala. Eky'okulabirako **Kub 13:33—***"naffe ne tuba mu maaso gaffe ng'obwacaaka, era bwe twali mu maaso gaabwe"* (engeri eyo ey'okwogera, eya bambega ekkumi ku kkumi na babiri Musa be yatuma, ezimbulukusa obunene n'amaanyi g'Abakanaani; era weetegereze nti "ng'obwacaaka" njogera ya kufaananya); **1 Sam 24:14—***"Ogoberera ani? Ogoberera embwa enfu, enkukunyi?"* Okufaananako n' enjogera etoniya ekintu *y'enjogera etoniya ekintu olw'okwagala okukigezza*. Eky'okulabirako, **Zab 51:17—** *"Omutima ogumenyese era ogubooneredde, ai Katonda, <u>toogugayenga</u>"* (ekitegeeza, Katonda ajja "kwaniriza n'essanyu" omutima ogumenyese era ogubooneredde); **Bar 1:16—***"Enjiri <u>tenkwasa nsonyi</u>"* (Ekitegeeza, "Nnina obukakafu obujjuvu ku njiri era okugibuulira ky'ekitiibwa kyange ekisinga okuba ekya waggulu").

(3) <u>Ekikiino.</u> Ekikiino kyogera ekyo ekyolekagana n'ekitegeezebwa oba ekisuubirwa. Kiyinza okulabibwa mu makubo abiri:

(A) *Ekikiino kwe kulaga ekirowoozo ng'okozesa ebigambo ebyolekagana n'ekirowoozo ekyo.* Eky'okulabirako **Yob 12:2—***"Mazima ddala mmwe muli bantu bennyini, era amagezi galifiira wamu nammwe!"; **26:2-3—***"Atalina buyinza ng'omubedde so! . . . Atalina magezi ng'omuweeredde so!"* (Emikwano gya Yobu tegyamuwa buyambi bwonna oba magezi gonna); **1 Kol 4:8—***"Mumaze okukkuta, mumaze okugaggawala, mwafuga nga bakabaka awatali ffe"* (Ekkanisa y'e Kkolinso, mu butuufu, yali yajjula enjawukana, ennyombo, n'ekibi).

(B) *Ekikiino kiyinza n'okusangibwa mu mwaliro omugazi okusinga, so si mu bigambo ebyakozesebwa byokka, era mu mbeera ng'eyo kitegeeza ekyo ekyolekaganye n'ekyo ekisuubirwa.* Eky'okulabirako, **Yona 1:1-14** tulaba ekikiino kubanga nabbi wa Katonda mujeemu eri Katonda era tafa ku bulamu bw'abantu balala n'emirembe gyabwe, naye abakafiiri bafaayo era beesimbu mu kusaba Katonda.

(4) <u>Enjogera ekozesa ebigambo ebitaswaza oba ebitanyiiza.</u> Enjogera eno eteekawo

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

ekigambo oba ebigambo ebitavuma oba ebitaswaza mu kifo ky'ebibi. Eky'okulabirako, **1 Sam 24:3—***"okubikka ku bigere bye"* kitegeeza "okwetawuluza"; **1 Kol 7:3, 5—** *"atuukirizenga omulimu gwe"* ne *"okusisinkana"* ziba njogera ezikozesa ebigambo ebitaswaza ebitegeeza "okwegatta kw'omusajja n'omukazi."

(5) Ebibuuzo ebibuuzibwa olw'okutegeeza. Mu Ndagaano Enkadde n'Empya, ebibuuzo bitera okubuuzibwa. Mu Ndagaano Empya yokka mulimu ebibuuzo nga 1000. Nga 300 ku ebyo bibuuzo "bya ddala" era bibuuzibwa olw'okwagala okumanya. Ebisigadde 700 bimanyiddwa nga "ebibuuzo ebibuuzibwa olw'okutegeeza" kubanga tebibuuzibwa lwa kwagala kumanya naye bigendererwa okuwa amagezi, omuli okumanya ku ndowooza y'omwogezi n'ebirowoozo bye ku nsonga eziba ziriwo. Ebibuuzibwa olw'okutegeeza biwa obukakavu ne bitangaaza ensonga omwogezi gy'akola. Eby'okuddamu by'ebibuuzo ebibuuzibwa olw'okutegeeza bya lwatu. Okwanukula kwa Katonda eri Yobu mu **Yob 38-41** okusinga kulimu ebibuuzo ebibuuzibwa olw'okutegeeza. Yesu yabuuza ebibuuzo ng'ebyo bingi mu **Mat 5:46-47; 7:3-4, 9-11**; ne **Luk 12:25-26, 28.** Pawulo yakola ekintu kye kimu mu **1 Kol 1:13**; ne **6:15-19.**

## VII. Okukozesa ekiwandiiko

### A. *Okukozesa Bayibuli ku bwakwo kukwatagana n'okutegeera Bayibuli*

Entegeera ya Bayibuli bw'etateekebwa mu nkola eba tennaba kuggwa. "Omulimu gw'okuvvuunula bwe gukoma ku ddaala ery'okumanya obumanya amakulu guba tegunnaba kuggwa" (Klein, Blomberg, ne Hubbard 1993: 401). Bayibuli teyawandiikibwa olw'okwagala okuwa omusomi waayo "amagezi ag'omu mutwe." Wabula, yawandiikibwa nga okubikkulirwa kwa Katonda gye tuli kwe tulina okuteeka mu nkola mu bulamu bwaffe (eky'okulabirako, **Ma 6:1-3; Zab 119; Yok 13:13-17; 14:21-24; 2 Tim 3:16-17; Beb 5:11-14; Yak 1:22; 2:19-20).** "Okulemererwa okuteeka Bayibuli mu nkola kutera okutegeeza okulemererwa okugitegeera *mu bujjuvu*. Ekyo kitwaliramu okulemererwa okwanukula Katonda, oyo eyeeraga mu Byawandiikibwa. Bwe tutagitegeera oba okugyanukula, kiba kitegeeza nti tetumutegeera oba tetujja *kumwanukula*. . . . . Abantu mu kkanisa bwe baba n'enjigiriza eteriimu nsobi naye ne batafa ku bantu bava mu bitundu birala oba amawanga amalala, kitegeeza nti mu butuufu tebategeera kiki ekkanisa ky'eri. Ssinga omwami n'omukyala bakwata bukusu Abaefeso 5 naye ate omusajja n'agezaako okufuga omukyala amuziyiza buli lwe yeekyusaako, kiba kitegeeza nti 'tebamanyi' kitundu ekyo." (Doriani 2001: 22, 76) Mazima, okumanya Ebyawandiikibwa naye ate n'otobiteeka mu nkola kibi (**Yak 4:17;** laba ne **Yak 2:19**). Ate ku ludda olulala, nga bwe tuteeka ebyawandiikibwa mu nkola, okutegeera kwaffe okwa Katonda kweyongera okugenda ebuziba era kukula, mu kukakasibwa oba okukyusibwa (laba **Zab 111:10**).

### B. *Okukozesa eky'ekomeredde kisibuka mu kiruubirirwa eky'okufaanagana ne Kristo*

1. Okukozesa  Ekigambo kya Katonda si kumala gagondera biragiro. Okussa Bayibuli mu nkola ly'ekkubo *ery'okukyusa obulamu bwaffe.* Pawulo yagamba, *"Kyenvudde mbeegayirira, ab'oluganda, olw'okusaasira kwa Katonda,okuwangayo emibiri gyammwe, ssaddaka ennamu, entukuvu, esanyusa Katonda, kwe kuweereza kwammwe okw'amagezi. So temufaananyizibwanga ng'emirembe gino, naye mukyusibwenga olw'okufuula amagezi gammwe amaggya, mulyoke mukemenga bwe biri Katonda by'ayagala, ebirungi, ebisanyusa, ebituufu"* (**Bar 12:1-2**).

2. Okukyusibwa obulamu kusimbiddwa mu kisa kya Katonda ekitununula, ekiggulawo ebirowoozo byaffe eri Ebyawandiikibwa, era ekituwa enkolagana empya naye okuyita mu Kristo. Ekiluubirirwa ky'okukyusibwa okwo kwe kumanya Katonda n'okufuuka nga ye—*"okufaananyizibwa n'engeri y'Omwana we"* (**Bar 8:29**; laba ne **Mat 5:48; Yok 17:3; 2 Kol 3:18; Baf 1:3-6**). Okukyusibwa kulaga "obulamu bwaffe obuggya" mu Kristo (laba **Bef 4:17-24; Bak 3:9-10**). N'olw'ekyo, kulina "okuva munda okudda ebweru" era kulina okukwata ku buli kitundu ky'obulamu bwaffe (ebirowoozo, ebigambo, n'ebikolwa). Kulina kuba "obulamu obwolesa empisa, ennono, n'amazima ga Bayibuli" (Stanley and Jones 2006: 95). Buba bulamu butukuvu, obusinziira ku bulamu obw'omunda, era obweraga mu kwagala Katonda n'abantu abalala (laba **Mat 15:15-20; Mak 7:14-23; Mat 7:17-18; 12:33-37; 2 Kol 7:1; 1 Peet 1:13-17; Mat 22:35-40; Yok 13:34-35**).

### C. *Okukozesa obulungi kukwataganan'ennono  z'okwekenneenya n'okuvvuunula okulungi*

Okwekenneenya n'okunyonnyola obulungi kuvaamu okutegeera obulungi ekiwandiiko, ekisobozesa okuteekesa mu nkola obulungi ekiwandiiko ekyo. Tulabye eby'okulabirako ebiwerako eby'ekyo, omuli:

1. Okutunuulira ebiwandiiko ebirala okusobola okweyongera okutegeera omutwe gw'ebyo ebyogerwa.

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

Okukola ekyo kutuyamba okwewala okukkiririza mu bulimba bw'enjigiriza za "kiyite-era-kitoole" oba "obulamu, obugagga, n'okweyongera okugaggawala", era kutuyamba okusaba mu ngeri eweesa Katonda ekitiibwa (laba ekitundu III.B.4.b., waggulu).
2. Okwawula wakati w'okunyonnyola n'okulagira. Mu kukola ekyo tuyiga obutateeka bukwakkulizo obutaliimu ku Katonda (laba ekitundu III.D.3.b., waggulu).
3. Okwetegereza ekika ky'ebiwandiiko. Mu kukola ekyo tetuyinza kuwaayiriza Katonda olw'okulemererwa okukuuma ebisuubizo bye abaana baffe bwe bakyama ng'ate twabakuza bulungi (laba ekitundu IV.C.2., waggulu).

**D.** ***Okukozesa okubi kukwatagana n'ennono z'okwekenneenya n'okuvvuunula okubi***

1. Okuyisa Bayibuli nga ekitabo ekirimu"eddogo". Oluusi abantu abanoonya okulung'amizibwa kwa Katonda mu kiseera eky'okusalawo bamala gabikkula Bayibuli ne batwala olunyiriri amaaso gaabwe lwe gaba gatuukiddeko okuba ekigambo Katonda ky'abagamba mu kiseera ekyo. Okwo kwe kuyisa Bayibuli nga ekitabo ekirimu "eddogo" oba nga ensiriba. Klein, Blomberg, ne Hubbard (1993: 404) babuulira ku musajja omu eyali yeebuuza oba agende mu ttendekero. Yamala gabikkula Bayibuli amaaso ge ne gagwa ku **Ezeek 27:25** ekyogera ku bantu abaali bava e Talusiisi okugenda e Ttuulo nga batambulira mu kyombo. Newakubadde ekitundu ekyo tekiriimu kiragiro eri omuntu yenna okugenda awantu abeeko ne gy'alaga ng'agendera mu kyombo, era tekirina kakwate konna n'amagye, omusajja ono yavvuunula ebiwandiiko bino ng'okuyitibwa kwe okuyingira Eggye ery'oku mazzi! Katonda tatulaganga nti alitulung'amya mu ngeri eyo. Wadde ekirowoozo nti "olunyiriri olusooka nnaalutwalanga okuba okulung'amya kwa Katonda gy'endi" kuba kuteeka enkola etetambulira ku nnono ku Katonda.

2. Okujjuzibwa Omwoyo okw'Obulimba—"okuvvuunula" Bayibuli okukolebwa "Omwoyo" mu kifo ky'okwekenneenya Ekigambo. Abantu abamu bakozesa **1 Kol 2:14** (*"bya Mwoyo . . . bikeberwa na mwoyo"*) ne **2 Kol 3:6** (*"ennukuta etta, naye Omwoyo aleeta obulamu"*) awatali kufa ku mwaliro, okugamba nti abantu abalamu mu mwoyo tebeetaaga kukozesa magezi gaabwe okwekenneenya ennyo ebiwandiiko, wabula beetaaga okukozesa "omwoyo" gwabwe okufuna okutangaazibwa kw'ekyo Bayibuli ky'etegeeza. Eky'okusooka, ku nyiriri ezo tewali lugeraageranya omulimu gw'Omwoyo n'ogw'okwekenneenya n'okunyonnyola Ebyawandiikibwa. **1 Kol 2:14** egamba nti Abakristaayo bokka be bayinza okutegeera *"Katonda by'atuwa obuwa"* (**1 Kol 2:12**). Abantu abatannazaalibwa obuggya tebayinza kutegeera bintu ebyo, kubanga singa baali babitegeera, tebaalikomeredde Yesu (**1 Kol 2:8**). **2 Kol 3:6** egeraageranya Endagaano Empya n'Enkadde abayigiriza abakyamu abamu gye baali beesibyeko newakubadde Yesu yali azze. Eky'okubiri, enkola eno ey'okujjuzibwa Omwoyo okw'obulimba okuvvuunula Bayibuli kuviiramu Bayibuli okwogera ebintu eby'enjawulo eri abantu ab'enjawulo. Omusingi gwonna ogw'amakulu g'ebyawandiikibwa agatasinziira ku kutegeera kwaffe kuggyibwawo. Awo Bayibuli eyinza okukozesebwa okwesigamya ebikolwa ebibi ebya buli kika ebitali bya Kikristaayo.

3. Okulemwa okulowooza ku mwaliro gw'obuwandiike oba ogw'ebyafaayo. Abantu bangi bakozesa bubi Bayibuli olw'okulemwa okulowooza ku mwaliro gw'obuwandiike oba ogw'ebyafaayo ogw'ennyiriri ze beesigamako. Eky'okulabirako, abantu bangi beesigama ku **Baf 4:13** (*"Nnyinzizza byonna mu oyo ampa amaanyi"*) okukakasa abalala oba bo bennyini nti bajja kuwangula mu buli mulimu oba nsonga yonna gye "bawulira baagala" okukola. Naye ate, omulamwa gw'obuwandiike (naddala **Baf 4:11-12**) gulaga nti enteekesa y'olunyiriri olwo mu nkola ekwatagana n'*okumatiranga by'olina embeera z'eby'enfuna ne bwe ziba zitya.* Pawulo yali mu buzibu bw'eby'enfuna n'okubonaabona, naye ate yali asanyukira mu bugabirizi bwe yali aweereddwa, era ne yeeyongera okubuulira enjiri newakubadde waaliwo okuwakanyizibwa.

4. Twetaaga okwegendereza bwe tufuna "okulung'amizibwa okw'obuntu" oba bwe "tuwulira" nti Katonda ayogera naffe butereevu, mu buntu, okuyita mu kitundu ky'ebyawandiikibwa ekitalina kuteekebwa mu nkola. **Kag 2:19** egamba, *"Okuva ku lunaku lwa leero ndibawa omukisa."* Omuntu ali mu kusabira ebyetaago bye eby'obuntu ayinza okuwulira nti Katonda ali mu kozesa olunyiriri olwo okumukakasa nti ajja kukola ku byetaago bye olunaku olwo. Omukkiriza akuze mu mwoyo ajja kulaba nti omulamwa gw'olunyiriri olwo gwogerera ddala ku mikisa Katonda gye yatandika okuwa abawang'anguse abaali bakomyewo ab'e Yerusaalemi ng'ekibala ky'obuwulize bwabwe mu kuddamu okuzimba yeekaalu, era nti tewali "kya nnono" ekisangibwa mu buwangwa bwonna mu lunyiriri olwo ekigamba nti Katonda ajja kukola ku byetaago bye olunaku olwo. Katonda kituufu nti asobola okwogera naffe mu ngeri ey'obuntu okuyita mu kigambo kye. Naye ate, abantu bangi balowoozezza mu bukyamu nti Katonda yali ayogera nabo mu buntu mu ngeri eyo newakubadde yali takikola, ekyabaviiramu okutuuka ku bizibu eby'amaanyi bo bennyini awamu n'abalala. Wolvaardt wano waatulabulira: "Twala

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

ekyo kyonna ky'owulira ekikujjira okuyita mu kitundu ky'ebyawandiikibwa ekitalina kuteekebwa mu nkola mu ngeri y'emu nga bw'otwala ekyo ekikujjira okuyita mu nsibuko eteri mu Bayibuli. Enjawulo eyo wakati w'okulung'amizibwa okw'obuntu okwesigamizibwa ku bitundu bya Bayibuli ebitalina bya nnono ebiyinza okuteekebwa mu nkola, bulijjo erina okukolebwa. Bwe tuba nga tukola ku kintu eky'ennono, tulina okukitwala nga bwe kiri kubanga Katonda ayagala okwogeza obuyinza okuyita mu Kigambo kye. Bwe kuba okulung'amizibwa okw'obuntu, okuteesigamizibwa ku ky'ennono, awo kirina kutwalibwa nga bwe kiri era n'obwetoowaze kubanga nyinza okuba nga ntegedde bubi okulung'amya kwa Katonda! Obutakola bw'otyo buyinza okukulowoozesa nti Bayibuli teyeesigika oba nti okulung'amizibwa okw'obuntu tekulemererwa." (Wolvaardt 2005: 37)

**E. *Endowooza za Bayibuli, enjigiriza n'ebyokulabirako***

Okuteekesa mu nkola kufaanana n'okunyonnyola olw'okuba nti, nga *amakulu* bwe gava "okuva waggulu okudda wansi" (omulamwa gw'ekitundu gwe gusalawo ku makulu g'olunyiriri n'ekigambo), mu ngeri y'emu waliwo amadaala g'obukulu okuva ku ky'awamu okudda ku kimu. Okuteekesa ekiwandiiko mu nkola kwonna kutambula okuva ku *kiluubirirwa* kyaffe eky'okukyusibwa okufuuka nga Kristo. N'olw'ekyo, Bayibuli etuwa amadaala g'obukulu mu nsibuko z'okuteekesa ebiwandiiko mu nkola:

1. <u>Ebituukiridde.</u> Zino z'ennono enkulu ezikwata ku bulamu Obukristaayo. Nga ensibuko z'okuteekesa ebiwandiiko mu nkola, ebintu ebituukiridde bisinga okubeera kumpi nnyo n'ekiluubirirwa. N'olw'ekyo, ebituukiridde bye bikola ensibuko ezisinga okuba ez'awamu mu kuteekesa ebiwandiiko mu nkola. "Bilung'amya ekitundu ky'empisa kigazi awatali kulaga bikolwa bimanyiddwa" (Doriani 2001: 84). Ebituukiridde birimu ebintu nga: *"Yagalanga Mukama Katonda wo n'omutima gwo gwonna, n'obulamu bwo bwonna, n'amagezi go gonna"* (**Mat 22:37; Mak 12:28-30**); *"onooyagalanga muliranwa wo nga bwe weeyagala wekka"* (**Leev 19:18; Mat 19:19; 22:39; Mak 12:31, 33; Luk 10:27; Bar 13:9-10; Bag 5:14; Yak 2:8**); *"byonna bye mwagala abantu okubakolanga mmwe, nammwe mubakolenga bo bwe mutyo"* (**Mat 7:12; Luk 6:31**); *"musooke munoonye obwakabaka bwe n'obutuukirivu bwe"* (**Mat 6:33**); *"oyo gwe baateresa ebingi, gwe balisinga okubuuza ebingi"* (**Luk 12:48b**); *"mwambule omuntu ow'edda, mwambale omuntu omuggya"* (**Bef 4:22-24**); *"Era kye tuva tufuba, oba nga tukyali muno, oba nga tuli wala, okusiimibwa ye"* (**2 Kol 5:9**); *"Naye enkomerero y'ekiragiro kwe kwagala okuva mu mutima omulongoofu n'omwoyo omulungi n'okukkiriza okutalina bukuusa"* (**1 Tim 1:5**); *"Temweterekeranga bintu ku nsi,naye mweterekeranga ebintu mu ggulu"* (**Mat 6:19-20; Luk 12:21**). Weetegereze nti ebyo byonna si biragiro. Ebintu ebyo bituwa omusingi oba endowooza gye tusinziirako okutambuza obulamu bwaffe. Tebyogera ku bikolwa kimu na kimu. Bikozesebwa mu kugoberera ebintu ebyo ne tukola ebikolwa ebikkiriziganya n'ebirowoozo ebyo ebituukiridde, ne twewala ebintu n'ebikolwa ebitakkiriziganya na birowoozo ebyo.

2. <u>Enjigiriza.</u> Gano ge mazima agakwata ku nzikiriza ey'Ekikristaayo. Enjigiriza si kika kyawufu mu Byawandiikibwa, naye kiva mu Byawandiikibwa byonna. Ebika by'Ebyawandiikibwa byonna biyigiriza era birina kye biraga ku Katonda n'enjigiriza. Enjigiriza ey'Ekikristaayo enyonnyola ekikula ky'amazima amatuufu agaliwo—ekikula kya Katonda, eky'abantu, amazima ag'omwoyo, ne bye gategeeza. Enjigiriza zirimu ebintu nga: Katonda wa Bayibuli ye Katonda omu ow'amazima; Katonda ali Omu-mu-Basatu; Katonda yatonda ensi, n'atonda abantu mu kifaananyi kye; abantu bonna baagwa mu kibi, n'amaanyi g'ekibi eky'omunda gali wakati mu bulamu bwaffe; Katonda yajja mu nsi mu Yesu Kristo; tetuyinza kwerokola okuva ku maanyi g'ekibi n'empeera yaakyo, naye tuyinza okuweebwa obulokozi olw'ekisa kya Katonda okuyita mu kukkiriza Kristo; Omwoyo Omutukuvu atuula mu bakkiriza; Kristo atusaba okubeera n'obulamu obw'obwesigwa n'obuwulize gy'ali nga tuyita mu kubeera n'obulamu obw'okwagala n'okuweerezanga abalala; Kristo akomawo nate, era alisalira abalamu n'abafu omusango; abantu bonna balina entuuko ey'emirembe n'emirembe, oba okufa kw'abatakkiriza okw'emirembe n'emirembe mu geyeena oba obulamu obutaggwaawo mu nsi empya ku lw'abakkiriza.

   a. *Enjigiriza eteekebwa mu nkola mu kubuuza ebibuuzo nga, "Enjigiriza X bw'ebeera entuufu, kiki ekiddako?" n'Empisa zange zaalikyuse zitya singa zibadde zikwataganye ne bye ng'amba nzikirizza?" (Doriani 2001: 85-86).* Ne tuteeka enjigiriza eyo mu nkola mu ngeri y'okubeera n'obulamu obukwatagana nayo.

   b. *Kubanga enjigiriza etuwa ekifaananyi ky'ensi ekituufu, eddamu okutereeza ebirowoozo byaffe.* Ng'enzikiriza zaffe bwe zigenda zikyuka, endowooza zaffe n'ebikolwa byaffe nabyo bikyuka. Eky'okulabirako:

      (1) <u>Amakulu g'enjigiriza nti Katonda ali Omu mu Basatu.</u> Katonda ali Omu mu Basatu (Kitaffe, Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu). Ekyo kitegeeza nti Katonda y'oyo

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

*akolagana* n'abantu. Buli muntu nkolagana eyo ey'Omu-mu-Basatu ali mu nkolagana entuukirivu era ey'okwagala n'abalala. Katonda yatutonda mu kifaananyi kye. N'olw'ekyo tulina okukolagana n'okwagalana. Tetuteekwa kwewala bantu, naye tuteekwa okufuba okubeera mu nkolagana ey'okwagalana n'okukwatagana n'abalala.

(2) Amakulu g'enjigiriza ku bubi omuntu bw'azaalibwa nabwo. Olw'enjigiriza y'Ekikristaayo ku kikula ky'obubi bw'omuntu, amaanyi g'ekibi eky'omunda ekibeera mu buli omu, n'okuva kw'abantu ku Katonda, tetulina kwewuunya abantu bwe balimba, bwe banyaga, bwe babba, bwe bakola obwenzi, era bwe batulyamu olukwe. Tetulina kwewuunya abantu bwe beegulumiza olw'ebintu bye balina. Tumanyi nti tebalina mirembe egy'omunda, obutebenkevu, n'amakulu ebiva mu nkolagana y'omuntu ne Kristo. N'olw'ekyo, bagezaako okufuna emirembe, obutebenkevu, n'amakulu mu makubo amalala. Bwe tutegeerera obulungi ebintu bino—ebiva mu njigiriza ey'Ekikristaayo—endowooza yaffe ku balala ekyuka, era tetuyinza kwanukula obulumi n'ebizibu nga abalala bwe bakola.

3. Eby'okulabirako. Ebyafaayo ebiri mu Ndagaano Enkadde n'Empya bituwa eby'okulabirako olw'okuyigirizibwa kwaffe (laba **Bar 15:4; 1 Kol 10:1-6**). Yesu yajjayo eby'okulabirako eby'omu Bayibuli mu kwanukula Setaani n'Abafalisaayo (laba **Mat 4:4, 7; 12:1-7**). Pawulo yagamba abakkiriza *"Kyenva mbeegayirira okungobereranga"* (**1 Kol 4:16; 11:1; Baf 3:17**). Bayibuli ya mazima mu kwogera ku bibi wadde eby'abakkiriza (eky'okulabirako, okutamiira kwa Nuuwa, **Lub 9:21;** obulimba bwa Ibulamu n'okugamba Salaayi okulimba, **Lub 12:10-20;** Obwenzi bwa Dawudi n'obutemu bwe, **2 Samwiri 11**). N'olw'ekyo, eby'olulabirako biyinza okuba ebirungi oba ebibi.

a. *Ebyafaayo ebiri mu Bayibuli bituyita okupima abantu be tubisangamu n'ebikolwa byabwe, n'okweteeka mu kiti kimu n'abantu abo okusobola okufuna ekkubo ery'omwoyo lye tulina okukwata n'okusobola okulabulwa.* Ebikolwa eby'obwesigwa ebiwerako bwe bituwa eky'okulabirako, naddala nga Katonda awadde ebikolwa ebyo omukisa, naffe kitulung'amya ffe abantu aba leero. Ebikolwa ebitakwatagana tebikola nnono, naddala nga Katonda tabiwadde mukisa, era nga tebikwatagana na kiragiro kyonna oba omutindo gwonna ogw'empisa. Ekyafaayo bwe kitawagira oba okuvumirira omuntu oba ebikolwa bye era bwe wataba kyakulabirako kituweereddwa, tetuteekwa kwanguyirawo okujjamu eky'okuyiga ekikwata ku mpisa okuva ku ky'okulabirako ky'ekyafaayo ekyo.

b. *N'enyimba awamu n'okusaba ebiri mu Bayibuli bituzimba nga bwe tubirowoozaako ne tubifuula ebyaffe.* "Ekintu abantu kye batendereza kye batwala ng'eky'omugaso. Bwe tutendereza Katonda olw'obwenkanya bwe, tuba tutwala obwenkanya ng'ekintu eky'omugaso. Bwe tumutendereza olw'ekisa kye ekijudde okwagala tuba tuwagira ekisa ekijudde okwagala. Mu kutendereza Katonda olw'ebintu ebyo, tubitereka era tusembezebwa gye biri ffe ffennyini." (Doriani 2001: 92).

c. *Tuteekwa okwegendereza ennyo obutafuula eby'okulabirako okubeera biragiro. Kyo kikulu nti tujjukira enjawulo enkulu wakati w'okunyonnyola n'okulagira* (laba akatundu III.D., waggulu). Okuyigira ku by'okulabirako ebiri mu Bayibuli kusuubira nti tumanyi ekiluubirirwa, emitindo gya Bayibuli, n'enjigiriza ey'Ekikristaayo. Eby'okulabirako birina kulabibwa bulungi naddala nga ebizibiti ebijulira oba ebilumiriza enteeka mu nkola gye tuba tulowoozezzaako okuva ku bika by'ebiwandiiko ebirala.

**F. *Amateeka n'ebiragiro ebiri mu Bayibuli***

Amateeka n'ebiragiro bikwata ku nsonga eziba zimanyiddwa okusinga ennono, enjigiriza, n'eby'okulabirako. Mu buli mulembe, amateeka galina emirimu emikulu ennyo ebiri: (1) gasalira abatakkiriza omusango; ne (2) gakola nga omuluŋŋamya eri abakkiriza mu ngeri y'okulaga okwagala kwabwe eri Katonda (Lehrer 2006: 122). Okubikkulirwa kwa Katonda okusigadde, amateeka ga Katonda gagenda geeyolesa mpolampola mu Bayibuli yonna.

1. Okutunula ku mateeka agali mu Bayibuli.

a. *Abantu baatondebwa mu kifaananyi kya Katonda, n'okumanya Katonda n'ekirungi n'ekibi kuwandiikiddwa mu mitima gy'abantu bonna*. Ekyo kyali kituufu Amateeka Ekkumi n'amateeka amalala ag'Endagaano Enkadde gaali tegannaba kuweebwa Musa (laba **Bar 1:18-23; 2:14-16**). Amateeka ga Musa gaaweebwa okulaga mu ngeri enteeketeeke ennono z'obwakabaka bwa Katonda n'okuteekawo ebiragiro ebirala eby'ensonga n'enkozesa yaabyo mu ggwanga lya Isiraeri eryali mu nkolagana ey'endagaano ey'enjawulo ne Katonda. N'olw'ekyo, "amateeka ga Katonda gabeerawo nga tegeesigamizibwa ku mateeka ga Musa.

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

Mazima waliwo okukwatagana, naye nga tewali kukoppagana" (Wells and Zaspel 2002: 143). Amateeka ga Musa gabikkula empisa za Katonda n'obutukuvu bwe (ebigambo *"Nze Mukama Katonda wo"* bigenda biddibwamu mu Mateeka ga Musa n'ebiragiro bye). Amateeka era gaakolebwa okulaga ekibi (**Bar 3:19-20; 7:7-12**); "okwongera" ekibi (**Bar 4:15; 5:13-14, 20**); n'okuteeka omuntu mu busibe bw'ekibi (**Bar 7:23; 8:2-3; Bag 3:10-13; 5:1; Bak 2:14**). Mu ngeri eyo gaatwaala abantu eri Kristo (**Bag 3:15-4:31;** laba ne **Bar 7:24-25**).

b. *Yesu yatuukiriza amateeka ku lwaffe ku musalaba (**Mat 5:17-20; Yok 19:30; Bar 10:4; Bef 2:14-15; Bak 2:13-15**).* Yesu yagamba yajja "okutuukiriza" amateeka (**Mat 5:17**). Ekigambo ekyo kitera okutegeeza "okuleeta eri amakulu agagendereddwa" (Hays 2001: 29). "Yesu teyagamba nti amateeka ga kukwata ku bakkiriza ab'Endagaano Empya emirembe n'emirembe. Ssinga bwe kyali, Abakristaayo olwaleero baalibadde beetaagibwa okukuuma amateeka ag'okusaddaaka n'ag'emikolo ag'enjawulo, n'agakwata ku mpisa, era ekyo kyalibadde kigootaanya ebitundu ebirala eby'Endagaano Empya" (Ibid.). Mu kifo ky'okukola ekyo, omulimu gwa Yesu ku musalaba gwakomya *ekigendererwa* n'*ekikula* ky'Amateeka ag'Endagaano Enkadde (aga Musa) *okusiba* omuntu. N'olw'ekyo, Abakristaayo tebakyali wansi w'amateeka g'Endagaano Enkadde n'ebiragiro byago (**Bar 6:14; 7:6; Bag 3:1-4:7; 5:18;** laba ne **Bak 2:8-17**). "N'olw'ekyo, tetusuubira Endagaano Enkadde okubeera okwolesebwa okusembayo okw'omutindo gw'obulamu bw'omukkiriza wansi w'Endagaano Empya" (Wells and Zaspel 2002: 149).

c. *Okujja kwa Kristo kwatandika Endagaano Empya era, awamu nakwo, omulembe omuggya ogwa "etteeka lya Kristo" (**Bag 6:2; 1 Kol 9:19-21;** laba ne **Bar 7:4; 8:2**).* Awamu n'okujja kwa Kristo, wabaddewo *"okukyusa mu tteeka"* (**Beb 7:11-12**). Endagaano Enkadde *"ekaddiye"* (**Beb 8:13**). *"Aggyawo eky'olubereberye alyoke ateekewo eky'okubiri"* (**Beb 10:9**). Mu kifo ky'okubeera wansi w'Endagaano Enkadde, kati tuli wansi w'Endagaano Empya—*"etteeka lya Kristo"* (**Luk 22:20; 1 Kol 11:25; 2 Kol 3:6; Beb 8:8-13; 9:15**). *"etteeka lya Kristo"* si njigiriza za Yesu zokka, naye n'abawandiisi b'Endagaano Empya (laba eky'okulabirako, **Yok 14:24-26; 16:12-15; 17:8, 18-20; 1 Kol 14:37; Bag 1:11-12; Bef 2:20; 1 Bas 2:13; 2 Bas 2:15; 3:6, 14; Beb 2:3; Kub 1:11**). Mu mwaliro ogwo, tuyinza okulowooza ku kukozesa amateeka n'ebiragiro eby'Endagaano Enkadde n'Empya.

2. <u>Amateeka g'Endagaano Enkadde n'Ebiragiro.</u> Tewali n'omu ali *butereevu* wansi w'etteeka *lyonna* ery'Endagaano Enkadde olwaleero kubanga kati tuli mu mulembe ogw'Endagaano Empya n'etteeka erya Kristo. Wabula, tukyayinza okubaako ne bye tutegeera okuva mu go olw'obulamu bwaffe. "Yesu ku Musa alinga ekiwojjolo ku kisaanyi. . . . Mu Kristo Musa atuuka ku bukulu n'avaayo mu bujjuvu. Amateeka ga Musa gakyalina amakulu, naye nga gatutuukako okuyita mu mikono gya Mukama waffe Yesu. Abakristaayo olwaleero bateekwa okugenda mu maaso n'okusoma Musa, era lwa mugaso munene, naye mu kumusoma, bateekwa okwambala galubindi zaabwe Enkristaayo" (Wells and Zaspel 2002: 157). Okutunuulira amateeka agali mu Ndagaano Enkadde n'ebiragiro kulimu engeri bbiri.

a. *Tunuulira amateeka agali mu Ndagaano Enkadde n'ebiragiro nga okuteeka mu nkola oba eby'okulabirako eby'ensonga ebirimu ennono ez'awamu, era bikozese mu ngeri y'okufaanaganya embeera.*

(1) <u>Amateeka agalimu Ndagaano Enkadde n'ebiragiro:</u> "bituwa eby'okulabirako ebyalung'amizibwa eby'engeri y'okuwa ennono engazi omubiri. *Ebiragiro biwa ennono omubiri, ne bizitangaaza, ne bizinyonnyola.* Ebitundu ebikwata ku mateeka aga bulijjo mu Mateeka ga Musa birabika okutwaliramu byonna mu kusooka, naye okubyetegereza ennyo kugajjayo ng'amateeka agaaweebwa olw'ensonga era nga ganyonnyola ennono engazi. Amateeka ago geekuusa ku buwangwa, ekigaleetera okuba amazibu okukozesebwa mu buwangwa obulala. Ate nga gatuwa ekintu eky'enjawulo ekigalimu, ebiragiro by'omu Bayibuli okwambala omubiri okujjuvu, ekintu kye twetaaga." (Doriani 2001: 246)

(2) <u>Amateeka ag'Endagaano Enkadde n'ebiragiro, bikola olwaleero kyokka nga bifaananira ddala ennono ez'Endagaano Empya n'embeera zaffe ez'olwaleero.</u> Kubanga okukyuka okuva ku Ndagaano Enkadde okudda ku Ndagaano Empya kwavaamu *"okukyuka kw'etteeka"* (**Beb 7:12**) ne kiba nti oba etteeka ery'Endagaano Enkadde, oba embeera kwe lyesigamizibwa, tebifaanana etteeka lya Kristo eriri mu Ndagaano Empya oba embeera eziriwo olwaleero mwe twesanga, okufaanana kwonna wakati w'etteeka oba embeera ey'Endagaano Enkadde n'embeera yaffe kunafuyibwa era kukendeera omugaso (oba okuggweramu ddala omugaso).

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

b. *Weetegereze olabe engeri Endagaano Empya gy'eyisaamu amateeka n'ebiragiro ebiri mu Ndagaano Enkadde.*

(1) Omulimu gwaffe ng'abavvuunuzi kwe kumanya engeri Endagaano Empya gy'ekwatamu amateeka ag'Endagaano Enkadde. "Okunoonya engeri Yesu ne/oba abawandiisi b'Endagaano Empya gye bakwatamu etteeka lya Musa kwetaaga okussaako omwoyo mu bujjuvu. Naye ogwo gwe mulimu gw'omuvvuunuzi ddala ddala—ateekwa okukozesa Bayibuli ye yonna. Ateekwa okusoma Bayibuli ye yonna ng'Omukristaayo, ng'alina endowooza ye ey'Endagaano Empya, naye eteekwa okukozesa Bayibuli ye yonna. Endagaano ya Musa efuna okutuukirizibwa kwayo mu tteeka lya Kristo, era tuteekwa okutunuulira okulaba engeri ekyo gye kikolebwamu mu buli mbeera." (Wells and Zaspel 2002: 160)

(2) Emirundi mingi Yesu n'abawandiisi b'Endagaano Empya baakyusanga amateeka ag'Endagaano Enkadde nga bayita mu:

(A) *Kukyusa omusingi gwago*—okussaamu abazadde ekitiibwa kukwata ku bakkiriza ku nsi, so si Abaisiraeri mu nsi y'e Kanaani, era kye kizibiti nti "okwatula kw'okukkiriza kw'omwana kwa mazima. . . [era singa] banywerera mu ekyo bayinza okukakasa nti ddala bakkiriza era balibeera emirembe n'emirembe ne Katonda gwe baagala" (Lehrer 2006: 137-46, **Bef 6:3**).

(B) *Kugateekako ekkomo*—okugoba omukazi (**Mat 5:31-32**).

(C) *Kugakendeezaako*—amateeka ag'emmere (**Mak 7:19**); okukomolwa (**Bag 5:1-2**).

(D) *Kugagaziya*—obutemu butwaliramu obukyayi (**Mat 5:21-22);** obwenzi butwaliramu okwegomba (**Mat 5:27-28**).

(E) *Kugakendeeza n'okugagaziya mu kiseera kye kimu, oba s'ekyo, kugakyusa*—tetuteekwa kulayira n'akatono, wabula, tulina kubeera ab'amazima mu mbeera zonna (**Mat 5:33-37**); mu kifo kya "liiso ku liiso" awatali kuwalirizibwa tuteekwa okukolera abalala ebirungi si nsonga oba balungi gye tuli oba nedda (**Mat 5:38-42**); okwagala baliranwa baffe kutwaliramu okwagala abalabe baffe (**Mat 5:43-47**).

c. *Eby'okulabirako bisatu biraga engeri amateeka ag'Endagaano Enkadde gye gaali galowoozebwako nga enteeka mu nkola ez'ennono ezikwata ku bantu bonna mu Ndagaano Empya, era gaakozesebwanga mu ngeri y'okufaanaganya embeera.*

(1) Amateeka ga Musa gaali gazingiramu byonna. Yesu ne Pawulo bombi bakozesa amateeka g'Endagaano Enkadde nga eby'okulabirako eby'ennono engazi okusingako—etteeka ery'okwagala (**Mat 22:36-40; Bar 13:9**).

(2) Amateeka ga Sabbiiti agali mu Ndagaano Enkadde. Yesu alaba amateeka ga Sabbiiti agali mu Ndagaano Enkadde nga agoogera ku ye kennyini ne ku nnono y'ekisa (**Mat 12:1-8; Mak 2:23-28; Luk 6:1-11**). Yagamba nti n'amateeka g'Endagaano Enkadde agasinga okuba amakulu gaasobolanga okumenyebwa ssinga okugeesibako kwatyobolanga ennono yaamwo.

(3) **Ma 25:4—***"Togisibanga kamwa ente ng'ewuula."* Ku mikolo ebiri (**1 Kol 9:9; 1 Tim 5:18**) Pawulo yanokolayo etteeka erikwata ku nte. Emirundi gy'ombi yatunuulira etteeka eryo *nga eky'okulabirako oba enteeka y'ennono engazi mu nkola*. Pawulo yanokola etteeka eryo ng'awagira ennono egamba nti *abo abakulembera mu kkanisa ne bayigiriza ekigambo balina okusasulwa*. Weetegereze nti omulamwa gw'obuwandiike oba ogw'ebyafaayo ogw'olunyiriri oluli mu Ndagaano Enkadde tegulina we gwogera ku kusasula abakulembeze ab'omwoyo. Nga bwe kiri ku bunabbi, Endagaano Empya oluusi ekozesa ebiwandiiko by'Endagaano Enkadde mu ngeri empya. Eyo y'ensonga lwaki tuteekwa okutunuulira Endagaano Enkadde nga tukozesa amaaso ag'Endagaano Empya (so si engeri endala).

d. *Eky'okulabirako kya Yesu ekikwata ku tteeka lya Sabbiiti n'ekya Pawulo ekikwata ku nte birina okutuzzaamu amaanyi n'okwegendereza.* Bombi batunuulira ennono eziri mu mateeka ago, so si ennukuta y'amateeka yennyini. Naye, tetuli Yesu oba Abatume. Pawulo yasobola okulaba ennono awatali mwaliro gwa **Ma 25:4** ogw'obuwandiike oba ogw'ebyafaayo. Omusingi ogwo gulabika nga gwekuusa ku buvunaanyizibwa okuyisa buli muntu mu bwenkanya okuva abantu bonna bwe balokolebwa mu kifaananyi kya Katonda, "n'ekireega ki ekisinga" n'obuvunaanyizibwa bw'Abakristaayo: i.e, "bwaaba nga Mukama yakuuma eddembe

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

ly'ente okulinyirira mu ngeri ey'obwenkanya nga bwe ziwuula emmere ey'empeke eya Yisirayiri, asuubira nnyo abantu be abanunuliddwa okuwa ebyeetago eby'omubiri eby'abo abasimba mu mitima gyabwe ensigo y'enjiri egaba obulamu!" (Johnson 2007: 282)

Mu butuufu tuyinza okutunuulira ennono eziri emabega w'etteeka eriri mu Ndagaano Enkadde, naye tuteekwa okutuuka ku nnono ezo nga tukozesa amateeka ag'okwekenneenya n'okuvvuunula obulungi ebiwandiiko n'okubiteekesa mu nkola.

3. <u>Amateeka n'ebiragiro ebiri mu Ndagaano Enkadde.</u>

a. *Amateeka n'ebiragiro eby'Endagaano Enkadde ("etteeka lya Kristo") gayinza okukwata butereevu ku bakkiriza mu ngeri amateeka ag'Endagaano Enkadde gye gatasobola.* Eby'okulabirako by'amateeka mangi agali mu Ndagaano Enkadde agatukwatako butereevu olwaleero mulimu: **Bar 12:9-21; 1 Kol 6:18; Bef 4:25-32; 1 Bas 5:16-18;** ne **Beb 10:23-25.**

b. *Amateeka n'ebiragiro ebiri mu Ndagaano Empya tebikola butereevu ku nsonga zonna ezitukwatako n'obuwangwa obwa leero.* Ebitabo by'Endagaano Empya byawandiikirwa eri amakanisa n'abantu sekinn'omu abaali bamanyiddwa, era bikola ku nsonga ez'enjawulo amakanisa ago ze gaasisinkana, mu mwaliro gw'obuwangwa obw'enjawulo obwaliwo. N'olw'ekyo, ne mu kutunuulira amateeka n'ebiragiro by'Endagaano Empya, tuyinza okwetaaga okunoonya *ennono* eziri emabega w'ebiragiro ebyo, era tuzikozese *mu ngeri y'okufaanaganya* n'embeera zaffe. Mu mbeera ezimu, naddala ng'obuwangwa bukyuse, tuyinza n'okugenda ewala okusukka ku bigambo by'amateeka g'Endagaano Empya n'ebiragiro ebikwata ku "mwoyo" gwabyo ogw'okununula.

**G. *Waliwo "olukonko lw'ekyo kyennyini ekyogerwako n'ensonga eriwo" wakati w'ensonga Bayibuli zeekolako n'ensonga gye tuba tulimu, kubanga Bayibuli tekola butereevu naddala ku buli nsonga eriwo***

1. <u>Bayibuli tekola naddala ku buli nsonga etukwatako ffe abantu ba leero.</u> Bayibuli ye mulung'amya w'ebyo bye tulina okukkiriza amala n'ow'engeri gye tulina okubeera. Ekola naddala butereevu ku nsonga ezimanyiddwa abantu ze baatuukako mu kiseera eky'okugiwandiika. Okweyongera kw'amagezi ga sayansi kuleese ebibuuzo ebyali tebisobola kubuuzibwa mu biseera eby'okuwandiikibwa kwa Bayibuli (eky'okulabirako, okugatta ebika by'ebirime bibiri wamu"). Obuwangwa bwe tulimu buyinza okuba obw'enjawulo nnyo ku bw'ebiseera by'okuwandiikibwa kwa Bayibuli. N'olw'ekyo, ensonga Bayibuli zeekolako ziyinza obutafaanana n'ezo ze tukolako oba embeera ze twesangamu. Ekirala, tekitegeeza nti Bayibuli buli lw'ekola ku nsonga egikolako mu bujjuvu.

2. <u>Bwe tutuuka ku nsonga Bayibuli gy'eteyogerako butereevu oba mu lwatu, tulina okunoonya ennono za Bayibuli, enjigiriza, eby'okulabirako, amateeka, n'ebiragiro, ebikwata ku mbeera gye tuba tulimu, tugezeeko okutegeera *ennono* " n'omwoyo" ogw'okununula ebiri emabega w'enjigiriza, eby'okulabirako, amateeka, n'ebiragiro ebyo era tubikozese mu mbeera efaananira ddala ne gye tulimu.</u> Waliwo "Okufaanaganya ebintu ebibiri ebiyinza okugeraageranyizibwa (eky'okulabirako, waliwo okufaanagana wakati w'omutima n'ebbomba). Bwe tusisinkana embeera Bayibuli gy'eteyogerako butereevu, tuteekesa Bayibuli mu nkola mu ngeri ey'okufaanaganya: a. nga tunoonya embeera mu Bayibuli n'enyiriri (omuli eby'ennono, enjigiriza, eby'okulabirako, amateeka, n'ebiragiro) ebilabika okufaanana n'embeera gye tulimu era nga bitukwatako; b. tunoonya ennono za Bayibuli "n'omwoyo" ogw'okununula oguli emabega w'embeera ezo n'ebiwandiiko ebyo; ne c. okukozesa ennono ezo n'omwoyo ogwo mu mbeera yaffe.

3. <u>Okufaanaganya embeera</u> <u>kulungi singa embeera eyo efaanana n'eyo gye tulimu olwaleero.</u> Okukozesa ennono za Bayibuli, enjigiriza, eby'okulabirako, amateeka, n'ebiragiro mu ngeri ey'okufaanaganya embeera kye kimu n'okukozesa amateeka agaasooka mu mbeera empya mu kkooti y'amateeka. Embeera eri mu Bayibuli era eri emabega w'ennono, enjigiriza, eby'okulabirako, amateeka, n'ebiragiro bye tulowooza nti bitukwatako *bw'etefaanana* embeera gye tulimu, okufaanaganya okwo kukendeera amakulu (n'okuggweramu ddala). Bayibuli ye mulung'amya amala mu bye tukkiriza ne mu ngeri gye tutambuzaamu obulamu bwaffe. N'olw'ekyo, tujja kukisanga nti ensonga zonna ze tusisinkana ezikwata ku mpisa, mu butuufu, zikwatagana n'ennono za Bayibuli eziri waggulu wa buli buwangwa, omwoyo omununuzi ogwa Bayibuli, n'ebitakyuka eby'omu Bayibuli. Naye, kubanga Bayibuli tekola butereevu ku buli nsonga gye tuyinza okusisinkana, tuyinza okutegeera ennono, omwoyo, n'ebitakyuka eby'omu Bayibuli bwe tuba tugimanyi bulungi era bwe tuba nga tugitegeera bulungi, era nga tusobola okwekenneenya bulungi ebiwandiiko byayo.

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

**H.** ***Waliwo "olukonko" wakati w'obuwangwa bwa Bayibuli—omuli amateeka n'ebiragiro, ebisinziira ku buwangwa obwo—n'obuwangwa obw'enjawulo n'embeera ze tulimu olwaleero***

1. Empuliziganya ya Katonda (Bayibuli) yaweebwa mu mikolo egyali gimanyiddwa, mu buwangwa obwali bumanyiddwa, eri abantu abaali bamanyiddwa, abaali mu mbeera ezaali zimanyiddwa. Naye ate, obubaka bwa Katonda bwawandiikibwa olw'ekigendererwa eky'okuweereza abantu bonna oluvannyuma. Ekivuddemu, "Okusoomoozebwa okunene okuli mu kuteeka Ebyawandiikibwa ebyo mu nkola *kwe kutinda olukonko wakati w'obuwangwa bwa Bayibuli n'obwa leero"* (Doriani 1996: 143). Tuyinza okugamba nti: ebiragiro bya Bayibuli—omuli Endagaano Empya—bikwata ku bantu bonna, ebiseera byonna ne mu bifo byonna, oba byakoma ku buwangwa mwe byaweebwa? "Kwalibadde kwerimba okubuulira ensi yaffe ku Katonda awatali kumala kunoonyereza ku nfaanana yaayo ey'obuwangwa/esukkulumye ku buwangwa" (Webb 2001: 24). Olukonko lw'obuwangwa y'ensonga lwaki ennono ez'okwekenneenya Ebyawandiikibwa n'okubinyonnyola zeetaagisa mu kubiteekesa mu nkola—n'eby'amateeka n'ebiragiro eby'Endagaao Empya. Ekirala, emirundi mingi ebiragiro bya Bayibuli bigendererwa *okwolekagana n'obuwangwa* okusobola okukyusa obuwangwa obwo n'okusumulula abantu okuva mu busibe eri obuwangwa bwabwe. Ekivuddemu, wadde amateeka ag'Endagaano Empya n'ebiragiro, tebiyinza kuteekebwa mu nkola "awatali kulowooza," biyinza okulongoosebwamu, okukwatagana n'ennono engazi eziri emabega waabyo, okusobola okugya mu mbeera eziriwo. Kino kirina omugaso munene nnyo eri Abakristaayo nga bwe tugenda twanukula obuwangwa obugenda bukyukakyuka: twetaaga *okusoomooza* obuwangwa bwaffe we buba bukyamye okuva ku nnono z'obwakabaka, naye tusigale n'obuwangwa bwaffe ku "nsonga ezitali nkulu" ezisinziira ku buwangwa."

2. Tekiri nti amateeka oba ebiragiro byonna biyinza okuteekebwa mu nkola mu kufaananya embeera mu ngeri gye byaweebwaamu kubanga amateeka oba ebiragiro byonna tebyaweebwa nga ebiragiro bya Katonda ebisinga obulungi eri abantu bonna n'obuwangwa bwabwe.

a. *Abantu bangi, omuli abasumba abamu n'abayigiriza ba Bayibuli, tebategeera nti "ebitundu bingi eby'ebiwandiiko bya Bayibuli tebyawandiikibwa okutonda abantu abatuukiridde abalina ennamula y'ensonga eya namaddala n'obwenkanyi" (Webb 2001: 41).* N'olw'ekyo, obuzibu obulala mu kuteeka amateeka n'ebiragiro by'Endagaano Empya byonna mu nkola butereevu, mu ngeri eya bulijjo buli nti, "Ebyawandiikibwa byennyini biteekawo kye tuyita [ennono z'obwakabaka] (ezo ezisukkuluma ku buwangwa bwonna n'ebiseera byonna) ne [ennono z'obuwangwa] (ezisibiddwa mu kifo n'ekiseera kimu kyokka)" (Webb 2001: 23). Kitundu ku mulimu gwaffe ogw'okuvvuunula n'okuteekesa mu nkola okwawula wakati w'ebyo ebibiri.

b. *Enkyukakyuka mu buwangwa oluvanyuma lw'ekiseera yokka, n'amazima agaliwo nti obuwangwa bwaffe bwawukana ku buwangwa bwa Bayibuli, bye bituyamba okulaba nti amateeka ga Bayibuli gonna awamu n'ebiragiro si nnono za bwakabaka ezisukkuluma ku buwangwa.* "Mu Byawandiikibwa tusangamu ebitundu ebiri waggulu w'obuwangwa (nga, okwagala muliranwa wo) n'ebitundu eby'obuwangwa, oba, okukyogera obulungi okusinga, ebitundu ebirimu eby'obuwangwa ebikulu (nga, ebiwandiiko ebikwata ku buddu). Eri abasomi abaasooka, ebintu ebyo byombi—eby'obuwangwa n'ebitali—byali tebyolekaganye. Ebiseera ebisinga, enjawulo wakati w'ebyo ebibiri yagendanga telabiddwa abasomi abaasooka. Okuggyako mu buwangwa obulala enjawulo eyo mwe yalabibwanga amangu, olw'ennono y'okugeraageranya." (Webb 2001: 24)

c. *Eby'okulabirako by'ebiragiro ebikoma ku buwangwa ebisangibwa mu Bayibuli.* Ebiwandiiko ebyogera ku buddu, obuggulanda, gavumenti nga obufuzi obw'ensikirano oba obw'omuntu obuntu okusinga okuba obw'amateeka, ebiwandiiko ebiraga obwanannyini ku bakazi oba obukulu ku bakazi, n'ensonga endala ng'ezo zirinamu ebitundu ebikoma ku buwangwa.

3. Ensonga lwaki Bayibuli etubuulira ku nnono n'ebiragiro ebikoma ku buwangwa. Waliwo ensonga eziwerako lwaki Bayibuli—ng'otwaliddemu ebigambo ebyayogerwa Katonda yennyini—etubuulira ku nnono z'obuwangwa n'ez'obwakabaka ezisukkuluma ku buwangwa. Zirimu bino wammanga:

a. *Ennono ezibuulirwa mu Bayibuli zaalina okukwatagana n'obuwangwa obwaliwo mu biseera ebyo okusobola okukwata ku bantu b'ebiseera ebyo n'okutegeerekeka.* "Ensi ey'edda mu buwangwa bwayo obwali butunuulira obulimi, obufuzi obw'ensikirano, ennyumba ezaalingamu ab'eng'anda, ensonga ezaali zeekuusa ku kweyimirizaawo, n'ebirala, erina bingi bye yakola mu kuwandiikibwa kwa Bayibuli mu kununula kw'omuntu. Ebintu bingi ebyali bikwata ku nsi ey'edda tebikwata ku nsi yaffe eya leero. . . . Nga omuzadde omugezi, Katonda oluusi ayogera eri abaana be mu lulimi, mu kutegeera, ne mu mazima, ebintu ebikwata ku nsi gye balabako n'amaaso gaabwe ne gye balimu. Ebyogerwa bingi mu Byawandiikibwa biraga ebintu

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

by'obuwangwa eby'ekika ekyo." (Webb 2001: 64, 65)

b. *Abantu tebatera kukyusa mangu enkola eyabateekebwamu obuwangwa, n'olw'ekyo ebiseera bingi ebintu ebyo by'alina okuggyibwawo "ddaala-ku-ddaala" okugenda ku nnono eza waggulu okusinga.* "Abasumba balina naddala okwetegereza akantu ako akakwata ku busumba mu Byawandiikibwa. Mu kutwala abantu eri ekiluubirirwa ekimanyiddwa, abasumba abagezi basumba abantu baabwe n'obuwombeefu okusinziira ku misinde gye basobola okutambulirako. Omusumba amanyi omulimu gwe akimanyi nti omuntu tayinza kukyusa ndowooza y'omulala kiro kimu. . . . Katonda n'abantu bombi ng'abawandiisi bakolera wamu mu buwombeefu ne mu mwoyo ogw'obusumba okutuusa obubaka bwa Katonda eri abantu ab'endagaano. Ebiwandiiko bya Bayibuli bitera okubeeramu ebbaluwa ez'obusumba, eziwandiikiddwa n'omutima omuwombeefu ogw'obusumba. Ebigambo ebirimu bigendererwa 'okusika' abantu b'endagaano okubatuusa gye baali basobola okutuuka, nga olukoba olunaanuuka, naye si kubaleetera 'okuddayo.' Okukyuka bulijjo kuba kuzibu. Abantu tebakyusa nkola zaabwe mangu. Katonda aggyayo abantu be ng'abayisa mu makubo agasoboka era agategeera obutonde bwabwe ng'abantu." (Wells 2001: 59, 58) Enkola eno erimu akatundu akakwata ku kuyigiriza n'akatundu akakwata ku busumba. "Ebyawandiikibwa, n'enkola yaabyo ennungi ey'okuyigiriza, bitegekeddwa okutwala abantu okuva we bali (awamanyiddwa) n'okubayamba okutuuka ku biseera ebijja ebiyinza okulabikirawo (awatamanyiddwa) ebiyungiddwa ekimala n'ebiseera ebya leero basobole okulaba ekkubo eribatuusa ku biseera ebijja ebyagalwa" (Ibid. 60). Kino kiraga okusikagana omuguwa mu bulamu bwaffe bwonna wakati w'ekiri mu birowoozo n'ekya ddala.

c. *Mu buwangwa bwa Bayibuli obuliwo, wadde ennono eziteekuusa nnyo ku kununula era ez'obuwangwa n'ebintu ebikwata ku bantu abaaliwo byalimu ennono z'obwakabaka ennungi.* "Eky'okulabirako, obuddu bwakolanga ng'ekintu eky'akatimba ak'obulungi bw'abantu mu nsi ey'edda. Naddala engeri emu ey'ebbanja ly'obuddu mu Isiraeri yawanga omuntu ekkubo ery'okuyamba abaali mu bwetaavu bwa sente obw'amaanyi. Engeri eyo yakolanga omulimu mulungi era yalinanga ekigendererwa eky'ettendo." (Webb 2001: 64) N'olw'ekyo, ne Bayibuli we yaweera "ennono z'obuwangwa," okusinziira ku kiseera n'ekifo Ekyawandiikibwa ekyo we kyasooka okusomebwa, yasigala eyogera *mu ngeri y'okununula eri abantu b'obuwangwa obwo.*

d. *Okwekaliriza ekyo ekisinga okuba eky'omugaso ku nkomerero kyategeeza nti ebintu ebirala ebirungi byalina okutwala ekifo eky'okubiri.* Katonda alina ebintu ebikulu ebisookerwako, ne mu bintu bye yalagira abantu be okukola era ku bwabyo, ebirungi. N'olw'ekyo, obwesigwa n'omutima ogumenyese bya mugaso okusinga ssaddaaka (**1 Sam 15:22; Zab 51:17; Kos 6:6**). Okukolanga eby'ensonga, ekisa, n'okutambula ne Katonda n'obwesigwa by'ebyetaago ebikulu (**Mik 6:8**). Ebiragiro ebisinga obukulu kwe kwagala Katonda n'omutima gwo gwonna, n'okwagala baliranwa baffe nga bwe tweyagala (**Mat 22:36-40; Mak 12:28-34**). Okukolanga eby'ensonga, ekisa, n'obwesigwa *"by'ebikulu mu mateeka"* (**Mat 23:23**). Okwongereza ku madaala g'obukulu mu biragiro bya Katonda, omugaso ogw'okusaasaanya enjiri ogusinga gyonna nagwo gwategeeza nti emirimu emirala egyali gyetaagisa gyalina ebifo ebya wansiko. "Emirundi mingi ebiragiro ebiri mu Byawandiikibwa tebiraga ennono ezeetagibwa kubanga ezo zibulira mu ekyo ekisinga obulungi ekiluubirirwa olw'okuyamba obubaka. Okutuukirizibwa kw'obubaka Obukristaayo ebiseera bingi kusaba abakkiriza okuwangayo bye balina ebisinga obulungi olw'okuwangula abalala. Oba, kusuubira enkola ey'edda mu bitundu bingi eby'obulamu, nga mulimu okulongoosaamu okutonotono, okusobola okuteeka omulamwa gwakwo omukulu ku bubaka." (Webb 2001: 63)

4. <u>Okulemwa okwawula wakati w'ebikwatira ddala ku buwangwa n'eby'ennono ebisukkuluma ku buwangwa y'ensonga esooka mu kukola ensobi ey'okuteekesa ebiwandiiko mu nkola ekolebwa mu nnono ezigenderera okuwa amagezi ag'awamu n'obukwasi bw'ebiragiro.</u> "Tetwagala kufuula ekintu ekisukkuluma ku buwangwa okubeera eky'obuwangwa. Ate ku ludda olulala, tetwagala kufuula ekintu eky'obuwangwa okubeera ekitali kya buwangwa." (Webb 2001: 24)

a. Okukozesa ennono *ez'awamu* kulinga okuddira "eby'ennono" mu Bayibuli, ebikwata ku bawulizi abaasooka ne ku buli muntu omulala yenna, n'obitwala nga "eby'ekuusa" ebikwata ku buwangwa bw'bawulizi abaasooka n'olw'ekyo ebiyinza okusuulibwa omuntu omulala yenna. Abatwala buli kintu baagala okutwala buli kimu nga ekyasibwa mu buwangwa.

b. *Okutambulira ku Biragiro* kwe kwolekagana n'okukozesa ennono ez'awamu. Abatambulira ku biragiro baddira ebitundu bya Bayibuli "ebyekuusa" ebyali bikwata ku bawulizi abaasooka bokka, ne babiraba nga "eby'ennono" ebikwata ku buli muntu. Bulijjo, abatambulira ku biragiro

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

balaba *ekifaananyi* ky'ebiragiro bya Bayibuli kyokka, naye tebalowooza ku buwangwa oba ennono eri emabega w'ekifaananyi ekyo.

5. <u>Okwekenneenya obuwangwa bwa Bayibuli kwetaagisa olw'okuwa ensonga lwaki tukola ebyo bye tukola ne tusobola n'okuwa enyinyonnyola ey'ensonga ekwata ku bitundu ebitali bikulu eby'empisa eziri mu Byawandiikibwa.</u>

a. *Okwekenneenya obuwangwa bwa Bayibuli kwetaagisa olw'ensonga lwaki tukola ebyo bye tukola.* "Amakanisa g'Ebugwanjuba agasinga tegakyakola Bayibuli ky'egamba (ku ddaala eggumu, eritatagaanyizibwa) ku kubikka emitwe, okulamusa okw'okunywegera, okunaaza ebigere, emisono gy'enviiri, obuddu, n'ebirala. Naye tetubadde batangaavu naddala mu kunyonnyola lwaki tulese ebintu ebimu ne tusigaza ebirala. Obutanyonnyola obwo n'okusigala ku mulamwa kuleetedde Abakristaayo ab'omulembe ogujja ebizibu ebifumita." (Webb 2001: 246)

b. *Okwekenneenya obuwangwa bwa Bayibuli kwetaagisa olw'okuwa enyinyonnyola ey'ensonga ekwata ku bitundu ebitali bikulu ebikwata ku mpisa eziri mu Byawandiikibwa.* Okuggyako nga tuyinza okunyonnyola kiki obuwangwa kye bwakola mu kuwandiika Bayibuli, tetusobola kwanukula okukolokota kw'abo abalaba ebimu ku bikolwa, amateeka, n'ebiragiro nga ebibi oba ebizza abantu emabega (okusinziira ku ndowooza ya leero). Abakolokosi ba Bayibuli bangi bagamba nti Bayibuli enyigiriza oba ekotoggera abantu bw'etuuka ku nsonga y'abaddu oba abakazi. Naye ate, "okwo kuba kwogera ku Bayibuli mu kifo ekyereere ekitaliimu na mpewo, ekitalina na mwaliro gw'abantu abaaliwo oba enteekateeka y'obuwangwa. Okwo kuba kusoma ebyawandiikibwa mu ngeri eraga abantu baamwo ng'abataalina byafaayo, abataaliwo mu butuufu! Okukwatagana ne ddi ne wa ebigambo by'Ebyawandiikibwa we byasooka okusomebwa, byayogera eri abantu abaaliwo mu ngeri y'okununula." (Webb 2001: 254) N'olw'ekyo, eky'okulemwa okwekenneenya ekyo obuwangwa kye bwakola ku Bayibuli kukola obulabe ku kufuba kwaffe mu kubuulira enjiri era kuziyiza okukkiriza kw'abantu.

**I.** ***Ensonga ezituyamba okuzuula ebiwansiiko bya Bayibuli ki ebisibiddwa mu buwangwa, oba ebikoma mu ngeri endala, era ebikwatagana n'obuwangwa***

Okwekenneenya obuwangwa bwa Bayibuli—kwe kugamba, okugezaako okwawula wakati w'ebiwandiiko ebituwa "ebitakyuka" oba "amazima agataliiko kiseera" (agakwata ku bantu bonna ebiseera byonna mu bifo byonna), n'ebyo "ebikyuka" oba "ebikwata ku buwangwa bw'egwanga limu" (ebyo ebikoma ku buwangwa bw'abantu be tusanga mu Bayibuli n'embeera omuwandiisi wa Bayibuli gye yali ayogerako), oba ebirina ekkomo mu kuteekebwa mu nkola olw'ensonga endala—biyinza okuba ebizibu. Eyo y'ensonga lwaki okuteekesa mu nkola okulungi, nga okwekenneenya n'okunyonnyola okulungi, si magezi ga butonde wabula sayansi. Kwetaaga bumanyirivu. Ebibuuzo n'ebintu bino wammanga, ebiva ewa Klein, Blomberg, ne Hubbard (1993: 411-21), Doriani (2001: 249-50), Webb (2001: 69-235), ne Tiessen (1993: 189-207), biyinza okutuyamba okumanya oba ennono oba ekiragiro kya Bayibuli kirina okuteekebwa mu nkola ebiseera byonna ne mu bifo byonna, oba kikoma ku buwangwa obwaliwo oba embeera eyali eyogerwako mu Bayibuli. Wabula, tuteekwa okujjukira, nti tewali na kimu ku bintu ebo ekiyinza okwemalirira. Si nti byonna biyinza okukozesebwa mu nsonga eba eriwo. Ebimu biyinza okwagala okusonga awantu, ate ng'ebirala bilaga walala. Wabula, mu kubuuza ebibuuzo bino wammanga, tulina okuba nga tusobola okumanya, mu buli ngeri yonna, bintu ki ebikulu okusinga ebirala, n'okutwaliza awamu biwandiiko ki ku ebyo ebyasooka bya buwangwa n'ebitali.

1. <u>Ekitundu ky'ebyawandiikibwa ekyo, oba omulamwa omugazi ogw'ekitabo ekitundu ekyo mwe gusangibwa, kirina bwe kiteeka oba okukomya enkozesa y'ekiwandiiko ekyo mu ngeri yonna, oba kiwagira enkozesa yaakyo ekwata ku bantu bonna?</u> Ebisuubizo ebiriko obukwakkulizo bituukirira singa obukwakkulizo obwo butuukirizibwa. N'olw'ekyo, ebigambo bya Yesu mu **Mat 7:7** (*"Musabe, muliweebwa"*) bifugibwa omulamwa omugazi ogwa **Mat 6:1-15** nti okusaba kwaffe tekulina kutunuulira ffe ffennyini n'okwegulumiza, naye kulina okugulumiza erinnya lya Katonda, kulina okwagala obwakabaka bwe, era kulina okututeeka mu mikono gye n'okwagala kwe. Okulabula kwa Yesu eri Peetero nti alifiira okukkiriza kwe (**Yok 21:18-19**) kukoma okukola ku bigambo bya Yesu eri Yokaana ku biseera bye ebijja (**Yok 21:20-23**). Byombi bikola ku bantu abo bokka. Naye, ebitundu by'ebyawandiikiobwa ebirala bituyamba okulaba nti eky'okulabirako kya Peetero tekyali kya njawulo mu bulamba bwakyo, naye kyakulabirako eky'ennono engazi nti *"omuddu tasinga bukulu mukama we"* (**Yok 13:16**), ne *"bonna abaagala mu Kristo Yesu okukwatanga empisa ez'okutya Katonda banaayigganyizibwanga"* (**2 Tim 3:12**). N'ebiragiro bya Yesu eby'awamu biyinza okutangaazibwa ebitundu ebirala n'ennono. N'olw'ekyo, mu **Mat 5:39** yagamba nti tetuli ba kuziyiza oyo omubi;

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

wabula, mu **Mat 10:23** yatugamba okuddukanga bwe tubanga tuyigganyizibwa.
2. Okubikkulirwa okw'oluvannyuma kukomya okukola kw'ekitundu ky'ebyawandiikibwa newakubadde ekitabo mwe kisangibwa kikyasobola okuteekebwa mu nkola? Ekibuuzo ekyo kiteekwa okubuuzibwa ku buli kiwandiiko ky'Endagaano Enkadde, naye ne mu Ndagaano Empya kisangibwayo. Mu **Mat 10:9-10** Yesu yalagira abayigirizwa be obutatwala sente oba ekintu kyonna, naye okwesiganga obugabirizi bw'abo be baali bagenda okuweereza. Mu **Luk 22:35** Yesu yaggyawo ekiragiro ekyo, n'agamba abayigirizwa be okugendanga n'ensawo era n'olukoba. Mu **Luk 10:1** Yesu yalagira abayigirizwa be okutambulanga "babiri babiri," naye mu **Bik 20:4** Pawulo yawerekerwa abalala musanvu. Okutwaliza awamu, mu **Mat 5:41-42** Yesu atugamba okugenda mairo bbiri n'omuntu yenna atusaba okugenda naye mairo emu, era tuwenga omuntu yenna atusaba. Naye, okuteeka ebigambo ebyo mu nkola awatali kulowooza ku mbeera endala n'ebyawandiikibwa ebirala (**Zab 37:21**) ebikwata ku sente, tubeera bakyamu. "Ssinga, katugambe, mbeera omusawo alongoosa emitima era nga kati ng'enda okulongoosa omutima gw'omuntu, siteekwa kugenda mairo ey'okubiri n'omuntu yenna. Nteekwa okumugamba nedda ne mmuleka ku nkomerero ya mairo esooka ne mmusiibula mangu atambule mirembe. Nnina ebintu ebirala bye mmanyi nteekwa okukola, era nteekwa okusalawo. . . . Bwe mba mmanjibwa ow'edduuka olw'ebintu bye nalya, siba na ddembe okuwa omuntu omulala ansaba' sente *ze nnina'*—okuggyako nga, nziramu, waliwo ensonga endala ez'amaanyi eziyingiddewo. . . . Mu buli mbeera eriwo tulina okwebuuza, si nti 'Nkoze ebintu ebiri mu by'okulabirako bya Yesu byennyini?' naye 'Ndi kika ky'omuntu eby'okulabirako bya Yesu gwe biraga?'" (Willard 1997: 179-80)
3. Enjigiriza ekwatibwako "ewakanyizibwa" awalala mu ngeri eziraga nti yalina kukola mu mbeera ezaaliwo oluvannyuma ekome? Ekya Katonda okulagira Ibulayimu okusaddaaka Isaaka (**Lub 22**) n'eky'okulagira Koseya okuwasa omukazi omwenzi (**Kos 1:2**) bituwa eby'okulabirako bibiri eby'ekyo. Obutatta (laba **Kuv 20:13; Kub 21:8**) n'obulongoofu mu by'okwegatta (laba **1 Kol 6:16-20**) byakulabirako ebikulu eby'empisa za Bayibuli era ez'Ekikristaayo. Naye, eby'okulabirako ebyo nabyo biraga obwesigwa bwabwe eri Katonda mu mbeera enzibu ennyo, n'obwesigwa bwa Katonda gye bali.
4. Okuteeka ekyawandiikibwa mu nkola okwasooka kwaweebwa abantu abaasooka okukufuna bokka? Ekitundu ky'ebyawandiikibwa kyangu okubaako ekkomo bwe kiba nga kyaweebwa abantu abaaliko ekkomo. Ennyiriri ezikyetoolodde oba ekitundu ekirala kiyinza okulaga nti okuteeka ekyawandiikibwa mu nkola okwasooka kwaliko ekkomo era tekulina kutwalibwa eri abantu bonna mu biseera byonna. Eky'okulabirako, Yesu yabuulira "omufuzi omugagga," omuntu omu, *"okugenda okutunda byonna by'ali nabyo"* (**Mak 10:21**; laba ne **Mat 19:21; Luk 18:22**). Naye ate, mu **Luk 19:1-10** Zakayo teyalagirwa okutunda byonna bye yalina abigabire abaavu, newakubadde Zakayo, nga omufuzi omugagga, yali mugagga. Wabula, Zakayo kyeyagalire yasalawo okugabira abaavu kimu kya kubiri eky'obugagga bwe, era yasiimibwa Yesu olw'okukola ekyo. Ekyo kitegeeza nti ekyetaago eky'okutunda byonna by'olina okusobola okugoberera Yesu kyaliko ekkomo. Mu ngeri y'emu, mu **1 Tim 5:23** Pawulo yagamba Timoseewo *"obutanywanga mazzi gokka; naye okunywanga ne ku mwenge olw'olubuto lwe n'olw'okulwalalwala."* Kirabika bulungi nti okwo kulagira, so si kunyonnyola. Kuno "kuyigiriza kwa Katonda" ku mwenge? Abakristaayo bonna kati balina okunywa omwenge? Eky'okuddamu kiri nti "nedda." Wano ky'ogera ku muntu omu, ekitegeeza nti Pawulo ayogera eri Timoseewo yekka, so si ekkanisa okutwaliza awamu. Ekirala, **5:23** "kintu kya bbali" (ekiyingiddemu naye nga tekikwatagana na mulamwa oguliwo). Ekitundu ky'olunyiriri olwo ekisigadde kituwa ensonga lwaki Pawulo yayogera ekintu ekyo ekyesigamizibwa ku nnono y'obuwanika bw'omubiri, n'endabirira yaagwo. Kirabika nti waaliwo obuzibu ku mazzi agaakozesebwanga abantu mu kitundu Timoseewo we yabeeranga, ekyamuleeteranga obuzibu mu lubuto. Omwenge gwayambanga okukendeeza ku buzibu obwo. *"Olwa"* kiraga nti Pawulo yalagira Timoseewo okunywa ku mwenge ogwo ng'eddagala. Akalowoozo ka Pawulo "ak'ebbali" eri Timoseewo kasinziira ku kufaayo kwa Pawulo okw'awamu ku bulamu bwa Timoseewo n'obuwanika bwe obw'omubiri. Tekigasa kugezaako okunyonnyola "enjigiriza ya Katonda ku mwenge" wano. Endagaano Empya eyogera mu bifo bingi ku nsonga eyo, nga enyonnyola era nga elagira (nga mu **Yok 2:1-11; Bar 13:13; 14:1-23; 1 Kol 5:11; Bef 5:18; Bak 2:16; 1 Tim 3:3; 8; Tito 1:7**). Ebyawandiikibwa ebyo byonna (n'ebirala bingi), wamu n'ebyo Endagaano Enkadde by'eyogera ku nsonga eyo, birina kusomebwa okusobola okufuna obulungi enjigiriza ya Bayibuli ku mwenge.
5. Ebyawandiikibwa ebyo ku bwabyo bituwa ennono engazi ku njigiriza ya Katonda oba ku mpisa, oba bilabika okuba okulabisibwa oba eky'okulabirako eky'ennono engazi? Ekitundu ky'ebyawandiikibwa kiyinza okuba nga kyekuusa ku buwangwa ssinga ebiragiro byakyo birabika okukontana n'ennono z'Ebyawandiikibwa engazi, oba ssinga kilabika okuba nga kwe kuteeka mu nkola okw'ennono engazi okusinga. Ebigambo ebyogeddwa nga bya nsonga bisinga okulabika okuba eby'obuwangwa okusinga

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

okuba ebya bulijjo. Eky'okulabirako, amateeka agakwata ku kukungula (**Leev 19:9-10; 23:22**) galabika okuba okuteekebwa mu nkola okw'ennono engazi ey'okulabirira abaavu. N'olw'ekyo, amateeka ku kukungula galabika okuba ga buwangwa, ate nga ennono yaamwo esukkuluma ku buwangwa. Mu **Luk 7:46** Yesu mu buwombeefu anenya omuntu eyamukyaza olw'obutamusiiga amafuta ku mutwe, naye asiima omukazi olw'okumusiiga amafuta ag'akaloosa. Okusiiga amafuta kulabika okuba ekkubo erimanyiddwa ery'okwolesa ennono ey'okuwa abalala ekitiibwa esukkuluma ku buwangwa.

6. <u>Ensonga ekozesa ekintu elabika okuba "ya buwangwa era eriko ekkomo," oba elabika okukwata ku nsonga ezikwata ku bintu ebya bulijjo era ezitayinza kukozesebwa mu buwangwa obulala, oba ebisaanyizo by'obuwangwa ebyogerwako mu Byawandiikibwa oba ebirowoozebwako abawandiisi baabyo ebileetera ebiwaandiiko bulijjo obutasobola kukozesebwa mu ngeri y'emu?</u> Ekkubo limu ery'okumanya oba ebikolwa ebimu bya buwangwa oba nedda kwe kwebuuza oba birabika okuba biragiro ebikwata ku "mpisa" oba bisinga okukwata ku bintu ebirina okuteekebwa mu nkola mu bulamu obwa bulijjo. Ekyo kifaanana, naye nga si mu buli ngeri, n'ekibuuzo ekyasoose. Ekiragiro ekikwata ku mpisa kitera okukola mu buli buwangwa. Ekiragiro ekikwata ku bintu ebya bulijjo kitera kuba kya buwangwa. Ensonga eri emabega w'ekiwandiiko kya Bayibuli bw'elabika okuwesigamizibwa ku buwangwa oba embeera eri mu kafo akamu mu kiseera ekyo, awo okuteekebwa kwakyo mu nkola kutera okusinga okuba kwa buwangwa. Mu ngeri y'emu, omusingi ogw'ekiragiro kya Bayibuli okukola ekintu ekirabika bwe guba nga teguyinza kujjibwa mu buwangwa bumu ne guteekebwa mu bulala, awo ebbula ly'omusingi ogwo okugenda mu maaso liraga nti ekintu kiyinza okuba kya buwangwa. Eky'okulabirako, ebyogerwa mu **1 Kol 11:2-16** ku buwanvu bw'enviiri z'abakazi, nga mu **11:5-6** nti enviiri ennyimpi "ziswaza," birabika okukwata ku buwangwa. Omulamwa gw'ebyafaayo gulaga nti enviiri ennyimpi oba omutwe ogumwereddwa gwalaganga nti omukazi yali yawozesebwako n'asangibwa okuba omwenzi, oba ye yali asinga "okweyisa ng'omusajja" ku babiri mu nkolagana y'okulya ebisiyaga. Ensonga ezo ezeekuusa ku buwangwa tezikola mu buwangwa obusinga olwaleero. Okubikka ku mitwe n'obuwanvu bw'enviiri bikyuka okusinziira ku buwangwa. N'olw'ekyo, ebiragiro ebiri mu byawandiikibwa ebyo tebikyakola olwaleero nga bwe byakolanga. Naye ate, okuteesa kwa Pawulo kuzibu okusingako awo. Mu **11:3, 7-12** ajulira obutonde obwasooka n'obuggulanda (ku bwabwo obuyinza okuba nsonga ya buwangwa), mu ngeri etetegeerekeka akoona ku bamalaika, n'alyoka akkaatiriza obwenkanyi n'eky'omukazi n'omusajja buli omu okwesigama ku munne. Waakiri, tetulina kujjawo enjawulo eziri wakati w'omusajj n'omukazi, naye nga tukikola mu ngeri esaanidde okusinziira ku buwangwa bwe tukikoleramu era n'obwegendereza. Mu ngeri y'emu, amateeka agakwata ku kukungula (**Leev 19:9-10; 23:22**) gaakolebwa olw'ebintu ebyali bigenda mu maaso mu kitundu ekinene ekya bannansi abaali beenyigira mu bulimi n'omuliraano wakati w'abantu n'ebifo awalimirwa oba awalundirwa. Mu bitundu bingi olwaleero, baliraanwa b'abalimi baba balimi, ate abaavu babeera mu bibuga. Kale, omusingi oguliwo ogw'amateeka ng'ago tegusala okuva mu buwangwa bumu okugenda mu bulala. Ebigambo bya Yesu nti abayigirizwa *"balina okunaazagananga ebigere"* (**Yok 13:14**) kukola amakulu agalabikirawo mu ntegeka ey'edda okusinga mu bifo bingi olwaleero, kubanga kisuubira: okutambuza ebigere, ebigere ebyereere oba engatto eziringa sapatu, okubulwa kw'amazzi agadduka, embeera ey'ebbugumu, n'amakubo agalimu enfuufu.

7. <u>Olwaleero okuteeka ekiwandiiko mu nkola mu kifaananyi ky'obuwangwa kiri nga bwe kyaweebwa kukyasobola okutuukiriza ekigendererwa kiri ekyasooka?</u> Ekiwandiiko kiyinza okukola mu buli buwangwa, oba waakiri kiyinza okuleetebwa mu buwangwa bwaffe nga bwe kiri mu Bayibuli, singa okweyongera okukiteeka mu nkola mu buwangwa bwaffe bweyongera okutuukiriza ekigendererwa kyakyo ekyasooka. Ate ku ludda olulala, ekiwandiiko kiyinza okuba nga kisibiddwa mu buwangwa singa okukiteeka mu nkola tekukyasobola okutuukiriza ekigendererwa kyakyo ekyasooka. Oluusi, ekifaananyi ky'obuwangwa obwo kiyinza okuba nga kikyaliwo, naye nga ekintu kye kitegeeza kyakyuka. Mu mbeera ng'eyo, ekifaananyi kyakyo ekyasooka kiba kirina okulongosebwamu oba okukomezebwa. Eky'okulabirako, **Bar 16:16** etugamba *"okulamusagana n'okunywegera okutukuvu."* Mu buwangwa bungi, abasajja balamusa basajja bannaabwe n'okunywegera. Mu buwangwa obulala, okukola ekyo kitegeeza bisiyaga. Mu buwangwa bungi, abakazi banywegeragana, naye tebanywegera basajja. Naye ate mu bulala, kikkirizibwa abasajja n'abakazi okulamusagana n'okunywegera. Kale, *ekifaananyi* eky'okulamusagana n'okunywegera kikyaliwo, naye mu buwangwa obumu, *amakulu* gaakwo ga njawulo okuva ku makulu ge kwalina mu Bayibuli. Mu buwangwa okulamusa n'okunywegera mwe kutegeereza obuli bw'ebisiyaga oba obw'enzi, mu ngeri y'emu tekwaligenze mu maaso n'okutuukiriza ekigendererwa kyakwo ekyasooka. Mu buwangwa ng'obwo, okulamusa n'okugwang'ana mu bifuba oba okukwata mu ngalo kukkiriziganya n'ennono eri mu lunyiriri olwo ekitegeeza nti tulina okwaniriza baganda baffe mu Kristo n'okwagala okw'amazima. Mu

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

ky'okulabirako "eky'okukungula" (**Leev 19:9-10; 23:22**), mu bifo abalimi bokka mwe babeerera baliraanwa ba balimi bannaabwe, ate abaavu mwe babeerera mu bibuga, eky'abalimi obutakung'anyanga bibala ebikunkumuka okusinziira ku mateeka ag'okukungula tekyalisobodde kuyamba omwavu, naye kyalivunzizza ebirime ebitakunguddwa. N'olw'ekyo, okunywerera ku "nukuta y'etteeka" kwalitabangudde ekigendererwa ky'etteeka eryo. Ebiwandiiko bingi bikubiriza "okugonda" (abaddu okugondera bakama baabwe **1 Tim 6:1; Tit 2:9-10**), (bannansi okugondera ab'obuyinza mu gavumenti, **1 Peet 2:13-15**), (abakazi okugondera basajja baabwe, **Tito 2:4-5; 1 Peet 3:1**), *olw'ekigendererwa ky'enjiri eky'okusikiriza abalala.* Mu bitundu bya leero ebisinga, okukubiriza "okugonda" okw'ekika ky'obuddu mu kukozesebwa, mu nkolagana y'abakozi n'abakozesebwa, oba mu bufumbo tekukyatuukiriza ekigendererwa ky'enjiri eky'okusikiriza abo abalala be bagondera. Okukozesebwa, gavumenti, n'obufumbo mu buwangwa obusinga olwaleero birina ekintu ekikulu ekikwata ku nkolagana okusinga bwe kyali mu biseera by'obuwangwa bwa Bayibuli eby'edda. Obuddu tebukolebwa mu mateeka. Abakozesebwa balina eddembe abadda lye bataalina. Amawanga, omuli abakulembeze, kati bali wansi w'obufuzi bw'amateeka. Abantu abali wansi w'obufuzi obulimu abatuuze okwelondera abakulembeze baabwe balina eddembe ly'obutakkiriziganya n'abakulembeze baabwe. Abakazi nabo balina eddembe okugunjulwa, ne buli kakisa ke bataalinanga mu buwangwa bwa Bayibuli obw'edda. N'olw'ekyo, okuwa bonna ekitiibwa n'okwetaasa bwe biba nga bya mawanga gonna (laba **Mat 20:25-28; Bef 5:21**), "okugonda" *mu kifaananyi kye kwalina mu biseera bya Bayibuli* si bwekuli.Tuteekwa okulowooza ku mbeera zaffe ezikyuuse, tuleme okugwa mu nsobi mwe tukolera ekyo ekiwandiiko kye kigamba, naye nga tetukyatuukiriza ekigendererwa ky'ekiwandiiko ekyo.

8. <u>Ekiragiro kya Bayibuli oba okuteekebwa kwakyo mu nkola bikontana n'ennono z'obuwangwa obw'ebiseera byakyo?</u> "Ekyawandiikibwa bwe kitakkiriganya butereevu n'ekikolwa kyonna ekiri mu ntegeka ey'edda, obutakkiriziganya bwakyo n'entegeka eyasooka okutwaliza awamu ekakasa embeera yakyo mu buli buwangwa. . . . Ekirowoozo ekyolekagana n'ekyo kiyinza okuteekebwa mu bigambo bino wammanga: akakisa k'ekitundu ky'ebyawandiikibwa okubeera eky'obuwangwa keyongera mu bifo ebitundu by'ekyawandiikibwa ekyo we bikkirizaganyiza n'ennono z'obuwangwa obw'ensi ey'edda." (Webb 2001: 158) Ebitundu by'ennono eno byombi bitangazibwa mu nteekateeka ey'obuddu. "Ebyawandiikibwa bwe bitasoomooza mu lwatu obuddu nga *enteekateeka ekwata ku bantu*, eyongera akakisa k'enteekateeka eyo okubeera ey'obuwangwa mu kiwandiiko ekyo. Ku ludda olulala, Isiraeri eyawukana n'obuwangwa obugyetoolodde mu kugonza oba okulongoosa embeera y'obuddu. . . . Ekyo kirina amaanyi mangi ag'okutambuza amakulu gaakyo eri amawanga gonna, si mu ngeri y'ebigambo ebitatambula/ebyeyawuddeyawudde (ebitegeeza ebibuga by'obuddukiro bw'abaddu olwaleero) naye mu mwoyo gw'okununula (okuddamu okukozesa omwoyo gw'ekiwandiiko ekyo mu kuyisa abantu mu ngeri esinga obulungi n'oluvannyuma okujjirawo ddala obuddu). Ebitundu ebikontana n'obuwangwa mu biwandiiko ebyogera ku buddu bigenda mu maaso n'okwogera n'eddoboozi ery'omwanguka olwaleero okusinga ebyo ebiraga ennono z'obuwangwa." (Webb 2001: 158) Mu ngeri y'emu, okuvumirira ebikolwa eby'obuli bw'ebisiyaga n'ekibi ky'obwenzi obukolebwa omusajja n'omukazi kwali kukontana n'obuwangwa bwabwe. Kale, tekirabika nti endowooza ya Bayibuli ku mpisa mu by'okwegatta yagendererwa okukoma ku Palasitiina ey'edda oba obuwangwa bw'Abaruumi ab'omulembe ogwasooka. Ng'eky'okulabirako ekirala, ekiragiro kya Kristo nti abakulembeze balina kubeera abaddu (**Mat 20:20-28**) kyali kikontana n'obuwangwa bwe. Ekyo kiraga nti "obukulembeze obw'obuweereza" Obukristaayo bulina kukolebwa mu buli buwangwa. Mu bintu bingi, Bayibuli egamba Abakristaayo, nga bannabbi ab'Endagaano Enkadde, okubeera n'obulamu obukontana n'obuwangwa bwabwe. Obukristaayo buyinza okulagibwa mu buli buwangwa, naye tebusibiddwa mu buwangwa bwonna. Tuli baddu eri Kristo, so si eri obuwangwa bwaffe. Tulina okumutwala ye, so si obuwangwa bwaffe, okuba namba emu mu bulamu bwaffe.

9. <u>Ensonga ezeekuusa ennyo ku biwandiiko bya Bayibuli ebyogerwako ku bwazo za buwangwa oba ensonga ezo ezikwatagana za mawanga gonna?</u> Ekitundu ky'ebiwandiiko kiyinza okuba eky'obuwangwa singa ensonga ezeekuusa ku byawandiikibwa ebyo nazo ku bwazo za buwangwa. "Ensonga eyeekuusa eteekwa okuba nga *muli eyungiddwa oba yeekuusa* mu ngeri etegeerekeka n'ensonga eriwo . . . era (ekisinga okuba eky'omugaso) eteekwa okuba n'enkwatagana ennung'amu n'ensonga eriwo" (Webb 2001: 163, 171). Eky'okulabirako, ku nsonga y'ennono y'obujajja obulabibwa buli wamu mu Bayibuli, zino wammanga z'ezimu, naye mu buli ngeri si zonna, ku nsonga ezeekuusa ku buwangwa n'amaanyi: (1) endowooza nti abakazi kya bugagga (**Kuv 20:17; Ma 5:21; Balam 5:30**); (2) omukazi bw'amala okufumbirwa aba avudde mu buyinza bwa kitaawe n'ateekebwa mu buyinza bwa bba (**Kubal 30:1-16; Ma 22:19, 28-29**); (3) obwanannyini n'obusika bw'eby'obugagga byalinga bya basajja okujjako mu mbeera ezitali za bulijjo (**Kubal 27:5-8; 31:1-9; Ma 21:16-17**); (4) waliwo

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

okukkaatiriza kwa maanyi ku ky'omukazi okuba nti tamanyanga musajja naye si ku ky'omusajja okuba nti tamanyanga mukazi (**Leev 21:13; Ma 22:13-21**); ensonga ezikwata ku bwenzi oba okwegatta ebweru w'obufumbo zaayisibwanga mu ngeri ey'enjawulo okusinziira ku muntu oba musajja oba mukazi (**Leev 20:10; Kub 5:11-31; Ma 22:22-24**). Amazima agaliwo nti ensonga ezikwatagana ennyo za buwangwa galaga nti ekika ky'obujajja ekisangibwa mu Bayibuli, oba si bujajja bwennyini, kya buwangwa. Kitundu eky'obukwakkulizo bw'ensonga ezikwataganira ddala" kimu y'enkozesa y'enkalala oba ebibiina ebisangibwa mu Bayibuli yonna. Ekitundu ky'olukalala kimu oba ekibiina kiyinza okukola mu buli buwangwa ebitundu ebirala bwe biba nga bikola mu buli buwangwa. Kale, ebiwandiiko ebikwata ku "nsigo entabule" (**Ma 22:9-11**) birabika okuba eby'obuwangwa ddala, naye enkalala z'ebikwata ku mpisa n'emize emibi zirabika okukola mu buli buwangwa (nga **Yer 7:9; Kos 4:2; Mak 7:21; Bag 5:22-23**).

10. Omusingi gw'ekiwandiiko kya Bayibuli gusimbiddwa mu butonde obwasooka? Kubanga Katonda yagamba nti ekitonde kye *"kirungi nnyo"* mu kukimaliriza (**Lub 1:31**), n'ekibi kyali tekinnaba kuyingira mu nsi, ekitundu ky'ekiwandiiko kiyinza okuba kya buli buwangwa singa omusingi gwakyo guba gusimbiddwa mu biwandiiko ebyogera ku kitonde ekyasooka. Obufumbo obw'omu ku omu, obwesigamizibwa ku **Lub 2:24**, ne bukkaatirizibwa Yesu (**Mat 19:4-6**) ne Pawulo (**Bef 5:22-33**), kyakulabirako kimu eky'ekika ekyo (newakubadde okusasika kw'obufumbo n'obufumbo bw'abantu abasukka ku omu byagumiikirizikanga mu mbeera ezimu). Mu ngeri y'emu, abakazi kyenkanyi balina "ekifaananyi kya Katonda" era baaweebwa obuvunaanyizibwa bwa Katonda obw'okufuga obutonde bwe wamu n'abasajja (**Lub 1:26-28**). Wabula, okusimbibwa kw'ekintu butonde obwasooka si bwe bukakafu bwakyo okubeera ekya buli buwangwa. Amazima agakwata ku butonde ne ku nteekateeka y'obutonde nga Okugwa kw'omuntu tekunnabeerawo go tegakola biragiro, naye ganyonnyola bunyonnyozi. Si buli kintu mu nteekateeka y'obutonde obwasooka kyateekebwawo nga bwe kyali okukola ekiragiro ekikwata ku mpisa eri abantu ab'emirembe gyonna okugoberera. Eky'okulabirako, newakubadde Adamu ne Kaawa baafumbiriganwa omu ku omu, obufumbo si tteeka eri buli musajja na buli mukazi (laba **Mat 19:10-12; 1 Kol 7:7-8**), era tebulibeerayo mu nsi empya (**Mat 22:30**). N'obutonde obwasooka, n'ebigambo ebyayogerwa eri Adamu ne Kaawa ng'Okugwa tekunnabeerawo, byali mu mwaliro gw'obuwangwa obwawufu obw'ekika kya Edeni. N'olw'ekyo, ebintu ng'ebyo ebyekuusa ku butonde katugambe nga obutalya nyama, obulimi nga omulimu, n'okukuuma olunaku lwa Sabbiiti byonna byali bya buwangwa oba byalina ekkomo. Ekigambo *"mweyongerenga, mwalenga, mujjuze ensi"* (**Lub 1:28**), kyayogerwa mu mbeera awataali muntu mulala yenna mu nsi. Olwaleero, omuntu *amaze* "okujjuza ensi." Waliwo obuwumbi n'obuwumbi bw'abantu. Mu bifo ebimu, abantu basusse obungi, n'abazadde balina abaana bangi be batasobola kulabirira. N'olw'ekyo, "Ensi yaffe eyawukanira ddala n'olusuku Edeni. Wano, ekifaananyi eky'obutonde kiteekwa okulongoosebwamu n'amaanyi." (Webb 2001: 125)

11. Ekiwandiiko kya Bayibuli kisimbiddwa mu Kugwa oba Ekikolimo? "Waliwo entegeera emu ekikolimo mwe kibeerera ekya buli buwangwa (nga ekiraga, 'kiki) n'entegeera emu mwe kitali kya buli buwangwa (nga ekiragiro, 'ekyo kye tulina okukola)" (Webb 2001: 121). Si kitundu ku mulimu gw'obutume obw'Ekikristaayo okutwala ekikolimo mu maaso, naye okulwana okukiziyiza. Obulumi mu kuzaala, emiddo, n'okufa byonna bintu bya nsi yonna (**Lub 3:16-19**). Naye, tukozesa bulungi eddagala ery'omulembe guno okulwanyisa endwadde n'okufa, n'amagezi ga sayansi ag'ennaku zino okulwanyisa emiddo.

12. Ekiwandiiko kya Bayibuli kisimbiddwa mu bununuzi n'obutonde obuggya? Ekitundu ky'ebiwandiiko kiyinza okuba ekya buli buwangwa singa kiba kisimbiddwa mu biwandiiko ebyogera ku butonde obuggya. N'olw'ekyo tulina okulowooza wa mu nteekateeka ya Katonda ey'obubunuzi awali ekiragiro kya Bayibuli oba enteeka yaakyo mu nkola. "Nga ennono ezikwata ku mpisa mu nsi yonna bwe zirina enkolagana n'obutuukirivu bwa Katonda mu mpisa, mu ngeri y'emu zirina enkolagana n'omulimu gwe ogw'obununuzi. . . . Ebiragiro ebikwata ku mpisa ebiri buli wamu bikwatagana bulungi n'ekkubo eryo ery'awamu mu nteekateeka ya Katonda." (Tiessen 1993: 203) Ekirala, "Ssinga wabaawo eby'okulabirako ebirina okugobererwa ebyetaaga okuweebwa amakulu agagenda mu maaso, biteekwa kubeera ebyo ebisangibwa mu biwandiiko ebyogera ku butonde obuggya. Eby'okulabirako eby'obutonde obwasooka, eby'omusingi nga bwe biri, tebirina maanyi ge gamu mu kulaga ebintu eby'obuwangwa bwonna nga eby'okulabirako eby'obutonde obuggya. Okwogera ekinnyumannyuma, eby'okulabirako eby'obutonde obwasooka byangu okubeera n'ebitundu ebyasibibwa mu buwangwa mu byo. . . . Si nti abantu bakyuka mu mbeera zaabwe ez'obutonde, nga bwe kiri nti enkolagana wakati w'abantu zikyuka. Enkolagana zirina okulongoosebwa zituukirire n'okuddamu okutegekebwa okusinziira ku kwagala kwa Kristo okutuukirivu. Ebitundu by'obutonde obwasooka ebikulu katugambe

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

nga oluse n'eky'okubeera omusajja oba omukazi tebyonooneka mu bantu ab'obutonde obuggya. Bisigalawo era bikyuka mu nfaanana, bitukuzibwa ne bitendebwa. Omuntu omuggya ateekwa okukozesa enjawulo ezo okuwa abalala omukisa n'okubasitula mu kifo ky'okubazikiriza n'okubayisa obubi." (Webb 2001: 147-49) N'olw'ekyo, *"omuntu omuggya omu"* eyatondebwa *"mu Kristo"* (**1 Kol 12:13; Bag 3:28; Bef 2:15; Bak 3:11**), enjawukana z'oluse enkadde, amawanga, musajja oba mukazi, n'eby'enfuna we zajjibwawo mu Kristo, ateekawo omusingi gw'obununuzi omuggya ku lw'enkolagana z'abantu.

13. <u>Waaliwo eby'okulondako eby'omugaso ebivuganya ku lw'ekifo ekitegeezebwa mu Bayibuli mu buwangwa bw'ebiseera biri?</u> Ekitundu ky'ebiwandiiko kisinga okulabika okuba eky'amawanga gonna bwe kiba nga kiweereddwa mu kiseera oba nteekateeka eby'okulondako ebirala ebivuganya we byabeererawo mu buwangwa obugazi. Tuyinza n'okugamba nti, ekitundu ky'ebyawandiikibwa kisinga okulabika okuba eky'obuwangwa eby'okulondako we byalibadde tebirowoozebbwako butereevu omuwandiisi eyasooka. Eky'okulabirako, mu buwangwa bwa Bayibuli bwonna, obufuzi obw'ensikirano n'obw'obwakabaka kumpi bwe bwali engeri zokka ez'obufuzi; obufuzi obwa bannansi okwelondera abafuzi baabwe tebwaliwo okulondako. Mu ngeri y'emu, obuddu bwali engeri y'obulamu ekkirizibwa mu bantu ab'edda; tewaali buwangwa obwali busobola okubujjawo mu ndowooza yaabwe. Enteekateeka ezo—obufuzi obw'ensikirano n'obuddu—byombi byali bya buwangwa, tebyali bya mawanga gonna, era byombi byali kitundu ku nteekateeka y'obuwangwa abawandiisi ba Bayibuli mwe baabeeranga ne mwe baawandiikiranga.

14. <u>Ekigambo mu kiwandiiko kya Bayibuli kikontana n'obujuluzi bwa sayansi oba sayansi akwata ku bantu obulabika obulungi?</u> Ekitundu ky'ebiwandiiko kiyinza okuba eky'obuwangwa, oba kiyinza okukozesa olulimi olw'abantu bonna, bwe kiba nga kikontana n'obujulizi bwa sayansi obwa leero. Eky'okulabirako, **Isa 3:12** ekola okwanukula okusongovu ku bakazi abakulembeze, ekitegeeza nti abakazi bakola obukulembeze obubi, bw'obageraageranya n'abaana abajoozi. Kubanga Isiraeri yali tefugibwa bakazi oba baana, Isaaya yali akozesa olulimi olusukkulumya ekintu, olwesigamizibwa ku buwangwa okuswaza eggwanga eryo. Awali okugunjulwa okutono abakazi kwe baafunanga n'obuvunaanyizibwa obutono abakazi bwe baatuukirizanga mu buwangwa bwabwe, kiyinza n'okuba nti waaliwo omusingi ogukwata ku sayansi w'abantu abo mu kulaba kwa Isaaya. Naye ate, olwaleero mu mawanga mangi, abakazi baweebwa okugunjulwa kwe kumu ng'abasajja, era bayinza n'okutuukiriza obuvunaanyizibwa bwonna mu bantu ne mu ofiisi ez'enjawulo. Okunoonyereza kulaga nti tewali kubeera wansi wa mulala oba obutaba na busobozi ku ludda lw'abakazi okugeraageranya n'abasajja ku nsonga y'obusobozi okuyiga oba okukulembera. Abakazi bakola kinene mu mitendere gy'abantu gyonna, era bangi balabibwa ng'abakulembeze ab'amaanyi. N'olw'ekyo, "ekitundu eky'enjawulo wakati w'omusajja n'omukazi mu biwandiiko bya Isaaya bwe kiba ekintu eky'obuwangwa, ennono erimu ekola mu mawanga gonna esigala ng'ekyali y'amaanyi olwaleero: abaana abato oba abantu abatannakula bakola obufuzi obubi" (Webb 2001: 224).

**J.** ***Emitendera etaano mu kutinda enkonko eziri wakati w'ensonga n'obuwangwa amateeka n'ebiragiro bya Bayibuli bwe biba nga BIYINZA okuteekesebwa mu nkola mu ngeri y'okufaanaganya embeera mu mbeera za leero***

Enkola eno wammanga yeesigamizibwa ku Doriani (1996: 146-47) ne Hays (2001: 30-35) (laba ne **EBY'OKWONGERAKO C: J. Daniel Hays, "Okuteekesa mu nkola Amateeka g'Endagaano Enkadde Olwaleero"** ne **EBY'OKWONGERAKO D: T. Wayne, Dye, "Obuwangwa n'omuntu ow'omunda: Ebituukiridde mu Bayibuli n'enjawulo mu Buwangwa."**

1. <u>Noonya amakulu agaasooka n'okuteeka kwago mu nkola.</u> Ekyo kitwetaagisa okukozesa amagezi gaffe ag'okwekenneenya n'okuvvuunula obulungi ebiwandiiko.

2. <u>Zuula ennono eteri ya buwangwa eri emabega w'etteeka eryo.</u> Okwawula ekyali "kyekuusa" ku bantu etteeka lya Bayibuli be lyaweebwa ku "ekitakyuka" (ekitakola ku bantu abaasooka okubifuna bokka naye ne ku bantu oba abakkiriza bonna mu buli kifo n'ebiseera byonna) gwe mutima gw'ensonga eno. Ekyo kiyinza okutwetaagisa okwawula wakati w'*ekifaananyi* ky'etteeka eryo n'*ekyo ekiririmu* (amakulu, ensonga enkulu, "ekitakyuka," n'ennono eri emabega w'etteeka eryo). "Bwe tuba tubuusabuusa oba ekintu kikyuka okusinziira ku buwangwa oba nedda, kiyamba okukiteeka mu mwaliro gwakyo omugazi okusinga ogw'obubaka bwa Bayibuli" (Wolvaardt 2005: 300). Okukola ekyo kutwetaagisa okumanya obulungi ebyafaayo ebiri mu Bayibuli byonna, n'ebituukiridde, enjigiriza, n'eby'okulabirako ebibizimba. "Okutegeera kw'omuntu okw'obubaka bwa Bayibuli lwe kweyongera okugaziwa, lwe kyeyongera n'okubeera ekyangu okukola enjawulo wakati w'ebitakyuka n'ebikyuka" (Ibid.: 28). Ebiseera bingi (naye si byonna) ekifaananyi ky'etteeka n'ennono eri emabega waalyo

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

biyinza okuba ebitangaavu, era biyinza okukozesebwa butereevu nga bwe byogeddwa, naddala ku biragiro eby'Endagaano Empya. Naye tuteekwa okwegendereza "obutayitiriza" etteeka, ennono, oba enteekesa yaalyo mu nkola. Tuteekwa okulaga eddaala ly'obukakafu bwe tulina ku nnono gye tuba tuzudde n'enkozesa yaayo gye tusuubira.

3. Vumbula embeera efaanana ng'eyo olwaleero. Ekyo tekitwetaagisa kumanya ebintu ebyo ebibiri bye tulabye waggulu byokka, naye kitwetaagisa n'okubeera abavvuunuzi abalungi ab'obuwangwa bwaffe. Mu kukola ekyo twetaaga okulaga enjawulo ezikwatibwako eziyinza okubeera wakati w'abaasooka okufuna ebintu ebyo n'abakkiriza olwaleero. Twetaaga okulowooza ennyo ku nsonga lwaki embeera eriwo olwaleero efaanana n'embeera eyaliwo mu kiseera kya Bayibuli. Amateeka g'Endagaano Enkadde gonna n'ebiragiro bingi, bikola *mu ngeri y'ebifaananyi, oba nga bya kukola*. Okuteekesa mu nkola kuba kutuufu kyokka nga embeera eyaliwo mu kiseera kya Bayibuli n'eriwo olwaleero, zifaanagana.

4. Teekateeka enkozesa ezisaanidde ezirimu ennono engazi. Mu kuteekesa ebyawandiikibwa mu nkola, oluusi tuyinza okwetaaga:

a. *Okugaziya ebiragiro bya Bayibuli.* Eky'okulabirako, eky'obuteegomba endogoyi ya muliranwa wo (**Kuv 20:17**) kirina enkozesa egaziyiddwa (eky'okulabirako, teweegombanga mmotoka ya muliranwa wo).

b. *Okukyusa ebiragiro bya Bayibuli ebyesigamizibwa ku mbeera z'obuwangwa ez'enjawulo.* Eky'okulabirako, mi kifo ky'okulamusagana "n'okunywegera okutukuvu," (**Bar 16:16**) okukwata mu ngalo okw'amazima oba okugwang'ana mu bifuba kuyinza okukozesebwa.

c. *Teeka ekkomo ku biragiro bya Bayibuli.* Eky'okulabirako, mu kifo ky'okunywa ku mwenge olw'ebizibu mu lubuto (**1 Tim 5:23**) tuyinza okukozesa eddagala oba amazzi ag'omu ccupa oba eby'okunywa ebirala ebiriwo.

d. *Komyawo ebiragiro ekyennyumannyuma ssinga okukozesa ekiragiro ekyo "nga bwe kiri" kikontana n'ensonga oba ennono eri emabega waakyo.* Eky'okulabirako, mu **1 Tim 5:3-16** nnamwandu ali waggulu w'emyaka enkaaga atalina mwana oba bazzukulu ne bwatuukiriza ebisaanyizo bya Pawulo, ayinza obutayambibwa bw'aba nga yaweebwa obusika, akasiimo akasasulwa abakozi abakaddiye, oba ssinga afuna obuyambi okuva eri gavumenti. Ku ludda olulala, nnamwandu omuto alina abaana ayinza okuyambibwa bulungi ssinga abaana be tebamuyamba (bayinza okuba bato nga tebasobola kuyamba, oba ab'ennyumba ye baamugoba, oba yakyuka n'afuuka Omukristaayo okuva mu Busiraamu), bw'aba talina ssuubi lya kuddamu kufumbirwa (eky'okulabirako, bw'aba alina mukenenya), oba olw'ensonga endala.

5. Geraageranya enteekesa mu nkola gy'olowoozezzaako n'Ebyawandiikibwa ebirala, naddala n'enjigiriza y'Endagaano Empya. Enteekesa mu nkola gy'olina bw'ekkiriziganya n'ebyawandiikibwa bingi, obeera mugumu mu yo. Olina okwegendereza bw'osisinkana ekiragiro kya Bayibuli ekirabika okuba ng'ekyawukanye n'embeera eya leero. Eby'okulabirako bya Bayibuli biyinza okukakasa, oba okuwakanya, enteekesa mu nkola gy'olina.

6. Eby'okulabirako eby'Endagaano Enkadde n'Empya bitangaaza ensonga ezo waggulu:

a. ***Lub 22:1-2****—Ekiragiro kya Katonda eri Ibulaimu okusaddaaka Isaaka.* Mu *kifaananyi* kyakyo, kino kyali ekiragiro "eky'ensonga" eri Ibulaimu, so si ekiragiro "eri bonna", abakkiriza oba Isiraeri. Ekyo kituyamba okulaba nti ekifaananyi ky'ekiragiro ekyo kyennyini kyali ekintu "ekikyuka" nga kyaweebwa Ibulaimu yekka, so si "ekitakyuka" eky'amawanga gonna. Okugeraageranya ekiragiro ekyo n'Ebyawandiikibwa ebirala tekulina biragiro birala ng'ebyo bye kutulaga, era kulaga nti Katonda awakanya era agaana okuyiwa omusaayi ogutalina musango (laba **Kuv 20:13; Nge 6:16-17**). Wabula, ekyawandiikibwa ekyo eky'enjawulo nakyo kitangaaza ennono ekola mu buli buwangwa ey'awamu nti "weeteeketeeke okuweereza Katonda n'ekyo ekikusingira okuba eky'omugaso", so si "genda ofumite abaano bo ebiso."

b. ***Kub 22:19; Leev 18:23; 20:16; Ma 27:21****—Amateeka ga Musa agagaana obuseegu.* Ebiragiro ebyo *tebididdwaamu* mu Ndagaano Empya. Ekyo tekitegeeza nti kati obuseegu bukkirizibwa mu Ndagaano Empya. Tukimanya tutya ekyo? Eky'okuddamu kiri nti tuyinza okutunuulira ebyo Endagaano Empya by'egamba ku kwegatta. Mu **1 Kol 7:2** ne **Beb 13:4** n'abawandiisi b'Endagaano Empya bagaana ebikolwa byonna eby'okwegatta ebweru w'obufumbo. Ekirala, **1 Kol 6:18** ne **1 Bas 4:3-5** zigaana "obwenzi." Ennono y'Endagaano Empya ntangaavu. Amateeka g'Endagaano Enkadde agaziyiza obwenzi nteekesa mu nkola ey'ennono eyo.

c. ***Ma 22:8****—"Bw'ozimbanga ennyumba empya, onookolanga omuziziko ku ntikko, ng'omuntu yenna ayimye okwo n'agwa, olemenga okuleeta omusaayi ku nnyumba yo."* "Eky'okusooka,

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

tusalawo ku kiki amakulu g'etteeka eryo agaasooka kye gaali. Kubanga baakolanga, ne basembeza abagenyi, ne basulanga ku ntikko z'ennyumba zaabwe, Abaisiraeri baategeeranga bulungi lwaki baalina okukolanga omuziziko ku ntikko z'ennyumba zaabwe [*omulamwa gw'ebyafaayo* gutulaga ensonga n'omugaso gw'etteeka eryo]. . . . Eky'okubiri, tunoonya ennono. Kubanga ffe tetutera kulinnya waggulu ku busolya bw'ennyumba zaffe okukola ebyo, tetwetaaga miziziko ku ntikko z'ennyumba zaffe. Naye tulina okumanya ennono eri mu nsonga eyo n'engeri ey'okugikozesa mu buwangwa obulala. Etteeka eryo likuuma okwagala eri muliranwa wo [ekituukiridde eky'omu Bayibuli] era likuuma obulamu mu ngeri y'okuteekawo emiziziko egiziyiza okulumizibwa okuva mu bubenje. N'olw'ekyo, Musa awa ebiragiro eby'okwekuuma. Tukozesa ennono eyo kumpi olwaleero bwe tusiba emitayimbwa ebbali w'amadaala agatwala omuntu waggulu n'egiziyiza omuntu okugwa ng'abadde waggulu ku kalina.Tugaziya ennono eyo bwe tuzimba entumba mu nguudo mu bifo ebirimu abantu." (Doriani 2001: 242-43)

d. ***Bar 16:16—****"Mulamusagane n'okunywegera okutukuvu."* Mu kugeraageranya kino n'Ebyawandiikibwa ebirala, tusanga nti ekiragiro ekifaananako n'ekyo kyaweebwa mu **1 Kol 16:20; 2 Kol 13:12; 1 Bas 5:26;** ne **1 Peet 5:14.** Wabula, ku nnyiriri ezo tewali lutuwa okunyonnyola kw'*ekika* ky'okulamusa ekimu oba lwaki ekikolwa ekyo kirina kukolebwa naye si ebika ebirala. Ekyo kitubuuzisa oba engeri eyo ey'okulamusa erina kuteekebwa mu nkalala "z'ebitakyuka" ebikola mu buli buwangwa oba "kikyuka" okusinziira ku buwangwa. Bwe tulowooza ku bubaka obugazi obw'ekitundu kya Bayibuli ekisigadde, "Ku kikwata ku kika ky'okulamusa, kirina kutegeerekeka nti ekiragiro nti ekika ky'okulamusa okw'okunywegera kya nnono eri Abakristaayo bonna ebiseera byonna, tekija mu bubaka obugazi obwa Bayibuli—obubaka obw'obulokozi obutasinziira ku birungi omuntu by'aba akoze n'obulongoofu bw'empisa nga eky'okuddamu eri obulokozi ng'obwo" (Wolvaardt 2005: 28). Newakubadde okunywegera kwali kukkirizibwa mu buwangwa bwa Ruumi, ne mu mawangwa agamu olwaleero, mu buwangwa obulala okukola ekyo kutegeeza obuli bw'ebisiyaga oba obw'enzi, ekintu Bayibuli ky'evumirira. N'olw'ekyo, kiba kibi okutwala ekikolwa ekyo nga "ekitakyuka." Walabika okubaawo ennono emabega w'ekiragiro ekyo, nga y'ennamusa ya bakkiriza banno mu ngeri eraga okwagala kwammwe eri buli omu n'okuweesa Mukama ekitiibwa. Ekyo kiyinza okukolebwa okuyita mu kunywegera okutukuvu, okugwang'ana mu bifuba, okukwatagana mu ngalo, oba okulamusa okulala kwonna okusaanidde. "Ekikulu kiri nti ebintu ebitakyuka ebyo [okulamusagana n'okwagalana okw'amazima] birina kuba bye bimu mu mawanga gonna, naye engeri ey'okubyolesa eyawukana okusinziira ku bikolwa byennyini mu buli buwangwa" (Ibid.: 29).

e. ***1 Tim 5:9****—"Nnamwandu yenna tawandiikibwanga [okuweebwa obuyambi bwa sente okuva eri ekkanisa] nga tannatuusa myaka nkaaga."* Okukilabirawo, ekisaanyizo ekya "emyaka 60 egy'obukulu" kisaanyizo kya bonna. Amakanisa mangi, n'olw'ekyo, gakozesa ekisaanyizo kino nga bwe "kiwulikika," nga etteeka ettereevu eri amakanisa gonna olwaleero. Wabula, okutegeera *omulamwa gw'ebyafaayo n'obuwangwa* bw'ekiseera kiri kutuwa ekifaananyi ekirungi okusingako. Enkaaga gy'emyaka egyali gimanyiddwa mu nsi ey'edda omuntu kwe yalowoozebwanga okubeera "omukadde" (Knight 1992: 223). Enkaaga "osanga giraga emyaka egisinga okuba egya waggulu mu biseera eby'edda omuntu kwe yasuubirwa okuba ng'akyasobola okwekolera n'okweyimirizaawo" (Blomberg 1999: 209). Mu mulembe ogwasooka wansi w'abakazi 4% baatuusanga emyaka 50 (Lysaught 2005: 67n.18). Baali abamu ku bantu abasinganga okuyisibwamu amaaso, era baalinanga bintu bitono eby'okweyambisa. Mu kugeegeranya, olwaleero, waakiri mu nsi z'abazungu ezisinga, emyaka 60 tegibalibwa kuba myaka gya "bukadde," era waliwo ensibuko nyingi eziri mu gavumenti n'awalala ez'okuyamba abakadde. N'olw'ekyo, ekyetaago ekya "emyaka enkaaga egy'obukulu" kyategeezanga kintu kirala nnyo okuva ku buwangwa bwa Pawulo okusinga bwe kitegeeza mu mawanga mangi olwaleero. Ekirala, *omulamwa gw'obuwandiike omugazi* ogw'ekitundu kya Bayibuli ekisigadde tegulaga nti emyaka enkaaga egy'obukulu girina nnyo eky'amakulu kye gikola (naye, geraageranya, **Leev 27:1-7** awaali minzaane ey'okuseesa eraga omuwendo ogw'okununula abantu abaali bakoze obweyamo obw'amaanyi; omuwendo ogwo gwakkiranga ddala okutuuka ku nkaaga). Ekyo kiraga nti ekyetaago eky'emyaka 60 tekirina kukozesebwa buli wamu nga "etteeka," naye kiyinza okukyusibwa okusinziira ku mbeera z'ebitundu.

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

**K.** ***Okukozesa omugendo g'okununula/omwoyo ogw'okununula ennono z'okuvvuunula ng'amateeka ga Bayibuli ebiragiro n'amateeka TEBISOBOLA kukozesebwa mu ngeri y'emu kubanga tebyali biragiro bya Katonda bya komeredde oba ebisembayo oba ebisinga obulungi eri abantu bonna n'obuwangwa.***

1. "Ennono z'okuvvuunula ezitakyuka" tezitera kukola bulungi ku "nnono z'obuwangwa" ezoogerwako mu Bayibuli, naddala eziri mu Ndagaano Empya. "Abo abakozesa enkola etekyuka tebatera kwagala kwetegereza ekifaananyi ky'ensi gye tutunuulidde babuuze ebibuuzo ebizibu. Eky'okulabirako, batya okubuuza, enneeyisa yaffe eya leero esingira wa enneeyisa y'Ebyawandiikibwa etaalowoozebwako, nga bwe zilabibwa mu bigambo ebyesuddesudde ku miko gyayo (kwe kugamba, enneeyisa ya leero *weegendera ewala okuyisa* enneeyisa y'Ebyawandiikibwa etetuukibwako)?" (Webb 2001: 254-5)

a. *Ennono z'okuvvuunula "ezitakyuka" zitegeera ebigambo ebiri mu biwandiiko awatali kufa ku mwoyo ogubirimu oba ziteeka essira ttono nnyo ku mwoyo ogwo n'olw'ekyo ziziyiza enkozesa y'Ebyawandiikibwa ey'omulembe mu kifo ebigambo by'ebiwandiiko ebyo ebyesuddesudde we byagwa mu nteekateeka yaabyo eyasooka" (Webb 2001: 30-31).* Bwe tubeera n'ennono z'okuvvuunula ezitakyuka ezimala gateekesa Ebyawandiikibwa mu nkola mu mbeera eziriwo, nga bwe byawandiikibwa, awatali kulowooza ku "mwoyo"oguli emabega w'ebigambo ebyo, oba entambula y'obuwangwa, oba ey'Ebyawandiikibwa byennyini oluvannyuma lw'ekiseera, tujja kukakibwa okujjamu-n'okulondako biwandiiko ki bye tunaakozesa, oba tetujja kufa ku bitundu by'Ebyawandiikibwa ebiramba oba "ebizibu ekisukkiridde" gye tuli (eky'okulabirako, ebiwandiiko bingi ebikwata ku buddu). Ekyo kiyinza okutuleetera okukozesa obubi amateeka g'Endagaano Empya n'ebiragiro mu nteekateeka z'obuwangwa bwaffe empya.

b. *Okuteekesa ebiwandiiko ebiriko ekkomo ly'obuwangwa okusinziira ku nnono z'okuvvuunula "ezitakyuka"*. "Teebereza nti otutte ebigambo bya Peetero n'owa abakozi ab'omulembe guno amagezi okukkiriza okukubibwa ababakozesa olw'enjiri (**1 Peet 2:18-25**). Oba, lowooza ku kuwa abakozesa ba leero ebiragiro ng'osinziira ku Bitabo Ebitaano ebyawandiikibwa Musa nti, singa bakomya okukuba abakozi baabwe ne batayingira nnyo mu bulamu bwabwe, tebaalibadde na musango ogw'okuliwa okuli mu mateeka (**Kuv 21:20-21**). Oba, osanga ensi yaffe ey'omulembe guno yaalibadde erowooza ku ky'okuwa ebibonerezo ebitonotono olw'okutyoboola omukozesa oba omuntu eyeekozesa yekka (= ow'eddembe) mu by'obwenzi (**Ma 22:25-27;** geraageranya **Leev 19:20-22**). Eby'okulabirako ebyo, awatali kubuusabuusa, biraga ekikula ekibi ennyo eky'ennono z'okuvvuunula ezitakyuka." (Webb 2001: 36-37)

2. "Ennono y'okuvvuunula n'okwekeenenya "okw'omugendo omununuzi" oba "omwoyo omununuzi" eyinza okukola ku kubeerawo "kw'ennono z'obuwangwa" "n'ennono z'obwakabaka" mu Bayibuli. Naddala mu nkolagana wakati w'abantu mu kitundu, ne gavumenti, kiyinza okwetaagisa okutunuulira "omugendo omununuzi" oba "omwoyo omununuzi" oguli mu tteeka oba ekiragiro kya Bayibuli kyonna n'okuddamu okuteeka omwoyo ogwo ogw'obununuzi mu nkola mu mbeera y'obuwangwa bwaffe empya. Mu **Matayo 5** ne **9** "enkola Yesu gy'akozesa okutuukirira Ebyawandiikibwa egenda wala n'eyisa ku kutunuulira ebigambo by'ebyawandiikibwa ebyo ebyeyawuddeyawudde neerowooza kiwanvu ku mwoyo ogubirimu. Mu bwangu bungi, Yesu afuna omwoyo ogw'ebiwandiiko by'Endagaano Enkadde n'ayingiza abawulizi be mu makubo ag'enjawulo ag'okulongoosaamu ebigambo by'obulombolombo bwabwe obukwata ku butukuvu. Awamu n'essira ku kuteekesa mu nkola okw'omunda, abayigiriza enkola ey'okutuukirira Bayibuli n'omwoyo omununuzi." (Webb 2001: 62) Ate ku ludda olulala, bwe tusibibwa mu biwandiiko eby'eyawuddeyawudde," tuyinza okulemwa okuddamu okuteekesa mu nkola "omwoyo omununuzi ogwateeka ebiwandiiko ebyo mu kifo ekisooka mu buwangwa bwaffe obw'enjawulo. . . . Obutafa ku kuddamu okuteekesa mu nkola omwoyo omununuzi kwongera obutaba na maanyi obwonoona mu ngiri ekyusa obulamu eyaalibadde ebuulirwa mu nsi yaffe ey'omulembe." (Webb 2001: 33, 50). N'olw'ekyo, enkola "ey'omugendo omununuzi/omwoyo omununuzi" mu kuteekesa Ebyawandiikibwa mu nkola etutwala ewala ne tuyisa enteekesa y'ebiwandiiko ebyo eyasooka mu nkola mu nsi ey'edda, olwo amakulu g'entambula ezaakolebwa mu Byawandiikibwa, naye ebitaatuusibwa ku mpunzika yaabyo ey'ensonga etegeerekeka esinga okuba enzijuvu, gayinza okutuukirizibwa mu nsi ey'omulembe guno.

3. Okubalirira "omugendo" omununuzi mu Bayibuli. Mu kubalirira omugendo omununuzi n'omwoyo omununuzi oguli mu Bayibuli, twetaaga okubalirira enkolagana y'amateeka awamu n'ebiragiro ebiri mu Bayibuli, mu myaliro gyabyo egy'obuwangwa. Oluusi Ebyawandiikibwa bikola "omugendo ogusooka" okulongoosaamu ennono z'obuwangwa *ezaasooka* mu ngeri eyagala okugamba nti entambula endala esoboka era eyagalwa mu buwangwa *obuddako*. Omugendo gw'Ebyawandiikibwa nsonga nkulu mu kusalawo ku kkubo omugendo omulala lye gulina okukwata, omugendo omulala bwe guba gwetaagibwa. N'olw'ekyo, *ekkubo* ly'omugendo ogwo liteekwa okubalirirwa okusinziira ku buwangwa

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

obugazi okusingako. Ebika by'omugendo bisatu bituyamba okutegeera omwoyo oguli mu kiwandiiko ekyo. Ebika ebyo byonsatule bwe bitulaga *ekkubo* lye limu, bitegeeza nti ekifo ekisembayo ekyalekebwamu omutwe gw'ebiwandiiko ebyo mu Ndagaano Empya kiyinza obutaba ennono *esembayo* Katonda gy'agenderera ku lw'amawanga gonna, ebiseera byonna, ne mu bifo byonna. Kwe kugamba, omwoyo oguli mu biwandiiko ebyo guyinza okutegeeza nti omugendo omulala gulina okukolebwa olwaleero mu buwangwa bwaffe, mu kitangaala ky'omugendo oguwedde okukolebwa mu Bayibuli. Ebika ebisatu eby'omugendo bye bino wammanga (Webb 2001: 73-83):

a. *Omugendo ogw'ebweru*—kwe kugamba, enkyukakyuka okusinziira ku Buvanjuba obw'Okumpi obw'Edda obwetoolodde n'obuwangwa obwa Ruumi ey'Obuyonaani. Okwawukanako n'obuwangwa obwetoolodde, abaddu Abayudaaya bonna baalinanga okuteebwa mu mwaka gwa Jjubiri (**Leev 25:39-42**).

b. *Omugendo ogw'awaka*—kwe kugamba, enkyukakyuka okugeraageranya n'ekyali kigenda mu maaso mu bantu ab'endagaano bennyini. Abaami Abakristaayo baakubirizibwanga okuyisa abaddu baabwe Abakristaayo mu ngeri y'emu, okuva mu mitima gyabwe, ng'abaddu Abakristaayo bwe baayisanga bakama baabwe (**Bef 6:5-9**).

c. *Omugendo gw'Ebyawandiikibwa*—kwe kugamba, enkyukakyuka mu bitundu ebinunuzi ebigazi, katugambe nga okuva ku Ndagaano Enkadde okudda ku Ndagaano Empya. *Obutagenda mu maaso* wakati w'Endagaano Empya n'Enkadde mu ngeri eyeesigika bulaga nti ekitundu eky'Endagaano Enkadde kyasibwa mu buwangwa. Eky'okulabirako, ebintu ebyali mu nsinza ey'Endagaano Enkadde byonna (yeekaalu, obwakabona, ssaddaaka ez'ebisolo, n'ebirala) mu Ndagaano Empya byasalwako, katugambe nga ensonga ez'omugaso mu Ndagaano Enkadde nga okukomolwa n'amateeka agakwata ku mmere. Ekirala, mu biseera by'Endagaano Empya, abasajja baalina okwagala n'okwewaayo nga saddaaka eri abakazi baabwe, nga Kristo bwe yayagala ekkanisa ne yeewaayo ku lwayo (**Bef 5:25**). Enkyukakyuka ezo mu bitundu by'Endagaano zombi biraga nti ebikolwa ebyali mu Ndagaano Enkadde byali bya buwangwa.

d. *Ensonga endala eza Bayibuli era ez'obuwangwa bbiri biraga nti omugendo omulala guyinza okukolebwa mu kuteekesa omwoyo gwa Bayibuli mu nkola mu nteekateeka eziriwo.* Ensonga zino wammanga, awatali kubuusabuusa, zirina okukkiriziganya era zirina okubeera mu kkubo limu okusinziira ku buwangwa nga omugendo ogw'ebweru, omugendo ogw'awaka, n'omugendo ogw'Ebyawandiikibwa ogwogeddwako waggulu:

(1) <u>Ebirowoozo ebikwata ku nsigo.</u> "Ebirowoozo ebikwata ku nsigo" mu Byawandiikibwa, ebirina kye bikola ku nkolagana wakati w'abantu, biyinza okulaga n'okuwagira omugendo omulala ku mulamwa oguba guliwo abasomi ab'oluvannyuma bwe bamanya kiki kye bitegeeza. Endowooza ey'obwenkanyi *"mu Kristo"* kyakulabirako kimu (eky'okulabirako, **Bag 3:28**). Endowooza eyo erina by'etegeeza ku Katonda, naye ng'erina n'ebirala by'etegeeza ku bantu abali mu kitundu ebiyinza okuteekebwa mu nkola oluvannyuma lw'ekiseera.

(2) <u>Okwawukana.</u> Ekitundu ky'ebiwandiiko kiyinza okuba eky'obuwangwa singa ennono z'abantu ezilagiddwa mu biwandiiko ebyo ziba "zaawukanye" n'ebiwandiiko ebirala ebya Bayibuli. "Eno ng'ekirowoozo ky'embeera ereetera ekintu okubaawo kizibu okuvumbula era kisirifu olw'obutamanyibwa bwakyo, okwawukana kwo kuba kukyama okuva ku nnono z'obuwangwa okulabikirawo okukolebwa Ebyawandiikibwa" (Webb 2001: 91). Eky'okulabirako, Endagaano Enkadde n'Empya zombi zoogera ku ky'omukono ogwa ddyo okubeera ogw'omugaso okusinga (laba **Lub 48:18; Kuv 15:6; 1 Byom 6:39; Zab 110:1; Mat 22:44**). Naye ate, mu kwawukana n'ennono z'obuwangwa, Katonda yakozesa Ekudi eyakozesanga kkono okutta Eguloni (**Balam 3:12-30; 20:16**). "Ebiwandiiko ebiraga okwawukana okwo bituwa akabonero nti eky'Ebyawandiikibwa okutwala omukono ogwa ddyo okubeera ogw'omugaso okusinga ogwa kkono kikyuka n'obuwangwa" (Ibid.: 93). Mu ngeri y'emu, newakubadde **1 Kol 11:4** eyogera ku nviiri z'abasajja empanvu okubeera ekintu ekiswaza, ebiwandiiko ebirala mu Bayibuli (katugambe nga, ekikwata ku Bawonge) biraga nti mu butuufu abasajja baawanga Katonda ekitiibwa mu butasalanga ku nviiri zaabwe (**Kub 6:1-21; 1 Sam 1:11**). Waliwo "okwawukana" kungi okukwata ku buvunaanyizibwa bw'abakazi okuyita mu Bayibuli yonna, omuli: Kuluda eyali anoonyezebwa kabaka ne kabona, era eyababuulira Ekigambo kya Katonda n'amaanyi (**2 Bassek 22:14-20; 2 Byom 34:22-28**); Pulisikira, eyayigiriza Apolo era ayogerwako nga bbaawe Akula tannayogerwako (**Bikolwa 18:24-26**); n'obwenkanyi bw'omusajja n'omukazi n'obuyinza mu bufumbo

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

(**1 Kol 7:3-5**).

e. *Okugenda mu maaso wakati w'Endagaano Enkadde n'Empya, oba okukkaatiriza kw'ekikolwa ekiri mu Ndagaano Enkadde nga kukolebwa Endagaano Empya, tekitegeerezaawo nti ensonga eri mu Ndagaano Enkadde Endagaano Empya gy'ekkaatiriza ya mawanga gonna.* Ensonga eri nti Endagaano Empya eyinza okulemwa okukendeeza ku kintu ekiri mu Ndagaano Enkadde *olw'ensonga z'obuwangwa ezisangibwa mu ndagaano zombi*. N'olw'ekyo, okwekenneenya obuwangwa bulijjo kuteekwa okukolebwa nga bwe twebuuza oba ekikolwa ekiriwo kirina okuteekebwa mu nkola olwaleero oba nedda, naddala mu kifaananyi gye kyakolebwangamu mu biseera bya Bayibuli. Eky'okulabirako, ku ludda lumu Endagaano Empya ekkaatiriza ennono z'empisa eziri mu Mateeka 10, ezikwata ku mawanga gonna (okuggyako ekiragiro eky'okuna ekikwata ku Sabbiiti, lye yalongosaamu oba okukendeezaako). Ate ku ludda olulala, Endagaano Empya teyasalako mbagirawo obuddu oba obufuzi obw'ensikirano. Ekirala, "okunywegera okutukuvu" kuwagirwa mu Ndagaano Enkadde (**Lub 27:27; 29:13; Kuv 4:27; 18:7; 1 Sam 20:41**) n'Empya (**Bar 16:16; 1 Kol 16:20; 2 Kol 13:12; 1 Bas 5:26; 1 Peet 5:14**). Naye ate, ebikolwa ebyo byonna byesigamizibwa ku buwangwa era biriko ekkomo ly'obuwangwa, si bya mawanga gonna.

4. <u>Enyinyonnyola y'ennono z'okuteekesa mu nkola "omugendo omununuzi"/"omwoyo omununuzi".</u>

a. *Webb, eyaleeta enkola eno, aginyonnyola nga ennono ya "X=>Y=>Z" (Webb 2001: 31):* "*Ekifo ekya wakati* (Y) kiriwo ku lw'ebigambo bya Bayibuli ebyeyawuddeyawudde ebiri mu bifo byabyo we bizimbira omulamwa oguba gwogerwako. Awo, ku buli ludda olw'ebiwandiiko bya Bayibuli ebiriwo, omuntu alina kwebuuza ekibuuzo ekikwata ku ndowooza: Entegeera yange ey'ekiwandiiko kya Bayibuli eri etya, bwe ntunuulira ekiwandiiko kino okusinziira ku ndowooza *y'obuwangwa obwasooka* (X)? Era, ekiwandiiko kya Bayibuli kino kifaanana kitya n'obuwangwa bwaffe obwa leero, mwe kyesanga okulaga empisa ennungi okusingako mu bantu—eziri okumpi n'*empisa ez'ekika ekya waggulu* (Z) okusinga ku mpisa eziba zibikkuddwa mu bigambo bya Bayibuli ebyeyawuddeyawudde?"

b. *Okunoonya "omwoyo omununuzi" oguli mu kiwandiiko.* "Okunoonya omwoyo omununuzi oguli mu kiwandiiko nsonga ya kukwata n'obwegendereza. Si ntereevu oba ya lwatu nga okusoma ebigambo ebiri ku lupapula. Okusobola okukwata omwoyo oguli mu kiwandiiko, omuvvuunuzi ateekwa okuwuliriza engeri ekiwandiiko gye kiwulikikamu mu myaliro gyakyo eky'abantu. Enteekateeka bbiri ezikwata ku bulamu za mugaso nnyo: omulamwa omugazi, omugenyi ogw'abantu ab'edda ab'Obuvanjuba obw'Okumpi n'Abaruumi Abayonaani, n'omulamwa ogw'okumpi, ogw'awaka, ogwa Isiraeri/ekkanisa. Omuntu ateekwa okwebuuza, nkyukakyuka ki ekiwandiiko gye kikola mu bulamu bw'abantu mu bantu b'endagaano? Era, ekiwandiiko kikwata kitya ku nsi y'abantu ab'edda ab'Obuvanjuba obw'Okumpi n'Abaruumi Abayonaani? Okuyita mu kulowooza ku bibuuzo ebyo ebikwata ku nteekateeka z'abantu omusomi ow'omulembe guno ajja kutandika okutegeera omwoyo omununuzi ogw'ekiwandiiko. Ekirala, enteekateeka ey'okusatu ewa omuntu ekkubo eddala ery'okuvumbula omwoyo omununuzi, ogumanyiddwa nga, omugendo gw'ebyawandiikibwa ogusangibwa mu bitundu bya Bayibuli eby'enjawulo. Omugendo wakati w'Endagaano Enkadde n'Empya osanga kwe kujjulula mu bitundu bya Bayibuli okusinga okumanyibwa." (Webb 2001: 53)

5. <u>Enjawulo wakati w"omwoyo omununuzi" ne "ennono" eri mu kiwandiiko.</u> "Omuntu ayinza okugeraageranya ennono n'enkasi ku lyato. . . . Omwoyo omununuzi, wabula, nsonga ndala—eringa omuyaga ogutwala eryato mu maaso. Mu kuteekesa ebiwandiiko ebikwata ku buddu mu nkola mu kukozesebwa okw'omulembe guno, ennono y'okuvvuunula n'okuteekesa mu nkola ekiwandiiko etetambula okutwaliza wamu ejja kutambula . . . ku nnono 'mugondere/muwulire abo abali mu bifo eby'okukola,' nga tulowooza nti ekyo kizingiramu butereevu ensi zombi. Ku kikwata ku nnono, ennono y'okuvvuunula n'okuteekesa mu nkola etetambula elemererwa okuyitamu bulungi . . . okwogera ku njawulo wakati w'obwanannyini (ensi yaabwe) n'enkolagana mu ndagaano ez'emirimu (ensi yaffe). Olulimi lwa mugondere/muwulire lulina okusuulibwa mu kuteekesa kwaffe mu nkola. Ennono erina kuweesa Katonda ekitiibwa mu kukolagana kw'omuntu n'ab'obuyinza/abafuga omulimu n'okuteekesa mu nkola okw'ebiseera bino mu mulembe guno kulina kuteekawo ekiragiro ekitambulira ku bino wammanga: Tuukiriza ebisaanyizo by'endagaano yo nga bw'osobola, kwe kugamba, mu ngeri eweesa Katonda ekitiibwa era esembeza abatakkiriza kumpi n'obwakabaka.

Ku kikwata ku mwoyo omununuzi, enkola etetambula etera okulemwa okukkiriza embuyaga z'Ebyawandiikibwa okutwala mu maaso ekifaananyi kyagwo eky'obuddu. . . . Omugendo ogw'omwoyo oguli mu biwandiiko ebikwata ku buddu . . . awatali kubuusabuusa gutwaliramu omukozi oluusi

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

okusalawo okugenda ewala okuva ku ekyo endagaano ky'emwagaliza. Gulowooza ne ku ntambula y'Ebyawandiikibwa eyeewuunyisa, okugeraageranya n'ensi ey'edda, mu ngeri nti gulongoosa embeera z'okukozesebwa n'engeri abaddu gye bayisibwamu. Ekintu ekyo ekikwata ku mwoyo omununuzi ku nkomerero kivaamu okujjibwawo kw'obuddu kwonna. So nga, bwe kiddamu okukozesebwa mu nteekateeka yaffe abantu ba leero, omwoyo gwe gumu oguli mu Bayibuli gwogera ku ky'okulongoosa ku kubonaabona kw'omukozi ow'omulembe. . . . Gwogera ku nsonga nga emiganyulo, embeera eyimirizaawo amaka, ennono ezisooka okulowooza ku bantu n'okuzzaamu amaanyi okw'amakulu, n'ensonga eza wansi." (Webb 2001: 54-55)

6. <u>Eby'okulabirako eby'okuteekesa mu nkola ennono y'okunyonnyola n'okuvvuunula omugendo omununuzi/omwoyo omununuzi.</u>

a. *Obuddu n'okukozesebwa.*

(1) <u>Okukozesa "enkola etekyuka" ku biwandiiko ebyogera ku buddu.</u> Abaisiraeri baawanga abaddu abaali badduka okubonyaabonyezebwa okuva mu nsi endala obutebenkevu (**Ma 23:15-16**). N'olw'ekyo, newakubadde obuddu bwali bukyakkirizibwa, endowooza y'Endagaano Enkadde ku buddu yali nn*unuzi* okugeraageranya n'Obuvanjuba obw'Okumpi obw'Edda. Endagaano Empya yagenda wala n'omwoyo omununuzi" ogwo, ekyaleetera Pawulo okugamba Firemooni okuddamu okwaniriza omuddu eyali adduse nga "*ow'oluganda omwagalwa"* (**Fir 15-16**). Wabula, ku ndagaano zombi Enkadde n'Empya tewali eyayogera ku kukomezebwa kw'obuddu. "E<u>nkola etekyuka</u> yaaliteekesezza ekiwandiiko ekyo eky'obuddukiro bw'omuddu mu nkola mu ngeri y'okukkiriza obwanannyini bw'obuddu olwaleero, ekkanisa kasita ewa abaddu ababa badduse obuddukiro obw'ebika ebyo. . . . Enkola ng'eyo ey'okuteekesa Bayibuli mu nkola ebeera kumpi nnyo n'ebigambo by'ebiwandiiko—waakiri ebigambo by'ebiwandiiko ebyo bwe bitegeerwa awatali kitundu kyabyo ekikulu ekikola amakulu g'omugendo ogw'omwoyo. . . . Ekira eky'akabi okusinga kiri nti, mu kuwakanira oba okukkiriza obuddu obw'omu Bayibuli olwaleero, enkola etekyuka ezza *mabega* omutindo gwaffe ogwa leero ogw'obuntu bulamu n'embeera z'okukola n'enkyukakyuka eza mbagirawo. Twaliswazizza engiri ebuulira eddembe ly'omusibe, engiri erina amakulu ag'omwoyo n'eby'okutegeeza eri abantu." (Webb 2001: 33-34) Mu nteekateeka ey'okukozesebwa okw'omulembe guno, "Omuntu ayinza okusendasenda abantu b'omulembe guno okukkiriza nti abakozi balina 'okugondera' era 'okuwulira' ababakozesa okusinziira ku biwandiiko by'obuddu" (Webb 2001: 37).

(2) <u>Okukozesa ennono y'okuvvuunula n'okuteekesa mu nkola "omugendo omununuzi/omwoyo omununuzi" ku biwandiiko ebyogera ku buddu.</u> Omugendo mu Ndagaano Enkadde n'Empya zombi bw'ogugeraageranya n'obuwangwa obuzeetoolodde, gwagenderera okuleeta eddembe erisingako. Omugendo wakati w'Endagaano Enkadde n'Empya gwagenda mu maaso n'okutambulira mu kkubo eryo. N'olw'ekyo, ennono y'okuvvuunula n'okuteekesa mu nkola omugendo omununuzi/omwoyo ewagira okukomezebwa kw'obuddu. Ekyo kye kyakolebwa Abakristaayo ab'e Bungereza n'ab'omu Amerika abaakomya obuddu mu mulembe gwa 19. Mu kuteekesa ebiwandiiko ebyogera ku buddu mu nkola mu kukozesebwa okw'omulembe guno, omugendo omununuzi tegukoma ku ky'okuwolereza "okugondera" omukozesa w'omuntu okwesigamizibwa ku biwandiiko ebyogera ku buddu. "Okuteekesa mu nkola okw'ekika ekyo tekuziimuula eky'okugenda ku nnono z'empisa ezitegeerwa obulungi okusingako kyokka, naye tekulaba enjawulo enkulu wakati w'obuddu n'enkolagana eriwo kati wakati w'omukozesa n'omukozi. Enjawulo esinga okuba enkulu y'ey'obwanannyini okugeraageranya n'omusingi ogw'esigamizibwa ku ndagaano ku lw'enkolagana mu kukola. Mu nteekateeka eyeesigamizibwa ku ndagaano ey'omulembe guno, tetulina kubuulira obuwulize n'okugonda, naye nti abakozesa Abakristaayo balina okutuukiriza ebisaanyizo by'endagaano yaabwe nga bwe basobola okusobola okuweesa Katonda ekitiibwa n'okulaga obujulizi bw'engiri. Ekirala, ennono y'okuvvuunula n'okuteekesa mu nkola ey'omugendo omununuzi enoonya okuddamu okuteekesa mu nkola ekitundu ky'omwoyo oba ky'omugendo eky'ebiwandiiko ebyogera ku buddu okugeraageranya n'obuwangwa obuliraanye. Ebyawandiikibwa biri nnyo ku ludda lw'omuddu akaaba, omwavu, n'ayigganyizibwa. Omwoyo ogwo ogussa obulamu, ogwalongoosanga

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

embeera z'abaddu mu nsi ey'edda, nagwo gwetaaga okufuga omulimu gw'okuteekesa mu nkola ekiwandiiko olwaleero. Abakozesa Abakristaayo aba leero, olwo, tebalina kukozesa bubi obuyinza bwabwe mu kunoonya omulimu omulungi mu bakozi, naye bakole emirimu gyabwe mu ngeri etwala abakozi ng'abantu era bakubirize omulimu gwabwe omulungi mu ngeri y'obuntu n'obwenkanya. Embeera z'okukola, emitendera gy'enfuna, n'enjawulo wakati w'omugagga n'omwavu zonna nsonga omwoyo omununuzi, ogulabika mu ntambula y'ebyawandiikibwa, ze gugwanidde okukolako nga bwe tuleeta ebiwandiiko bino ne tubiteekesa mu nsi yaffe ey'omulembe guno." (Webb 2001: 37-38) "Omugendo omununuzi" oba "omwoyo omununuzi" oguli mu Bayibuli gufaanana bwe guti:

| **X (obuwangwa obwasooka)** | **=> Y (Bayibuli)** | **=> (obuwangwa bwaffe)** | **=>Z (ennono z'empisa)** |
|---|---|---|---|
| obuddu okuvumibwa okungi | obuddu n'embeera ezirongooseddwamu | obuddu bujjiddwawo n'embeera z'okukola ezirongoseddwamu | obuddu bujjiddwawo; embeera z'okukola zirongoseddwamu; emisaala gyongezeddwa; obumu, okuwa ekitiibwa n'ekigendererwa eky'awamu mu maddala gonna |

b. *Ebisiyaga.* "Bwe twogera ku biwandiiko ebyogera ku bisiyaga mu nkola eya X=>Y=>Z, tuzuula ekika ky'omugendo ekirala, ekimanyiddwa nga omugendo ogwa ddala ddala okuva ku X okugenda ku Y. Ebyawandiikibwa biraga omwoyo omununuzi bwe bigaana abantu ba Katonda okwetaba mu bikolwa eby'ebisiyaga. . . . Obuwangwa bwaffe obwa leero buyinza okuteekebwa wamu ne X (awali obuwangwa obwasooka) oba ku kkono wa X mu kifo ekiyinza okulabibwa nga ekifo kya 'W'. Okusobola okufuna omwoyo ogwo omununuzi olwaleero, Abakristaayo bateekwa okugenda mu maaso n'endowooza etunuulira obuli bw'ebisiyaga ng'empisa embi era bakomye ebikolwa ng'ebyo mu kanisa, newakubadde abantu abatwetoolodde tebakikola." (Webb 2001: 40) "Omugendo omununuzi" oba "omwoyo omununuzi" ogwa Bayibuli gufaanana bweguti:

| **[W] (obuwanga)** | **=> X (obuwangwa)** | **=> Y (Bayibuli)** | **=> Z (ennono z'empisa ezisembayo)** |
|---|---|---|---|
| Bwaffe kumpi okukkirizibwa kw'ebikolwa eby'ebisiyaga okujjuvu n'obutabikugira | obwasooka okukkirizibwa kw'ebisiyaga wano na wali n'obutakukugira | endowooza egaana n'ekomeza ddala ebikolwa eby'ebisiyaga | endowooza egaana n'ekomeza ddala ebikolwa n'okutegeera okwa waggulu ekipimo ekiriko okunenya; n'enkyukakyuka mu bungi bw'endowooza embi okusinziira ku bikolwa eby'ebisiyaga |

## EBITABO EBYEYAMBISIBBWA


Arthur, Kay. 1994. *How to Study Your Bible.* Eugene, OR: Harvest House.

Beale, G. K. 1999. *The Book of Revelation* (NIGTC). Grand Rapids, MI: Eerdmans.

________. 2004. *The Temple and the Church's Mission* (NSBT 17). Downers Grove, IL: InterVarsity.

Blomberg, Craig. 1990. *Interpreting the Parables.* Downers Grove, IL: InterVarsity.

________. 1999. *Neither Poverty nor Riches* (NSBT 7). Nottingham, England: Apollos.

Bullinger, E. W. 1968 (reprint). *Figures of Speech Used in the Bible.* Grand Rapids, MI: Baker.

Caird, G. B. 1980. *The Language and Imagery of the Bible.* Philadelphia: Westminster.

Carson, D. A. 1984. *Exegetical Fallacies.* Grand Rapids, MI: Baker.

________. 1991. *The Gospel According to John* (PNTC). Grand Rapids, MI: Eerdmans.

________. 1996. *Exegetical Fallacies.* 2nd ed. Grand Rapids, MI: BakerAcademic.

________. 2009. *Preaching Apocalyptic.* Audio mp3. Online: http://resources.thegospelcoalition.org/library?utf8=%E2%9C%93&query=carson+preaching+apocalyptic.

Carson, D. A., and Douglas Moo. 2005. *An Introduction to the New Testament,* 2nd ed. Grand Rapids: Zondervan.

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

Doriani, Daniel. 1996. *Getting the Message.* Philllipsburg, NJ: P&R.

_______. 2001. *Putting the Truth to Work.* Philllipsburg, NJ: P&R.

Fee, Gordon, and Douglas Stuart. 1982. *How to Read the Bible for All its Worth.* Grand Rapids, MI: Academie.

Garlington, Don. Not dated. "Reigning With Christ (Revelation 20:1-6 In Its Salvation-Historical Setting)." Online: http://www.mountainretreatorg.net/eschatology/reigning.html.

Goldsworthy, Graeme. 1991. *According to Plan: The Unfolding Revelation of God in the Bible.* Downers Grove, IL: InterVarsity.

Green, Joel. 1984. *How to Read Prophecy.* Downers Grove, IL: InterVarsity.

Grenz, Stanley. 1992. *The Millennial Maze.* Downers Grove, IL: InterVarsity.

Hays, J. Daniel. 2001. "Applying the Old Testament Law Today." *Bibliotheca Sacra* 158: 21-25. Online: http://www.biblicalstudies.org.uk/article_law_hays.html#top.

Holwerda, David. 1984. "Eschatology and History: A Look at Calvin's Eschatological Vision." In *Readings in Calvin's Theology,* edited by Donald Kim, 311–42. Grand Rapids: Baker.

_______. 1995. *Jesus and Israel: One Covenant or Two?* Grand Rapids, MI: Eerdmans.

International Council on Biblical Inerrancy. 1978. *Chicago Statement on Biblical Inerrancy with Exposition*. Online: http://www.bible-researcher.com/chicago1.html.

_______. 1982. *Chicago Statement on Biblical Hermeneutics with Commentary by Norman L. Geisler.* Online: http://www.bible-researcher.com/chicago2.html.

Irons, Lee. Not dated. "Prophetic Idiom." Audio mp3. Online: http://www.upper-register.com/mp3/TUM/55_TUM_Prophets.mp3.

Jackson, Wayne. 2001. "Examining Premillennialism." Online: http://www.christiancourier.com/articles/322-examining-premillennialism.

Johnson, Dennis. 2007. *Him We Proclaim: Preaching Christ from All the Scriptures.* Phillipsburg, NJ: P&R.

Kaiser, Walter, Peter Davids, F. F. Bruce, and Manfred Brauch, eds. 1996. *Hard Sayings of the Bible.* Downers Grove, IL: InterVarsity.

Kevan, E. F. 1954. "The Covenants and the Interpretation of the Old Testament." *Evangelical Quarterly* 26: 19-28. Online: www.biblicalstudies.org.uk/pdf/eq/1954-1_kevan.pdf.

Klein, William, Craig Blomberg, and Robert Hubbard. 1993. *Introduction to Biblical Interpretation.* Dallas, TX: Word.

Knight III, George. 1992. *The Pastoral Epistles* (NIGTC). Grand Rapids, MI: Eerdmans.

Koukl, Gregory. 2001. *Never Read a Bible Verse.* Online: http://www.str.org/site/News2?page=NewsArticle&id=5466.

Ladd, George Eldon. 1972. *A Commentary On The Revelation Of John.* Grand Rapids, MI: Eerdmans.

_______. 1977. "Historic Premillennialism." In *The Meaning of the Millennium: Four Views,* edited by Robert Clouse, 17–40. Downers Grove, IL: InterVarsity.

Lehrer, Steve. 2006. *New Covenant Theology: Questions Answered.* Steve Lehrer.

Lysaught, M. Therese. 2005. "Practicing the Order of Widows: A New Call for an Old Vocation." *Christian Bioethics* 11: 51-68.

Metzger, Bruce, and Michael Coogan, eds. 1993. *The Oxford Companion to the Bible.* New York: Oxford University Press.

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

Oropeza, B. J. 1994. *99 Reasons Why No One Knows When Christ Will Return.* Downers Grove, IL: InterVarsity.

Osborne, Grant. 1991. *The Hermeneutical Spiral.* Downers Grove, IL: InterVarsity.

_______. 2002. *Revelation.* Grand Rapids, MI: Baker Academic.

Owen, W. Stuart, P. A. Grist, and R. Dowling. 1992. *A Dictionary of Bible Symbols.* London: Grace.

Payne, J. Barton. 1980 (reprint). *Encyclopedia of Biblical Prophecy.* Grand Rapids, MI: Baker.

Poythress, Vern. 1993. "Genre and Hermeneutics in Rev 20:1-6," *Journal of the Evangelical Theological Society* 36: 41-54. Online: http://www.etsjets.org/files/JETS-PDFs/36/36-1/JETS_36-1_041-054_Poythress.pdf.

Ramm, Bernard. 1970. *Protestant Biblical Interpretation,* 3rd rev. ed. Grand Rapids, MI: Baker.

Ramsay, William. 1875. "Triumphus." In *A Dictionary of Greek and Roman Antiquities,* ed. William Smith, 1163-67. London: John Murray. Online: http://penelope.uchicago.edu/Thayer/E/Roman/Texts/secondary/SMIGRA*/Triumphus.html.

Roukema, Riemer. 2004. "The Good Samaritan in Ancient Christianity." *Vigiliae Christianae* 58: 56-74.

Ryken, Leland. 2002. *The Word of God in English.* Wheaton, IL: Crossway.

Stanley, Andy, and Lane Jones. 2006. *Communicating for a Change.* Colorado Springs, CO: Multnomah.

Tegart, Brian. 1999. "Literal or Spiritual?" Accessed 5 June 2000 at: http://www.tegart.com/brian/bibl/prophecy/spiritual.html.

Tiessen, Terrance. 1993. "Toward a Hermeneutic for Discerning Universal Moral Absolutes." *Journal of the Evangelical Theological Society* 36: 189-207. Online: http://www.etsjets.org/files/JETS-PDFs/36/36-2/JETS_36-2_189-207_Tiessen.pdf.

Travis, Stephen. 1982. *I Believe in the Second Coming of Jesus.* Grand Rapids, MI: Eerdmans.

Ulfgard, Håkan. 1989. *Feast and Future: Revelation 7:9–17 and the Feast of Tabernacles.* Stockholm: Almqvist & Wiksell.

VanGemeren, Willem. 1990. *Interpreting the Prophetic Word.* Grand Rapids, MI: Zondervan.

Walker, P. W. L. 1996. *Jesus and the Holy City: New Testament Perspectives on Jerusalem.* Grand Rapids, MI: Eerdmans.

Waltke, Bruce. 1988. "Kingdom Promises as Spiritual." In *Continuity and Discontinuity: Perspectives on the Relationship Between the Old and New Testaments,* ed. John Feinberg, 263-87. Westchester, IL: Crossway.

Webb, William. 2001. *Slaves, Women & Homosexuals: Exploring the Hermeneutics of Cultural Analysis.* Downers Grove, IL: IVP Academic.

Wells, Tom, and Fred Zaspel. 2002. *New Covenant Theology.* Frederick, MD: New Covenant Media.

Willard, Dallas. 1997. *The Divine Conspiracy.* New York: HarperSanFrancisco.

Wolvaardt, Bennie. 2005. How to Interpret the Bible: A Do-It-Yourself Manual. London: Veritas College.

Young, Edward. 1952. My Servants the Prophets. Grand Rapids: Eerdmans.

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

## OMUWANDIISI



Jonathan Menn abeera mu Appleton, WI, Amerika. Yafuna diguli ya B.A. mu by'obufuzi okuva mu Yunivasite y'e Wisconsin-Madison, n'ebitiibwa, mu 1974, era n'ayingizibwa mu kibiina ky'ekitiibwa ekya Phi Beta Kappa. Oluvannyuma yafuna diguli ya J.D. okuva mu Cornell Law School, magna cum laude, mu 1977, era n'ayingizibwa mu kibiina kya Order of the Coif legal honor society. Emyaka 28 egyaddirira yagimala ng'akola mu by'amateeka, nga munnamateeka w'emisango gy'amateeka, mu Chicago n'oluvannyuma ng'omukwanaganya mu Menn Law Firm e Appleton, WI. Yafuuka omukkiriza era omugoberezi wa Yesu Kristo mu 1982. Okwagala okweyongera mu by'okutegera katonda n'obuweereza kwamuviirako okusoma Master of Divinity mu Trinity Evangelical Divinity School e Deerfield, IL. Yafuna diguli ye eya M.Div. okuva mu TEDS, summa cum laude, mu May 2007. Wakati wa 2007-2013 yali Dayirekita wa Equipping Pastors International mu buva njuba bwa Africa. Kati Jonathan ye Dayirekita wa Equipping church leaders-East Africa (www.eclea.net). Ebiwandiiko bye ebingi eby'okusomesa ku nsonga za Bayibuli bisangibwa ku mukutu gwa www.eclea.net. Jonathan oyinza okumutuukirira ku: jonathanmenn@yahoo.com.

## EBY'OKWONGERAKO A

http://www.str.org/site/News2?page=NewsArticle&id=5466

### *Tosomanga Lunyiriri lwa Bayibuli Lumu Lwokka,* Gregory Koukl

Ssinga wabaddewo ku ttondo ly'amagezi, oba ery'obukugu lye mbadde nsobola okuteeka mu muntu, akalowoozo kamu ke naalikulekedde akaalisobodde okukuweereza ebiseera byonna eby'obulamu bwo, kaalibadde ka ki? Bukugu ki obusinga okuba obw'omugaso bwe nali njize nga Omukristaayo?

Bwe buno: *Tosomanga lunyiriri lwa Bayibuli lumu lwokka*. Ekyo kituufu, tosomanga lunyiriri lwa Bayibuli lumu lwokka. Mu kifo ky'okukola ekyo, bulijjo waakiri soma kitundu kiramba ekikwata ku nsonga emu.

**Akakodyo kange aka Radio**

Bwe mbeera ku radio, nkozesa akalagiro ako akangu okunyamba okuddamu ebibuuzo bya Bayibuli ebisinga byemba mbuuzibbwa, ne bwe mba nga olunyiriri olwo silumanyi n'akatono. Ke kakodyo akakola bulungi ennyo mu ngeri eyeewuunyisa naawe k'oyinza okukozesa.

Nsoma ekitundu ekiri ku nsonga emu, so si lunyiriri lwokka. Ntereka ebintu eby'omugaso bye nfunye mu kitundu ekya waggulu n'ekya wansi. Kubanga omulamwa gwe guwa olunyiriri amakulu amatuufu, nguleka ne gumbuulira kiki ekigenda mu maaso.

Ekyo kikola olw'etteeka ekkulu ery'empuliziganya yonna: Bulijjo amakulu gatambula okuva waggulu okudda wansi, okuva ku bitundu ebigazi okugenda eri ebitono, so tegava ku bitono okugenda eri ebinene. Ekisumuluzo ekituwa amakulu ga buli lunyiriri gava ku kitundu ekiramba ekiri ku nsonga emu, so si okuva ku buli kigambo.

Ennamba eziraga enyiriri zitulowoozesa nti enyiriri ziyimiridde zokka mu makulu gaazo. Naye ennamba ezo tezaaliwo mu kusooka. Zateekebwamu ebikumi by'emyaka oluvannyuma. Oluusi essuula etandika n'eggwa mu kifo w'etasaana kutandika oba okuggwa, ekyawukanya ebirowoozo ebyalibadde bibeera awamu.

Eky'okusooka, tofa ku namba eziraga ennyiriri naye gezaako okufuna ekifaananyi ekinene. Awo tandika okufunza okwekaliriza kwo. Si kizibu era tekitwala budde bungi. Kitwala akadde katono n'okwetegereza kw'ebiwandiiko okutono.

Tandika n'omulamwa gw'ekitabo omugazi. Biwandiike bya kika ki, kyafaayo, kitontome, oba lugero? Ekitundu kikwata ku ki okutwaliza awamu? Kirowoozo ki ekizimbibwa wano?

Sooka ove ku lunyiriri onoonye awalabika okuba enfundikwa y'ebirowoozo ebikulu mu kitundu ekyo. Oyinza okubuuza, "Kintu ki mu kitundu kino oba ebitundu bino ebiri ku nsonga emu ekiyinza okutuyamba okuzuula amakulu g'olunyiriri luno?"

Waliwo ensonga lwaki akantu ako akatono ka mugaso nnyo. Ebigambo birina amakulu ag'enjawulo mu myaliro egy'enjawulo (ekyo kye kisobozesa enkozesa y'ebigambo eraga enzivvuunula ebbiri). Bwe tulowooza ku lunyiriri nga tuluggye mu ndala, amakulu gamu ge gayinza okutulabikira. Naye tuyinza tutya okumanya nti ge makulu amatuufu? Obuyambi tebujja kuva mu nkuluze. Enkuluze zoongera bwongezi okuleeta obuzibu, kubanga zituwa amakulu mangi ge

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

tulina okulondako, mu kifo ky'okutuwa amatono. Obuyambi buteekwa okuva awalala mu bitundu eby'etoolodde olunyiriri olwo.

Kati nga tutunuulira omulamwa omugazi ogw'ebitundu eby'etoolodde, oyinza okufunza okwekaliriza kwo n'olowooza ku kiki amakulu g'olunyiriri olwo kye gayinza okuba. Gafunze mu bigambo byo.

Ekisembayo, era kino kikulu, weetegereze olabe oba ebigambo byo bikola amakulu bwe biteekebwa mu kitundu ekyo. Bikwatagana bulungi n'ekifaananyi ekinene?

Wano wammanga waliwo eky'okulabirako ekirungi ennyo eky'engeri enkola eno gy'eyinza okukolamu obulungi.

**Yesu, Omutonzi ataatondebwa**

Mu Yok 1:1 omuwandiisi akyogera bulungi nti "Kigambo yali Katonda." Mu lunyiriri olw'okusatu atuwa olunyiriri oluwagira ekyo ky'agamba. Yokaana ayongera okuwandiika nti, "Ebintu byonna byakolebwa ku bw'oyo, era awataali Ye tewaakolebwa kintu na kimu ekyakolebwa."

Yokaana ayogera ekintu kye kimu mu ngeri ez'enjawulo bbiri olw'okukkaatiriza ensonga n'olw'okugitangaaza. Buli kintu ekyali kibaddewo kyaliwo lwa Kigambo, eyakileetera okubaawo. Oba Kigambo yaleetera ebintu byonna ebyatondebwa okubaawo, kitegeeza nti yaliwo ng'ebintu byonna ebyatondebwa *tebinnabaawo*. N'olw'ekyo, Kigambo tayinza kuba nti yatondebwa butondebwa. Yesu ye Mutonzi ataatondebwa butondebwa, naye Katonda.

Abo abeegaana obwakatonda bwa Kristo bateesa bwe bati: "Lindako katono, Gulegi. Tewasomye bulungi olunyiriri olwo. Waliwo kye wasubiddwa mu kiwandiiko ekyo. Weetegereze ebigambo 'awataali Ye.' Omuwandiisi aleka ebweru Yesu mu bintu by'amenya. Bw'ogamba nti, 'Awatali Bire, amaka gonna gagenda ewa Disneyland' oba totegeeza nti Bire tali kitundu ku bantu abali mu maka ago, mu ngeri y'emu nga bw'otamutadde mu bantu b'omenye ab'omu maka ago. Buli muntu ali mu maka ago agenda ewa Disneyland okuggyako Bire. Mu ngeri eyo, buli kintu ekyatondebwa kyatondebwa Yesu okuggyako Yesu Yennyini. Yakuwa yasooka okutonda Yesu, awo Yesu n'atonda buli kintu ekirala kyonna. Yesu si Katonda."

Weetegereze nti okuteesa kuno kudda ku busobozi bw'okukozesa "awataali Ye" mu kifo ky'ebigambo "okuggyako Yesu." Bigambibwa okubeera n'amakulu agafaanana. Kale, tugezeeko okuwaanyisa ebigambo ebyo tulabe kiki ekibaawo. Olunyiriri luba lufaanana bwe luti: "Okuggyako Yesu, tewali kintu ekyabaawo ekyo ekiriwo."

Bw'ofuna obuzibu mu kuteebereza ekintu ekyo, tekinneewuunyisa. Ebigambo ebivudde mu kuwaanyisa okwo waggulu kumpi tebirina makulu. Mazima, kitegeeza nti Yesu kye kintu kyokka ekyatondebwa ekiriwo. Ddamu okisome naawe olabe. Awatali kubuusabuusa, ebigambo "awataali Yesu" tebiyinza kutegeeza "okuggyako Yesu." Ebigambo ebyo si bye bimu.

"Awataali Ye" kitegeeza kintu kirala nnyo. Kitegeeza  "awataali mulimu gwe yakola." Kiringa okugamba, "Awatali nze togenda kutuuka e Kampala. Nze nnina emmotoka." Awatali mulimu gwakolebwa Yesu, tewali na kimu ekyabaawo ekiriwo. Lwaki? Kubanga Yesu ye Mutonzi. Ekyo kikola amakulu agataliiko bbala.

Ka nkuwe eby'okulabirako ebirala.

**Okubeera n"Emirembe" ku kyo**

Abakkolosaayi 3:15 lwe lunyiriri olutera okutegeerwa obubi Abakristaayo ab'amakulu. Pawulo awandiika, "Era emirembe gya Katonda giramulenga mu mitima gyammwe." Abamu bagambye nti ekigambo ky'Oluyonaani ekitegeeza "okulamula" kitegeeza okutabaganya oba okusalawo ku kintu ate nga batuufu. Balaba olunyiriri luno nga ekintu ekikozesebwa okumanya okwagala kwa Katonda olw'obulamu bwaffe.

Endowooza eriwo egamba nti, Bw'oba olina okusalawo ku kintu, saba. Bw'owulira "emirembe" mu mutima gwo, genda mu maaso. Bw'obulwa emirembe, togenda mu maaso. Embeera ey'omunda eyo ey'okuwulira emirembe ekola nga omulamuzi akuyamba okusalawo okusinziira ku kwagala kwa Katonda. Mu bigambo ebirala, kino tuyinza okukyogera bwe tuti: "Era leka embeera gy'owuliriramu emirembe mu mutima gwo ekusalirengawo ku kwagala kwa Katonda olw'obulamu bwo." Ekyo Pawulo ky'ategeeza?

Ekyo kyakulabirako ekya bulijjo nga obumanyi bw'Oluyonaani bwe kiyinza okubeera ekintu eky'akabi ssinga omulamwa tegulowoozebwako. Ekigambo "emirembe" mu butuufu kirina amakulu abiri ag'enjawulo. Kiyinza okutegeeza okuwulira

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

obumu obw'omunda mu bulamu bwo n'obuteefu bw'omwoyo. Pawulo alabika okuba n'amakulu ago mu mutima gwe mu Baf 4:7: "N'emirembe gya Katonda, egisinga okutegeerwa kwonna, ginaabakuumanga emitima gyammwe n'ebirowoozo byammwe mu Kristo Yesu." Ago ge makulu g'emirembe ageekuusa ku mbeera y'omutima gw'omuntu.

Ekigambo ekyo nakyo kirina amakulu agateekuusa ku mbeera y'omutima gw'omuntu. Oluusi kitegeeza obutaba na kulwanagana wakati w'ebibiina bibiri ebyali bilwanagana. Amakulu ago ag'emirembe Pawulo gaategeeza mu Bar 5:1: "Kale bwe twaweebwa obutuukirivu olw'okukkiriza, tubeerenga n'emirembe eri Katonda ku bwa Mukama waffe Yesu Kristo." (Weetegereze enjawulo wakati w'emirembe *gya* Katonda n'emirembe *eri* Katonda mu nyiriri ezo ebbiri.)

Makulu ki Pawulo ge yalina mu mutima gwe bwe yali awandiikira Abakkolosaayi? Oluyonaani telulina kye lutulaga ku ekyo kubanga ekigambo kye kimu ekikozesebwa mu nyiriri zonna essatu. Ka nziremu okukikkaatiriza nti, omulamwa ye kabaka asalawo. Amakulu gennyini agaba gategeezebwa mu lunyiriri gayinza okumanyibwa okuva ku biwandiiko ebiriraanye olunyiriri olwo.

Mu lunyiriri 11, Pawulo agamba nti mu mubiri gwa Kristo tewali njawulo wakati w'Omuyonaani n'Omuyudaaya, omuddu n'ow'eddembe, n'ebirala. Ajulira obumu bw'omubiri obulabikira ku kusonyiwa, obuwombeefu, n'obukkakkamu. Ayongerako nti obumu ("emirembe") busaana kubeera etteeka erilung'amya enkolagana zaffe.

Pawulo alina amakulu g'emirembe agateekuusa ku mbeera y'omutima gw'omuntu nga obutalwanagana wakati w'Abakristaayo so si okuwulira emirembe mu mutima gw'Omukristaayo ng'omuntu.

Ekyo kirabikirawo bwe tuyunga ebigambo bino ebituweereddwa ku mwaliro:

> Kale mwambalenga omwoyo ogw'ekisa, obulungi, obuwombeefu, obuteefu, okugumiikiriza; nga muzibiikirizagananga, era nga musonyiwagananga mwekka na mwekka, omuntu yenna bw'abeeranga n'ensonga ku muntu munne, era nga Mukama waffe bwe yabasonyiwa mmwe, era nammwe bwe mutyo. Ku ebyo byonna era mwambale okwagalana, kye kintu ekinyweza okutuukirira. Era emirembe gya Katonda giramulenga mu mitima gyammwe, era gye mwayitirwa mu mubiri ogumu; era mubeerenga n'okwebaza.
> ne
> Kale mwambalenga omwoyo ogw'ekisa, obulungi, obuwombeefu, obuteefu, okugumiikiriza; nga muzibiikirizagananga, era nga musonyiwagananga mwekka na mwekka, omuntu yenna bw'abeeranga n'ensonga ku muntu munne, era nga Mukama waffe bwe yabasonyiwa mmwe, era nammwe bwe mutyo. Ku ebyo byonna era mwambale okwagalana, kye kintu ekinyweza okutuukirira. Era okukwatagana obulungi, so si okulwanagana, kubeere etteeka eribalung'amya, era kwe mwayitirwa mu mubiri ogumu; era mubeerenga n'okwebaza.

Ekisooka kyawukanira ddala n'omulamwa; eky'okubiri kigyamu bulungi na buli kintu ekisooka n'ekijja oluvannyuma. Mu mwaliro gwa Abakkolosaayi 3, tewali kintu kyonna kitulaga nti engeri gy'owuliramu munda mu mutima gwo ke kabonero akava eri Katonda akalaga obukakafu bw'okusalawo kwaffe. Okusalawo okw'obuntu si y'ensonga enkulu mu kitundu kino eky'ebyawandiikibwa. Okukwatagana obulungi n'obumu mu Mubiri gwa Kristo y'ensonga.

### "Ssinga nsitulibwa waggulu"

Yok 12:32 lunyiriri lulala olulimu ebigambo ebiyinza okubeera n'amakulu abiri agatakwatagana. Kya bulijjo abakulembera okusinza okukozesa ebigambo bya Yesu bino: "Nange bwe ndiwanikibwa ku nsi, ndiwalulira gye ndi bonna."

"Tuwanika" Mukama bwe tumutendereza ne tulangirira ekitiibwa Kye. Bwe twekaliriza Yesu ne tumuddiza ekitiibwa, amaanyi ga Kristo gasumululwa ne gakyusa emitima gy'abo abawuliriza ne basembezebwa gy'ali. Ago ge makulu omukulembeze w'okusinza g'alina mu mutima gwe, naye ate Yesu si ky'ayogerako.

Bwe tukozesa ekigezo kyaffe eky'okwogera ekintu kye kimu nga tukozesa bigambo birala ne tuteekamu olunyiriri oluddako lwennyini, tufuna ekintu ekifaanana bwe kiti: "'*Nange, bwe ndigulumizibwa mu maaso g'abantu*, ndiwalulira gye ndi bonna.' Naye ekyo yakyogera ng'alaga okufa kwe okwali kumulinze" (Yok 12:32-33).

Ooh. Okutendereza Yesu kulimussa? Si bwe ndowooza. Kati tewali kubuzaabuzibwa mu makulu. Wano, "okuwanikibwa" kutegeeza okukomererwa.

Okutegeera ebigambo bino mu mwaliro gwabyo kutangaaza ekitundu ky'ebyawandiikibwa ekirala, Yok 3:14-15: "Nga Musa bwe yawanika [yasitula mu bbanga] omusota mu ddungu, bwe kityo n'omwana w'omuntu kimugwanira okuwanikibwa [okusitulibwa mu bbanga] buli muntu yenna amukkiriza abeere n'obulamu obutaggwawo mu ye."

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

Mu kukozesa bigambo birala, olunyiriri lwaffe lufaanana bwe luti: "Nga Musa bwe yawanika omusota mu ddungu, bwe kityo n'omwana w'omuntu kimugwanira okukomererwa, buli muntu yenna amukkiriza abeere n'obulamu obutaggwawo mu ye."

Ekyo kikola amakulu agatuukiridde. Yesu yalina okukomererwa nga obulokozi tebunnaba kutuweebwa, ekintu ekituyingiza obulungi mu lunyiriri oluddako, olunyiriri olusinga okuba olwatiikirivu mu nsi: Yok 3:16.

Tugezeeko ekirala.

**"Endiga zange Ziwulira Eddoboozi Lyange"**

Abantu bangi baatwala ebigambo bino ebyayogerwa Yesu mu Yokaana 10 okwogera ku busobozi Omukristaayo bw'alina obw'okuwulira ebiragiro Katonda by'amuwadde ng'omuntu. "Okuwulira eddoboozi lya Katonda" kwogerwako nga amagezi ag'omugaso ennyo agayamba obulungi obulamu Obukristaayo. Kigambibwa nti, buno bwe busobozi obuyigibwa omuntu nga bw'akula mu Kristo. Bumuyamba okutegeera okwagala kwa Kristo mu mbeera yonna nga "bw'awulira" eddoboozi lya Yesu.

Naye, Yesu talina kintu ng'ekyo mu birowoozo bye. Nkimanyi nti olw'omulamwa olunyiriri olwo gwe lulimu n'okutangaazibwa okukola ng'ekisumuluzo Yokaana yennyini kw'atuwa ku ntandikwa y'essuula, mu lunyiriri olw'omukaaga, Yokaana ayogera lwatu nti, Yesu bw'ayogera ku ndiga ze "okuwulira eddoboozi lye" aba akozesa enjogera ey'ekifaananyi.

Ekigambo "eddoboozi," awo, tekiyinza kutegeeza ekika ky'eddoboozi ery'omunda kubanga ekintu tekiyinza kuba lugero lwakyo. Kifaananyi kya *kintu kirala*. Yesu ateekwa okuba ng'ayogera, mu ngeri y'ekifaananyi, ku kintu kirala ebigambo "okuwulira eddoboozi lyange" kye bitegeeza. Kintu ki ekyo?

Omulamwa gutuwa ekkubo. Yesu agamba, "Endiga zange ziwulira eddoboozi lyange, nange nzitegeera, era zingoberera," ate n'agattako, "nange nziwa obulamu obutaggwaawo" (27-28). Weetegereze ebigambo ebyo nga bwe bigobereragana: Endiga ze zigoberera eddoboozi lye. Mu kumwanukula, zimugoberera. Awo n'aziwa obulamu obutaggwaawo. Okuwulira eddoboozi lya Yesu njogera ya kifaananyi etegeeza okukola kw'Omwoyo Omutukuvu munda mu ffe okututwala mu bulokozi. Kuvaamu obulokozi; si kye kintu ekiva mu bulokozi. Wano kikozesebwa ku batannakkiriza ab'okuyingira Obwakabaka, so si abakkiriza abamaze okubuyingira.

Ekyo kikola amakulu agatuukiridde mu mwaliro gw'essuula eyo omugazi. Abayudaaya tebalina buzibu bwonna mu *kuwulira* ebigambo bya Yesu. Bamanyi kiki Yesu ky'*agamba*. Ekizibu kyabwe kiri nti tebaanukula *na kukkiriza*. Lwaki Abayudaaya tebawulira Yesu na kwanukula na kukkiriza? Yesu atubuulira lwatu. *Tebawulira* kubanga Katonda *tayogera* nabo. Si be bamu ku ndiga Kitaawe z'awadde Omwana (26).

Eddoboozi eryogerwako wano si ly'eddoboozi etteefu, ettono ery'ekkubo eritali lya bonna Katonda ly'awa Abakristaayo, naye okuyitibwa kw'Omwoyo Omutukuvu okutuusa omuntu atannakkiriza mu bulokozi.

Ekigezo kyaffe eky'okukozesa ebigambo ebirala era kikomyewo okutuyamba:

> Temukkiriza, kubanga si mmwe bamu ku ndiga Zange. Abakristaayo abakuze balina obusobozi okutegeera okulung'amya kwange ku lw'obulamu bwabwe ne bakutegeera, ekivaamu, mbawa obulamu obutaggwaawo, era tebalizikirira; era tewali alibanyaga okuva mu mukono Gwange. Kitange, eyabampa, mukulu okusinga bonna…. ne.
> Temukkiriza, kubanga si mmwe bamu ku ndiga Zange. Abo Kitange b'ampa okubeera endiga zange be baanukula obubaka bwange ne banzikiriza, ekivaamu, mbawa obulamu obutaggwaawo, era tebalizikirira; era tewali alibanyaga okuva mu mukono Gwange. Kitange, eyabampa, mukulu okusinga bonna….

Endowooza esooka mu butuufu yeesigamya obulokozi ku busobozi bw'omuntu okufuna empuliziganya ez'obuntu okuva eri Katonda. Ey'okubiri yeesigamya obulokozi ku Kitaffe, ensonga Yesu gy'aliko mu kitundu kino eky'ebyawandiikibwa.

Eri Yesu, "okuwulira" Katonda si bukugu bwa waggulu omuntu bw'ateekwa okuba nabwo okusobola okutandikawo empuliziganya ne Kitaffe. Njogera ya kifaananyi. Okuwulira eddoboozi lya Yesu si kufuna kulung'amya kwa buntu sekinn'omu. Kwe kulokolebwa. Ky'ekintu ekiva mu Katonda okuteeka omuntu atannakkiriza mu mikono gya Yesu.

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

**Omugaati ogwa Buli Lunaku?**

Ekyo kireeta bibuuzo birungi ku bantu abasaba buli lunaku abakola obubaka obumpi nga bakozesa oluyiriri lumu. Mu kulaba kwange, obuyambi obw'obudde obw'akasirise ng'obwo buyinza okulung'amya omuntu, naye bujja n'okuddirira emabega okulabikirawo.

Eky'omukisa omulungi, obuzibu obwo buyinza okuwangulwa ssinga tujjukira etteeka lyaffe ekkulu: *Tosomanga lunyiriri lwa Bayibuli lumu*. Waakiri soma akatundu k'essuula akalamba akali ku mulamwa gumu. Bulijjo weetegereze omulamwa. Weetegereze entambula y'ebirowoozo. Olyoke otunuulire olunyiriri. Jjukira, amakulu bulijjo gakulukuta okuva waggulu okudda wansi, okuva ku bitundu ebinne okudda ku bitundu ebitono. Okufumiitiriza ku lunyiriri lwa Bayibuli oluvudde mu ngiri oba okusaba kuyinza okuzimba omuntu, ne kumuzzaamu amaanyi, oba okumuyimusa. Naye oba si bwe bubaka bw'ekitundu ky'ebyawandiikibwa ekyo, teluba na maanyi newakubadde luviira ddala mu Kigambo kya Katonda.

Ssinga osoma n'obwegendereza mu mwaliro nga bw'okozesa ennono ey'okukozesa ebigambo ebirina amakulu ge gamu nga ebiri mu lunyiriri olwo, ojja kutandika okutegeera Bayibuli nga Katonda bwe yagenderera etegeerwe. Awatali kuzuula ekifaananyi ekinene, ojja kubulira ddala.

Lw'oba otegeezebbwa obulungi ekigambo kya Katonda nga bwe kiwandiikiddwa mu mwaliro gwakyo lw'ojja okukyusibwa. Buli kitundu kifuna amaanyi bwe kiba nga kikolera wamu n'ebirala.

Ky'eky'okuyiga ekisinga okuba eky'omugaso kye nali njize…era ekintu ekimu kyokka ekisinga okuba eky'omugaso kye nyinza okukuyigiriza.

**Olw'Okweyongera Okusoma:**

Russell, Walt Playing with Fire How the Bible Ignites Change in Your Soul. Colorado Springs: NavPress, 2000.

Koukl, Gregory "The Perils of Prooftexting," *Solid Ground*, Sept-Oct 1999.

Sire, James *Scripture Twisting*. Downers Grove: InterVarsity Press, 1980.

Carson, D.A. *Exegetical Fallacies*. Grand Rapids: Baker, 1984.

Fee, Gordon, & Stuart, Douglas *How to Read the Bible for All It's Worth*. Grand Rapids: Zondervan, 1982.

©2001 Gregory Koukl. Okkirizibwa okuggyamu kkopi endala naye nga si lwa busuubuzi. Okweyongera okumanya, tuukirira Stand to Reason ku 1438 East 33rd St., Signal Hill, CA 90755. (800) 2-REASON (562) 595-7333. www.str.org

## EBY'OKWONGERAKO B

### OKUYIGA BAYIBULI NGA OBUUZA EBIBUUZO KU LW'OKUBUULIRA BAYIBULI

Greg Scharf, , Omuyambi wa Pulofeesa mu by'njigiriza bye Siologia y'Obusunba
Trinity Evangelical Divinity School[9]

"Tombuuza  kibuuzo era sijja kukugamba mazima."

**Ebiteberezebwa:**

- Okuyiga n'obwegendereza ekyawandikiibwa  kyetaagisa nnyo okusobola okubuulira n'obwesigwa. Emgeri gye tuyigamu ejja kukola engeri gye tubuuliramu.
- Okwetegereza okufuufu kuyinza okwanguyirwa ebibuuzo ebisalasala eby'ekiwandiiko. Ebibuuzo bingi bijja kuyamba okutegeera ekiwandiiko; ebimu bijja kutuyamba  nnyo mu kutegekera okubuulira ekyawandiikibwa.
- Tetusobola kubuulira kyawandiikibwa mu bwesigwa okutuusa nga tumanyi ekisinga ku ekyo kye kyogera.Tulina okugezaako okuzuula kye kigezaako okutuukako n'engeri gye kiri okukituukiriza.

[9] Dr. Scharf ye Ssentebe w'ekitongole ky'eby'ateologia y'obusumba mu ssomero lya Trinity Evangelical Divinity School, Deerfield, IL. Ye muwandiisi w'ekitabo Prepared to Preach (Christian Focus, 2005). Ebintu bino bikozesebwa nga Dr. Scharf afunye olukusa. Enkyukakyuka entonotono zikoleddwa Jonathan Menn ng'akkiriziddwa Dr. Scharf.

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

**Ebibuuzo ebiteeseddwa (omuli n'ebikulu bibiri Haddon Robinson by'abuuza) okugatta ku ebyo by'oyinza oba nga obuuza:**

1. ***Kiki kye tulina wano? (Ekiwandiiko kino kye ki mu nkola?***
    - ekiragiro
    - lipoota y'ekintu ekidaddewo, emboozi, okusaba
    - okusoma okununulibwa kwa katonda
    - okulabula
    - oracle, bwati bw'ayogera mukama
    - okunnyonnyola okw'bwakatonda
    - eky'okulabirako
    - obujulizi
    - okwatula
    - okwegayirira
    - okuyingirira
    - akakwate mu byafaayo by'okununulibwa
    - okukungubaga
    - okuzzibwamu amaayi oba okubuulira,
    - olunyiriri lw'obuzaale
    - okulamusa oba omukisa
    - oluyimba

2. Ekitundu kino kikwata ku ki?( nsonga ki esinga mu kiwandiiko kino)

    Okugeza, ekitundu kino okusinga kikwata ku
    - okusaba
    - okukiriza
    - obuwulize
    - enjigiriza
    - obujeemu
    - okusinza ebifaananyi
    - okuyta
    - essanyu
    - gavumenti
    - amakubo ga katonda
    - oba enkuyanja y'ebintu ebirala

**3.** ***Omuwandiisi ayogera ki ku mutwe guno?***

Mu kuddamu ekibuuzo kino tujja:
- Weetegereze ebirala (nga kwotadde n'ebyo bye tutwala ng'omutwe) ebyogerwako mu kiwandiiko
- Funza embeera y'ekitundu nga bwe kikwatagana n'omutwe gw'ekitundu
- Tegeera engeri ensonga endala ezoogerwako mu kiwandiiko gye zikwataganamu n'ebyo by'olowoozaako.

**4.** ***Kwanukula ki Omwoyo Omutukuvu kw'ayinza okwagala okuva mu bakkiriza abasomi b'ekiwandiiko (Lwaki Omwoyo Omutukuvu yalaba nga ekiwandiiko kisanidde okubeera mu bisumussiddwa?***

Okugeza , Omwoyo omutukuvu ayinza okwagala okuleeta
- okweenenya
- mwesige Katonda
- okwatula ekibi; okwatula Kristo
- omuwendo gwonna ogw'engeri entongole ez'obuwulize

**5.** ***Ekitundu kino kireetera kitya omusomi okukola eky'okuddamu ekigendereddwa?***

Ekibuuzo kino kissa essira lyaffe ku ngeri ekiwandiiko ekiri mu maaso gaffe gye kirabika nga kyategekebwa okutuukiriza ekigendererwa kyakyo. Nga tulina okutegeera okwo tukola obubaka bwaffe okukozesa ebintu ekitundu kyennyini bye kikozesa okutuukiriza ekigendererwa kye kyawandiikibwa. Okugeza, tuyinza okwetegereza:
- ebyuma ebikozesebwa mu kwogera
- okuyomba
- eby'okulabirako, ebirungi n'ebibi
- okutya Katonda olw'ebivaamu ebitali bya ssanyu ebyogeddwako
- okwolesebwa kw'emigaso gy'okukkiriza ekituusa ku buwulize

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

- ebigambo by'abawandiisi, e.g., **1 Bas. 12:15**
- okujulira obutereevu
- okukozesa ekintu ekimu eky'ekika ekimu. Kale, okugeza, ebitontome biyinza okukozesa ekifaananyi oba ekigambo ekijjukirwanga okutambuza okutegeera kw'omuwuliriza, e.g., **Zab. 84:3**, ekyogera ku nkazaluggya ezumba ekkisu okumpi n'ekyoto kya Katonda.

**6.** ***Ekitundu kino kiyamba kitya mu kifaananyi ekinene eky'okununulibwa?***
- Kisonga kitya ku Kristo?
- Kiri ludda wa mu lunyiriri lw'emboozi ya Bayibuli?
- Kyakwata kitya ku bawulira/abasomi abasooka?

## EBY'OKWONGERAKO C

http://www.biblicalstudies.org.uk/article_law_hays.html#top—*Bibliotheca Sacra* 158: 629 (2001): 21-35

### *Okussa mu Nkola Amateeka g'Endagaano Enkadde Olwaleero,* J. Daniel Hays[a] [olup.21]

Abakristaayo basaanye kukozesa batya Amateeka agali mu Ndagaano Enkadde? Awatali kubuusabuusa ebiragiro ebiri mu Mateeka ga Musa bya mugaso, kubanga bikola ekitundu kinene nnyo eky'okubikkulirwa kwa Katonda okuwandiikiddwa. So nga Endagaano Enkadde erimu amateeka mangi agalabika obutakwatagana n'abasomi b'omulembe guno (eky'okulabirako, "Tofumbiranga omwana gw'embuzi mu mata ga nnyina wagwo," Kuv. 34:26; "Ekyambalo tekikubikkangako eky'engeri ebbiri ez'olugoye ezitabuddwa awamu," Lev. 19:19; "Oneekoleranga amatanvuuwa mu mbiriizi nnya ez'ekyambalo kyo ky'oyambala," Ma. 22:12).[1]

Abakristaayo batyoboola amateeka mangi ag'Endagaano Enkadde (eky'okulabirako, "Omukazi tayambalanga kyambalo kya musajja, so n'omusajja tayambalanga kyambalo kya mukazi," Ma. 22:5; "Oseguliranga alina envi, era osangamu ekitiibwa amaaso g'omukadde," Leev. 19:32; "n'embizzi, kubanga eyawulamu ekinuulo, naye tezza bwekulumo, eyo si nnongoofu gye muli," Ma. 14:8).

Ekirala, abakkiriza mu butafa ku mateeka agali mu Ndagaano Enkadde mangi, bakwata amalala, naddala Amateeka Ekkumi, nga emisingi egy'empisa ez'Ekiristaayo (eky'okulabirako, "Onooyagalanga muliranwa wo nga bwe weeyagala wekka," Leev. 19:18; "Tottanga," Kuv. 20:13; "Toyendanga," Ma. 5:18).

Lwaki Abakristaayo bakwata amateeka agamu ne baleka amalala? Agakyakola ge galuwa n'agatakyakola ge galuwa? Abakristaayo bangi basalawo ku kino nga basinziira ku tteeka oba lirabika okuba nga litukwatako oba nedda. Mazima, akavuyo kano n'enkwata y'Amateeka g'Endagaano Enkadde mu kugavvuunula okusinzira ku kiba kiriwo temala. Olwo Abakristaayo baba basaanidde kuvvuunula batya Amateeka?

#### Enkwata y'Ebyawandiikibwa ey'Edda

Abayizi ba Bayibuli bangi bavvuunula Amateeka ga Musa nga bateeka essira ku njawulo wakati w'amateeka agakwata ku mpisa, abantu aba bulijjo, n'emikolo. Bavvuunula amateeka ag'empisa nga agakola ku mazima agataliiko kiseera agakwata ku kigendererwa kya Katonda ku lw'empisa z'omuntu. "Yagalanga muliranwa wo nga bwe weeyagala" kyakulabirako kirungi eky'etteeka erikwata ku mpisa. Amateeka agakola ku bantu ba bulijjo geego agakola ku nkola y'amateeka ga Isiraeri, omuli ensonga ezikwata ku ttaka, eby'enfuna, n'ennamula y'emisango egya naggomola. Eky'okulabirako eky'etteeka erikola ku bantu kiri mu Ma 15:1 , "Buli myaka omusanvu bwe giggwangako, onoosumululanga." Amateeka g'emikolo gakola ku saddaaka, mbaga, n'ebikolwa eby'obwakabona. Eky'okulabirako kiri mu Ma 16:13, eryalagiranga Abaisiraeri "Oneekuumiranga embaga ey'ensiisira ennaku musanvu, bw'onoobanga omaze okutereka eby'omugguuliro lyo n'eby'omu ssogolero lyo."[2]

Mu nkwata y'ebyawandiikibwa ey'edda enjawulo wakati w'amateeka agakwata ku mpisa, abantu aba bulijjo, n'emikolo ya mugaso nnyo ddala kubanga okwawulamu engeri eyo kukkiriza abakkiriza okumanya oba etteeka libakwatako oba nedda. Amateeka agakwata ku mpisa, okusinziira ku nkola eno ey'okuvvuunula, gakwata ku bantu bonna buli wamu n'ebiseera byonna. Gakyakola ng'amateeka ku Bakristaayo ne leero. Amateeka agakwata ku bantu ba bulijjo n'emikolo, ku ludda olulala, gaakolanga ku Isiraeri ey'edda yokka. Tegakwata ku bakkiriza n'akatono.[3]

Wabula, enkola eno eya bulijjo erina olukunkumuli lw'obunafu, era teraga enkola entuufu ey'okuvvuunula n'okuteekesa ebiwandiiko mu nkola.[4] Enkola eno temalaako olw'ensonga zino wammanga.

#### Enjawulo ezo Zisinziira

Enjawulo wakati w'amateeka ageekuusa ku mpisa, abantu aba bulijjo, n'emikolo zikyukakyuka, ziyingizibwa mu

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

biwandiiko okuva ebweru waabyo. Endagaano Enkadde-[olup.23] terina kyonna kyetubuulira ku njawulo ng'ezo. Eky'okulabirako, "onooyagalanga muliranwa wo nga bwe weeyagala wekka" (Leev. 19:18) ligobererwa etteeka Ekyambalo tekikubikkangako eky'engeri ebbiri ez'olugoye ezitabuddwa awamu" (19:19) mu lunyiriri oluddako.[5] Tugambe nti olunyiriri 18 lukyatukwatako, olwa 19 tuluveeko nga olutakyakola? Ebiwandiiko tebitulaga nti waliwo okukyuka kwonna mu nnono y'okunyonnyola n'okuteekesa mu nkola ebyawandiikibwa wakati w'ennyiriri ezo ebbiri. Omuntu aba asinziira ku ki okusalawo nti olunyiriri lukwata ku bakkiriza bonna ebiseera byonna mu mulembe guno ogw'Obukristaayo, ng'ate ekiragiro ekiri mu lunyiriri oluddako kisuulibwa? Mangi ku matkeeka agatwalibwa okuba nga gakwata ku mpisa, abantu aba bulijjo, n'emikolo bwe gatyo nago gajjira mu malala awatali kintu kitegeeza nti waliwo enjawulo wakati waago.

Ekirala, kitera kuba kizibu okumanya ettuluba etteeka mwe ligwa.[6] Kubanga Amateeka ga Musa ganyonnyola enkolagana y'endagaano wakati wa Katonda ne Isiraeri, mu butonde gaali ga bwakatonda. Amateeka gonna gaalinamu obwakatonda. Etteeka liyinza okuba ery'obwakatonda naye ate nga si lya mpisa? Eky'okulabirako, Leev 19:19 elagira, "Tosiganga mu nnimiro yo nsigo ez'engeri ebbiri. Ekyambalo tekikubikkangako eky'engeri ebbiri ez'olugoye ezitabuddwa awamu." Gumu ku miramwa egirabika buli wamu mu kitabo ky'Abaleevi bwe butukuvu bwa Katonda. Enjogera ya Katonda mu Leev 19 ekulemberwa ekiragiro, "Munaabanga batukuvu; kubanga nze Mukama Katonda wammwe ndi mutukuvu." Kitundu ku mulamwa guno y'enjigiriza nti ebintu ebitukuvu biteekwa okukuumibwa nga byawuliddwa ku bintu ebitali. Obukulu bw'ebiragiro bino ebitangira okutabula ensigo oba okutabula ebika by'engoye buyinza obutategeerwa mu bujjuvu, naye kitegeerekeka nti bikwatagana n'obutukuvu bwa Katonda. Mazima, amateeka gonna mu By'abaleevi agakwata ku kwawula galabika ng'agakwata ku nnono enkulu ey'obutukuvu bwa Katonda n'okwawulibwa okwetaagibwa olw'obutukuvu obwo. Etteeka lino liyinza litya obutaba lya mpisa?[7]
[olup.24]

Wadde Amateeka Ekkumi, eby'okulabirako ebisinga okuba ebitangaavu eby'amateeka agakwata ku mpisa, galeetera enjawulo mu byekuusa ku mpisa, abantu aba bulijjo, n'emikolo obuzibu. Eky'okulabirako, etteeka lya Sabbiiti lya mpisa oba lya mukolo? Ebiri mu tteeka eryo bwe biba nga bye birina okusalawo, kiba kitegeeza nti etteeka lya Sabbiiti, erilabikirawo obutereevu okuba kitundu ku nkola ya Isiraeri ey'okusinza, lyekuusa ku mikolo so si mpisa. Naye ebilirimu bwe biba nga si bye birina okusalawo ku njawulo ezo, kale kiki ekirina okusalawo? Ekitundu mu Mateeka Ekkumi bwe kiba nga kye kirina okusalawo ku tteeka erikwata ku mpisa, kitegeeza nti waliwo enkola ennyangu erimu ebibinja bibiri byokka: (a) Amateeka Ekkumi, aga bonna ebiseera byonna era agakwata ku Bakristaayo ng'amateeka agakwata ku mpisa, ne (b) Amateeka agasigadde, agatakyakola olwaleero. Awatali kubuuabuusa, ekyo nakyo tekikkirizibwa kubanga tekikkiriza abakkiriza okukozesa Leev 19:18, "onooyagalanga muliranwa wo nga bwe weeyagala wekka," Yesu lye yatwala ng'etteeka ery'okubiri mu bukulu. Okuggya Leev 19:18 mu nyiriri ezeetoolodde okulutwala ng'etteeka erikwata ku mpisa kwetaaga nga ebiririmu bye bikola omulimu omukulu mu kwawula. Ebiri mu tteeka eryo bwe biba nga bye birina okusalawo, kiba kitegeeza nti etteeka lya Sabbiiti litwalibwa ng'erikwat ku mikolo.

Ekirala, newakubadde Abakristaayo bangi bagamba nti etteeka lya Sabbiiti lya mpisa, mu bikolwa tewali mu bo alituukiriza. Okugenda mu kanisa ku Ssande, olunaku olusooka olwa wiiki, tekuyinza kuyitibwa buwulize eri etteeka lya Sabbiiti. Musa teyaalikkirizza olunaku olusooka olwa wiiki mu kifo ky'olw'omusanvu. Ekirala, okugondera ebiragiro bya Sabbiiti kwalimu ebintu ebisukka ku kumala gajja ku kanisa. Mu Kitabo ky'Okubala omuntu yalina kuttibwa olw'okusennya enku ku lunaku lwa Sabbiiti (Kubal 15:32–36). N'olw'ekyo, enjawulo wakati w'amatteeka agakwata ku bantu, agakwata ku mikolo, n'emikolo galabika okusinziira ku kusalawo kwa muntu era tekulina musingi mu byawandiikibwa. Abakristaayo balina kukozesa enjawulo ezo ezisinziira ku muntu okusalawo ku nsonga ng'eyo ekwata ku nkozesa y'ebyawandiikibwa?

**Ebiwandiiko by'Amateeka Byasibibwa mu Biwandiiko by'Ebyafaayo era Birina Okuvvuunulwa mu Ngeri eyo**

Ebiwandiiko by'amateeka ebiri mu Ndagaano Enkadde tebilabika nga ebyesuddesudde wano na wali. Wabula, Amateeka ga Musa gaazingibwa bulungi mu byafaayo bya Isiraeri ebikwata ku Katonda. Gakola kitundu kiramba eky'ebyafaayo ebitandika mu Lub 12 okutuuka mu 2 Bassek 25. Amateeka tegaaweebwa gokka, nga engeri y'amateeka g'empisa eri abantu bonna nga tegagattiddwa wamu naye nga tegaliiko kiseera. Wabula, gaatuweebwa nga kitundu ku byafaayo ebikwata ku Katonda ebinyonnyola nga Katonda bwe yanunula Isiraeri okuva e Misiri n'abateeka mu Nsi Ensuubize ng'abantu Be.

Eky'okulabirako, ebiwandiiko by'amateeka ebikulu mu Kuva biri mu ssuula 20–23. Ekitundu ekyo nakyo kirimu Amateeka Ekkumi. Naye, omulamwa gw'ebyafaayo by'essuula ezo guteekwa okwetegerezebwa. Essuula ekkumi n'omwenda ezisooka zoogera ku busibe bwa Isiraeri mu Misiri [olup.25] n'okununulwa kwabwe okuyita mu mirimu gya Katonda egy'amaanyi. Ekitundu kino kinyonnyola okuyitibwa kwa Musa n'ensisinkano ze ez'amaanyi ne Falaawo. Kiraga ebyafaayo bya kawumpuli ku Misiri, eyaviirako okufa kw'abaana abalenzi abasooka ab'Abamisiri. Oluvannyuma Musa yakulembera Abaisiraeri okubaggya mu Misiri n'okubayisa mu Nyanja Emyufu. Ebyafaayo binyonnyola olugendo lwabwe mu ddungu okutuusa, mu mwezi ogw'okusatu oluvannyuma lw'okuvaayo, Abaisiraeri baatuuka ku lusozi Sinaayi, Katonda gye yabayitira n'abayingiza mu nkolagana ey'endagaano (Kuv. 19). Amateeka Ekkumi mu Kuva 20 n'ago agagoberera mu Kuva 21–23 kitundu ku byafaayo bino ebinene.[8]

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

Ekitabo ky'Abaleevi nakyo kyasiigibwa langi ey'ebyafaayo okwolekagana n'okuddirira emabega okw'ensisinkano ne Katonda ku Lusozi Sinaayi (Leev. 26:46; 27:34). Amateeka mu Baleevi gaaweebwa nga kitundu ku njogera wakati wa Katonda ne Musa. Enkozesa y'enjogera ey'ekika ekyo ky'ekikula ky'ebyafaayo eky'omutindo. Ekitabo kitandika, "Mukama n'ayita Musa n'ayogera naye okuva mu Weema y'Ensisinkano." Ebigambo "Mukama n'agamba Musa" bigenda biddibwamu mu kitabo kyonna. Okwongereza ku ekyo, Eky'abaleevi kirina ebigambo bingi ebiraga entambula y'ebiseera,[9] ebigoberera ebyafaayo, ekintu ekirala ekiraga olugero.

Ekitabo ky'Okubala kitandika ebyafaayo mu mwaka ogw'okubiri oluvannyuma lw'Okuva e Misiri (Kubal 1:1) ne kinyonnyola olugendo lw'Abaisiraeri n'okutambula kwabwe mu ddungu okumala emyaka amakumi ana (33:38). Ekya Isiraeri okugaana ekisuubizo kya Mukama gwe mulamwa omukulu mu ssuula 13 ne 14. Obujeemu buno bwaviirako okutambulatambula kwa Isiraeri emyaka emingi mu ddungu okuwandiikiddwa mu kitabo. Mu bifo bingi mu byafaayo ebyo Katonda yayongera Isiraeri amateeka amalala. Nga mu Okuva ne mu By'abaleevi, amateeka mu Okubala gaasibwa wamu n'ebiwandiiko by'ebyafaayo ebyo.

Ekitundu ekisooka eky'ekitabo ky'Eky'Amateeka Olw'okubiri kitandika n'omwezi ogw'ekkumi n'ogumu ogw'omwaka ogw'amakumi ana ogw'Okuva (Ma. 1:3), nga Isiraeri eneetera okuyingira mu Kanaani. Ekifo kilagiddwa bulungi—e buvanjuba bw'Omugga Yoludaani (1:1, 5). Isiraeri yali emazeeko emyaka amakumi ana egy'okutambula [olup. 26] nga ekibonerezo olw'okugaana okuyingira mu Nsi Ensuubize. Kati abaana ab'omulembe omuggya baali bamaze okukula era Katonda n'addamu okubabuulira ku ndagaano gye yali akoze n'abazadde baabwe emyaka makumi ana emabegako. Ekitundu ekisinga eky'Eky'amateeka Olw'okubiri kirimu olukalala lw'enjogera Musa ze yayogera eri abaana ba Isiraeri ku lwa Katonda. Enjogera ezo zaayungibwa wamu n'ebyafaayo ebyo kubanga zoogera ku kiseera, ekifo, n'abantu be bamu ebyafaayo ebyo be byogerako. Era enkomerero y'ekitabo ekyo kirimu ebiwandiiko ebitali bya mateeka, eby'ebyafaayo: okulondebwa kwa Yosuwa nga omukulembeze (31:1–8), oluyimba lwa Musa (32:1–47), Musa okuwa abantu omukisa (33:1–29), n'okufa kwa Musa (34:1–12). N'ekirala, ebyo ebyaliwo mu Ky'amateeka Olw'okubiri biyingira bulungi mu Kitabo kya Yosuwa, gye bigenda mu maaso n'okwogerwako awatali kutabulwa.

Amateeka, n'olw'ekyo, kitundu ku byafaayo ebiri mu Bitabo Ebitaano Musa bye yawandiika era gaasibwa bulungi mu byafaayo by'okuva kwa Isiraeri e Misiri, okutambulatambula kwabwe, n'obuwanguzi bwabwe. Enkola emu ey'okunyonnyola Amateeka erina okulowoozebwako. Okuyunga ebiwandiiko ku myaliro gyabyo kintu kikulu mu nkola entuufu ey'okuvvuunula. Amateeka kitundu ku byafaayo, n'olw'ekyo ebyafaayo ebyo bituwa omulamwa omulungi mi kugavvuunula. Enkola ey'okuvvuunula Amateeka g'Endagaano Enkadde galina kufaanana enkola ekozesebwa mu kuvvuunula ebyafaayo by'Endagaano Enkadde, kubanga ku kikwatagana n'omulamwa, Amateeka kitundu ku byafaayo ebyo.

Ekyo kikendeeza amaanyi g'ebiwandiiko ebyo? Abakristaayo balina kweteeka wansi w'Amateeka nga tebannaba kuwulira nti bayitiddwa okugondera Ebyawandiikibwa? Ebyafaayo mu Byawandiikibwa tebirina buyinza bwe bumu ng'Amateeka? Okuwa Amateeka ga Musa obuyinza obusinga bufuge empisa z'Omukristaayo okusinga obuweebwa ebitundu ebirala eby'ebyafaayo ebiri mu Ndagaano Enkadde kuba kutonda minzaani epima mu minzaani endala. Mu ngeri y'emu, okugamba nti ebiwandiiko by'amateeka birina okuvvuunulwa mu ngeri y'emu ng'ebiwandiiko by'ebyafaayo awatali kubuusabuusa tekukendeeza maanyi g'Ebyawandiikibwa agalagira. Abayigirizwa bwe baanoga ebirimba ku Ssabbiiti, Abafalisaayo baabaloopa olw'okumenya etteeka lya Ssabbiiti (Mak 2:23–28), okukungula ku Ssabbiiti kwali kugaaniddwa mu Kuv 34:21. Wabula, Yesu yalaga eky'okutyoboola Ssabbiiti nga bwe kitali kibi bwe yabajjukiza ekitundu ky'ebyawandiikibwa mu 1 Sam 21:1–9. Mu butuufu, Abafalisaayo baamukolokota nga bakozesa obutundutundu mu Mateeka, naye Yesu yabaanukula ng'akozesa ennono eziva mu byafaayo.

**Enkola ey'Edda Eziimuula Omulamwa gw'Etteeka ogw'Obwakatonda**

Katonda yaleeta Amateeka mu mwaliro gw'endagaano, ng'agamba nti, "Kale, kaakano, bwe munaawuliranga eddoboozi lyange ddala, ne mukwata endagaano yange, bwe mutyo munaabanga ekintu kyange ekiganzi mmwe mu mawanga gonna" (Kuv. 19:5). Abantu bakkiriza okukuuma ebiragiro ebyali mu ndagaano (24:3), ne Musa n'akakasa endagaano eyo n'omusaayi (24:8). Ekitundu ekikulu ekyali mu ndagaano eno kyali ekisuubizo kya Katonda okutuula wakati w'abaana ba Isiraeri. Kino kikkaatirizibwa emirundi mingi mu kitundu eky'oluvannyuma eky'Okuva (25:8; 29:45; 33:14–17; 40:34–38). Awamu n'okubeerawo kwa Katonda by'ebiragiro by'okukola essanduuko ne weema, ekifo Katonda we yali agenda okubeera (Exod. 25–31, 35–40). N'olw'ekyo mu ngeri eya bulijjo ekitabo ky'Abaleevi kye kirina okugoberera ekitundu eky'okubiri eky'Okuva, kubanga kinyonnyola nga Isiraeri bwe yalina okubeera ne Katonda wakati waabwe. Baalina kumutuukirira batya? Baalina kukolera ki ekibi ky'omuntu sekinn'omu n'ekikwata ku ggwanga lyonna mu maaso ga Katonda eyali wakati waabwe? Baalina kusinza n'okussa kimu batya ne Katonda ono omutukuvu, ow'entiisa eyali wakati waabwe? Ekitabo ky'Eby'Abaleevi kiddamu ebibuuzo ebyo, nga kilung'amya abantu ku ngeri y'okubeera ne Katonda wansi w'amateeka agali mu Ndagaano ya Musa.

Oluvannyuma nga Isiraeri egaanyi okuyingira mu Nsi Ensuubize (Kubal 13–14), Katonda yakkiriza abantu ab'omulembe ogwo omujeemu okufa. N'alyoka azzaayo abantu abo emabega okubatwala e Kanaani. Nga tebannaba kuyingira, wabula,

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

yabayita okuddamu okukola endagaano. Eky'amateeka Olw'okubiri kinyonnyola okuddamu okuyitibwa okukola endagaano Katonda gye yali akoze ne Isiraeri nga tebannaba kuyingira mu Nsi Ensuubize. Eky'amateeka Olw'okubiri kinyonnyola mu bujjuvu ebisaanyizo Isiraeri bye yali erina okutuukiriza esobole okubeera mu Nsi Ensuubize n'obuwanguzi eweebwe n'omukisa.

Awo, awatali kubuusabuusa, Amateeka gaasibibwa ne ganywezebwa nga kitundu ku Ndagaano ya Musa. Eby'okwetegereza eby'omugaso ku Ndagaano ya Musa bingi, n'olw'ekyo, bisaana okwogerwako.

*Ekisooka, Endagaano ya Musa ekwatagana nnyo n'obuwanguzi bwa Isiraeri n'okubeera mu Nsi Ensuubize.* Endagaano ya Musa teyeekuubiira ku kitundu kyonna eky'ensi era si ya nsi yonna. Ekola omusingi Isiraeri gwe yalina okuyimirirako okusobola okutwala Ensi Ensuubize n'okugibeeramu ne Katonda mu buwanguzi. Enkwatagana wakati w'endagaano n'ensi eyo eddamu okukkaatirizibwa mu Kitabo ky'Amateeka Olw'okubiri.[10] Enkwatagana eno wakati w'Amateeka n'ensi eraga enjawulo wakati w'ekiyitibwa amateeka agakwata ku bantu, emikolo, n'empisa. Ekirala, okufiirwa ensi eyo mu mwaka gwa 587 nga Kristo tannazaalibwa kulina bingi bye kutegeeza ku ngeri Amateeka gye galina okulabibwamu, naddala kubanga Amateeka ganyonnyola ebisaanyizo by'okuweebwa omukisa mu *nsi eyo*. Ekirala era, Isiraeri bwe yatwalibwa mu busibe e Babulooni, yafiirwa okubeerawo kwa Katonda mu yeekaalu (Ezeek 10). Okutwala ensi n'okubeerawo kwa Katonda mu weema ne yeekaalu bintu bibiri ebikulu ennyo mu Ndagaano ya Musa. Abawang'anguse bwe baakomawo mu nsi yaabwe [olup.28], tebaddayo ku ngeri ebintu gye byalimu mu kusooka. Emikisa egy'ogerwako mu Ky'amateeka Olw'okubiri 28 tegyaddayo kulabibwako mu ngeri erimu amakulu—obwetwaze mu by'obufuzi, amaanyi mu by'enfuna ne mu by'ekinnamagye mu kitundu, n'ebirala—wadde okuwulira ku kukomawo kwa Katonda mu yeekaalu, okugeraageranya n'ebyawandiikiwa ebyasooka ebitunuulira okubeerawo kwe mu (Kuv. 40:34–38) ne yeekaalu (1 Bassek 8:9–10; 2 Byom. 7:1–2). Ebintu tebyaddayo okubeera nga bwe byali nga Obusibe tebunnabaawo.

*Eky'okubiri, emikisa okuva mu Ndagaano ya Musa gyaliko obukwakkulizo.* Mu Kyamateeka Olw'okubiri, Katonda yategeeza Isiraeri nti obuwulize eri endagaano bwe bwali bujja okuleeta emikisa, naye nti obujeemu eri endagaano eyo bwali bujja kubaleetera okubonerezebwa n'ebikolimo. Eky'amateeka Olw'okubiri 28 kyogera lwatu ku Mateeka ago nga bwe galina ekikula eky'ebisaanyizo. Enyiriri 1–14 zituwa olukalala lw'emikisa Isiraeri gye yali ejja okuweebwa ssinga baali bagondedde ebisaanyizo by'endagaano eyo (Amateeka ga Musa), n'enyiriri 15–68 ziraga ebibonerezo ebikakali bye baali bajja okuweebwa ssinga tebaagondera ebisaanyizo ebyo. N'ekirala, enkwatagana wakati w'endagaano n'ensi n'ekitundu eky'ebisaanyizo eky'emikisa egiri mu ndagaano eyo ebiseera bingi biyungiddwa wamu mu Ky'amateeka Olw'okubiri (30:15–18).

*Eky'okusatu, endagaano ya Musa tekyakola.* Endagaano Empya ekkaatiriza nti Endagaano ya Musa tekyakola nga endagaano ey'omugaso. Abaebbulaniya 8–9 ekitangaaza bulungi nti Yesu yajja nga omutabaganya w'endagaano eyatwala ekifo ky'eyasooka. "Bw'ayogera nti Endagaano Empya ey'olubereberye aba agikaddiyizza" (Beb. 8:13). N'olw'ekyo, Endagaano ya Musa tekyakola era tekyali ya mugaso. Ekyo kirina bye kitegeeza eby'omugaso ku ngeri omuntu gyategeeramu Amateeka. Amateeka g'Endagaano Enkadde gaalaga ebisaanyizo Isiraeri bye yalina okutuukiriza okusobola okuweebwa emikisa mu nsi wansi w'Endagaano Enkadde (eya Musa). Endagaano Enkadde bw'eba tekyakola, amateeka agakola endagaano eyo gayinza gatya okusigala nga ga mugaso? Endagaano Enkadde bw'eba yadiba, amateeka mu Ndagaano eyo Enkadde nago tegeetaaga kulabibwa ng'agaadiba?

Pawulo yaddamu okukyogera nti Abakristaayo tebakyali wansi w'Amateeka g'Endagaano Enkadde. Eky'okulabirako, mu Bag 2:15–16 yawandiika, "Naye bwe tumanyi ng'omuntu taweebwa butuukirivu lwa bikolwa bya mateeka." Mu Bar 7:4 yagamba, "Era nammwe mwafa ku mateeka olw'omubiri gwa Kristo." Mu Bag 3:25 yagamba, "Naye okukkiriza bwe kumaze okujja, tetukyali mu bufuge bwa mutwazi." Pawulo yawakanyiza ddala Abakristaayo abaddayo eri Amateeka g'Endagaano Enkadde. Oba waaliwo enjawulo wakati w'amateeka agakwata ku bantu ba bulijjo, agakwata ku mikolo, n'agakwata ku mpisa, ekya Pawulo obutagifaako kyalabika okuba ekintu ekitali kya bulijjo. Ekirala, oba amateeka agakwata ku mpisa gaalina kutegeerwa ng'ag'okukola mu nsi yonna, omuntu yaalibadde asuubira Pawulo waakiri okugakozesa ng'omusingi ogw'empisa ez'Ekikristaayo. Wabula, nga Goldingay bw'agamba, [olup.29] Pawulo "okutwaliza awamu teyeesigamya njigiriza ye ku musingi ogwo naye ku kikula ky'engiri, okulung'amya kw'Omwoyo Omutukuvu, n'ebikolwa by'amakanisa."[11]

Olwo, ebigambo bya Yesu mu Matayo 5:17 birina kutegeerwa bitya? Yagamba, "Temulowooza nti najja okudibya amateeka oba eby'abannabbi; sajja kudibya, wabula okutuukiriza." Yesu ne Pawulo buli omu yakontana ne munne? Nedda. Eky'okusooka, ebigambo "amateeka oba eby'abannabbi " byogera ku Ndagaano Enkadde yonna. N'olw'ekyo mu lunyiriri luno Yesu yali tayogera ku Mateeka ga Musa gokka. Ekirala, okwolekagana tekuli wakati wa "okudibya" ne "okugondera," naye wakati wa "okudibya" ne "okutuukiriza." Yesu teyagamba nti yajja okugondera Amateeka oba okukuuma Amateeka; wabula yajja okugatuukiriza. Ekigambo πληρόω(*plēroō*] "okutuukiriza") kirabika emirundi mingi mu Matayo, era kitera okutegeeza, "okutuusa ekintu eri amakulu gaakyo agagendereddwa." Yesu yali tagamba nti Amateeka ga kubeera n'amaanyi ku bakkiriza ab'Endagaano Empya emirembe n'emirembe. Ssinga bwe kyali, Abaristaayo olwaleero baalibadde bakuuma amateeka agakola ku saddaaka n'emikolo awamu n'agakwata ku mpisa, era ekyo kyalibadde kityoboola ebitundu ebirala eby'Endagaano Empya.

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

Yesu yali agamba nti teyajja okujjawo ebyetaago by'Amateeka ebituukirivu, naye nti yajja okubituukiriza. Nga entikko y'ekitundu kino eky'ebyafaayo by'obulokozi, Yesu yatuukiriza ebyetaago ebituukirivu byonna n'ekisiikirize ky'obunnabbi ekyali kiraga Amateeka ne bannabbi. Ekirala, Yesu ye yali Omuvvuunuzi asembayo ow'Amateeka era ow'Obuyinza ku Mateeka n'amakulu gaago, nga ebyawandiikibwa ebirala mu Matayo bwe biraga. Yesu yazzaawo agamu ku mateeka ag'Endagaano Enkadde (19:18–19), naye agamu yagalongoosaamu (5:31–32). Agamu yagongeramu amaanyi (5:21–22, 27–28), n'amalala n'agakyusiza ddala (5:33–37, 38–42, 43–47). Agamu yagakendeereza ddala (Mak 7:15–19). Yesu yali tawagira eky'okwesiba ku Mateeka okugenda mu maaso. Era yali tagamba nti amateeka gaviirewo ddala. Yali alangirira nti amakulu g'Amateeka galina okubbuunulwa mu kitangaala ky'okujja kwe ne mu kitangaala ky'enkyukakyuka ez'amaanyi ezaaleetebwa Endagaano Empya.[12] [olup.30]

**Okuwunzika**

Etteeka lyasibibwa ku Ndagaano ya Musa, lyayungibwa lyonna nga bwe lyali ku bulamu bwa Isiraeri mu nsi n'ebisuubizo by'emikisa egyali gisinziira ku bukwakkulizo obukwata ku buwulize bwabwe mu nsi eyo. Abakristaaayo . tebalina kakwate konna ku nsi eyo, era tebalina kakwate konna ku bukwakkulizo bw'okuweebwa omukisa mu nsi eyo. Ekirala, Endagaano ya Musa yadiba, Endagaano Empya bwe yatwala ekifo kyayo. N'olw'ekyo, Amateeka ga Musa, ekitundu ekinene eky'Endagaano Enkadde, si ya mugaso nga etteeka ku bakkiriza mu mulembe gw'ekkanisa.

N'olw'ekyo, enkwata y'Amateeka ga Musa ey'edda, egakolamu enjawulo nga agakwata ku mpisa, abantu aba bulijjo, n'emikolo, erina obunafu bunene bwa mirundu esatu: Esinziira ku muntu era terina buwagizi bw'Ebyawandiikibwa n'akamu, tefa ku mwaliro gw'ebyafaayo, era elemwa okulaga ennono enkulu eziri mu kukyuka okuva ku Ndagaano Enkadde okudda ku Mpya. Enkwata eno, n'olw'ekyo, temalaako nga enkola ey'okunyonnyola n'okuvvuunula ebyawandiikibwa mu kuvvuunula n'okuteekesa Amateeka mu nkola.

## Okuwa Amagezi ku Nkola

Nkola ki abakkiriza gye balina okukozesa mu kuvvuunula Amateeka ag'Endagaano Enkadde? Okusinziira ku nkola etegeerekeka ey'okunyonnyola n'okuvvuunula ebyawandiikibwa, erina kuba enkola (a) ekkiriziganya n'ebyawandiikibwa byonna, eyisa Ebyawandiikibwa eby'Endagaano Enkadde byonna nga Ekigambo kya Katonda, (b) tesinziira ku nkalala ezitalagiddwa mu biwandiiko, (c) elaga omulamwa gw'Amateeka ogw'obuwandiike n'ogw'ebyafaayo, n'egusimba n'amaanyi mu byafaayo by'Ebitabo Ebitaano ebya Musa, (d) elaga omulamwa gw'obwakatonda ogw'Amateeka, era (e) ekwatagana n'enjigiriza y'Endagaano Empya.

Enkola etabika embeera ezo zonna eyogerwako nga enkola *ekozesa ennono*. Abayimiridde ku Byawandiikibwa bangi bakozesezza enkola eno ku musingi ogwa bulijjo nga enkola ey'okulondamu mu kuvvuunula Endagaano Enkadde.[13] Enkizo y'enkola eno eri nti esobozesa abayizi ba Bayibuli okusigala ku mulamwa mu kuvvuunula ebyawandiikibwa by'Endagaano Enkadde. Tewali bwetaavu bwa kutegeka amateeka okusinziira ku ndowooza ya muntu okugakolamu amateeka agayinza okuteekebwa mu nkola n'agatayinza kuteekebwa mu nkola. Eno si nkola ya bigambo bugambo, naye nkola eyinza okukozesebwa abasomi, abantu abatali batendeke, n'abayizi. Ekirungi kyayo kiri nti kumpi nyangu okukozesa era esigala ku mulamwa. Ku ky'obunafu bwayo, etera okwagala okutwala ensonga ezimu nga ennyangu ekisukkiridde. Waliwo obusobozi bw'okulongoosaamu enkola eno? Kituufu nnyo. Naye ate, liba ddaala limu mu kuva ku ngabanya y'Amateeka esinziira ku muntu okugakolamu ebibiina by'amateeka agakwata ku mpisa, abantu ba bulijjo, n'emikolo.

Okutambulira ku nnono, enkola endala mu kuteekesa Amateeka mu nkola, erimu amadaala ataano.

**Manya Kiki Etteeka Limu ly'Omanyi Kye Lyategeeza Eri Abawuliriza Abaasooka**

Manya omulamwa gw'ebyafaayo n'ogw'obuwandiike ogw'etteeka eryogerwako. Abaisiraeri baali ku lubalama lwa Yoludaani nga bateekateeka okuyingira ensi (Eky'amateeka Olw'okubiri) amateeka bwe gaaweebwa, oba baali ku Lusozi Sinaayi amangu ddala nga bavuddeyo (Okuva, Eby'Abaleevi)? Amateeka gaaweebwa okwanukula embeera emu eyali ebaluseewo, oba ekiragiro kyali kinyonnyola ebyetaago bya Isiraeri oluvannyuma nga bamaze okuyingira Ensi Ensuubize? Mateeka ki amalala agalabikirawo amangu ago? Waliwo enkwatagana wakati waago? Etteeka eryo lyakolagananga litya n'Endagaano Enkadde? Lyafuganga engeri abantu gye baalina okutuukirira Katonda? Lyafuganga engeri gye baalina okukolagananga n'abalala? Lyakwatanga ku bulimi oba obusuubuzi? Lyakwatanga ku bulamu bw'abantu mu Nsi Ensuubize? Etteeka eryo lyategeezanga ki eri abantu b'Endagaano Enkadde?

**Manya Enjawulo Wakati w'Abawuliriza Abaasooka n'Abakkiriza aba Leero**

Laga enjawulo z'ebikwata ku Katonda ne ku mbeera wakati w'Abakristaaayo aba leero n'abawuliriza abaasooka. Eky'okulabirako, abakkiriza mu mulembe guno ogw'ekkanisa bali wansi w'Endagaano Empya, so si Enkadde. N'olw'ekyo, tebali wansi w'amateeka g'Endagaano Enkadde. Si be Baisiraeri abateekateeka okubeera mu Nsi Ensuubize, era tebatuukirira Katonda okuyita mu kusaddaaka ebisolo. Ekirala, Abakristaaayo babeera mu gavumenti ezitaliimu ddiini so

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

si gavumenti ezifugibwa Katonda, nga Isiraeri ey'edda bwe yali. Okwongera ku ekyo, Abakristaayo bafuna okunyigirizibwa so si okuva ku ddiini z'Abakanaani naye okuva ku ndowooza ez'enjawulo ezitali za Kikristaayo.

**Tandika Okukozesa Ennono Ezikola ku Bitonde Byonna**

Emabega w'ebiragiro bya Musa eri abawuliriza abaasooka, waliyo ennono ezitaliiko biseera, ezikola ku bitonde byonna. Buli limu ku mateeka ag'Endagaano Enkadde lyalina amakulu eri abawuliriza baalyo abaasooka, amakulu agakwata ku Ndagaano Enkadde. Naye ng'amakulu ago gatera okusinziira ku mazima agakwata ku bitonde byonna, amagazi, agakwata ku bantu ba Katonda bonna, si nsonga ddi lwe baabeera ku nsi era wansi wa ndagaano ki. Wano, omuntu alina okubuuza, "Nnono ki ekwata ku bitonde byonna elabika mu tteeka lino? Nnono ki engazi eyinza okuteekebwa mu nkola olwaleero?"

Ennono eyo erina kukolebwa okusinziira ku kulung'amya okw'emirundi egiwerako: (a) Erina kubeera nga elabika mu biwandiiko ebyo, (b) erina kubeera nga teriiko biseera, (c) erina kukkiriziganya n'enjigiriza y'ebitundu ebisigadde eby'Ebyawandiikibwa, (d) terina kusibibwa mu buwangwa, era (e) erina kukwata ku bakkiriza ab'Endagaano Enkadde n'ab'Empya abaliwo. Ennono ezo ezikwata ki bitonde byonna zikwata butereevu ku mpisa za Katonda n'obutukuvu bwe, ekikula ky'ekibi, ensonga y'obujeemu, n'okufa ku bantu.

**Kwanaganya Ennono Eyo n'Enjigiriza y'Endagaano Empya**

Sengejja ennono eyo ekwata ku bitonde byonna ng'okozesa enjigiriza y'Endagaano Empya ekwata ku nnono eyo oba ekwata ku tteeka eryo erikwatibwako.

Agamu ku mateeka ag'Endagaano Enkadde, eky'okulabirako, gaddamu okuweebwa mu Ndagaano Empya nga ebiragiro eri abakkiriza ab'Endagaano Empya. Endagaano Enkadde bwe yafunzibwa, Amateeka g'Endagaano Enkadde gaakoma okubeera Amateeka eri Abakristaayo. Naye, Endagaano Empya bw'eddamu etteeka, liba lifuuse kiagiro eri abakkiriza, euririna okugonderwa nga ekiragiro kya Kristo. Naye okubeera n'omugaso n'obuyinza nga ekiragiro kuva mu Ndagaano Empya so si Enkadde. Ekirala, Endagaano Empya emirundi mingi etera okuyisa etteeka ery'Endagaano Enkadde, oluusi mu ngeri y'okulirongoosaamu oba okuligaziyaamu. Eky'okulabirako, ku lw'etteeka mu Kuv. 20:14, "Toyendanga," ennono y'ebitonde byonna ekwata ku butukuvu bw'obufumbo n'obwetaavu bw'obwesigwa mu bufumbo. Ennono eno bw'esengejjebwa okuyita mu Ndagaano Empya, enjigiriza ya Yesu ku mulamwa ogwo eteekwa okuteekebwamu. Yesu yagamba, "Naye nange mbagamba nti buli muntu atunuulira omukazi okumwegomba, ng'amaze okumwendako mu mutima gwe" (Mat. 5:28), mu ngeri eyo n'agaziyaamu etteeka eryo. Yaliteekesa so si ku *bikolwa* eby'obwenzi byokka naye ne ku *birowoozo* ebikwata ku bwenzi. N'olw'ekyo, ekiragiro eri Abakristaayo olwaleero kifuuka "Toyendanga mu kikolwa oba mu birowoozo." Naye Abakristaayo beetaaga okunoonya okugondera ekiragiro ekyo kubanga kiraga ennono ya Bayibuli ekwata ku bitonde byonna eteekeddwamu amaanyi mu Ndagaano Empya, si lwa kuba nti tteeka mu Ndagaano Enkadde.

**Teekesa Mu Nkola Ennono Erongooseddwamu Ekwata Ku Bitonde Byonna mu Bulamu Obwa Leero**

Mu ddaala lino ennono ekwata ku bitonde byonna eyatandikiddwa mu ddaala eryasoose liteekesebwa mu nkola mu mbeera ezimanyiddwa mu bulamu bw'abakkiriza olwaleero. Obujulirwa bw'enkola ekozesa ennono buyinza okusangibwa mu Ndagaano Empya. Nga bwe twakirabye emabegako, ekya Yesu okujulira 1 Samwiri 21 okujjawo obulimba bw'Abafalisaayo kugoberera enkola y'emu. Mu 1 Kol 9:9 Pawulo yajulira Ma 25:4 ("Togisibanga kamwa ente ng'ewuula") mu kuwolereza eddembe lye okufuna obuyambi obw'ebintu okuva ku Bakkolinso (1 Kol. 9:4, 11–12). Mu nkola ey'edda etteeka lino ery'Eky'amateeka Olw'okubiri osanga teryaliteekeddwa mu ttuluba ery'ekiragiro "ekiwata ku mpisa", ate nga Pawulo yalijulira nga erikyayinza okuteekebwa mu nkola. Kubanga awalala Pawulo yakkaatiriza bulungi nti Abakristaayo tebali wansi w'Amateeka ag'Endagaano Enkadde (Bar 6:14–15; 7:1–6; 1 Kol 9:20; Bag 2:15–16; 5:18; Bef 2:15), yali tajulira Ma 25:4 nga etteeka eririna amaanyi ku Kanisa y'Ekkolinso. Wabula, yakozesa etteeka eryo nga eky'okulabirako oba ekifaananyi.[14] Omutume yajulira ekiragiro ekirina ennono eyinza okuteekebwa mu nkola mu mbeera ezaawukana n'ebikolwa ebyasooka, ebyaliwo.

Leev 5:2 etuwa eky'okulabirako eky'engeri enkola ekozesa ennono ennono bw'eyinza okukozesebwa abakkiriza aba leero okuteekesa ebyawandiikibwa by'amateeka mu nkola awatali kubeera wansi w'Amateeka. Olunyiriri lugattako nti, "Era oba ng'omuntu yenna akoma ku kintu ekitali kirongoofu, oba mulambo gw'ensolo ey'omu nsiko eteri nnongoofu, oba mulambo gw'ebyewalula ebitali birongoofu, naye ng'akwekeddwa, n'aba atali mulongoofu, kale ng'aliko omusango." Ekikolwa ekyetaagisa okulongoosa omuntu atali mulongoofu okusinziira ku kalombolombo mu lunyiriri olwo kinyonyoddwa mu nyiriri endala eziddako. N'olw'ekyo, ennyiri 5–6 nazo zirina okuteekebwamu: "Awo olulituuka bw'anaabangako omusango mu kimu ku ebyo, kale anaayatulanga ekigambo kye yayonoona. Awo anaaleetanga ekyo ky'awaayo olw'omusango eri Mukama olw'ekibi ky'ayonoonye, enkazi ey'omu kisibo, omwana gw'endiga oba mbuzi, okuba ekiweebwayo olw'ekibi; ne kabona anaamutangiranga olw'ekibi kye." Enkola ey'edda emala gateeka ennyiriri ezo mu lukalala lw'amateeka agakwata ku mikolo era agatakyakola ku bakkiriza olwaleero. Wabula, okukozesa enkola ekozesa ennono, omuntu ayinza okuvvuunula n'ateekesa mu nkola ekiwandiiko ekyo mu ngeri y'emu nga bwe yaalivvuunudde ebyafaayo.

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

*Ekiwandiiko kyategeeza ki eri abawulizi abaasooka?* Omulamwa gw'Eby'Abaleevi gwogera ku ngeri Abaisiraeri gye baali bajja okubeeramu ne Katonda omutukuvu, ow'entiisa eyali abeera wakati mu bo. Baalina kutuukirira batya Katonda? Baalina kukolagana batya n'ekibi n'ebintu ebitali birongoofu mu kitangaala ky'okubeerawo kwa Katonda wakati waabwe? Enyiriri ezo zikola kitundu ku mwaliro gw'obuwandiike ogwa 4:1–5:13 ogwogera ku biweebwayo ebyetaagibwa ng'omuntu akoze ekibi ekitali kigenderere. Eby'Abaleevi 4 kikola naddala ku bakulembeze, Eby'Abaleevi 5 kitunuulira abantu aba bulijjo. Eby'Abaleevi 5 kyategeeza Abaisiraeri nti ssinga baakwata ku kintu kyonna ekitaali kirongoofu (ensolo enfu oba etaali nnongoofu), olwo baali bafuuse abatali balongoofu okusinziira ku kalombolombo kaabwe. Ekyo bwe kyalinga ne bwe baakwatanga ku kintu ekitaali kirongoofu mu butanwa. Nga si balongoofu, tebaasobolanga kutuukirira Katonda n'okumusinza. Okulongoosebwa (okutukuzibwa), baalinanga okutwatula ekibi kyabwe ne baleetera kabona endiga oba embuzi eya saddaaka (5:5–6). Kabona yassaddaakanga ensolo eyo ku lwabwe awo ne baddamu okufuuka abalongoofu, ne basobola okutuukirira Katonda n'okumusinza.

*Njawulo ki eriwo wakati w'abantu ab'edda n'abakkiriza aba leero?* Abakkiriza tebali wansi w'Endagaano Enkadde, era ebibi byabwe byakolebwako mu kufa kwa Kristo. Ekirala, kubanga basobola okutuukirira Katonda butereevu okuyita m Yesu Kristo, tebakyetaaga bakabona ab'abantu nga abatabaganya.

*Nnono ki ey'ensi yonna eri mu kiwandiiko kino?* Ennono enkulu ey'ensi yonna mu nyiriri zino ekwata ku ndowooza nti Katonda mutukuvu. Bw'abeera mu bantu be, obutukuvu bwe bwetaagisa nti bateekwa okwawukana n'ekibi awamu n'ebintu ebitali birongoofu. Bwe bafuuka abatali balongoofu, bateekwa okutukuzibwa ne saddaaka ey'omusaayi. Ennono eno etwaliramu enjigiriza y'Eby'Abaleevi ku Katonda yonna n'ebitundu ebisigadde eby'Ebyawandiikibwa. Eyogerwako mu ngeri egisobozesa okuteekebwa mu nkola mu bantu ba Katonda mu nsi yonna mu biseera eby'Endagaano Enkadde n'Empya byombi.

*Enjigiriza y'Endagaano Empya elongoosaamu etya ennono eno?* Okusinziira ku Ndagaano Empya, Katonda takyabeera mu bantu be mu kubeera mu weema oba yeekaalu; kati abeera mu bakkiriza okuyita mu kubeerawo kw'Omwoyo Omutukuvu. Wabula, okubeerawo kwe, kukyetaagisa obutukuvu okuva gye bali. Abeetaagisa obutayonoona n'okwawukana n'ebintu ebitali birongoofu. Naye ate, Endagaano Empya eddamu okuwa amakulu ga "ekirongoofu" ne "ekitali kirongoofu." "Tewali kintu ekiri ebweru w'omuntu bwe kiyingira mu ye, ekiyinza okumwonoona. Naye ebintu ebiva mu muntu, ebyo bye byonoona omuntu. Kubanga munda, mu mitima gy'abantu, muvaamu ebirowoozo ebibi, obukaba, okubba, okutta, obwenzi, okwegomba, obubi, obukuusa, obuluvu, eriiso ebbi, obuvvoozi, amalala, obusiru. Ebibi ebyo byonna biva munda, ne byonoona omuntu (**Mak 7:15, 20–23**). Abakkiriza wansi w'Endagaano Empya teboonooneka lwa kukwata ku nsolo enfu. Boonoonebwa ebirowoozo oba ebikolwa ebibi.

Endagaano Empya era yakyusa engeri abantu ba Katonda gye balina okukwatamu ekibi n'obutali bulongoofu. Mu kifo ky'okuleeta endiga oba embuzi okutangira ekibi, ebibi by'omukkiriza bikolebwako mu kaseera ak'okulokolebwa ne saddaaka ya Kristo. Okufa kwa Kristo kunaaza ne kujjawo ebibi ne kukyuusa omuntu okuva mu butali bulongoofu ne kumufuula omulongoofu. Okwatula ekibi, wabula, kukyali kwa mugaso ne mu Ndagaano Empya (1 Yok 1:9), nga bwe kwali mu Ndagaano Enkadde. N'olw'ekyo ebigambo ebitegeeza ennono ey'ensi yonna eri abakkiriza ab'Endagaano Empya byalibadde, "Mwewale ebikolwa ebibi n'ebirowoozo ebitali birongoofu kubanga Katonda omutukuvu abeera mu mmwe. Bw'okola ebikolwa eby'ekibi oba bw'ofuna ebirowoozo ebitali birongoofu, weenenye ekibi ekyo oweebwe ekisonyiwo okuyita mu kufa kwa Kristo."

5) *Abakristaayo basaanye kukozesa batya ennono y'ensi yonna eno elongooseddwaamu mu bulamu bwabwe?* Waliwo amakubo mangi ag'okukikola, naye limu ku go likwatagana n'ebifaananyi eby'obwenzi ebilabibwa ku Butimbagano. Abakristaayo bangi olwaleero mu maka gaabwe oba mu bisulo basobola okulaba ebifaananyi ebikwata ku bwenzi awatali buzibu. Ebiwandiiko bino biyigiriza nti obutukuvu bwa Katonda, oyo abeera mu bakkiriza, bubeetaagisa okubeera n'obulamu obuyonjo. Okulaba ebifaananyi ebikwata ku bwenzi butereevu kugwa mu ttuluba ly'ebintu Endagaano Empya by'eyita ebitali birongoofu. Ekikolwa ng'ekyo kityoboola obutukuvu bwa Katonda era kiziyiza obusobozi bw'omuntu okusinza n'okussa kimu naye. N'olw'ekyo, abakkiriza bateekwa okwewala okulaba ebifaananyi eby'obwenzi ebiri ku Butimbagano, nga bakimanyi nti okukola ekyo kubafuula abatali balongoofu, kutyoboola obutukuvu bwa Katonda,era kuziyiza okussa kimu ne Katonda. Wabula, ssinga omuntu agwa mu kibi, ateekwa okukyatula, era okuyita mu kufa kwa Kristo ajja kusonyiyibwa n'enkolagana ye ne Katonda ejja kuddawo.

### Okuwunzika

Enkola ey'edda ey'okwawulamu Amateeka ga Musa okugajjamu amateeka agakwata ku bantu ba bulijjo, agakwata ku mikolo, n'agakwata ku mpisa kutyoboola enkola entuufu ey'okuvvuunula n'okuteekesa ebiwandiiko mu nkola, kubanga tekkiriziganya na byawandiikibwa byonna era esinziira ku ndowooza ya muntu, n'Endagaano Enkadde terina kyonna ky'etulaga ku njawulo ng'ezo. Enkola eno esobya mu makubo abiri. Ku ludda olumu etwala amateeka agakwata ku bantu ba bulijjo n'agakwata ku mikolo nga agatakyakola. Ate ku ludda olulala, ekozesa amateeka agagambibwa okukwata ku mpisa nga amateeka agaaweebwa obutereevu. Ekirala, enkola ey'edda tetera kufa ku mwaliro gw'ebyafaayo

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

n'ogw'endagaano mu biwandiiko eby'Endagaano Enkadde.

Enkola endala, ekozesa ennono, enoonya okuzuula ennono ezikola mu nsi yonna mu biwandiiko by'amateeka agali mu Ndagaano Enkadde n'ekozesa ennono ezo ku bakkiriza olwaleero. Enkola eno ekkiriziganya n'ebyawandiikibwa ebirala okusinga ey'edda, era elaga enkola entuufu ey'okuvvuunula ebyawandiikibwa n'okubiteekesa mu nkola. Era eyamba abakkiriza okulaba nti Ebyawandiikibwa byonna "bigasa olw'okuyigirizanga, olw'okunenyanga, olw'okutereezanga, olw'okubuulira okuli mu butuukirivu" (2 Tim. 3:16).

**Ebitabo Eby'eyambisibwa**

a J. Daniel Hays musomesa w'Amasomo ga Bayibuli n'Eby'okuyiga ku Katonda mu Ssettendekero eriyitibwa Ouachita Baptist University, Arkadelphia, Arkansas.

[1] Enyiriri zonna eziteekeddwamu zijjiddwa mu Bayibuli ey'Oluganda eyafuluma mu mwaka gwa 1968.

[2] Christopher J. H. Wright atulaga engeri ttaano: ebikwata ku misango egya naggomola, abantu aba bulijjo, amaka, eddiini ez'obulimba, n'obuyambi (*An Eye for an Eye: The Place of Old Testament Ethics Today* [Downers Grove, IL: InterVarsity, 1983], 15259). Wright tatwala wadde ekimu ku ebyo okubeera mu ttuluba erikwata ku mpisa, ery'ensi yonna.

[3] Okukozesa enjawulo eyo nga okulung'amya mu kigambo ky'empisa kututwala emabega eri John Calvin. Yayawula wakati w'amateeka agakwata ku mpisa n'agakwata ku mikolo, mu kugamba nti wadde engiri esazizzaamu amateeka agakola ku mikolo, n'empisa, ku ludda olulala, gagenda mu maaso nga amateeka eri Omukristaayo (*Institutes of the Christian Religion,* trans. Henry Beveridge [reprint, Grand Rapids: Eerdmans, 1975], 2.7-8). Olw'okutaasa enkola eno eriwo, laba Willem A. VanGemeren, Amateeka Kwe Kutuukirira kw'Obutuukirivu mu Yesu Kristo: Endowooza Eyazzibwa Obuggya, mu *The Law, the Gospel, and the Modern Christian,* ed. Wayne C. Strickland (Grand Rapids: Zondervan, 1993), 1358.

[4] Abakkiririza mu buyinza bw'Ebyawandiikibwa abalala nabo tebakyawulira mirembe n'enkola eno ey'edda. Eky'okulabirako, laba David Dorsey, The Law of Moses and the Christian: Compromise, *Journal of the Evangelical Theological Society* 34 (1991): 321-34.

[5] Eky'enjawulo wakati w'amateeka agakwata ku mpisa n'agakwata ku bantu ba bulijjo okusinziira ku muntu kiteekebwamu amaanyi mu ntegeka y'ebiwandiiko ebiri mu By'Abaleevi. Eky'okwagala muliranwa wo kikulembera eky'obutazaalisanga ensolo ez'enjawulo; omulamwa ogw'obutukuvu gukulembera etteeka erikola ku kuvunaana abaana abatafugika (19:18-19; 20:7-9) (Gordon J. Wenham, *The Book of Leviticus,* New International Commentary on the Old Testament [Grand Rapids: Eerdmans, 1979], 34).

[6] Ibid., 32.

[7] Eky'okulabirako ekirala ekirungi eky'etteeka ezzibu okwawula ng'okozesa enkola eno kiri mu Kubal 5:11-31. Ekyawandiikibwa kino kyogera ku ngeri omukazi alowoozebwa okuba nga ayenze gy'alina okuwozesebwamu kabona. Mazima, ensonga y'obwenzi ekwata ku mpisa. Ekitegeeza etteeka lino likola mu nsi yonna era ebiseera byonna olwaleero? Abenzi mu Uganda balina kuwozesebwa mu nkola enyonyoddwa mu kyawandiikibwa kino? Okumanya omusango nga bwe gumusinze oba bwe gutamusinze, kabona yalina kumunywesa amazzi agakaawa. Bwe yalwalanga, kyategeezanga nti yali ayenze. Bw'ataalwalanga, kyategeezanga nti yali tayenze. Enkola eno tulina okugikozesa olwaleero? Awatali kubuusabuusa, nedda. Ku ludda olulala, bwelitakozesebwa, kitegeeza nti si tteeka erikwata ku mpisa, era nti ensonga y'obwenzi tekwata ku mpisa?

[8] Eky'okulabirako, Amateeka Ekkumi galagiddwa mu Kuv 20:1-17, naye ebiwandiiko biddayo mbagirawo mu byafaayo mu lunyiriri 8, ne bigamba nti, "Abantu bonna ne balaba okubwatuka, n'enjota, n'eddoboozi ly'eng'ombe, n'olusozi nga lunyooka omukka; abantu bwe baalaba ne bakankana, ne bayimirira wala". Mu ngeri y'emu, Katonda yawa Isiraeri amateeka ag'enjawulo mu Okuva 21-23, naye nga nago kitundu ku byafaayo, kubanga kitundu ku njogera wakati wa Katonda ne Isiraeri. Abantu baayanukula Katonda bwe yabawa Amateeka ne bagamba nti, "Ebigambo byonna Mukama byayogedde tulibikola" (24:3).

[9] "Musa n'addira" (Leev. 8:10), "N'aleeta" (8:14), "Musa n'agamba " (8:31), "Ku lunaku olw'omunaana Musa n'ayita" (9:1), "Awo Alooni n'asemberera ekyoto" (9:8), "Omuliro ne guva eri Mukama mu maaso ge, ne gubookya" (10:2), "Mukama n'ayogera ne Musa, batabani ba Alooni bombi nga bamaze okufa" (16:1).

[10] Ekigambo ky'Oluebbulaniya ekitegeeza "ettaka" kirabika kumpi emirundi ebikumi bibiri mu kitabo ky'Eky'amateeka Olw'okubiri. Ebitundu by'ebyawandiikibwa ebirondeddwa okukiikirira ebirala ebiyunga ebisaanyizo by'endagaano eyo

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

n'obulamu mu nsi eyo birimu 4:1, 5, 14, 40; 5:16; 6:1, 18, 20-25; 8:1; 11:8; 12:1; 15:4-5; 26:1-2; 27:1-3; 30:5, 17-18; ne 31:13.

[11] John Goldingay, *Models for Interpretation of Scripture* (Grand Rapids: Eerdmans, 1995), 103.

[12] Olw'endowooza ezifaanana ng'eziri mu Matayo 5:17-47 laba D. A. Carson, "Matthew," mu *The Expositor's Bible Commentary* (Grand Rapids: Zondervan, 1984), 8:142-44; R. T. France, *Matthew: Evangelist and Teacher* (Grand Rapids: Zondervan, 1989), 194-95; ne Donald Hagner, Matthew 1-13, *Word Biblical Commentary* (Dallas: Word, 1993), 104-6.

[13] Laba Roy B. Zuck, *Basic Biblical Interpretation* (Wheaton, IL: Victor, 1991), 28689; Goldingay, *Models for Interpretation of Scripture,* 92; ne Robert Chisholm, *From Exegesis to Exposition: A Practical Guide to Using Biblical Hebrew* (Grand Rapids: Baker, 1998), 22324, 255. Wright akozesa ekigambo ekyo ekiwa eky'okulabirako mu kifo ky'enkola ekozesa ennono, naye nga ategeeza ekintu kye kimu (*An Eye for an Eye,* 16263). William Klein, Craig Blomberg, ne Robert Hubbard Jr. bajuliza Wright nti Amateeka gakola nga eky'okulabirako ky'ennono ezitaliiko kiseera ezikwata ku mpisa n'obwakatonda, era nti omuvvuunuzi ateekwa okufuba okuvumbula amazima ago agataliiko kiseera okuva mu kisusunku ky'obuwangwa mwe gali (*Introduction to Biblical Interpretation* [Dallas: Word, 1993], 279). Endowooza efaanana n'eyo etwalibwa Wenham, *The Book of Leviticus,* 3335; ne John E. Hartley, *Leviticus*, Word Biblical Commentary (Dallas: Word, 1992), lxxiii.

[14] Gordon D. Fee, *The First Epistle to the Corinthians,* New International Commentary on the New Testament (Grand Rapids: Eerdmans, 1987), 408. Laba n'ekiteeso kya Zuck, *Basic Bible Interpretation,* 263-65 ku lunyiriri olwo.

## EBY'OKWONGERAKO D

International Journal of Frontier Missiology 31:1 Spring 2014: 5-14

### [p.5] *Obuwangwa n'omuntu ow'omunda: Ebituukiridde mu Bayibuli n'enjawulo mu Buwangwa*, T. Wayne Dye

***Ensonga***

Newankubadde, nga obutakkanya wakati w'obuwangwa ku kiki ekituufu mu mpisa baludde nga kibadde kintu kikulu mu bulamu obwa bulijjo era abaminnsani buli wamu, abantu ewaka beeyongera okwolekagana n'obutakkanya obufaananako bwe butyo n'ebibuuzo bye babuuza. Enkaayana ng'ezo ku nsonga z'empisa zireeta obutategeeragana wakati w'abantu n'okusika omugwa, era emirundi mingi ziviirako ekitundu kyaffe okugamba nti okusalawo ku mpisa nsonga za muntu ku lulwe.

Mukyala wange , Sally, nange tumeeganya n'ensonga zino okumale emyaka mingi, era tutuuse okikkiriza nti waliwo eby'okuddamu ebikulu eby'ebyawandiikibwa ebikendeeza ku bungi ku butakkanya buno. Mu kiwandiiko kye ku nsonga eno ekya *IJFM* (pp.15-25) "Obuwangwa n'omuntu ow'omunda: Ekitundu ku nteekateeka ya Katonda," Sally awandiise ku ngeri obuwangwa n'omuntu ow'omunda gye bikwata ku ngeri Omukristaayo gy'alina okugondera Katonda. Ekitundu kino kinnyonnyola lwaki Abakristaayo abakuze mu bujjuvu bonna tebagondera biragiro bya Bayibuli mu ngeri y'emu.

Okumala emyaka twalowooza nti waliwo engeri emu yokka ey'okugondera ebiragiro—engeri gye twasooka okuyigirizibwa okubikola.[1] Nga abavvunuzi ba Bayibuli, twalina okuwa ekibinja ky'abantu Bayibuli yonna. Okukifuna, mazima ddala bandigondera amakulu agategeerekeka ag'ebigambo byakyo nga babeera nga bwe twagezaako okubeera. Wadde, ng'abaminsani n'abasomesa b'amatendekero batera okuyigiriza ekkubo lyabwe ng'ekkubo lyokka ettuufu(era nga basuubira buli muntu okugondera ebiragiro mu ngeri eyo), waliwo enjawulo nnene mu ngeri ebiragiro gye birina okugobererwamu.

Ekizibu ekimu kiri nti ffe abazungu tetugondera biragiro byonna mu ngeri y'emu. Ebitundu ebimu tubitwala nga bituufu ne tubigondera n'obwegendereza ate ne tutafaayo ku bitundu ebirala. Tetulamusagana butereevu n'okunywegera okutukuvu (Bar.16:16 NIV[2]). Tetunywa vinyo olw'okuyamba ku kussa emmere ( 1 Tim 5:23). Tetusaba buli lunaku ku ssawa mwenda ez'olw'eggulo, kuba "ye ssawa ye ssaala" (Bikoliwa 3:1) Tetunaaza biger by'abalala okujjako mu biseera eby'enjawulo (Yokaana 13:14). Mukyala wange tesiba ku mutwe mu Kkanisa wadde mu awanga amagatte ( 1Kol.11:2-16).[3] Mazima , waliwo ebiragiro bingi ey'ekika nga kino mu Ndagaano Empya.[4]

[p.6] Obuwulize buno "obw'okulondobamu mu kugonda" si ngeri ya kkanisa z'Ameriko zokka. Abakristaayo bonna be tusanze okwetoloola ensi yonna babadde balondawo mu kiseera. Kino kireeta ekibuuzo: tugoberera omusingi gwa Bayibuli ogw'okulonda oba tukola ensobi?

Obutakwatagana nga buno bweyolekera nnyo bwe tutunnulira Endagaano Enkadde, eyali Baiyibuli ey'Kkanisa

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

y'Endagaano Empya. Yesu n'abayigirizwa bwe bajjuliza nga ebyawandikiibwa yalinga Ndagaano Nkadde. Endagaano Empya esomesa mu bulambulukufu nti Endagaano Enkadde erina okugonderwa. 2 Tim.3:16-17 egamba:

> Ebyawandiikibwa byonna byaruŋŋamizibwa Katonda era bigasa mu kuyigiriza, mu kunenya,mu kuluŋŋamya ne mu kugunjula omuntu akolenga ebituufu, omuntu wa Katonda alyoke abe ng'atukiridde, ng'alina byonna ebyetaagibwa okukola buli munimu omulungi.

Pawulo bwe yawandiika kini ku Ndagaano Enkadde yali akkanya N'Endagaano Enkadde yennyini. Ebiragiro byayo byalagibwa bulungi era obukulu bw'okubigondera buggumiza nnyo. Okugeza, Amateeka olw'okubiri 10:12-13 kigamba:

> Kale kakaano Yisirayiri, Mukama Katonda wammwe ky'abagaza kye kino : naye mutye Mukama Katonda wammwe, nga otambual nga omugondera, okumwagala, okuwereza Mukama Katonda wammwe n'omutima gwonna era n'emmeme yo yonna n'okukumanga amateeka ge n'ebiragiro bye, bye mbawa olwwleero mulyoke mube bulungi?

Waliwo ebitundu nga bino bingi. Naye ate bwetukyuukira Bajjajja ffe, tusanga ebiragiro ebirabika nga byali bya buli muntu buli wamu nga bitabuddwamu ebiragiro bitono bye bagoberera leero. Abaleevi 19 kituwa ebimu ku eby'okulabirako. Olunyiriri olw'ekimu n'essatu lugamba," Tofeera oba okunyaga mulirwaana wo." Mazima ekyo kisaana okugobererwa leero. Olunyiriri olwo ne lugenda mu maaso n'okugamba nti, " Empeera y'omukozi gw'okozeseza, togiremeranga wadde ekiro ekimu kyokka." Teri kitongole kya bukristaayo mu nsi yange kigondera kino. Olunyiriri lw'ekkumi n'omunaan lugamba,"…. yagala nga mulirwana wo nga bwe weeyagala ggwe wennyini," mazima ekiragiro eky'ensi yonna. Olunyiriri oluddirira lugamba, "Toozaazisenga nsolo zo ezitafaanana mu kika kyazo… Tooyambalenga kyambalo kya ngoye ez'engeri ebbiri ezigattiddwa awamu nga tezifaanana."Ffe abaminsani b'omu bitundu eb'obutiti twandikoze ki nga tetulina ngoye zaffe eza poliyesita ne ppamba?

Olunyiriri 26 lugamba, "Temukolenga bya bulogo , wadde eby'okulagulwa." Twandyagadde okusomesa ekyo mikwano gyaffe abakkiririza mu butonde. Naye ate singa basoma olunyiriri oluddako? Lugamba, "Temuukomolenga ku nviiri zammwe wadde okusala ku bireevu byammwe."Abaminsani abasajja tebatera kugoberera kiragiro kino. Waliwo ebiragiro bingi ng'ebyo ebikwata ku kuleka emmere eri abakungula, okuwa looni nga tewali magoba ku zo n'akamu, okuleka ettaka nga ssiddime, n'okutunda ettaka okudda eri nnannyini lyo eyasooka oluvannyuma lw'emyaka ataano, tetugoberera kintu kyonna ku bino mu ngeri ey'ebigambo leero.

***Ebitundu Ebikulu Ebikwata ku Ngeri y'Obuwulize Obw'amazima***

Kati tutuuse okukkiriza nti enkola y'ekristaayo okuyita mu mirembe ebadde nnungi gye bali. Abaristaayo ab'amadiimi agasinga basomye Bayibuli okusinziira ku ndowooza yaabwe ey'obuwangwa era ne bavvuunula ebiragiro byayo m ngeri ekwatagana n'obuwangwa bwabwe. Okutegeera kuno okutegeerekeka kwali kulungi nnyo mu mbeera z'obuwangwa bumu. Kiremererwa okukola ng'abantu okuva mu buwangwa bubiri obw'enjawulo bakwataganye. Ekizibu ky'obuminsani kizze kubanga mu butuufu tetwategeera musingi gwa kusalawo kwa bantu abatukyaaza, era bwe tutyo twatera okukozesa enjigiriza za Bayibuli nga abakkiriza mu buwangwa obulala baali balinga ffe. Mu mpapula eziddako, nsuubira okutusobozesa okulaba ebgeri ffe ab'enjiri gye tuvvuunula mu Bayibuli mu ngeri ey'amagezi mu mbeera zaffe ez'obuwangwa. Bwe tumala okutegeera enkola , tusobola okugitegeeza bulungi Abakristaayo mu buwangwa obulala n'obuwangwa obutono basobole okugikozesa mu mbeera zaabwe.

**Abantu basobola okugondeera etteka lye limu mu ngeri ez'enjawuulo?**

Mu bitundu bibiri ebyewuunyisa mu bbaluwa, Pawulo yalaga nti Abakristaayo abawulize ddala okuva mu buwangwa obw'enjawulo, mu mbeera ezimu bakola ebintu eby'enjawulo ennyo. 1 Bakkolinso 8-10 ne Baruumi 14 bisaana okusomesebwa n'obwegendereza ku buweereza bw'obuwangwa obw'enjawulo.

Kolinso yali nkulungo ya kusinza bifaananyi. Mu mbeera eno, abasinza basasula nga ssaddaaka y'ensolo, oluvannyuma ne beetaba mu kulya ennyama. Ennyama endala yatundibwanga mu luggya lwa yeekalu oba mu katale. Kati omuntu wa bulijjo mu kibiina ekyo eky'amakolero g'omusolo yali tatera kusobola kugula nnyama. Olw'okuba buli lunaku ssaddaaka nnyingi nnyo ezaweebangayo, kiyinzika okuba nga ennyama esaddaakibwanga ebifaananyi yandituukiriza ekitundu ekisinga obunene ekyetaagisa eky'ennyama.Embeera eno yaleeta ekizibu eri abakkiriza abaagala okulya ennyama nga tebeetabye mu kusinza ebifaananyi. Abakkiriza ab'amawanga abakulu (oba abakkiriza okuva mu busaliranwa obw'ekiyudaaya) baagamba nti okulya nga ennyama ey'ekika kino tekyalimu njawulo yonna. Abalala naddala abo abaakakyuuka okuva mu mbeera z'okusinza ebifaananyi, baawulira omusango olw.okulya ennyama ng'eyo. Abakkiriza mu Kolinsobaasaba Pawulo ayogere ku nsonga eyo. Eky'okuddamu kye kyaali kizibu, era nga kigoberera ensengeka y'emboozi etatera kukozesebwa leero, n'olwenkyo emitendera mu nsonga ze endowooza ye oluusi gisubwa.

**Ebifaananyi si bya ddala n'olwekyo okulya ennyama si kibi**

Pawulo yatandika ng'assa essira ku kwagala okusinga okumanya obumanya, olwo n'agamba nti ddala ebifaananyi so bitonde bisukkulumye ku butonde n'akatono.

> N'olw'ekyo, ebikwatagana n'okulya emmere essadaakidwa ebifaananyi : tumanyi nti " Ekifaananyi si kintu n'akatono mu nsi, era nti[p.7] : "Teri Katonda naye omu." Wadde nga waliwo abayitibwa bakatonda, newankubadde mu ggulu oba ku nsi ( nga mazima bwekiri bakatonda bangi n'abakama ), naye ku lwaffe waliwo Katonda omu yekka, Kitaffe, ebintu byonna mwe byava era gwetubeereramu abalamu; era waliwo Mukama omu yekka, Yesu Kristo, ebintu byonna mwe byava era mu ye mwetubeerera abalamu. 1 Abakkolinso 8:4-6)

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

Pawulo yakkiriza nti kinokyawa eddembe eri abo abalina "okukkiriza okw'amaanyi, abo balina endowooza y'ensi ey'Ekkristaayo eya nnamaddala mu nsonga eno. Yatuuka n'okugamba mu biragiro bye eby'oluvannyuma mu bufunze okugenda mu maaso n'okulya emmere yonna eguliddwa mu katale oba ewereddwa omuntu atakkiriza. Kyeyoleka bulungi okuva mu kino nti tewali kikyamu kyonna mu buzaala mu kulya emmere ng'eyo.tewali kintu kyonna kyandirumiza Mukristaayo akuze mu Mwoyo.

> Naye emmere tetusembeza kumpi na Katonda; tetusinga bubi bwe tutalya era tetusinga bwe tulya. (1 Abakkolinso 8:8). Lya ekintu kyonna ekitundibwa mu katale k'ennyama nga toleese bibuuzo bya muntu ow'omunda, kubanga, "Ensi ya Mukama , ne byonna ebigirimu." Omuntu atakkiriza bw'akuyita ku mmere n'oyagala okugenda, lya kyonna ekikuteekebwa mu maaso nga toleese bibuuzo bya muntu ow'omunda. (1 Abakkolinso 10:25-27)

**Omuntu bwaba akkiriza nti Ekifaananyi kya ddala Olwo Tolya Nnyama.**

Naye waliwo ensonga endala gye tulina okulowoozaako. Pawulo yagamba nti abo abaalina "omuntu ow'omunda omunafu" i.e., tebaalina kutegeera kwa Bayibuli ku bifaananyi, bali boonona singa balya ennyama eyaweebwayo eri ebifaananyi.

> Naye si buli muntu nti alina okumanya kuno. Abantu abamu bakyamanyiira nnyo ebifaananyi ne kiba nti bwe balya emmere ey'okusaddaaka balowooza nti yasaddaakibwa eri ekirungi, era olw'okuba omuntu munafu, ayonooneka… Mwegendereze wabula, nti okukozesa eddembe lyo tekifuuka kyesittaza eri banafu.Kubanga singa omuntu alina omuntu ow'omunda omunafu akulaba , n'okumanya kwo kwonna, nga'olya mu yeekalu y'ebifaananyi, omuntuoyo tajja kugumiikiriza okulya ebyo ebyasaddaakibwa ebifaananyi? Kale no ow'oluganda ono omunafu Kristo gwe yafiirira azikirizibwa olw'okumanya kwo. Bwe mwonoona ku band abo mu ngeri eno n'olumya omuntu waabwe ow'omunda omunafu, oyonoona ku Kristo. N'olw'ekyo, bwemba kireetera muganda wange okugwa mu kibi, sijja kulya nnyama nate, bwetyo neme kuleetera muganda wange kuggwa. (1 Abakkolinso 8:7-13)

Pawulo yalaba okusika omuguwa kuno nga kwa maanyi nnyo ne kiba nti yakubiriza Abakristaayo abakuze mu mwoyo okumanyiir ani eyali alaba n'engeri abalala gye bayinza okutaputa ebikolwa byabwe. Abajulizi abasala obuwangwa balina okunoonya obulungi bw'abalala, era kino kizingiramu okwewala ebikolwa byonna ebiyinza okubaleetera okukola ekibi singa mu ngeri etavumirira basalawo kye kimu.

> "Balina eddembe okukola ekintu kyonna," ogamba—naye si buli kintu nti kya mugaso. " Nina eddembe okukola ekintu kyonna"-- naye si buli kimu nti kizimba. Tewali muntu yenna alina kunoonya birungi bye, wabula ebirungi by'abalala… Naye singa wabaawo akugamba, "Kino kiweereddwayo mu ssaddaaka," awo togirya, ku lw'oyo eyakugamba era n'olw'omuntu ow'omunda njogera ku muntu ow'omunda ow'omuntu omulala, so si wuwo…Kale oba olya oba onywa oba kyonna kyonna ky'okola, byonna bikole olw'ekitiibwa kya Katonda. Toleetera muntu yenna kwesittala, oba Bayudaaya, Abayonaani oba ekkanisa ---- ne bwe nfuba okusanyusa buli muntu mu buli ngeri. Kubanga sinoonya birungi byange wabula birungi by'abangi, balyoke balokolebwe. (1 Abakkolinso 10:23, 28-29, 51-33)

**Si Ngeri emu entuufu wabula bbiri**

Wano waliwo enjigiriza ey'ekitalo. Omulimu ogw'enjawulo (okulya ennyama eweebwayo eri ebifaananyi) mutuufu---era gutuuka n'okukubirizibwa---eri abo abalina endowooza y'ensi emu n'olwekyo okutegeera okumu ku kituufu n'ekikyaamu. Naye, eri abntu abalina endowooza y'ensi ey'enjawulo, omulimu ogwo kibi ekiyinza okusaanyaawo okukkiriza kwabwe mu Kristo. N'ekirala tewali muntu yenna alina ddembe kusalawo bikolwa bya balala.

> Kubanga lwaki eddembe lyange lisalirwa omusango n'omuntu ow'omunda? Bwe neetaba mu kijjulo nga nneebaza , lwaki nvumibwa olw'ekintu kye nneebaza Katonda? (1 Abakkolinso 10:29b-30)

Okukakasa nti, abakkiriza balina obuvunaanyizibwa obutabeera "muziziko" nga baleetera omulala okukola ensobi. Naye ekyo, kimala okuggumiza ensonga eyo;ekituufu eri omu kiyinza okuba ekikyamu eri omulala. Eyo y'ensonga lwaki tusobola okulumya abalala nga tukola ekintu kye twandikoze mu ngeri endala mu muntu ow'omunda omulungi. Okusobola okulaba engeri kino gye kiyinza okuba, twetaaga okutunuulira ensonga lwaki okulya emmere eyaweebwayo eri ebifaananyi kyali kikyamu eri abantu abamu.1 Abakkolinso 10:18-21, kiwa ekisumuluzo.

> Lowooza ku bantu ba Yisiraeri: abo abalya ssaddaaka tebeetaba mu Kyoto? Olwo otegeeza nti emmere esaddaakibwa eri ekifaananyi kintu kyonna, oba nti ekifaananyi kye kintu kyonna? Needa, naye ssaddaaka z'abakaafiiri ziweebwayo eri babayimooni, so si eri Katonda, era saagala mubeere beetabye mu badayimooni. Toyinza kunywa kikopo kya Mukama n'ekikopo kya badayimooni naawe; toyinza kuba kitundu ku mmeeza ya Mukama ne ku mmeeza ya badayimooni.

Mu buwangwa bw'Abayudaaya n'ab'Amawanga g'Obuvanjuba obw'Omu Makkati obw'omu kiseera ekyo, omuntu yasinzanga katonda ng'alya emmere eyali eweereddwayo. Abayudaaya n'Abamawanga baasinzanga mu ngeri y'emu nga balya ssadddaaka---naye nga balina ebintu eby'enjawulo eby'okusinza. Abamawanga bwe baasinzanga ebifaananyi baali boonoona kubanga baali balondawo okusinza ekintu ekirala ekitali Katonda ow'amazima. Sitaani ne badayimooni be baganyulwa mu mazima mu kusinza okwo kwonna okw'obujeemu.

Naye Pawulo yakiraga bulungi nti ebikolwa by'Omukkolinso ng'asaddaaka eri ekifaanayi [p.8] kye bitegeeza mu byo, kubanga ekifaananyi ekyo tekyali katonda n'akatono. Nga kino n'ebitundu bya Bayibuli ebirala byonna bwe biggumiza, ekifaananyi si kirala wabula ekitundu ky'omuti omufu oba ejjinja oba zaabu. Kigendererwa ekirowoozo jy'omusinza kye kireetera ekikolwa ekiweereddwa okufuuka okusinza. Okusinza nsonga ya makulu. Kikolwa ekigendereddwamu okussa ekitibwa mu katonda. Omuntu atakkiriza mu Katonda eyeegatta mu kuyimba mu luyimba lw'okutentereza mu kkanisa aba tasinza wadde bg'Abakristaayo abayimiridde ku mabbali ne nga bayimba oluyimba lwe lumu baba. Abantu

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

abakyakkiriza nti kifaananyi katonda bwe balya ennyama eweereddwayo eri kyo baba basinza kifaanayi ekyo. Wabula, bwebaba nga bategedde nti ekifaananyi tekirimu kintu naye kibumbe, tebakyasobola kukisinza kubanga tebakkiriza nti waliwo katonda ow'okusinza. Bwe balya ennyama baba teba saddaaka; baba balya nnyama kyokka.
Tututte obudde ku nsonga eno kubanga erina ebikulu ebigikwatako. Abakkiriza b'e Kkolinso baali bagezesebwa ku nsonga enkulu ey'empisa z'Ekikristaayo entuufu mu buwangwa. Ku ddaala erimu buli kikolwa ky'omuntu kiraga enkolagana y'omuntu ne Katonda era n'ebiragiro bye, oba mu buwulize oba mu bujeemu; bw'ekityo gr makulu ag'empisa n'omwoyo. Abantu abalina endowooza emu ku nsi bayinza okuba nga bagondera Katonda olw'ekikolwa kyabwe, okuva bwe kiri nti tebagenda mu maaso n; ekiragiro kya Katonda kyonna. Omuntu alina endowooza y'ensi endala ayinza okuba nga tagondera Katonda ng'akola ekirabika ng'ekintu kye kimu kubanga ku ddaala kukigendererwa eri ebikolwa bibiri eby'enjawulo ennyo.

Weetegereze nti mu nsonga ya Pawulo Omukristaayo omukulu y'alina eddembe okulya ennyama eyaweebwayo nga ssaddaaka. Tukitegeera nti Katonda mukkakkamu n'Abakristaayo abapya, naye bwebakula Katonda abalaga amakubo . namalungi ag'okugondera. Omuntu ayinza okusuubira nti obugumiikiriza bwa Katonda eri abakkirizaabapya bwe bujja okuba ennyonyola y'ekitundu kino, naye m mu mbeera eno abakyufu abapya abaali bakkiriza nti ekifaananyi ekyo kyali kya ddala tusinga kuziyizibwa mu bye baali basobola okukola. Abakristaayo abkuze ennyo abatakyakkiriza ebifaananyi baalina eddembe erisingako. Abaruumi 14 etuwa ekyokulabirako ekisingawo.

**Okukola obutuufu mu Rooma**

Ekkanisa eyasooka e Rooma eteekwa okuba nga yalaga engeri ekibuga kyennyini gye kyalimu obuwangwa obw'enjawulo. Abakristaayo Abayudaaya n'ab'Amawanga baali bazze wamu okuva mu bitundu bingi eby'enjawulo eby'obwakabaka. Baali baggezaako okukwatagana naye mu ngeri enkulu gye bali baali babeera mu ngeri ya njawulo nnyo. Abakristaayo abamu baali balya nva, oboolyawo okwewala okulya ennyama eyaweebwayo eri bifaananyi. Abalala baali balya buli kimu. Abakristaayo abamu baakuma ennaku entukuvu ez'Abayudaaya; abalala tebaakikola. Eky'okuddamu kya Pawulo kyagoberera ensonga y'emu nga bwe yakozesa endowooza n'Abakkolinso.

> Kkiriza oyo ow'okukkiriza okunafu awatali kuyomba ku nsonga ezikaayanirwa. Okukkiriza kw'omuntu omu kumukkiriza okulya ekintu kyonna, naye omulala, ng'okukkiriza kwe kunafu, alya enva zokka. Oyo alya buli kimu tasaanidde kunyooma oyo atalya buli kimu tasaanidde kusalira musango oyo akikola,kubanga Katonda yabikkiriza. Ggwe ani okusalira omuddu w'omulala omusango? Eri Mukama yennyini, abaddu bayimirira oba bagwa. Era baliyimirira, kubanga Mukama asobola okubayimiriza. Omuntu omu atwala olunaku olumu ng'olutukuvu okusinga olulala, omulala atwala buli lunaku nga lufaanana. Buli omu alina okuba nga yeekakasa mu bujjuvu mu birowoozo bye. (Abaruumi 14:1-5)

**Buli omu alina okukola ekyo ky'akakasa nti Katonda ky'ayagala akole**

Buli mukkiriza alina okugoberera ky'alowooza nti kituufu, nga akakasiddwa mu bujjuvu mu birowoozo bye. " Era alina okukola nga tasalidde balala musango, nga tabatunuulira wansi oba okubavumirira olw'okba n'okukkiriza okw'enjawulo. Abantu abo abalala nabo baweereza ba Katonda , era amakulu g'ekikolwa kyabwe ng'okolesebwa kw'enkolagana yaabwe ne Katonda yesinga okubala ddala. Mu nsonga eyo, "…Mukama asobola okuyimiriza [abo]." Abaruumi 14 ennyirir 6 okutuuka ku 9 zongera okutangaaza ensonga eno.

> Buli atwala olunaku olumu okuba ng'olw'enjawulo akola bw'atyo eri Mukama. Buli alya emmere akolabw'atyo eri Mukama, kubanga beebaza Katonda; era buli eyeewala akola bw'atyo eri Mukama n'amwebaza Katonda. Kubanga tewali n'omu ku ffe abeera yekka , era tewali n'omu ku ffe afiira yekka. Bw tuba abalamu, tubeera balamu eri Mukama. Kale, oba tuli balamu oba tufa, tuli ba Mukama. Olw'ensonga eno yennyini, Kristo yafa n'adda mu bulamu alyoke abeere Mukama w'abafu n'abalamu. (Abaruumi 14:6-9)

Mu ngeri endala, buli omu ku ffe ali mu nkolagana ne Katonda obutasalako; tetubeera ffeka n'akatono. Ye"Mukama," waffe omuduumizi waffe, oyo alina eddembe okutubuulira eky'okukola mu nsonga y'obulamu bwaffe. Buli kikolwa kirina ekitundu kino eky' omukwano, era kiri mu nsonga eno (era tewali kirala) nti ekituufu n'ekikyamu bye bisalibwawo. Pawulo yagenda mu naaso nga agamba nti emmere gye tulya terina mugaso gwonna ku bwayo. Naye, singa, omuntu akkiriza nti tasaanidde kulya mmere yonna, olwo aba ajeemera ng'alya emmere eyo kubanga agenda akontana n'endowooza ye ku Katonda by'ayagala.

> Nze nkakasa, okusikiriza mu bujjuvu mu Mkama waffe Yesu, nti tewali kintu kyonna kilongoofu ku bwakyo. Naye singa omuntu yenna atwala ekintu nga ekitali kiyonjo, olwo ku muntu oyo kiba kiyonjo….. Kale kyonna ky'okkiriza ku bintu bino bikuume wakati wo ne Katonda. Wa mukisa oyo ateesalira omusango olw'ebyo by'asiima. Naye buli alina okubuusabuusa, asalirwa omusango singa alya,[p.9] kubanga okulya kwabwe tekuva ku kukkiriza; era buli kintu ekitava mu kukkiriza kibi. (Abaruumi 14:14, 22-23)

**Tosendasenda balala kukola bikyamu gye bali**

Pawulo yayogera ensonga endala ku ngeri gye tukwataganamu n'abo abalina okutegeera okw'enjawulo ku kituufu. Tulina okwegendereza obutasalira balala musango kubanga, "buli omu ku ffe ajja kuwaayo embalirira ye eri Katonda." (Abaruumi 14:12). Mu kiseera ky'ekimu, tetulina kukola kintu kyonna ekijja okubuza abalala nga tukola ebitusaanira naye nga tetubakolera.

> Ggwe, kale lwaki osalira muganda wo oba mwannyoko omusango? Oba lwaki obayisa mu ngeri ey'okunyooma? Kubanga ffenna tujja kuyimirira mu maaso g'entebe ya Katonda ey'omusango. Noolwekyo tulekere awo okusalira

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

> bannaffe omusango. Wabula salawo obutateeka kyesittaza oba ekiziyiza kyonna mu kkubo ly'ow'oluganda oba mwannyinaffe….Muganda wo oba mwannyoko bwanakuwalira olw'ebyo by'olya, oba tokyakola kwagala. Tosaanyaawo muntu Kristo gwe yafiirira olw'okulya kwo. N'olwekyo, tokkiriza ekyo ky'omanyi nti kirungi kwogerwako ng'ekibi. Kubanga obwakabaka bwa Katonda si nsonga yakulya na kunywa , wabula ya butuukirivu, emirembe n'essanyu mu Mwoyo Omutukuvu, kubanga omuntu yenna aweereza Kristo mu ngeri eno aba asanyusa Katonda era n'afuna okusiimibwa kw/abantu. N'olwekyo ka tufube nnyo okukola ekyo ekituusa mu mirembe n'okuzimbagana. Tosaanyaawo mulimu gwa Katonda olw'emmere. Emmere yonna nnyonjo, naye kikyamu omuntu okulya ekintu kyonna ekireetera omuntu omulala okwesittala. Kiba kirungi obutalya nnyama wadde okunywa omwenge oba okukola ekintu ekirala kyonna ekinaleetera muganda wo oba mwannyoko okugwa ( Abaruumi 14:10, 13, 15-21)

Singa Abakristaayo bonna baali beetaagibwa okweyisa nga bafanana—ekituufu mu buwangwa obumu okubeera obutuufu eri obulala bwonna—ekizibu kino tekyandibaddewo. Tekyandisobose kukulembebera balala kwesittala n'okugwa nga tuyita mu kukoppa enneeyisa ekkirizibwa eri omuntu omulala ali mu mbeera ezifaanannako bwe zityo. Ensonga enkulu ya Pawulo eri nti ddala waliwo enjawulo entuufu mu nneeeyisa mu bifo ebimu. Ensonga y'obutabuzaabuza balala eva mu njawulo ezo.

Ensonga ya Pawulo wano ekwatagana ddala n'enkola ye yonna ey,okukola n'Abamawanga. Katonda asaba abantu bonna okugondera ebiragiro bye bimu; kyokka, mu ngeri ezimu ezitali za bulijjo naye nga nkulu engeri ddala obuwulize buno gye bulina okuwangaala ha njawulo ku bantu ab'enjawulo. Kino kiyinza kitya okuba nga ekivaamu tekiba kavuyo? Misingi ki egya Bayibuli egiwa enjawulo eno mu nkola y'ebiragiro eby'ensi yonna? Mu kitundu ekiddako, ngezaako okukola emisingi gino.

**Ekkubo ly'okugondera Katonda mu Buwangwa Bwonna**

Okutwalira awamu emisingi ena emikulu wamanga giyinza okunnyonnyola byombi , obuyinza obujjuvu obwa Babayibuli n'omulimu omutuufu ogw'enjawulo mu buwangwa mu kusalawo engeri ekiragiro ekiweereddwa gye kikolamu. Emisingi gino ena giviirako enkola ey'emitendera esatu ey'okukozesa ekitundu.

**Omusingi 1. Ebyawandiikibwa byonna, Endagaano Enkadde n'Empya, birina obuyinza ku bantu bonna, mu buli mulembe ne mu buwangwa.**

Tuganyula mu bitundu byonna. Tewali mateeka gayinza kubuusibwa maaso mu ddembe; tewali byakulabirako birina kubuusibwa maaso. Ebyawandiikibwa bisinga nnyo okulungumya okukola; ye "Ekitabo ky'Omukozi w'Ebintu" yaffe etubuulira ffenna engeri y'okubeera mu.[6]

**Omusingi 2. Newankubadde nga Ebyawandiikibwa byonna byawandiikibwa buli muntu, tebyawandikiibwa eri buli muntu.**

Omuwandiisi wa buli kitundu ky'Ebyawandiikibwa yali atuusa obubaka mu ngeri ey'enjawulo eri abakwatibwako obubaka obwo ababereberyr era obubaka buno bwe buba amakulu ag'olubereberye ag ekitundu ekyo. Abalala bonna baba balabi abalina okuggya mu ebyo eyayogerwa abawuliriza abaasooka Katonda by'agamba kati.

Ebitundu bibiri eby'Endagaano Empya, ebinnyonnyola engeri abakkiriza leero gye balina okuyiga okuva mu Ndagaano Enkadde, bikola okunnyonnyola omusingi guno.1 Abakkolinso 10:6–11 enyumya ku byaliwo mu Ndagaano Enkadde, "ebyaliwo ng'ebyokulabirako okutu, uuma abutassa mitima gyaffe ku bintu ebibi nga bwe bakola."Abbaebbulaniya 11 ayogera ku byokulabirako bingi eby'Endagaano Enkadde ebisaanidde okugobererwa. Abakkiriza ab'ennaku zino balina okusalawo oba ekyokulabirako kye kimu kye tusaanidde okwewala oba okukoppa nga tusalawo buli muntu kye yakola mu mbeera ye n'engeri Bayibuli gy'eyogera ku bikolwa bye. Olwo ne tukola ku bikolwa ebyo kye bitegeeza gye tuli mu mbeera zaffe leero. Kiyamba okulaba engeri ekkanisa eyasooka gye yavvuunulamu Endagaano Enkadde, kunaga n'amakanisa ag'enjawulo ag'omu kyasa ekyasooka tegali mu mbeeera ze zimu. Baali bagagga oba baavu, balina ennono z'amawanga ez'enjawulo, baali mu kabi akatono oba akatono ak'okuyigganyizibwa, era twawukana mu ngeri endala ez'amakulu nazo.

**Omusingi 3. Ggwe mutima ogutegeeza, enjigiriza y'ensi yonna esirifu, eya buli kitundu ky'Ekyawandiikibwa ekikozesebwa mu buwangwa mu nsi yonna.**

Buli kiragiro na buli kyakulabirako kirina amakulu amakkusike. Ebitundu ebyali bigendereddwamu okuba eby'ensi yonna birina amakulu amakkusike agafanagana n'ekitundu. "Tobba nga" kirina amakulu ge gamu buli wamu. Ebitundu ebisinga, naye , byogera ku mbeera etali ya bulijjo oba okuwa ebiragiro ebiwerako eri abantu abamu ebitatera kukozesebwa nnyo. Mu bitundu ebyo, amakulu amakkulu galina okuggibwa mu mbeera n'ekitundu. Enjigiriza enkulu bulijo ekwata ku buli muntu mu buli kiseera mu byafaayo, wadde ng'okukozesebwa kujja kuba kwa njawulo mu mbeera ez'enjawulo. Amakulu gano ag'omusingi gw'ensi yonna ge tuyita mu butuufu "ekituukiridde mu bayibuli." [p.10]. Ensonga eno ejja kweyongera okutegeerekeka okuva ku nkola y'emitendera esatu ey'okuzuula n'oluvannyuma okukozesa amakulu amakkulu.

Kubanga omusingi ogw'okuna gwa njawulo mu mpisa, tujja kwetegereza enkola eya bulijjo ey'okuzuula n'okussa mu nkola amakulu g'ebitundu bya bayibuli nga tetunnabiyingiriza. Emitendera giba gya butereevu era myangu. Naye, kirungi okubigendako n'obwegendereza, kubanga okukozesa obuwangwa obutali bumu oluusi kuyinza okuba okuzibu ennyo.

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

***Enkola ey'emitendera esatu ey'okuzuula n'okukozesa amakulu amakulu***
***Eddaala 1. Salawo "Kyabagamba ki?"*** Baani abaali bagendererwa, "ababiwulira abaasooka? Embeera yaabwe yali etya, embeera gye baalimu? Makulu ki omuwandiisi geyali agenderera bafune okuva mu mpuliziganya eyo?

***Eddaala 2. Tegeera "Kitegeeza ki?"*** Kiki ekirimu nga kitwaliramu bonna wano? Amakulu amakulu ge galiwa? Kino kyandibadde kitya okuwandiikibwa mu ngeri ey'awamu? Olw'okuba abantu bafaanagana mu bintu ebikulu (Dye, T. W. 1987, 42-43), embeera yaabwe y'embeera ya buli muntu mu kiseera ekimu oba ekirala. Kirungi okugezaako okwogera amakulu gano agenzingiramu bonna mu bigambo ebyangu.

***Eddaala 3. Buuza "Kitegeeza ki gyendi?"*** Amakulu gano ag'aboona gakwata gatya ku ffe n'abatuwuliriza, mikwano gyaffe, oba bannaffe wano ne kati? Wano akapiira we kasisinkanira ekkubo. Omutendera guno gutera okuba omw'angu okukola singa tuba tukozesa amakulu ku ffe oba ku muntu nga ffe.[7] Singa okukozesa kuba ku buwangwa obw'enjawulo, olwo tujja kufuna obuzibu okutegeera engeri y'okugakozesaamu. Abakozi abasala obuwangwa bajja kuba balina okwesigama ennyo ku buyambi okuva mu bantu abali munda mu buwangwa obwo okukikola.

Kino kitutuusa ku musingi ogw'okuna.

**Omusingi 4. Ebiragiro bya Baibuli biriwo okutuyamba okwagala Katonda n'abantu abalala.**
Omusingi guno gwe gusinga obukulu era gwe gusembayo okukozesebwa. Pawulo yateeka enkolagana yaagwo n'amateeka amalala bw'ati:

> Temubeeranga na bbanja lyonna eri omuntu yenna, wabula okwagalananga; kubanga ayagala muntu munne ng'atuukiriza amateeka. Kubanga amateeka gano nti, "Toyendanga, tottanga, tobbanga, teweegombanga," n'etteeka eddala, ligattiddwa mu kino nti, "Yagalanga muliraanwa wo nga bwe weeyagala wekka." Ayagala muliraanwa we tamukola bubi; noolwekyo okwagala kyekuva kutuukiriza amateeka. (Abaruumi 13: 8-10)

Ekigendererwa ky'ebiragiro ebyo byonna ebikwata ku nkolagana wakati w'abantu kwe kutuyamba okumanya engeri y'okwagala abalala mu mazima. Mu ngeri emu, waliwo ebiragiro bibiri byokka ebisukkulumye ku byo: sooka oyagale Katonda era ne muliraanwa wo nga ggwe kennyini. Ebisigadde byonna biragiro ebikwata ku ngeri y'okugondera bino ebibiri.

***Okutegeera Engeri y'Okwagala Abalala Kizibu***
Ffe abantu tetusobola kumanya kwagala balala mu ngeri ya butuukirivu, n'olwekyo kituwandiikiddwa mu njigiriza nnyingi ez'empisa eziri mu Bayibuli. Pawulo yakiraga bulungi okwagala kye kuli mu 1 Abakkolinso 13. Okwagala kugumiikiriza, kwa kisa, kusanyuka n'amazima, kukuuma, kwesiga, kusuubira, kugumiikiriza, era tekulemererwa. Okwagala tekukwatirwa buggya, kwewaana, kwegulumiza, kwa mpisa, kwefaako, okwanguyirwa okusunguwala, okuwandiika ebikyamu, oba okusanyukira ebibi.

Omukwano ogw'ekika kino gulina okuwangaala buli lunaku mu nkolagana y'amaka ne mu nkolagana n'abantu ab'enjawulo baliraanwa. Okwagala okw'ekika kino si kwangu, wabula kuva mu "mutima omulongoofu n'omuntu ow'omunda omulungi, nokukkiriza okutalimu bukusa" (1 Timoseewo 1:5). Kyangu katono mu buwangwa bw'omuntu yennyini ng'amanyi amateeka g'obuwangwa ag'okwagala abalala; kizibu nnyo mu buwangwa obulala ng'empisa za njawulo. Mazima ddala, ebintu ebiwerako ebikwata ku kwagala bibuzabuza era emirundi mingi tebitegeerekeka bulungi.

**1. Okwagala ng'okuyigiriza okukwata ku butonde bwona era nga enjigiriza erimu ebikwata ku nsonga eno mu bujjuvu**
Mu butuufu, waliwo ebika bibiri eby'ebiragiro eby'okwagala abalala mu Byawandiikibwa: eby'obutonde bwonna n'eby'obujjuvu. Abantu beetaaga byombi. Tetugumiikiriza kwelimbalimba nti mu ngeri emu oba endala tuyinza okumala gabeera mu kwagala ne tusimbira ekkuuli enjigiriza endala entongole ezisangibwa mu Ndagaano zombi zonna (naye naddala Empya). Katonda yali akimanyi nti abantu bazeetaaga, y'ensonga lwaki mweziri. Ffe abantu tubeera mu nsi enzibu era etera okusoberwa; tetumanyi ngeri ntuufu ey'okwagala abalala awatali kulambikibwa kwa njigiriza n'ebyokulabirako ebingi eby'Ebyawandiikibwa.

Mu kiseera kye kimu, emirundi mingi tetumanyi ngeri ya kuvvuunula bulungi enjigiriza zino ezirambikiddwa mubujjuvu, n'olwekyo omusingi gw'okwagala gutuwa ekitangaala kinene ku ekyo kye tusaanidde okukola. Okukozesa ebiragiro bibiri bwe kulabika ng'okukontana, oba obuwangwa bubiri bwe bukwatagana ne kiba nti kizibu okumanya enkola ki ekwatagana, omusingi gw'okwagala gusobola okutulaga ekkubo.

**2. Enjawulo mu buwangwa ku kiki okwagala okwa nnamaddala okw'Ekikristaayo**
Abantu mu kibiina ekimu bwe bawulira Bayibuli ng'egamba nti, "Yagala muliraanwa wo nga ggwe kennyini," baba n'endowooza ku ngeri okwagala okwo gye kwandifaanana; omuntu waabwe ow'omunda alina embeera y'obuwangwa ababuulira kye balina okukola. Ebigambo ebirala, "kola abalala nga bw'oyagala abalala bakukole" bitangaaza. Kigendereddwamu okuwa omuntu endowooza ku ekyo omuntu omulala ky'ayinza okwegomba. Okwagala kubuuza nti, "Nnandiyagadde munnange ankolere ki singa nze abadde mu mbeera ye?"

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

Kyokka, etteeka eryo liwa obulagirizi obutono mu mawanga amalala. Naye, Omuntu bw'agezaako okulaga omukwano [p.11] eri muliraanwa okuva mu buwangwa obw'enjawulo ennyo, "nga ggwe kennyini " tatera kulagga kwagala. Ng'ekyokulabirako, singa mukyala wange agabula Abamerika abasinga obungi emmere erimu ennyama y'embizzi, ekikolwa kye bandikirabye nga eky'okwagala. Singa yagabula Omuyudaaya oba Omusiraamu oba omulya enva endiirwa emmere eyo y'emu ey'ennyama y'embizzi, kyandibadde kinyiiza nnyo.

Twalowooza nti twali tulaga omukwano eri Bahinemos nga tubatwala mayiro amakumi abiri ku lyato okutuuka mu ddwaaliro. Wadde ng'obulamu bw'abantu abawerako bwataasibwa, eddwaaliro lyalabika ng'ekkomera gye bali naddala olw'okukkiriza kwe baalina ku kufa. Baali balowooza nti singa omuntu affa wala nnyo n'awaka, omuzimu tegujja kusobola kufuna kkubo lya kuddayo olw'emitendera emikulu egy'okuziika, ne kireetawo obuzibu obw'akatyabaga eri amaka gonna.

Ebikolwa omuntu omu by'alaba ng'eby'okwagala mu buwangwa obumu mu butuufu biyinza okuleeta obulabe ku muliraanwa mu buwangwa obulala.
Ebikolwa ebimu biyinza n'okubaleetera okwesittala n'okufirwa okukkiriza. Kyetaagisa okunoonyereza omuntu nga tannamanya bantu ba kitundu mu buwangwa obulala kyebandiyagadde omuntu akole okulaga omukwano mu mbeera eyo. Ebiseera ebisinga kyetaagisa okwagala kwa'bakkolinso ekisooka 13, okugumiikiriza era okw'ekisa, naye nga si kwa malala, obukambwe, okwenoonya oba okusunguwala amangu.

Ebyo nga byogeddwa, waliwo ekkomo eryesigamiziddwa ku Byawandiikibwa ku bbanga omuntu ly'ayinza okutuuka mu kukyusa enneeyisa ye. Ffe Abakristaayo tetusobola kumala gakola ekyo kye tulowooza nti kya kwagala ne tubuusa amaaso enjigiriza y'ebyawandiikibwa. Wabula, tulina okwagala abalala mu ngeri zombi ezitegeeza okwagala era nga kivaamu okugondera ebiragiro byonna ebya Bayibuli. Ekikulu okwagala abalala kitulaga engeri y'okussa mu nkola ebiragiro: tekibidda mu kifo kyabyo.

***Nga tukozesa Emitendera gy'Okuvvuunula: Ebyokulabirako Bibiri ebya Bayibuli***

**Okunaaba Ebigere**

Ng'ekyeggulo eky'enkomerero tekinnatuuka, Yesu yanaaza ebigere by'abayigirizwa be n'agamba nti, "
Kaakano nga nze Mukama wammwe era Omusomesa wammwe nga bwe mbanaaziza ebigere, nammwe musaana okunaazagananga ebigere. Mbalaze ekyokulabirako, mukolenga nga Nze bwe mbakoze. (Yokaana 13:14-15)
Amakanisa matono ag'omulembe guno agagondera kino mu butuufu. N'amakanisa ago agakola okunaaba ebigere mu butuufu gakikola mu mbeera ez'enjawulo ennyo era ng'ekikolwa eky'akabonero kyokka. Waliwo ensonga etegeerekeka; okunaaba ebigere nga bwe kyalagirwa mu kusooka kyandibadde kitono mu buwangwa abantu mwe bambala engatto n'amasokisi, batambulira ku peva, n'okunaaba ennyo

Kino kitegeeza nti ekiragiro kisaana okubuusibwa amaaso? Kya lwatu nti si bwe kiri! Omusingi ogusooka ogw'okuvvuunula kwe kuba nti Ebyawandiikibwa byonna bya mugaso gwaffe era birina okugonderwa. Waliwo amakulu agategeerekeka era agakkirizibwa ennyo ag'ennaku zino, amakulu agalabika nga geeyoleka ng'ogoberera enkola.

Ka tuyite mu mitendera esatu egy'okukozesa.

***Omutendera 1: Kino kyabagamba ki?***

Munaazaganenga ebigere. Ensonga y'ekiragiro kino yali kibuga ekirimu enfuufu nga tekirina nkola za mazzi n'obuyonjo ezirabika obulungi, nga waliwo ebisolo bingi mu nguudo, n'abantu abatambula nga tebalina ngatto oba nga bambadde engatto ezitabika bigere. Omuntu ne bw'eyanaabanga nga tannagenda mu maka ga mukwano gwe, we yatuukiranga nga ebigere biddugadde. N'olwekyo, omuntu omulunji ayaniriza omugenzi yalagiranga omuweereza okunaaza ebigere by'omugenyi we nga tannagalamira bulungi okulya (Lukka 7:44). Omulimu guno ogwa wansi, omucaafu, naye ogw'omugaso, Yesu gwe yayigiriza abayigirizwa okukolera bannaabwe. Gano ge makulu eri ekibinja ky'abasomi n'abawuliriza abaasooka.

***Omutendera 2: Kino kitegeeza ki?***

Ekituufu mu Bayibuli kiyinza okugambibwa bwe kiti, "Ka kibe nti omulimu gwo mukulu gutya mu kibiina ky'Abakristaayo, bulijjo beera mwetegefu okukola emirimu egya wansi, egitakkirizibwa okuganyula mukkiriza munno oba omuntu munno."

***Omutendera 3: Kitegeeza ki gyendi?***

Ensi ey'omulembe guno mazima ddala erimu ekifo kinene eky'okuweereza mu ngeri ey'obwetoowaze era ey'okwagala. (Wano omusingi ogw'okuna ogw'okutaputa we guyingiriramu.) Waliwo enkola ezitali zimu ezikozesebwa ku kiragiro kino. Abantu abalwadde n'abafa, nga mw'otwalidde n'abalina akawuka ka mukenenya, beetaaga okulabirira. Abasibe basobola okukyalibwa n'abaakosebwa obumenyi bw'amateeka ne bayambibwa. Empeereza ya bulijjo ey'okufumba, okuyonja, okulabirira abaana abawere na'bakadde yetaaga okufibwako. Olukalala lugenda mu maaso. Ekkanisa esobola okusigala ng'egenda mu maaso kubanga waliwo abadinkoni, abayonja, abakola mu nasale, wamu n'ababuulizi n'abasomesa. Abakristaayo abakola omugabo gwabwe mu mirimu gino egya wansi baba batuukiriza ekiragiro oba nabo beetaba mu mukolo ogw'akabonero ogw'okunaaba ebigere oba nedda.

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

**Okusiba omumwa gw'ente ewuula eŋŋaano**
Omutume Pawulo yavvuunula ebitundu by'Endagaano Enkadde bw'ati mu 1 Abakkolinso 9:9-10 ne 1 Timoseewo 5:17-18. Yali agamba nti abakozi Abakristaayo basaanidde okusasulwa, era yakakasa ensonga ye ng'ajuliza ekiragiro ekiri mu Ekyamateeka 25:4 ekigamba nti, "Ente temugisibanga mimwa bwe munaabanga mugikozesa okuwuula emmere ey'empeke".

Pawulo yakola atya okubuuka kuno okw'ekyewuunyo okuva ku nte okudda ku bantu? Goberera Emitendera gy'Okusa munkola. (Omutendera 1: Kigamba ki?) "Ente temugisibanga mimwa bwe munaabanga mugikozesa okuwuula emmere ey'empeke".Mu kitundu kya 1 Abakkolinso yagenda mu maaso n'okubuuza nti, "Katonda afaayo ku nte? Mazima kino atugamba ffe, si bwe kiri?" Eky'okuddamu mu kibuuzo kye kiri nti nedda, si mu kitundu kya bayibuli ekyasooka. Amakulu agaali gagendereddwamu eri abawuliriza abaasooka ddala gaali gakwata ku ngeri ebisolo gye biyisibwamu mu bwenkanya.

Naye Pawulo yalaba amakulu amakusike (Omutendera 2: Kitegeeza ki?) Ekinyusi ky'ekitundu ekyo kiri nti oyo akola ennyo agwanidde okufuna okusasulwa olw'omulimu gwe. (Omutendera 3: Kitegeeza ki gyendi?) Endowooza eyo erina enkozesa nnyingi. [p.12] Yakikozesa okutegeeza nti abantu mu bitundu by'Abakristaayo balina okusasula abasumba baabwe. Ate era, olw'okuba abantu bakulu nnyo okusinga ebisolo, Pawulo yagamba nti kino kye kigendererwa ekisinga obukulu eky'ekiragiro ekyo. Yesu era yagamba nti abantu be baali ekigendererwa ky'ebitundu ebikwata ku nte mu ndagaano enkadde (Lukka 13:15; 14:5).

Kino si kukozesa kweyoleka okw'ekitundu ekikwata ku ngeri yokuyisamu ente, naye Yesu ne Pawulo baagoberera emitendera gy'okukozesa gye tuli.

***Ebimu ku Byokulabirako Ebitali byakweyoleka nnyo.***
Oluusi emisingi gino ena egy'okuvvunula myangu okussa mu nkola. Abakristaayo leero bakiraba nti balina okuyambako mu kuyonja n'okukolera Abakristaayo abalala emirimu egimu emikyaafu nga tebakimanyi nti "banaaza bigere." Ebiseera ebirala, enkola eno eba nzibu. Mu mbeera ezimu ebizibu biva mu kulekayo emu ku mitendera esatu okuzuula amakulu amakusike. Mu mbeera endala, ekibinja ky'Abakristaayo bawulira nti okukozesebwa okumu kweyolekera ddala. Ekyo bwe kibaawo, omusingi n'okugukozesa bifuuka ebikwatagana mu birowoozo byabwe, olwo okukozesa ne kufuuka amakulu. Mu ngeri endala, Abakristaayo bano batabudde enkola ey'obuwangwa entongole n'ekintu ekituufu ekya bayibuli ekituukiridde. N'ekyivaamu ziziyiza okukozesa okw'enjawulo ng'embeera ekyuse.

Ebiragiro ebimu ebya bayibuli biwandiikibwa mu bigambo ebikola wona, n'olwekyo omutendera ogw'okubiri tegwetaagisa. Ng'ekyokulabirako, "Tobbanga," kyali kiragiro kya njawulo eri Abayisiraeri ab'edda, naye era kyali kiragiro kya bonna eri abantu bonna buli wamu. Ebiragiro by'Endagaano Empya nga "ba musembeza" oba "beera wa kisa" byaweebwa abantu abamu, naye ebigambo byali bya bonna mu nsi yonna. Ekisa, okusembeza abagenyi, n'obubbi byonna bitegeerekeka mu buwangwa buli wamu. Ebigambo ng'ebyo eby'ensi yonna bituusa Abakristaayo mu nsobi nti okukozesa nakwo kweyoleka bulungi era kwa bonna so nga mu butuufu kukosebwa obuwangwa. Kino tusobola okukiraba nga twekenneenya engeri ebiragiro ebimu gye byagonderwamu mu Ndagaano Empya, nga mw'otwalidde n'ekyokulabirako kino wammanga okuva mu bulamu bwa Yesu.

**Okubba kyeki?**
Katutunuulire obubbi, nga tukozesa Enkola y'okukozesa ey'emitendera esatu. (Omutendera 1): Kino kyabagamba ki? "Tobbanga." Olw'okuba kiwandiikiddwa mu bigambo ebya ebikwata ku bonna, omusingi gw'ensi yonna gwe gumu n'ekigambo ekyasooka, "totwala ekyo ky'otolina ddembe kutwala." N'olwekyo omutendera ogusooka n'ogwokubiri gwe gumu. Kyokka, engeri gye zikozesebwamu zaawukana okusinziira ku buwangwa. Singa Yesu yali abeera mu Amerika era n'akola ebintu bye bimu ddala Enjiri bye bitugamba nti yakola, yandibadde mubbi. Yali antambula mu nnimiro ezaali ez'abantu abalala nalya ebibala, era n'Abafalisaayo nebatemulugunya.[8] Naye singa mpita mu lusuku lw'Abamerika ne nnoga ebibala nsobola okukwatibwa olw'obubbi. Singa nneewozaako mu kkooti nga ŋŋamba nti Yesu yakikola, nnyinza okufuna erinnya lyange mu lupapula lwa mawulire, naye sijja kulekebwa.

Enjawulo eri mu nkozesa. (Omutendera 3): Kitegeeza ki gyendi? Yesu yali abeera mu buwangwa, okuyita mu bitabo bya Musa, obwali bulambuludde eddembe ly'olukale nga omuli n'okunoga ebibala, kasita biba nga biriibwa mu kifo ekyo. Engeri gavumenti ye bwe yawa Yesu eddembe okutwala ekibala ekyo, yali tabba. Obuwangwa bwange tebuwa muntu ddembe kulya bibala bya muntu mulala okuva mu lusuku lw'ebibala. Nnandibadde nsaba olukusa okutwala ekibala ekyo, oba si ekyo kwandibadde kubba.

Okunoonyereza okumu okw'obwegendereza kuyinza okwetaagisa okugenda mu kutegeera abantu abali mu buwangwa obumu kye balina eddembe okutwala. Ebibinja by'abantu bingi mu Irian Jaya birina amateeka ag'enjawulo ennyo ku muntu by'alina eddembe okutwala. *Emboozi y'ennaanansi* (Gothard ne Koning 1978) annyonnyola obutakkaanya wakati w'obuwangwa nga buva ku mateeka ag'enjawulo agakwata ku bwannannyini ku birime. Singa omuminsani yabuuza nti, "Ani alina eddembe okutwala ennaanansi?" era nga akkiriza mu bye baamugamba, yandibadde yeewala emyaka mingi egy'obutategeeragana obwali butyoboola obujulizi bwe. Omu Irianese mu mboozi yalina etteeka eritangaala, "Omuntu azisimba y'azirya." Olwo ebiva mu nnimiro bikozesebwa n'omutima omugabi okuzimba obuvunaanyizibwa eri

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

obukulembeze obw'omu maaso. Bannannyini lusuku lwabwe bayinza okuteeka ekikolimo ku lusuku lwabwe okulukuuma okuva ku babbi nga bayita obuyinza obw'oku ntikko, ebiseera ebisinga jjajjaabwe. Abantu b'omu kitundu ekyo tebaalina bumanyirivu wadde okutegeera ku mirimu egy'omusaala. Omuminsani yatwala enkola y'omulimu ogw'omusaala, "Bwe nsasula omulimu, nze nnannyini kintu kyonna ekikolebwa omulimu ogwo."

**Ennyonyola z'Obuwangwa ku Kusembeza abagenyi**
Ekiragiro "okusembeza abagenyi" (Abaruumi 12:13) kitegeerekeka buli wamu, naye si mu ngeri y'emu. Nze ne muwala wange bwe twakyalira abantu b'e Tboli ab'e Mindanao mu Philippines mu 1974, Abakristaayo baatuwa ebirabo n'okusembeza abagenyi nga bwobigatta bikola omusaala gw'omwezi gumu. Obuwangwa bwabwe buteekawo omutindo gwa waggulu nnyo ogw'okusembeza abagenyi, era guno gwe mutendera gw'ekisa gwe baawulira nti balina okulaga mikwano gy'omuvvuunuzi waabwe omwagalwa.

Ng'abaminsani tutera okuba abasembeza Abakristaayo mu Amerika. Abantu bangi bagguddewo amaka gaabwe ne batulaga ekisa ekinene, wadde nga twali bagenyi. Kyokka tewali muntu yenna asemberera kutuwa musaala gwa mwezi mulamba mu kusembeza abagenyi. Tetusuubira kintu ng'ekyo mu buwangwa bwomu mambuka g'America. Ekiragiro eky'ensi yonna [p.13] kiteekwa okuba n'okwolesebwa okutuukira ddala ku buwangwa.

**Emitendera gy'Obuwangwa egy'Obugabi**
Ekiragiro kya Bayibuli (Omutendera 1) kigamba nti "beera mugabi era nga mwetegefu okugabana" (1 Timoseewo 6:18). Amakulu geeyoleka bulungi nti ge gamu (Eddaala 2). Naye okusaba kwa njawulo nnyo eri omutuuze w'oku kyalo Isneg mu bukiikakkono bwa Philippines okusinga bwe kiri eri ffe (Omutendera 3). Singa omu Isneg ajja mu kyalo kye n'ekisero ky'ennaanansi okuva mu lusuku lwe, n'awaayo ebitundu bibiri ku bisatu ku zo, yanditwaliddwa ng'omukoddo. Omutindo gw'ebyobuwangwa kwe kuwaayo ebitundu bisatu ku buli kimu. Singa nakomawo okuva mu dduuka ly'emmere nempaayo ebitundu bibiri ku bisatu eby'emmere yange eri baliraanwa bange, era bandibadde bafaayo —ku ndowooza yange ey'amagezi.

Tubeera mu buwangwa obw'enjawulo, nga tulina emitendera n'enkola ez'enjawulo ez'okugabana. Ekiragiro kya bonna, naye okukozesa kwe kukwata ku buwangwa . Kirungi okukozesa buli kiseera emitendera esatu egy'okukozesa n'okuyigiriza abantu mu buwangwa obulala okukikola.

**Ebinywegero Ebitukuvu**
Ekyokulabirako ekirala eky'obuwulize obuteekeddwa mu mbeera y'engeri obuwangwa obw'enjawulo gye bugoberera ebiragiro nti (Omutendera 1) "Mulamusaganye n'okunywegera okutukuvu" (Abaruumi 16:16, 1 Abakkolinso 16:20, 2 Abakkolinso 13:12, 1 Abasessaloniika 5:26, 1 Peetero 5:14). (Omutendera 2) Mulamusaganye mu ngeri ey'ebbugumu era ey'okwagala. Abantu ab'obuwangwa obw'enjawulo bwe bagoberera (Omutendera 3), obuwangwa obumu mu butuufu bunywegera. Abalala bakyusakyusa mu kuwambatira, okukwatagana mu ngalo mu ngeri ey'ebbugumu, okufukamira, oba wadde eddoboozi ery'omukwano lyokka n'okumweenya. Mu ngeri nga jekikolebwa, okwagala, ekitiibwa, n'omukwano biwuliziganya mu ngeri ennungi.

**Okulabirira Abakadde–Mu ngeri y'ebugwanjuba**
Twala ekyokulabirako ekirala, ekiragiro "ssa ekitibwa mu kitaawo ne nnyoko" (Omutendera 1 ne 2). Ekkanisa eyasooka yakiraba bulungi nti okussa ekitiibwa mu bazadde b'omuntu kizingiramu okubalabirira nga bakaddiye. Ekkanisa yalabiriranga abakadde abatalina baana abalabirira. Yesu yanenya Abafalisaayo olw'okusiba ekkubo lyabwe okuva mu buvunaanyizibwa bw'obuzadde nga bawa Katonda ebyo ebyandibadde bigenda eri abazadde (Matayo 15:1-9). Lumu nnawulira Senator w'e Fiji ng'agamba mu lujjudde nti ebibiina by'amawanga g'obugwanjuba "biri mabegga" kubanga okulabirira abakadde ennyo bakirekera ebitongole bya gavumenti. Mu ndowooza ye, abakadde balina okulabirirwa ab'omu maka gaabwe, era balina okubeera nabo. Mazima ddala enkola ye eri kumpi n'ebyo ebyakolebwa ekkanisa eyasooka.

Ffe Abakristaayo b'Amerika, nga mw'otwalidde n'abakadde abasinga obungi, ensonga eno tugiraba mu ngeri ya njawulo (Omutendera 3: Kitegeeza ki gyendi?). Tulaba amakulu nga mu bukulu tegakyusiddwa, naye tugamba nti nga tukozesa enkola za gavumenti ezikola obukuumi bw'abantu n'obuweereza bw'abantu, mu butuufu tuba tutuukiriza obuvunaanyizibwa bwaffe. Nga Abamerika bangi bwe balaba ebintu, amaka gaffe tegalina kifo kya muntu wa maka ow'enjawulo, era n'abakadde tebaagala kwesigama ku maka gaabwe. Enteekateeka endala bwe ziba tezimala, lwe tusuubira nti amaka gajja kuyingiza abazadde abakaddiye. Kino kyakulabirako kya buwulize ekituukagana n'embeera y'obuwangwa bwa bantu abamu Amerika.

**Omukristaayo Asaanidde Okunywa Ssigala?**
Mu byokulabirako waggulu, obuwangwa bw'ebika bunywedde ku kutegeera okw'amaanyi okw'ekiragiro okusinga Abamerika. Tuleme okumaliriza nti ensonga eno ya butabeera ba mwoyo bw'Abamerika, wano waliwo ekyokulabirako eky'enjawulo. Okufaananako n'ababuulizi b'enjiri bangi mu Amerika, nze ne mukyala wange tetunywa ssigala. Tututte ekiragiro ekiri mu 1 Abakkolinso 6:19-20 okutegeeza nti tulina okufaayo ku mibiri gyaffe. Tukimanyi nti okunywa sigala kyongera obulabe bw'okukwatibwa endwadde. Ennaku zino Abamerika bangi bakkiriziganya ne kino, okutuuka ku ssa nga

beetegefu okukaluubiriza abanywa sigala obulamu okusobola okuggya ddala omukka gwa sigala mu ofiisi ne mu bifo eby'olukale.

Abakristaayo b'e Bahinemo be twamala nabo emyaka mingi mu Papua New Guinea baali baagala nnyo okugondera Katonda n'ebiragiro bye. Twabayigiriza okugenda mu Kigambo kya Katonda okusinga okugenda gye tuli okufuna eby'okuddamu mu bibuuzo byabwe eby'obulamu. Twandibaddeyo emyaka mitono gyokka era nga twagala beesigame ku Yesu okufuna obuyambi. Bingi kubyatuswaza wakati mu bakozi bannaaffe abaminsani, tebaalaba kiragiro kyonna kigaana kunywa ssigala mu Bayibuli era nga tebalina bukakafu nti kyali kibi. Kino kyali mu mbeera ya Katonda ng'abasingisa bulungi ebibi ebirala mu bulamu bwabwe.

Bahinemos baali bakimanyi nti Bayibuli etulagira okulabirira emibiri gyaffe, naye tebaalaba kakwate konna wakati w'okunywa sigala n'endwadde. Endowooza y'ekivaako ekyeyongera mpola n'endowooza y'emitindo ey'akabi bigwira ddala eri endowooza yaabwe ey'ensi. Okuggyako nga tusobola okubalaga enkolagana y'ekivaako n'ekiddirira, tebaali beetegefu kukkiriza ndowooza yaffe nti endwadde z'amawuggwe ez'ekyewuunyo n'okukoloola bye baalina byali biva ku kunywa sigala. Ate era, taaba alimibwa mu kitundu abawa ekimu ku bintu ebitono ebibasanyusa mu nsi ejjudde ebiwuka n'obutabeera bulungi. Era y'emu ku ngeri entono gye basobola okusembeza abagenyi, mu muwendo gwa waggulu nnyo. Abatonotono bokka abaali balwadde ennyo olw'endwadde z'amawuggwe be baalekera awo okunywa sigala olw'ensonga z'obulamu, wadde nga nnafuba okusomesa ku nsonga eno.[9]

Mu myaka egyasooka egy'ekkanisa twandibadde tubagamba bugambi nti, "Toyinza kunywa ssigala n'obeera Mukristaayo." Anti ffe twali ababuulizi b'enjiri baabwe abaasooka era ensibuko y'ebyo byonna bye baali bamanyi ku njigiriza zino empya. Kyokka, okukola ekyo tekyandisibye kuyigiriza kwaffe ku Byawandiikibwa. Kyandibamatiza nti waliwo ebintu ebimu by'otogenda mu Byawandiikibwa n'akatono. Ekyandivuddemu kyandibadde kya kukendeera mu kwagala okugondera Ekigambo kya Katonda ng'ensibuko enkulu ey'okumanya by'ayagala. Kyandibadde kyangu [p.14] okwongera ku kulimbibwa kwabwe eri buli eyeeyita "nnabbi" eyajja.

***Okumaliriza n'Okufunza***

Ekitundu kino kigezezzaako okunnyonnyola lwaki kisaanidde Abakristaayo okutaputa n'okussa mu nkola enjigiriza za Bayibuli okusobola okuzifuula ezituukira ddala ku buwangwa bwabwe. Okuyita mu byasa, abakkiriza mu butonde bakoze okusaba ng'okwo nga tebakimanyi. Mazima ddala, endowooza zaabwe ku ebyo Ebyawandiikibwa bye byali bibasaba zaali zibumbiddwa nnyo obuwangwa bwabwe ne kiba nti emisingi n'okukozesebwa kwabwe mu buwangwa byali bikwatagana. Ebbaluwa naddala zituyigiriza nti ekibiina ky'Abakristaayo kisaana okutuuka ku kutegeera kwakyo ku ngeri Bayibuli gy'erina okukozesebwamu. Ne bwe kiba nti abakkiriza mu buli kitundu baali bakuze mu bujjuvu, wandibaddewo enjawulo mu ngeri gye bagondera Bayibuli.

Twayanjudde emisingi ena egy'okusalawo engeri ekiragiro gye kikozesebwa.

1. Ebyawandiikibwa byonna, Endagaano Enkadde n'Empya, birina obuyinza ku bantu bonna, mu buli mulembe ne mu buwangwa.
2. Waliwo ekibinja ky'abasomi n'abawuliriza eky'olubereberye buli kitundu kye kyawandikira.
3. Amakulu amakkulu, aga buli kiragiro ky'Ebyawandiikibwa gakozesebwa mu buwangwa bwonna; kino kye kituufu ekituukiridde ekya Bayibuli.
4. Ekiragiro ky'okwagala abalala nga bw'eweyagala ggwe kennyini kiraga ekigendererwa ky'ebiragiro ebirala, era bwe kityo kiwa engeri y'okugonjoolamu emisango gy'enkaayana z'obuwangwa n'endala mu kutaputa.

Enkola y'okukozesa ey'emitendera esatu eyamba omuntu okuzuula amakulu amakkulu n'engeri gye gakolamu mu mbeera yonna entongole.

Omutendera 1. Kino kyabagamba ki? (Amakulu agasookerwako)
Omutendera 2. Kitegeeza ki? (Amakulu amakulu)
Omutendera 3. Kitegeeza ki gyendi? (Amakulu ag'obuntu oba eri mikwano gyange mu buwangwa obulala)

Emisingi gino ena egy'okukozesa n'Enkola y'okukozesa ey'emitendera esatu biraga amakulu amakulu ag'ekiragiro.

***Ebiwandiiko ebisembayo***

[1] Si nti nnali ndowooza nti nsobola okubeera mu butuukirivu, naye nnalowooza nti singa nsobola okutuuka ku buwanguzi kyandibadde nga nkola mu mazima ebyo bye nnali njigiriziddwa kwe kubeera mu bulamu obutuufu eri buli muntu.
[2] Ebigambo byonna ebyayogeddwako mu kitundu kino bijiddwa mu New International Version.
[3] Abayindi n'Abafirika batera okukkaatiriza nti mu kkanisa bambale ekibikka ku mutwe oluvannyuma lw'okubategeeza nti twagala okukola ekituufu.
[4] Oludda Olulala, Nov-Dec. 1975 olw'ebyokulabirako bino n'ebirala.
[5] Wadde kyali kityo, Abakristaayo abakuze mu mwoyo gyabwe baali basabibwa okuva ku ddembe eryo olw'abamu ku bakkiriza abapya.
[6] Okusobola okukubaganya ebirowoozo mu bujjuvu ku ndowooza eno n'obuzibu bwayo obukusike, laba Geisler 1989. Enkola gye nkwata

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

yali esobola okulabibwa ng'enkyukakyuka ya "Graded Absolutism" (Geisler, 113-132).
[7] Ku luuyi olulala, bwe kiba nga kituwandiikiddwa, era nga kikontana n'ekintu obuwangwa bwaffe kye busiima oba kye butwala ng'ekikulu, tujja kusanga obuzibu okulaba amakulu amatuufu ag'ekiragiro ekyo n'okukissa mu nkola.
[8] Yesu yali amenya amateeka singa yakikola ku Ssabbiiti. (Makko 11:12-33). Mu musango gwe Abafalisaayo kino tebaakireeta ng'ekizibu.
[9] Gye buvuddeko abantu b'oku kyalo kino abeeyongera obungi bazze bategeera enkolagana eriwo wakati w'okunywa sigala n'ebyobulamu, ekivuddemu bangi okulekera awo okunywa sigala.

***Ebijuliziddwa***


Barrett, David.
1968. *Schism and Renewal in Africa: An Analysis of Six Thousand Contemporary Religious Movements.* Nairobi, Kenya: Oxford University Press.

Biblica, Inc.
2011. *The Holy Bible, New International Version.* Grand Rapids, MI: Zondervan.

Dye, Sally F.
1983. "Conflicting Standards of Goodness." *Notes on Scripture in Use* 6: 23-37.
2014. "Cultural Variation in Conscience: Part of God's Design." *International Journal of Frontier Missiology*, 31:1, Spring 2014.

Dye, T. Wayne.
1976. "Toward a Cross-Cultural Definition of Sin." *Missiology: An International Review* 4 (1): 27-41.
1987. "Hermeneutics and the SMR Model of Communication." *Journal of Translation and Text Linguistics*, formerly called *Occasional Papers in Translation and Textlinguistics* 1(2): 37-65.
2009. "Discovering the Holy Spirit's Work in a Community." In *Perspectives on the World Christian Movement: A Reader*. 4th Edition, edited by Ralph D. Winter and Stephen C. Hawthorne. Pasadena, CA: William Carey Library 493-496.

Geisler, Norman L.
1989. *Christian Ethics: Options and Issues*. Grand Rapids, MI: Baker Book House.

Gothard, Bill and Otto Koning.
1978. *The Pineapple Story.* Oak Brook, IL: Institute in Basic Youth Conflicts.

Henry, Carl F. H.
1957. *Christian Personal Ethics.* Grand Rapids, MI: Eerdmans.

McQuilkin, Robertson.
1995. *An Introduction to Biblical Ethics.* Wheaton, IL: Tyndale House.

Murchison, William.
1994. *Reclaiming Morality in America.* Nashville, TN: Thomas Nelson.

Naroll, Raoul.
1983. *The Moral Order.* Beverly Hills, CA: Sage Publications.

Priest, Robert J.
1993. "Cultural Anthropology, Sin and the Missionary." In *God and Culture*, edited by Carson, D. A. and John D. Woodbridge, 85-105. Grand Rapids, MI: Eerdmans.
1994. "Missionary Elenctics: Conscience and Culture." *Missiology* 22 (3): 291-315.
1997. "Christian Theology, Sin, and Anthropology." In *Explorations in Anthropology and Theology*, edited by Salamone, Frank A. and Walter Randolph Adams, 23-37. Lanham, MD: University Press of America.


T. Wayne Dye mu kiseera kino ye muyambi wa Pulofeesa mu by'ennimi ezikozesebwa mu ttendekero ly'ennimi erya Graduate Institute of Applied Linguistics e Dallas, Texas. Ye ne mukyala we Sally baaweereza ne Wycliffe Bible Translators ne SIL okumala emyaka 25 mu Bayibuli, enteekateeka y'okuvvuunula n'okusoma n'okuwandiika mu bantu b'e Bahinemo mu Papua New Guinea. Wayne alina diguli eyookubiri mu by'enkula y'abantu okuva mu yunivasite y'e Michigan ne diguli eyookubiri mu by'obuwangwa okuva mu Fuller Theological Seminary. Abadde aweereza nga omuwi w'amagezi era omutendesi wa SIL okuva mu 1973, yasooka mu Papua New Guinea, oluvannyuma mu nsi yonna. Asomesezza mu nsi ezisoba mu makumi asatu okwetoloola ensi yonna.

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

# EBY'OKWONGERAKO E

*Ekozesebwa n'olukusa okuva mu Eby'obugagga by'Obukulembeze*

**Sima era ozuule emisingi gya Ennono z'Okuvvuunula Ez'awamu ku lw'Okutegeera: Emisingi Emikulu**

## *Manya ebisingawo!*

Eby'obugagga by'Obukulembeze buweereza bwa kukubiriza n'okutendeka abasumba n'abakulembeze b'ekkanisa okwetoloola ensi yonna. Enkolagana yaffe ey'okutendeka eyamba abasumba mu kubuulira ekigambo kya Katonda n'omutima gwa Katonda. Ebitabo byaffe n'enkiiko bikubiriza ekkanisa okwoleka omutima gwa Kitaffe, asobole okutukozesa okujjuza ensi ekitiibwa kye.

## Okwenyigira mu Buweereza naffe

• Okuyiga engeri ggwe oba ekkanisa yo gye muyinza okwenyigira mu kunyweza ekkanisa y'ensi yonna olw'obuweereza bwa Baibuli, genda ku: www.leadershipresources.org/getinvolved
• Abasumba, musime mu Byawandiikibwa n'abasumba abalala mu kitundu kyammwe olw'okugatta okuliisa nga tuyita mu Fellowship of the Word yaffe. Ebisingawo bisange ku: www.leadershipresources.org/FOW

## Funa Ebikozesebwa Ebirala

• Ebikozesebwa mu bukulembeze era bireeta okuzzibwamu amaanyi kw'Ebyawandiikibwa okuyita mu nkuŋŋaana za Baibuli, ebitabo, n'amaloboozi. Laba omukutu gwaffe ogwa yintaneeti ku: www.encouragementoftheword.org

## Tukwasaganye naffe

• Okufuna emboozi n'amawulire agakwata ku ngeri Katonda gy'akola ng'ayita mu kutendekebwa kwaffe n'obuweereza bwaffe, awamu n'ebikozesebwa mu kubuulira okuyiga Baibuli, n'okufuuka abayigirizwa, kwatagana naffe ku yintaneeti.
–FuseLine Olupapula lw'amawulire olwa E-mail: www.leadershipresources.org/fuseline
–Blog: www.ebikozesebwa mu bukulembeze.org/blog
–Facebook: Ebikozesebwa mu bukulembeze mu nsi yonna (facebook.com/LRInews)
–Twitter: @Amawulire_Agataliiko Nfuufu (twitter.com/lri_news)
–YouTube: Ebikozesebwa mu bukulembeze (youtube.com/user/lrinews)

Olukusa n'Okusaasaanya

Wadde nga tukusaba obutakoppa, kuzzaawo, oba kusaasaanya bintu bino wammanga naddala mu ngeri ey'ebyuma bikalimagezi, Leadership Resources ekuwa ebintu bino eby'obwereere okubiwanula okusobola okukozesa omuntu ku bubwe ng'oyita ku mukutu gwaffe ogwa yintaneeti ku www.leadershipresources.org/resources oba ng'otutuukirira butereevu.

*Sima era Ozuule emisingi gy'Entapputa: Emisingi Emikulu*

Efulumiziddwa

Leadership Resources International
12575 S. Ridgeland Ave. Palos obugulumivu, IL 60463
United States of America www.leadershipresources.org

Copyright © 2014 Leadership Resources International
Eddembe lyonna liri mu buyinza bwaffe.

Copyright © 2008-2017 by Jonathan Menn. All rights reserved.

# Ebirimu

Tukwaniriza……………………………………………………………………………….............. 98

# The Core Principles

Okusigala ku Lunyiriri…………………………………………………………………....... 99

Ekiwandiko n'esengeka……………………………………………………………………......100

Ekika…………………………………………………………………………………........... 101

Okubuuza ebibuuzo ebirungi………………………………………………………………102

Ebiragiro byo'kutambula……………………………………………………………........... 103

Enkula ………………………………………………………………………………........... 104

Okuzuula ekirowoozo ekikulu, n'ekyokuddamu ekigendereddwa ………………………………… 105

Ezikkkirza mu Enjigiriza ya Bayibuli…………………………………………….............. 106

# Tukwaniriza!

Okutte akatabo akalimu emisingi gy'okutaputa"Dig and Discover" egyasomesebwa ekitongole kya Leadership Resources International ng'ekimu ku bitundu bya TNT (Training National Trainers), enteekateeka y'okutendeka eyategekebwa "okukubiriza n'okutendeka abasumba okwetoloola ensi yonna eby'okukozesa okuyigiriza Ekigambo kya Katonda n'omutima gwa Katonda."

Newankubadde akatabo kano kategekeddwa okunnyonnyola emisingi gy'okutapputa, kye twagala otegeere okusinga emisingi gy'okutapputa bye byawandiikibwa byennyini. Jjukira nti emisingi gy'okutapputa bikozesebwa byokka. Tubinnyonnyola kwokka okukuyamba okusoma obulungi, okusoma, n'okutegeera obubaka bw'Ekigambo kya Katonda, nga bwe weesigamye mu bujjuvu ku kumulisibwa kw'Omwoyo we mu kusaba.

Era bw'oba oyiga Ekigambo kya Katonda, kijjukire nti ekigendererwa n'ekiruubirirwa ekisembayo eky'okuyiga Baibuli si kumanya, wabula kusinza. Okwagala kwaffe si ebirowoozo byo byokka okujjula amawulire agakwata ku Bayibuli. Wabula, okusaba kwaffe we kuba nti omutima gwo gwandikyusiddwa okuyita mu bubaka bwagwo okuyita mu Omwoyo Omutukuvu era ne gujjula mu kusinza nga bw'oyongera okumanya Katonda okuyita mu muntu wa Yesu Kristo.

Mazima Katonda kino akikole mu mutima gwo.
Awe omukisa okusoma kwo ekigambo kye, akuleete okwongera okumwagala buli lunaku, era akuyambe okutambulira mu kigambo kye mu buwulize obw'okwebaza, obw'obwesige – byonna mu kutendereza n'ekitiibwa n'ettendo bidde.

# Okusiggala ku lunyiriri

**Kitegeeza ki "Okusigala ku Lunyiriri"?**

- Okusigala ku lunyiriri kiraga omulimu omusomesa oba omubuulizi gw'alina okuzuula Ekigambo kya Katonda kye kyogera n'okubeera omwesigwa gy'ali
- Olunyiriri lwennyini lukiikirira katonda ky;ayogera ddala mu Kigambo kye:




- Okugenda waggulu w'olunyiriri kiyegeeza okugattako ekintu ekitali kya ddala – okwogera okusinga Katonda bye yayogera mu Kigambo kye. Kiviirako ensobi, emirundi mingi mu ngeri y'okugoberera amateeka.
- Okugenda wansi w'ennyini kitegeeza okuleka ekintu ekiri ebweru– obutaba wa mazima ddala era omwesigwa eri amazima g' Ekigambo kya Katonda kye kyogera. Kitera okuvaako enkola y'obutakugibwa n'okufuna layisinsi.
- Okusigala ku lunyiriri kiyinza okugeraageranyizibwa ku kisuubizo abajulizi mu kkooti ezimu kye balina okukola: "Nsuubiza okwogera amazima gonna [ obutagenda wansi wa lunyiriri] , era tewali kirala okuggyako amazima [obutagenda waggulu wa lunyiriri ]"

## Kino kikulu kitya eri Katonda?

- Okuva mu kiseera kya Musa, Katonda yakiraga bulungi nti aboogezi be balina okwogera by'ayogedde – tewali kisingako na kitono (Kuv 4:10-16; Ekyamateeka 4:1-2; 1 Samwiri 3:1–4 :1; Engero 30:5-6; Ezeekyeri 3:1-11; Yeremiya 1:4-19;23:9-40; Yokaana 7:16ff; 8:28-29; 12:29-50; Okubikkulirwa 22:18-19).

**Kino Kikulu Kitya Mu Kubuulira kwaffe?**

- Ebigambo bya Katonda tebigeraageranyizibwa. Mu Bayibuli yonna, tulaba ebigambo bye bya maanyi, bikakafu, era birungi; ebigambo bye byokka bye bisobola okuwa obulamu. Twagala abantu bawulire eddoboozi lya Katonda okusinga eryaffe – amazima ge okusinga endowooza n'ebirowoozo by'omuntu. Tulina okulaba amaanyi agakyusa agajja okuyita mu bigambo bye byokka.

**Okusigala ku Lunyiriri Kyetaagisa Ki?**

- Okwewaayo eri Katonda
- Okutegeera n'obwegendereza n'okutegeera ekyo ddala Ekigambo kya Katonda kye kyogera
- Okugibunyisa n'obwesigwa mu kuyigiriza kwaffe, okubuulira, n'okubeera mu bulamu bwaffe

* Okusinziira ku bintu eby'oluberyeberye © Ekitongole kya Proclamation Trust nga kuweereddwa olukusa olw'ekisa. www.proctrust.org.uk

# Ekiwandiiko n'Ensengeka*

**Omusingi**: Tulina okuleka Bayibuli okubumba ensengeka zaffe okusinga okuleka ensengeka zaffe okubumba enzivvuunula yaffe eya Bayibuli.[1]

**Tutegeeza Ki nga tugamba nti "Ekiwandiiko" ne "Ensengeka"?**

- **Ekiwandiiko** kye kitundu kyonna okuva mu Bayibuli kye tuyinza okusoma n'okubuulira oba okuyigiriza.
- **Ensengeka** y'engeri yaffe enkulu ey'okutegeera ebintu. Kikwata ku ngeri gye tusomamu n'okutegeera ekiwandiiko ekyo.

### Ebisingawo ku "Ensengeka kyeki?"

- Ensengeka y'engeri omuntu gy'ayinza okutegeeramu by'amanyi. Ye nsengeka y'endowooza enkulu ekola okutegeera kwaffe ku buli kintu. Ensengeka yaffe esengeka ebirowoozo byaffe byonna n'ebirowoozo byaffe era byonna bikwata wamu mu ngeri etujirayo amakulu.
- Buli muntu alina ensengeka ezimbibwa okumala ekiseera olw'okuyigiriza kwa bazadde baffe, obuyigirize bwaffe, obuwangwa, obumanyirivu bwaffe ku bwaffe, n'ekifo kyaffe mu byafaayo – n'okusoma kwaffe Bayibuli.
- Mu bulamu bwaffe tusanga amawulire amapya. Tulina okuzuula engeri gye kikwataganamu n'engeri gye twategeeramu ebintu emabegako. Ku nkomerero, tusalawo okubuusa amaaso oba okugaana amawulire amapya, oba tugakkiriza ne tugakkiriza okuddamu okutereza ensengeka yaffe.


### Ensengeka Ekosa Engeri gye Tusomamu Bayibuli.

- Bwe tutuula wansi okusoma Bayibuli, tuleeta enkola yaffe – omuli engeri gye tulaba n'okutegeera Katonda, omuntu, ekibi, Kristo, okubonaabona, okununulibwa, n'ebintu ebirala bingi ebikulu.
- Ensengeka, mu zo nga zo, tezitegeeza nti mbi. Zetaagibwa mu kusoma, okutegeera, n'okunnyonnyola Bayibuli. Kyokka, zisobola okufuga mu bukyamu engeri gye tutegeeramu ekiwandiiko ekyo.


### Ekiwandiiko Kisaanidde Okufuga Era Okubumba Ensengeka Yaffe.

- Tukkiriza nti Bayibuli eva eri Katonda (2 Peetero 1:21), eyaluŋŋamizibwa Katonda (2 Timoseewo 3:16a), ya mazima era yeesigika (Matayo 5:17-18), era nga bimala okukkiriza kwaffe n'enkola yaffe (2 Timoseewo 3:16b). Naye emirundi mingi tetumanyi ddi ensengeka yaffe bw'esinga engeri gye tutegeeramu ekiwandiiko, era oluusi, ne bwe tuba nga tukimanyi, tetwagala kuleka nsengeka yaffe.
- Okusobola okutegeera obulungi Ekigambo kya Katonda n'okukibuulira n'obwesigwa, tulina okuleka ekiwandiiko okufuga n'okubumba ensengeka yaffe.
- Awali enjawulo wakati w'ekiwandiiko n'ensengeka yaffe, tulina okusaba Katonda atuyambe okukitegeera n'okukkiriza ekiwandiiko okubumba okutegeera kwaffe.

***Ebitera okubaawo: Ensengeka yaffe ekwata era nebuumba entegeera yaffe Eyekiwand iiko.***




***Kiki ekirina okubaawo: Ekiwandiiko kifuga era ne kibumba ensengeka yaffe.***




*Okusinziira ku bintu eby'oluberyeberye © Ekitongole kya Proclamation Trust nga kuweereddwa olukusa olw'ekisa. www.proctrust.org.uk

[+] The Charles Simeon Trust, "Principles of Exposition," http://www.simeontrust.org/media/wbe-principles.pdf

# Ekika

## Ekika kye ki?

"Genre" kigambo ekitegeeza ekika, oba ekika ky'ebiwandiiko, oba ekiwandiiko bye tusanga mu Bayibuli. Ebika by'ebitabo eby'enjawulo tubimamnyi olw'enjawulo mu bintu ebiwandiikiddwa ng'engeri y'okuwandiika, engeri, ebirimu, n'ekigendererwa ky'ebyo ebiwandiikibwa

## Okutegeera Ekika Kituyamba kitya?

- Okutegeera omutindo kituyamba okumanya engeri z'ekika ky'ekiwandiiko bye tusoma.ra okutegeera engeri z'ebiwandiiko kituyamba okusoman'okutaputa obulungi—okutegeera ekigendererwa ky'omuwandiisi kye kyali mu kuwandiika ne kye yali ayagala okutuusa.

## Lwaki Ekika Kikulu?

- "Ekika kye kisumuluzo ky'okutegeera ekika ky'amawulire omuwandiisi wa Bayibuli ky'agezaako okutuusa."[2]
- "Okutuusa lw'onoomanya ekigendererwa n'ekika ky'ekiwandiiko, kye kigenderera okwogera oba okutuusa' tomanyi kukisoma bulungi" (C. S. Lewis).[3]
- Okutegeera ekika n'engeri z'ekiwandiiko kituwa obubonero obumu, wadde amateeka agategeerekeka , ku ngeri y'okusoma n'okutaputa amakulu g'ekiwandiiko

## Ebika eby'enjawulo mu Bayibuli

Waliwo ebika by'ebiwandiiko bingi eby'enjawulo ebisangibwa mu Bayibuli. Wamanga waliwo ebimu ku bika ebikulu ebimanyiddwa okutwalira awamu mu Bayibuli. Newankubadde ebitabo bya Bayibuli byonna bitera okukwatagana n'ebika ebimu, buli kitabo kya Bayibuli kiyinza okubaamu munda mu kyoebika eby'enjawulo oba wadde ebika ebitonotono – okugabanya ebiwandiiko ebisingawo ebitongole


### *Ebika by'entuntunu*



***Okutegeera n'okutaputa ebika by'ebiwandiiko bya Baibuli eby'enjawulo kiringa okutegeera ebika by'ebibala eby'enjawulo. Teebereza ng'osanze ebika by'obutunda bisatu. Ekimu kisobola okuliibwa, ekirala kikozesebwa ng'eddagala, ate ekirala ekozesebwa nga langi. Nga weetegereza enkula, ensigo, ebikoola, ne langi ya buli butunda, . osobola okuzuula buli emu n'obwesige n'ogikozesa mu kigendererwa ekituufu ate nga weewala obulabe***

## Engeri ey'enjawulo ey'Enkozesa ey'olulimi

Enjawulo emu enkulu gye tulaba mu bika y'engeri buli emu gy'ekozesaamu ennimi okulaga obubaka bwayo. Wammanga waliwo langi ey'enjawulo egerageranya ebika eby'enjawulo n'engeri ez'awamu ez'ekika ky'olulimi buli omu lw'akozesa




2 A summary by Ben Witherington of a part of a book reviewed in "The Living Word of God (in an Age of Truth Decay)" (October 31, 2007) at http://benwitherington.blogspot.com.

3 Quoted indirectly by Ben Witherington, "Hermeneutics – A Guide for Perplexed Bible Readers" (August 21, 2007) at http://benwitherington.blogspot.com

# Okubuuza Ebibuuzo Ebirungi

**Obukulu bw'Okubuuza Ebibuuzo Ebirungi**

Okubuuza ebibuuzo ebirungi kituyamba, okusooka, okwetegereza n'okutegeera ekyo ddala Bayibuli ky'eyogera. Olwo, ebibuuzo ebirungi bituyamba okusima ennyo okuzuula omutima gw'obubaka bw'Ekigambo kya Katonda tusobole okuba abeesigwa gye kiri era ne tukyusibwa olw'obubaka bwa Katonda.

**Kibuuzo Ki Ekirungi?**

- Ekibuuzo ekirungi kibuuza ku kintu ekiyinza obutalabika mu kiwandiiko naye nga kyetaagisa nnyo okutegeera amakulu omuwandiisi g'agenderera.
- Ekibuuzo ekirungi kye kitutwala mu kkubo omuwandiisi ly'ayagala okututwala.

**Tubuuza Tutya Ebibuuzo Ebirungi?**

Tandika ng'obuuza ebibuuzo ebikulu eby'okwetegereza. Oluvannyuma, genda mu buziba n'ebibuuzo ebituyamba okutegeera ekigendererwa n'amakulu g'obubaka bw'omuwandiisi**.**

➢ **Ebibuuzo Ebikulu eby'Okwetegereza**

Tandika ng'obuuza ebibuuzo ebituzibula amaaso ku ekyo ekiwandiiko kye kyogera ddala:

- Ekiwandiiko kyogera ki? (Sigala ng'obuuza ekibuuzo kino ekisinga obukulu eky'okwetegereza.)
- Kino kyaliwo ddi? Abazannyi abakwatibwako be baani? Bifo ki ebyogerwako?
- Bigambo ki ebikulu ebiyunga oba ebikyusa?
- Waliwo okugeraageranya oba okwawukana?
- Waliwo ebigambo oba ebirowoozo ebiddiŋŋanwa?

➢ **Ebibuuzo Ebikulu Ebigenda mu Buziba**

Sukka ku bibuuzo ebikulu okubuuza ebibuuzo ebirungi ebituyamba okutegeera lwaki omuwandiisi yawandiika bye yakola.

- Omuwandiisi ayogera ki?
- Omuwandiisi akyogera atya?
- Eddoboozi lye liruwa?
- Lwaki akigamba wano? Lwaki mu ngeri eno?
- Kiki ekyewuunyisa ku kyo?
- Kisonga kitya oba kyogera kitya ku Kristo?
- Okutwalira awamu kyogera ki?
- Lwaki omuwandiisi yayogera bw'atyo? Kiki eky'okuddamu kye yali asuubira okufuna okuva mu basomi be?
- Kiki Katonda ky'anoonya mu mitima gyaffe ne mu bulamu bwaffe leero?


**Endowooza** y'Omutima mu **Kubuuza Ebibuuzo**

Endowooza ssatu ez'omutima zeetaagisa nnyo mu kufuba okumanya Ekigambo kya Katonda kye kyogera ne mu kutuyamba okukulaakulanya obukugu obw'okubuuza ebibuuzo ebirungi.

- **Okwebuuza**. Buuza ebibuuzo ng'omwana ayagala okumanya:
- **Okutegeera**. Yiga okubuuza ebibuuzo ebisukka ku by'okuddamu ebyeyoleka.
- **Obutawanika**. Sigala ng'okola n'okubuuza ebibuuzo okusobola okutegeera.

# Ebiragiro by'okutambula*

## *Ekigambo kya Katonda*




**Omusingi:**

- Okusobola okutegeera engeri y'okussa mu nkola Ekigambo kya katonda mu bulamu bwaffe leero, tulina okusooka okutambula okuddayo okutegeera obubaka obwayogerwako okuyita mu muwandiisi mu mbeera eyasooka.

**Ebiragiro by'Okutambula Bikola bitya?**


- (1) **Obutakwata Kkubo Tereevu.** Emirundi mingi tukemebwa okusoma Ekigambo kya Katonda ne tugezaako okussa mu nkola ebyo ebyogerwa butereevu mu bulamu bwaffe. Naye Katonda tasooka kwogera ng'ayita mu mutima gw'omuwandiisi eri abasomi mu biseera n'ebifo eby'enjawulo. N'olw'ekyo nga tetunatwala kkuubo butereevu okuva mu Kigambo kya Katonda eri obulami]u bwaffe leero, tulina okusooka pkutambula okuddayo okulowooza ku ekyo omuwandiisi oyo kye yali ayogera eri abasomi abasooka , eri lwaki
- (2) **Okuwulira Ekigendererwa ku\y'Omuwandiisi.** Tulina okutambula okuddayo okuwuliriza katonda bye yali ayogera ng'ayita mu muwandiisi mu mbeera eyasooka – embeera y'ebiwandiiko ey'eobubaka bw'ebitabo, embeera y'emabega, era n'embeera ya Bayibuli ey'emboozi awamu n'obubaka bwa Bayibuli. Era wadde nga waliwo ebintu bingi ebikwata mu mbeera gye tuyinza okunoonyerezaako, twagala okussa essira lyaffe ku bintu ebyo ebituyamba okutegeera omuwandiisi kye yali ayogera kino eri abantu bano, n'okuddamu ky'okuddamu kye yali ayagala okuva mu bubaka bwe.
- (3) **Okussa mu Nkola Obubala gyetuli Leero.** Ekigendererwa ky'enkomerero eky'Ebiragiro by'okutambula kwe ku bukozesa. Oluvannyuma lw'okuzuula okuddamu kw'omuwandisi ekyagendererwa eri obubaka bwe yawa, tusobola okutambula okutuuka ku lunaku lwaffe ne tubuuza engeri okuddamu okwo gye kwandirabiddwamu mu bulamu bwaffe ne mu bulamu bw'abantu gye tubeera era gye tuweereza.

**Lwaki Ebiragiro by'Okutambula bikulu?**

- Singa tukwata ekkubo ery'amangu ne tugezaako okukozesa amangu Ekigambo kya Katonda mu bulamu bwaffe, tuli mu kabi ak'okutaputa obubi ki Katonda kye yali ayogera ng'ayita mu Kigambo kye, era n'okusubwa engeri Katonda gy'agenderera okuddamu, n'okubuzaabuza abantu betuweereza.
- Kyokka, bwe tufuna obudde okutambula obulungi, tuzuula ekyewuunyo ky'omutima gwa Katonda ekyayolesebwa okuyita mu mbeera eyasooka, n'amaanyi agakyusa ag'Ekigambo kye eri obulamu bwaffe leero.

Okusinziira ku bintu eby'oluberyeberye © Ekitongole kya Proclamation Trust nga kuweereddwa olukusa olw'ekisa. www.proctrust.org.uk

# Enkula




## Enzimba kyeki?

• Ensengeka y'ekitundu (oba ekitabo) erimu: (1) ebitundu by'ekitundu – yuniti z'endowooza ezirimu ebirowoozo ebikulu eby'ekitundu, ne
(2) enkolagana y'endowooza ekwata ebitundu n'ebirowoozo ebikulu eby'ekitundu ekyo awamu.

## Lwaki enzimba nkulu?

- Okulaba enzimba kituyamba okuzuula ebirowoozo ebikulu eby'ekitundu awamu n'engeri omuwandiisi gy'ateekateekamu enkulaakulana y'endowooza wakati wabyo. Okulaba enzimba kituyamba okulaba oludda ebirowoozo by'omuwandiisi lwe bitutwala.
- Enzimba nkulu mu kubuulira kwaffe n'okusomesa kubanga twagala okukakasa nti engeri gye tusengekamu ebirowoozo mu kusomesa kwaffe eraga engeri omuwandiisi gye yasengekamu ebirowoozo bye mu kitundu. Okutegeera n'okutegeera ensengeka mu Baibuli kuleeta amaanyi agatangaaza mu kubuulira kwaffe.

## Osanga otya enzimba y'Ekitundu?

**1. Noonya enkola n'enkyukakyuka mu ndowooza**. Nga bw'osoma ekitundu ekyo, nkola ki z'olaba ezisonga ku ndowooza enkulu omuwandiisi z'agezaako okutuusa? Ate era nga bw'osoma, noonya enkyukakyuka mu ndowooza oba enkyukakyuka mu kkubo. Bino bisobola okuzuulibwa enkyukakyuka mu nkola.

Noonya naddala:
- Okuddiŋŋana
- Enkulaakulana
- Enjawulo n'okugeraageranya
- Engeri ekitundu gye kitandikiramu n'engeri gye kiggwaamu
- Enkyukakyuka enkulu oba ebigambo ebifunze

Era nonnya:
- Ebiragiro
- Entikko y'emboozi n'okusalawo
- Ebibuuzo ebibuuziddwa n'ebiddibwamu

**2. Gabanya ekitundu.** Oluvannyuma lw'okulaba enkola n'enkyukakyuka mu ndowooza, gabanya ekitundu mu bitundu ebirimu ebirowoozo ebikulu. Wandiika ennamba z'ennyiriri za buli kitundu.

**3. Nnyonnyola ebirowoozo ebikulu.** Yogera endowooza enkulu ku buli kitundu ky'ekitundu mu sentensi emu enzijuvu.

**4. Funa enkolagana y'ebirowoozo wakati w'ebirowoozo ebikulu**. Ekirowoozo ekimu ekikulu kikwatagana kitya oba kituusa kitya ku kiddako? Byonna bikwatagana bitya era ne babikkula obulagirizi bw'ebirowoozo by'omuwandiisi?

(Okulaba ensengeka kiviirako mu butonde okuzuula endowooza enkulu. Mu kitangaala ky'ebyo by'osanga ku nsengeka, buuza nti, "Ekirowoozo ki ekikulu eky'ekitundu kino?")

# Okuzuula Ekirowoozo Ekikulu n'eky'Okuddamu Ekigendereddwa

**Ekirowoozo Ekikulu kyeki?**

- Ekirowoozo ekikulu kye kikulu oba obubaka obw'omu makkati obw'ekiyundu oba ekitabo

**Lwaki okuzuula Ekirowoozo Ekikulu kikulu?**


Mu Byawandiikibwa:

- Kituyamba okutegeera obulubgi obubaka Katonda bw'agenderera okuwulira nga tuyita mu kitundu ky'Ebyawandiikibwa.
- Kituyamba okulaba ekifo ekikulu ebirowoozo ebirala mu kitundu mwe bitegekeddwa.

Mu Kubuulira ne mu Kusomeesa:

- Kituyamba okusugala nga tuli beesigwa ku ki Katonda kyayogera mu kigambo kye.
- Kifuuka ekifo ekikulu buli kimu mu kubuulira oba mu musomo kwe kitegekeddwa.

***Olunyiriri lwe oluyimba***



***Ekirowoozo ekikulu n'okuddamu okugendereddwa kw'ekitundu oba ekitabo kiyinza okugereegeranyizibwa ku ddoboozi ly'oluyimba omuyimbi lw'awandiise, lwe tuyimba oba lwe tuddamu mu ngeri gye yali agenderera.***

**Okuzuula Ekirowoozo Ekikulu Kitwaliramu . . .**

- Okwetegereza obukodyo mu kiwandiiko. Noonya:
  – Enkolagana wakati w'engeri ekitundu gye kitandikiramu n'okuggwaako
  –Okuddiŋŋana ebigambo oba ebirowooza ebikulu
  –Olunyiriri ofunze
  –Ebifundikwa oba ebigambo by'ekigendererwa (ebitandikira ku bigambo nga "n'olwekyo" oba "bwe kityo")

- Okuzuula ensengeka y'ekitundu.
  –Lowooza ku ngeri enkulaakulana y'endowooza– gy'esongamu endowooza enkulu

- Ekubuuza ebibuuzo bibiri mu bufunze ku kitundu ekyo:
  1. Ndowooza ki eya bulijjo omuwandiisi gy'ayogerako?
  2. Kiki ekesimba ky'ayogera ku ndowooza eyo?

**Okuzuula eky'okwanuukula Ekigendereddwa**

- Okunoonya ekirowooza ekikulu kituleetera okwebuuza nti, "Omuwandiisi yayogera ki?" Okunoonya eky'okuddamu ekigendereddwa kiyuleetera okwebuuza," Lwaki omuwandiisi yakyogera?"
- Buuza mu ngeri ennyangu: Mu kitangaala ky'obubaka obw'ekitundu kino, kya kuddamu ki omuwandiisi kye yali ayagala okulabe mu bulamu bw'abawuliriza be? Mu ngeri endala: Nkyukakyuka ki Katonda gye yali anoonya outuukiriza ng'ayita mu bigambo by'ekitundu mu bulamu bw'omuwuliriza?..... Oky'okuddamu ki ekyagendererwamu?

**Twogera Tutya Ekirowoozo Ekikulu?**

Ekirowoozo ekikulu kisobola okwogerwa mu ngeri bbiri ez'enjawulo:

- Endowooza enkulu "enyonyola" – mu ngeri y'Ekiyogerwako mu kitundu.
- Endowooza enkulu" ey'okusomesa" – mu ngeri y'omusingi ogutaggwaawo ogulaga obubaka obw'enjawulo obw'ekitundu naye era nga guyingizaamu enkyukakyuka ey'okusika kw'okuddamu okugendere ddwamu eri obulamu bwaffe leero

Ekigambo kye kigambo ekikulu kirina okuba:

- Kijjuvu – si mutwe, wabula emboozi enzijuvu ( nga erimu omuywe n'ekikolwa)
- Mu bufunze –nyimpi ekimala abawuliriza ne basobola okukijjukira
- Kilondemu –mw'otwalidde n'ebimu ku birowoozo eby'enjawulo eby'ebitundu


# Enzikkiriza mu Njigiriza ya Bayibuli

**Enzikkiriza mu njigiriza ya Bayibuli kye ki ?**

- Enzikkiriza mu njigiriza ya Bayibuli y'engeri y'okutunuulira bayibuli etuyanba okulaba ….

(1) ekifaananyi ekinnene eky'emboozi ya Bayibuli ekwata ku buli kimu n'engeri buli kitundu ekitono( ekitundu oba ekitabo kye tusoma ) gye kikwataganamu n'emboozi eyo okutwaliza awamu

(2) engeri buli kitundu ky'emboozi gye kisongamu ku Kristo, okuva emboozi ekwata ku Katonda n'ebigendererwa bye n'enyeekateeka ye bwe bituukkirizibwa mu Kristo




**(1) Emboozi essukiridde**

- Ekisooka, enzikkiriza mu njigiriza ya Bayibuli etuyamba okulaba **enkwatagana** wakati w'obutundu (ekitundu oba ekitabo kye tusoma) ne ekiraamba.

**Omuguwa**



Bayibuli eringa omuguwa. Omuguwa gulina wuuzi nyingi, naye waliwo omuguwa gumu. Bayibuli erina emiramwa mingi, era enzikkiriza mu njigiriza ya Bayibuli etuyamba okulaba engeri buli emu ku miramwa egyo gye gilikibwa wamu mu mboozi emu n'obubaka bumu.

- Enzikkiriza mu njigiriza ya Bayibuli etuyamba n'okulaba **enkulaakulana** y'emboozi n'obubaka bwa bayibuli, okutuusa byonna lwe bijjula mu Kristo era nga buyita mu ye.

### (2) Okutuukirizibwa mu Kristo


- Enzikiriza mu njigiriza ya Bayibuli etuyamba engeri buli kitundu kya bayibuli – si Ndagaano Empya yokka wabula ne Endagaano Enkadde – bwesa essira ku kutuukirizibwa mu Kristo. is

➢ **Endagaano Enkadde esonga ku Kristo**

- Mu Lukka 24, Yesu yannyonnola nti " buli ekyawandiikibwa ku nze mu Teeka lya Musa ne mu Bannabbi ne mu Zabbuli kiteekwa kutuukirizibwa." (24:44) Kale bwe tubuulira okuva mu Ndagaano Enkadde , tusobola okubuulira Kristo kubanga Endagaano yonna Enkadde okutwaliza awamu **esonga mu maaso** eri Kristo.

#### Enguudo Ennene ku Maapu

Tulina okulowooza ku Bayibuli nga maapu, era ku maapu eyo tulaba nga enguudo zonna mu Ndagaano Enkadde zigenda eri Kristo. Si nti enguudo zonna nnene. Enguudo ennene bye bitundu ebyo ebikwatagana butereevu ne Kristo omwo mwayinza okulabibwa obulungi. Naye waliwo emikutu mingi , amakubo, obukuubo ne obuguudo obutali ku luguudo lunnene , wadde nga zituuka ekiseera ne ziyingibwako.



Tuyinza okuba nga tusoma ekitundu nga kiri ku luguudo olw'ebbali okuva ku liguudo olunnene. Ekibuuzo ekikulu okubuuza kiri: Ekitundu kino kintuusa kitya ku luguudo olunnene ? Oba, ekitundu kino kikwatagana kitya n'omulamwa omukulu ogusonga ku Kristo? Ekitundu kino kinyamba kitya okutegeera kwange okwa Kristo era kiki kyaakoze? Ebibuuzo nga ebiringa bino bijja kutuyamba okumanya ebyawandikkibwa engeri gye bisonga ku Kristo.

➢ **Endagaano Empya ennyonnyola Kristo**

- Nga Endagaano Enkadde eteekateeka ekuubo erya era nga esonga ku Kristo, Endagaano Empya ebukkula era ennyonnyola kiki kyaali.
- Buuza: Omuwandiisi w'Endagaano Empya atunula mabega ku Ndagaano Enkadde ku kisuubizo ekukwata ku Kristo? Bwekuba bw'ekityo, omuwandiisi akitegeera atya? Omuwandiisi alaba atya ebiva mu kijja kwa Kristo n'obuweereza bwe ku ludda luno olw'omusaalaba n'okuzuukira? Omuwandiisi atusonga mu maaso ku kusuubizo ky'okudda kwa Kristo n'ebiseera eby'omu maaso eby'obwakabaka bwe? Bwe kiba kityo, ayogera ki ku nsonga eyo?